MIFTAH UL JANNA

Ekisumuluzo ky'eJjanna

Hakikat Kitabevi–1

MIFTAH-UL-JANNA

(Ekisumuluzo ky'eJjana)

Kiwandiikiddwa ne
Muhammad bin Qutb-ud-dîn Iznikî

Nekikyuusibwaamu ne
Hüseyn Hilmi Işık

Ekitabo Ky'oluganda kifulumiziddwa ne
Hakîkat Kitâbevi

Kifulumiziddwa omulundi gwâkuna

Hakîkat Kitâbevi
Darüşşefeka Cad. 53/A P.K.: 35
34083 Fatih-ISTANBUL/TURKEY
Tel: 90.212.523 4556–532 5843 Fax: 90.212.523 3693
http://www.hakikatkitabevi.com
e-mail: info@hakikatkitabevi.com
2018

Ekisumuluzo Ky'ejjana
Enyanjula

Allâhu ta'âlâ yatuma Ababaka "alaihim-us-salâm" (emirembe jibeere jebali) eri abaddu Be basobole okufuna emirembe, obutebenkevu n'ddembe mu Nsi nekunkomerero nokuwangaala obulamu nga ab'oluganda nga bayita mu kukwaataganya emitima gyaabwe wamu, ne olwomugaso gwokusomesa ngeri ki gyebalina okutuukirizaamu obuvunaanyizibwa nga abaddu Be. Nga ayita mu bantu abo abalonde, abasinga abantu bonna ekitibwa mu mbeera zonna, yaleka abaddu Be bamanye engeri ennunji eyokuwangaala ku Nsi. Yalangirira nti Muhammad "alaihs-Salâm" ye nabbi we owenkomerero era yaali waggulu w aba Nabbi Be "alaihim-us-salawât-u-wa-t-teslîmât" (ebyengera nemirembe bibeere gyebali) era ye Nabbi wa abantu bonna abalibeerawo okutuusa enkomerero y'ensi eno. Mu kitabo Kye Kyeyassa okuva mu ggulu ekyatuumibwa **Qur'ân al-kerîm** era nga Kyeyassa ku mubaka We asinga okwagalwa nga ayita mu Malaika okumala emyaka abiri mu esatu (23), Yalangirira ebiragiro Bye ne Byeyaziyiza. Olwokuba Qur'ân al-kerîm eri mu lulimi Luwarabu nga erimu n'okumanya ebyekusifu ebiri waggulu w'okutegera kw'omuntu, Muhammad "alaihs-Salâm" yanyyonyola ba Swahaba be ''alaihim-urridwân'ekitabo okuva ku ntandiikwa mpaka ku nkomerero era n'abagamba: **"Oyo yenna annyonyola Qur'ân al-kerîm mu ngeri ekontana n'eyange ajjakufuuka atali mukkiriza"**. Abamanyi ab'oBusiraamu abaawulira okuva kuba Swahaba ensomesa eyakolebwa nabbi waffe 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam', bajilambulula bulunji nyo okusobola okutegeerekeka nabuli muntu era nebawandiika mubitabo bya Tafsîr. Abamanyi bano bayitibwa Abamanyi ba Ahl as-Sunnat. Ebitabo ebyawandiikibwa abamanyi ba Ahl as-Sunnat nga bayita mu kukungaanya enyyinyonyola ya Qur'an al-kerîm n'ebigambo bya Nabbi waffe 'salla Allâhu ta'âlâ alaih wa sallam' ebiyitibwa **hadîthi-sherîfs**, biyitibwa bitabo bya **'Ilm-i-hâl'**. Abantu abaagala okufuna okumanya okutuufu ku **diini y'oBusiraamu** Allâhu ta'âlâ jaasomesa mu Qur'ân al-kerîm balina okusoma ebitabo bya Ilm-i-hâl.

Erinyya ly'ekitabo **Ekkubo ly'e jjana** kyetubatusaako kati

bakiyita **Miftâh-ul-janna**, eritegeeza **Ekisumuluzo ky'ejjana**. Kyawandiikibwa ne Muhammad bin Qutb-ud-dîn Iznikî 'rahima-hullâhu ta'âlâ', eyafa mu mwaka 885 (1480 A.D) mu kibuga Edirne.

Omumanyi w'oBusiraamu omukenkufu Sayyid 'Abd-ul-Hakîm Efendi 'rahima-hullâhu ta'âlâ' (1281 [1865 A.D.], Bashkal'a, Van – 1362 [1943 A.D.], Ankara, Turkey) yagamba: "Omuwandiisi wekitabo kyebayita **Miftâh-ul-Janna** agambibwa okuba omuntu omukkiriza. Kitabo kyamugaso okukisoma. Nolwekyo, ekitabo twakifulumya. Okunyyonyola okuli wano mu kitabo okwayongerwaamu nekuteebwa mu bulaketi kwatoolebwa mu bitabo birala. Mungeri yonna ezo ndowooza za bantu. Tusaba Allâhu ta'âla okutukuuma nokutukingiriza okwawukana nobutabeera bumu, nga byebibala ebitewalika abitusuula mu mitego ejategebwa abalabe b'oBusiraamu, abalimba abazuula mu ddini, Lâ madhhabi (abatalina madhhabu gebagoberera), abaleeta enkyuka kyuuka mu ddini, nga bakozesa amanyya ag'ekisiraamu, nga abamu kubo beyita basajja ba ddini, tumusaba atugatte wamu mu madhhabu ga Ahl s-Sunnat nga lyekkubo lyokka erisobola okutuyunga ku nabbi waffe 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam', era tumusaba atusaasire ffenna atuteeke mu bantu abaagalana era abayambagana… Amiin.

[Omuntu bwaba agenda okukola ekintu, okusooka afuna endowooza mu mutima gwe (Khatara), okusobola okumalirira okukola ekintu ekyo. Obumalirivu bwebafuna kyebayita **niyya(t)**. Kati olwo omuntu oyo alagira ebiyungo bye okukola ekintu ekyo. Ekikolwa eky'omuntu okulagira ebiyungo bye kiyitibwa **qasd** oba **teshebbus**. Ebiyungo okukola omulimu kiyitibwa **kesb**. Omulimu gw'omutima guyitibwa **akhlâq** (neeyisa). Khatara erina emiteeko mukaaga mweyita okujja mu mwoyo: khatara eva ewa Allah eyitibwa Wahy (obubaka). **Wahy** (obubaka) bugenda mu mitima gya babaka bokka. Khatara ereetebwa Malaika eyitibwa Ilhâm (okulabikirwa). **Ilhâm** (okulabikirwa) eteekebwa mu mitima gy'aba nabbi 'alaihim-us-salawât-u-wa-t-teslîmât' n'abasiraamu abalongoofu. Khatara y'omuntu omulongoofu eyitibwa **nasîhat** (okubuulirira). Wahy, Ilhâm ne Nasîhat birunji era byamugaso. Khatara eretebwa Shaitwân eyitibwa **waswasa** (okubuzaabuza); khatara eretebwa nafs (omwoyo) gwomuntu kenyyini eyitibwa **hawâ** (obwaagazi) ate khatara eretebwa ebikoosi ebikyaamu eyitibwa **ighfâl** (okubuza,kukema). Nasîhat (okubuulirirwa) kuweebwa buli muntu yenna. Waswasa ne hawâ bibeera mu mitima gy'abasiraamu abatali balongoofu n'abo abonoonefu

(fâsiq). Ebitendo ebyo byombi bibi era byabulabe. Ebintu Allâhu ta'âlâ Byayagala era byakkiriza biyitibwa **bintu birunji** ate ebyo Byatayagala biyitibwa **fenâ** (ebintu ebibi). Naye olwokuba Allâhu ta'âlâ waakisa nyyo, yalambika ebitu ebirunji n'ebibi mu Qur'an al-kerîm. Yalagira okukola ebintu ebirunji naaziyiza okukola ebibi. Byeyalagira ne Byeyaziyiza wamu biyitibwa **Ahkâm-i-islâmiyya** (amateeka g'oBusiraamu). Omutima bwegugoberera okubulirirwa okwa ebikoosi ebirunji n'okunyyonyola ne gwesiba ku Ahkâm-i-islâmiyya, gujja kufuuka mulongoofu era gufune ekitangaala. Gujja kufuna essanyu n'emirembe wano kunsi ne kunkomerero. Omutima ogutagoberera Ahkâm-i-islâmiyya negugoberera nafsi ne shaitwan, bino nga biva kukugoberera emboozi ezibuzaabuza nebyawandiikibwa ebya abantu abakyaamu ne ba Zindiq, gujja kubeera mu kizikiza. Omwoyo omuyonjo gujjakuwangaala nga gugoberera Ahkâm-i-islâmiyya. Omwoyo ogwaddugala kujja kusigala nga gugoberera ebikoosi ebikyaamu, nafs ne sitani. Allâhu ta'âlâ olwokuba musasizi, atonda emyoyo gy'abaana abato mu nsi yonna nga miyonjo. Oluvanyyuma abazadde nebikosi ebibi bafuula emyoyo ejo okuba emiddugavu nga ejaabwe.]

EKKUBO LY'EJJANA

Al-hamd-u-lillâh-illedhî je'alenâ min-et-tâlibîna wa lil'ilmi min-er-râghibîna wa-s-salât-u-wa-s-salâm-u-'alâ Muhammadin-illedhî erselehu rahmatan lil'âlamîna wa 'alâ Ïlihi wa Ashâbihi ajma'în.

OBUSIRAAMU
ALLAH GYAALI ERA ALI OMU

[Allâhu ta'âlâ yatonda buli kintu. Ebintu byonna tebyaaliwo. Allâhu ta'âlâ yekka yeyaliwo. Buli kiseera Abeerawo. Allah si kintu ekyajjawo obuzzi oluvanyyuma. Singa oluberyeberye teyaliiwo walibadde wetaagisa okubaawo amanyi okumutonda.

Allâhu ta'âlâ yasooka kuntunda biyungo ebyabulijjo, naye nga kirimu ebirungo byona eby'ebintu, emyooyo ne bamalaika. Ebiyungo ebyabulijjo byebayita elementi kati. Waliwo elementi kikumi mu ttano (105) ezimanyikiddwa leero. Allâh ta'âlâ yeyatonda era Akyatonda buli kintu nga akijja mu elementi ezo ekikumi mu ttano. Iron, salfa, carbon, omukka gwa oxygen, omukka gwa chlorine buli kimu elementi. Allâhu ta'âlâ Tanyonyola miaka milyon mmeka jeyamala nga Atonda element zino. Era Teyatutegeeza yatandika ddi okutonda ensi, eggulu n'ebintu ebiramu ebyo ebyajjibwa mu elementi zino. Buli kintu, ekirina obulamu nekitalina, kirina obulamu obugere bwekirina okuwangaala. Akitonda nga ekiseera kyakyo kituuse ate Nakizikiriza nga obuwangaazi bwaakyo buweddeko. Tatonda kintu kitabaddeewo kyokka wabula era Atonda ekintu nga akijja mu kintu ekirara, mpola mpola oba nakitonda kibwatukira nabwekityo ekipya nga bwekijja ekikadde kivaawo.

Allâhu ta'âlâ Yatonda Omuntu nga amujja mukintu ekitalina bulamu na mwoyo. Omuntu yali tabeerangawo kko oluberyeberye. Ebisolo, Ebimera, Amajinni ne Malaika baali baatondebwa nga omuntu eyasooka tannaba kutondebwa. Omuntu oyo eyasooka yatuumibwa Âdam (Adam) ''alaihis-salât-u-wa-s-salâm'. Mu yye Allâhu ta'âlâ Yatondamu omukyaala. Mubantu bano ababiri mwe mwaava abantu bonna. Tulaba nga

ebintu byonna ebirina obulamu nebitalina bifanagana kuba bikyuuka. Ekintu ekyolubeerera tekirikyuuka. Mu ndabika eyabulijjo, embeera n'endabika zebintu zikyuuka. Nga ate eddagala mu kwetabula, ekikula nendabika yalyo ekyuuka. Ebitu ebimu birikuggwaawo ate ebirara nebijja.

Abalabe b'oBusiraamu nga berimbika mu banasayansi bagamba mbu omuntu yatondebwa mu nkima. Bagamba mbu omusawo Omungereeza gwebayita Darwin bweyagamba. Balimba abantu abo. Darwin (Charles 1809-82 A.D.) teyakyoogerako. Yanyyonyola kulwanagana okw'ebintu ebiramu nga byagala okubaawo/okuwona. Mu kitabo kye kyeyatuuma **The Origin Of Species** (Ensibuko y'emiteeko gy'ebintu) yawandiika nti ebintu ebiramu bifuna embeera okusinziira ku bifo mwebiwangaalira nabwekityo ebimu bikyukamu katono. Teyagamba nti omuteeko ogumu gwakyuuka negufuuka ekintu ekirala. Mu lukungaana lw'ekibiina kya British Association for the Advancement of Science mu mwaka 1980 mu kibuga Salford, Polofesa wa Yunivasite ya Swansea gwebayita John Durant yagamba nti enyinyola ya Darwins ekwatagana ku ntandiika y'omuntu yakyuusibwa neddizibwa mu ngero zabulijjo. Yamaliriza nga agamba, endowooza ya Darwin kati yava ku laini yakaddiwa neleka emabega endowooza ezitali nesiimbu. Ebigambo bya Polofesa Durant byeyayogera ku munne byebimu ku kwanukula okusinga okwewuunyisa okwanukulwa abagoberezi ba Darwin mu linyya lya sayansi. Ensonga enkulu ekyali emabega w'abantu okusigala nga bakkiririza mu ndowooza ya Darwin ey'okukyuka mu kutonda si kirala okujjako okwenoonyeza ebyaabwe. Bakozesa endowooza ezitalina kakwaate ku sayansi. Endowooza ezo bazireeta kuzikozesa nga ekkubo okufuna byebetaaga. Endowooza egamba nti omuntu yava mu nkima terina bukakafu bwonna bwekuusa ku byaayita. Era si ndowooza ya Darwin. Wabula esangibwa mu bwongo bwa balabe ba Busiraamu abatamanyi sayansi na kumanya. Omuntu omumanyi oba omunasayansi tasobola kwogera bigambo bya kisiru era ebisesa nga ebyo. Omuntu amaze yunivasite bwabeera omwonoonefu neyaarabira okuteeka bye yasoma munkola nabyerabira, tasobola kubeera muyivu/mumanyi oba omunasayansi. Ate wasingira okuba owobulabe kwe kwefuula amanyi enyyo oBusiraamu natandiika okuwandiika nga yeyambisa elinyya nti mumanyi era munasayansi amaliriza nga afuuse ensibuko y'obutwa eri abantu bawangaal nabo. Mu mbeera eyo, ebiwandiiko by'omuntu oyo, ekitiibwa nekifo kye bifuuka mitego kuyigga bavubuka.

Banasayansi ba Shamu abasasaanya obulimba bwaabwe nenkwe mulinyya ly'okumanya ne sayansi bayitibwa **abakumpanya ba Sayansi**. Allâhu ta'âlâ Ky'ayagala eri abantu kubeera nga bawangaala nga batebenkevu era nga ba ddeembe mu nsi era bafune n'essanyu eritaggwaawo ku nkomerero. Ku lwensonga eno, Alagira okukola ebintu eby'omgaso ebireetera omuntu okufuna essanyu ery'olubeerera, era Aziyiza ebintu eby'obulabe ebiviirako omuntu okubonaabona. Senga omuntu nga tofudde kuba nti alina eddiini oba talina, mukkiriza oba si mokkiriza, yekwaata ku Ahkâm islâmiyya, eddaala l'yobutebenkevu ne ddembe omuntu byafuna wano kunsi bisinziira ku bugonvu bwa muntu oyo eri amateeka agafuga. Kifanagana ko n'omuntu bwamira eddagala ettuufu awona obulwadde. Sawa zino obuwanguzi abantu abatalina ddiini bwebabadde beeyagaliramu kivudde ku ngeri gyebakolamu nga Qur'an al-Kerîm bweyanyyonyola. Okufuna essanyu ely'olubeerera nga ogondera Qur'an al-Kerîm kisoboka singa omukkiriza aba akikoze nakumanya.

Ensonga enkulu Allâhu ta'âlâ gyeyalagira kubeera na **Îmân** (obukkiriza). Ate **Kufr** (obujeemu) kyasinga okugaana mu misango jonna. Îmân kitegeeza okukkiriza Allâhu ta'âlâ ne Bamalaika Be ne Ebitabo Byeyassa ku babaka Beyayatuma ne Ababaka ne olunaku lwenkomerero ne okugera Kwe nti ekirunji n'ekibi biva wa Allah. Omukkiriza alina okukkiriza nti mazima Muhammad alaih salam ye nabbi ow'enkomerero. Nokukkiriza nti Allâhu ta'âlâ oyo gweyakwaasa ebiragiro Bye eri abantu nga Ayisa mungeri ya 'Wahy' (obubaka). Mu ngeri endala, Yamussaako Ahkâm-i-islâmiyya nga ayita mu Malaika (Jibril) naye nanyyonyola abantu bonna amateeka ago. Ekigambo Allâhu ta'âlâ Kye yassa nga kiyita mu Malaika kiyitibwa Qur'an al-kerîm. Ekitabo ekikungaanya obuwaandiike bwonna obwa Qur'ân al-kerîm bakiyita **Mus'haf**. Qur'ân al-kerîm si bigambo bya Muhammad 'alaihi-ssalâm' nga omuntu. Wabula bigambo bya Allâhu ta'âlâ. Teri muntu yenna asobola kwogera bigambo bisobola kwenkana yadde na âya emu mubutuukirivu. Amateeka agasomesebwa mu Qur'ân al-kerîm awamu gayitibwa **Busiraamu**. Omuntu agakkiriza gonna okuva kuntobo y'omutima gwe ayitibwa **Mu'min** (omukkiriza) ne **Omusiraamu**. Okukyaawa ekimu ku bigambo bya Allâh bakiyita **Kufr** (obujeemu). Okukkiriza okuzuukira, okubeerawo kwa amajinni ne malaika, okukakasa nti Âdam 'alaihi-s-salât-u-Wa-s-salâm' ye taata wa abantu bonna era ye nabbi eyasookera ddala, mulimu gwa mwoyo.

Amazima gano gayitibwa okusomesa okukwagana ku **Îmân** oba **I'tiqâd** oba **aqâid**. Ate ebikolwa ebisaana okukolebwa n'ebyaziyizibwa ebisaana okwewalibwa nga okozesa omubiri n'omwoyo, kisaana okubikkiriza nokubeera nga tubikola oba nga tubyeewala. Biyitibwa nsomesa ya **Ahkâm-i-islâmiyya**. Okubikkiririzaamu nakyo kiri mu bukkiriza. Okubiteeka munkola oba okubyeewala ebeera **ibâdat** (okusinza). Ebintu Allâh ta'âlâ byeyalagira ne byeyagana biyitibwa **Ahkâm-i-islamiyya** oba **Ahkâm-i-ilâhiyya**. Ebyalaalikibwa biyitibwa **Fardha** ate ebyaaziyizibwa nebiyitibwa **Harâm**. Nga bwekirabika, omuntu awakanya etteeka lyona ku makteeka gano abeera **Kâfir** (mujeemu). Omuntu bwagagayaalirira nga naye agakkiririzaamu tabeera mujeemu wabula abeera **Fâsiq** (mwonoonefu). Omukkiriza akkiririza mu ebyo oBusiraamu byebusomesa era nabbissa mu nkola nga bwaasobola ayitibwa **Sâlih Muslim** (omusiraamu omutuukirivu). Omusiraamu agondera oBusiraamu era nayagala Murshid olw'okwagala afune ekisa n'omukwaano gwa Allâhu ta'âlâ ayitibwa **Sâlih**. Omusiraamu abafunye ekisa n'omukwaano gwa Allâhu ta'âlâ **Ârif** oba **Walî**. Walî akola nga ekkubo abantu abalala nabo basobole okufuna omukwaano guno ayitibwa **Murshid**. Abantu bano bonna awamu bayitibwa **Sâdiq** (abaamazima). Bonna bayitibwa Sâlih. Sâlih omukkiriza taligenda mu ggeyeena. Wabula omujeemu ageenda mu ggeyeena butereevu. Tageenda kuva mu ggeyeena era ageenda kuweebwa ebibonerezo ebitakoma. Singa omukaafiri/omujeemu afuuka omukkiriza ebibiibye byona bimujjibwaako. Omwonoonefu bwakola tawba(okweenenya) natandiika okukola Katonda byaayagala, tajja kutwaalibwa mu ggeyeena wabula ajja kutwaalibwa mu janna butereevu nga Sâlih. Singa takola tawba (agaana okweeneya), ajja kusonyibwa ayingire ejjana butereevu nga afunye shafâ'at (okusabirwa) oba nga tewali ngeri yonna, oba okwookebwa mu ggeyeena okusiziira ku bibi byeyakola oluvanyyuma ayingizibwe ejjana.

Qur'ân al-kerîm mukussibwa, amateeka g'olulimi oluwarabu mweyakkira gaali gakwaatagana n'agoluwarabu olwaali lwogerebwa n'abantu ekiseera ekyo. Omuntu bwaba tamanyi bisoko bya luwarabu tasobola kutegeera Qur'ân al-kerîm bulungi, nebwaba nga ayogera oluwarabu bulungi. N'abantu abaali abakugu mu bisoko baalemwa okujitegeera, yensonga lwaki omumanyi waffe nabbi Muhammad yanyyonyola ebisinga. Enyinyonyola ya Rasûlullah's 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' eya Qur'ân al-kerîm baziyita **hadîth-i-sherîf**. Baswahâba okusiima kwa

Allah kudde jebali batuusa okusomesa kwe baali baafuna okuva ku nabbi ebyengera nemirembe bibeere kuye ku mujiji omuto. Ekiseera nga kiyiseewo emitima gyatandiika okuyingira mu kizikiza, nekiviirako abasiraamu abapya okutandiika okuvvunula Qur'ân al-kerîm okusinziira ku ndowooza zaabwe n'okulabira okumpi kwebalina, nebayingizaamu amakulu agatakwaatana n'ago mutume geyasomesa. Nga abalabe b'oBusiraamu bagezaako okwaawula mu basiraamu, wabalukawo ebibinja nsanvu mu bibiri (72) ebikyaamu nga era bizuula mu ddini. Abantu abekwaata ku nkola eyo bayitibwa **bantu ba bid'a(t)** oba **bantu ba dalâla(t)**. Ebibinja ensanvu mu ebibiri (72) byonna bigenda kuyingira muliro, naye olwokuba nti basiraamu, tebajja kubeera mu muliro lubeerera, bajja kumala bayingizibwe ejjana. Singa enzikiriza y'omuntu eyawukana n'enzikiriza esangibwa mu Qur'ân al-kerîm oba mu hadîth-i-sherîf, omuntu oyo afiirwa imân ye. Omuntu oyo ayitibwa Mulhid (atakkiririza mu ddiini). **Mulhid** alowooza nti musiraamu.

Abamanyi b'oBusiraamu abaasoma ensomesa ya itiqâd okugeza empaji z'obukkiriza nga bazijjira ddala ku baswahaaba 'ridwânullâhi ta'âlâ 'alaihim ajma'în' nebawandiika okusomesa okutuufu mu bitabo by'abwe bayitibwa bamanyi ba **Ahl as-Sunnat** 'rahmatullâhi ta'âlâ 'alaihim ajma'în'. Be bamanyi abatuuka ku ddaala elya ijtihâd mu limu ku mazehebu ana. Abamanyi bano bakkiriza okusinziira kwebyo bye baayiga okuva kuba Ashâb-i-kirâm, naye si kugezaako kutegeera amakulu ga Qur'ân al-kerîm nga bakozesa okutegeera kwaabwe nendowooza zaabwe. Baasasaanya ekkubo ettuufu lyebayiga okuva ku mutume, okusiinga okugoberera entegeera yaabwe. Obukulembeze bwa ba Ottoman yali nsi ya Busiraamu, era baali bagoberera nzikiriza ya ba Sunni.

Nga bwekitegeerekeka mu ebyo ebiwandiikiddwa, era nga bwebiwandiikibwa mu bitabo binji eby'omuwendo, nabwekityo okubeera obulunji mu nsi muno ne kunkomerero nokuwangaala obulamu obweeyagaza, kisaanidde okwekwaata ku Îmân eyasomesebwa na abamanyi ba Ahl as-Sunnat; kino kitegeeza kuyiga mpagi za bukkiriza nokuzikkiriza zonna. Omuntu agaana okwekwaata ku mpagi zobukkiriza ajjakufuuka **ahl-i-bid'at** (omuzuusi mu ddiini) oba **Mulhid** (atakkiririza mu ddini). Omulimu ogwokubiri omukkiriza gwatekeddwa okukola kufuuka Sâlih (omulongoofu) ekitegeeza okufuna ekisa nomukwaano gwa Allâhu ta'âlâ. Omuntu alina okufuna/okunoonya ensomesa y'oBusiraamu ekwaata ku biki ebirina okukolebwa nebirina

okwewalibwa n'omubiri awamu n'omwoyo. Mu bigambo ebirala, omuntu alina okutuukiriza ebikolwa by'okusinza. Abamanyi ba Ahl as-Sunnat banyyonyola ebikolwa byokusinza mu ngeri nya ezenjawulo. Nabwekityo, a **Madhab** [**Hanafî, Shâfi'î, Mâlikî, and Hanbalî**. Ebisingawo ebikwaata ku Madhadu ana bisangibwa mu ttelekero Hakîkat Kitâbuevi mu Istanbul] ag'oBusiraamu ana olwokuba baawukana ku nsonga ezitali zamaanyi, nolwokuba empaji zobukkiriza zibagatta basaasiragana era baweedagana ebitiibwa. Buli Musiraamu yenna bwaaba ateeka mu nkola ensonga zokusinza alina okugoberera erimu ku madhab gano ana, era omuntu yenna agaana okwekwata ku limu ku madhab gano ana ajja kuba yesambye ekkubo lyokka ettuufu elya Ahl as-Sunnat, era nga amazima gano gawandikibwa mu suula eyitibwa 'Dhebâyih' ekitabo kya Ahmad bin Muhammad bin Ismâ'îl **Tahtâwî** 'rahmatullâhi ta'âlâ alaihi (yafa 1231 [1815 A.D.]) nyongereza ku kitabo **Durr-ul-Mukhtâr** e'kya Alâ'uddîn Haskafî rahmatullâhi ta'âlâ alaih (1021 Haskaf – 1088 [1677 A.D]).

Omukâfîr bwagamba nti, 'Nsiramuse', alina okukkiririzibwaamu, awatali kutunuulira mbeera ki gyakyogereddemu, ayogedde lwakuba muwambe mu lutalo oba mu mbeera ya ddeembe. Naye bwamala alina okuyiga empagi z'obukkiriza mu bwangu ddala n'okuzikkiriza. Awo ekiddako alina okuyiga nokuteeka mu nkola amateeka gebayita Farz n'ebitakkirizibwa ebiyitibwa Harâmu. Bwatayiga bintu ebyo, oba bwagayalirira ebimu kubyo, yadde nga baabisoma, bajja kuba bakakkanyizza diini ya Allâhu ta'âlâ. Era bajjakufiirwa imâni zaabwe. Abantu abafiirwa diini zaabwe bayitibwa **Murtadd**. Ate ba murtadd abeeyita abantu be ddiini nebabuza abasiraamu bayitibwa **Zindiq**. Tetulina kukkiriza ba zindiq yadde obulimba bwaabwe. Nga bwekyawandiikibwa mu kitabo ekyolutuluki ekiyitibwa **Siyar-i-kabîr** [Ekitabo ekyo ky'awandikibwa ne Muhammad bin Hasan bin Abdulla bin Tâwus bin Hurmuz Sheybânî (Imâm Muhammad) rahmatullahi ta'âla alaihi (135 [752 A.D], Wâsit – 189 [805 A.D], Rey] omu ku bamanyi b'oBusiraamu abasomesebwa ne Imâm Abû Hanîfa rahmatullahi alaih, Shems-ul-aimma Abû Bakr Muhammad bin Ahmed rahmatullah alaih yafa 483 [1090 A.D] yawandiika ku kitabo ekyo era byeyawandiika nebiteebwa mu lutuluuki ne Khwâja Muhammad Munîb Efendi owa Ayntab (yafa omwaka 1238 A.H)]. lupapula kikumi kumi namukaaga (116) era n'omulyango ogusembayo ogwogera ku bufumbo bwabatali basiraamu mu kitabo ekiyitibwa **Durr-ul-mukhtâr**, omuntu aba bwaweza emyaaka egy'obukulu

nga tayingidde Busiraamu oba natakilowozaako nti musiraamu mu bwongo bwe, naye nga akikola lwakuba nti tamanyi Busiraamu si lwakuba nti ayagala bulamu bwa nsi, omuntu oyo alamulwako okuba murtadd. Kyawandiikibwa mu kitabo **Durr-ul-muhtâr** omulyango ogusemba ogukwaata ku bufumbo bw'omuntu atali mukkiriza, nti omuwala omusiraamu eyawoowebwa ne nikah ey'oBusiraamu bw'aweza emyaka gyobukulu naye natamanya Busiraamu, nikah eyo eba nfu. Aba alina okusomesebwa amanya ga Allâhu ta'âlâ. Alina okuddamu byawulira nga agamba "mbikkiririzaamu." Ibn Âbdîn 'rahima-hullâhu ta'âlâ' anyonyola ensonga eno bwaati: "omuwala bwabeera omuto nga tannaweza myaka gy'abukulu abeera musiraamu, olwokuba eddiini ye bazadde be bebamusalirawo. Bwaweza emyaka gy'okulu aba takyavunaanizibwa ku diini ya bazadde be. Bwatuuka mu myaka egyobukulu naye nga talina kyamanyi ku Busiraamu, afuuka murtad. Omuntu atakkiriza mpaji za Busiraamu yadde nga yaziwulirako bwayogera Kalima-i-tawhîd okugeza nagamba, **"Lâ ilâha il-l-Allah Muhammadun Rasûlullah"** tafuuka musiramu. Omuntu akkiriza empaji omukaaga bwayolesa enzikiriza egamba nti "Âmentu billâhi..." n'oli agamba nti "nzikiriza amateeka nebyaziyibwa bya Allâhu ta'âlâ" abeera musiraamu. Nabwekityo buli musiraamu yenna alina okufuba nti abaane be bakwaata empaji zino omukaaga ezobukkiriza, "Âmentu billâhi wa Malâikatihi wa Kutubihi wa Rusulihi wa-l-Yawm-il-âkhiri wa bi-l-Qadari khairihi wa sharrihi min-Allâhi ta'âlâ wa-l-bâ's-u-ba'd-al-mawt haqqun Esh-hadu-an-Lâ ilâha il-l-Allah wa Esh-hadu-anna Muhammadan 'abduhu wa rasûluhu," namakulu gaazo bulunji. Omwana bwagaana okukkiriza empaji zino omukaaga oba erimu ku mateega g'oBusiraamu oba ebyaaziyizibwa natagamba nti abikkirizza, afuuka murtadd, era tabeera musiraamu bwaaweza emyaaka gyobukulu. Ebikwaata ku mpaji zino omukaaga mubujjuvu bisangibwa mu kitabo ekiyitibwa **Belief and Islam**, ekimu ku bitabo ebyafulumizibwa Hakîkat Kitâbevi mu Istanbul. Buli musiraamu alina okusoma ekitabo ekyo, era nabaana be bakisome, awo basobole okunyweeza obukkiriza bwaabwe, era bakole nga bwe basobola okulaba nti ne mikwaano gyaabwe basoma ekitabo ekyo. Tulina okufaayo okulaba nti abaana baffe tebakuzibwa nga ba murtadd. Nga bakyaali mu myaaka emito tulina okubayigiriza îmân, oBusiraamu, abdest (wudhu), ghusl (okunaaba janaba) ne namâz (swala). Omulimu gw'abazadde ogusinga obukulu kukuza baana nga basiraamu.

Mu kitabo ekiyitibwa **Durer wa Ghurer** [kyawandiikibwa

Muhammad Molla Husraw ‘rahmatullâhi ta’âlâ alaihi’ ye yali seka owokusatu mu bukulembeze bwa Ottoman] bawandiika bweebati: “ Omuntu afuuse murtadd alina okubuulirirwa akomewo mu Busiraamu. Okubuusabuusa kwalina mu ddiini kulina okumuvaamu. Bwasabayo akaseera, alina okuteekebwa mu kkomera okumala emyaka esatu. Bwakola Tawba, okugeza bweyeenenya nasaba Allâhu ta’âlâ okumusonyiwa, nga asuubiza obutaddamu kukola zambi eryo, tawba ye ekkirizibwa. Bwaatakola tawba, awo aba alina kuttibwa nga alamulwa omulamuzi omusiraamu. Omukazi bwafuuka murtadd tattibwa. Asibwa mu kkomera nabeerayo okutuusa lwadda mu Busiraamu. Bwadduka nagenda mu dâr-ul-harb tabeera jâriya ebaanga lyamala nga ali mu dâr-ul-harb. Naye bwakwaatibwa abeera jâriya. Bwafuuka murtadd (naava mu ddiini) nikâh ye (obufumbo bw’eddini yekisiraamu) bufa. Ebintu byonna byalina bimujjibwaako, bimuddizibwa singa akomawo muBusiraamu. Bwaafa oba naddukira mu dâr-ul-harbebintu/ebyobugagga bye biweebwa abasika be, bwaba talina basika ebintu biweebwa abo abavunaanyizibwa ku bayt-ul-mâl. Murtadd tasobola kusika mali ya murtadd munne. Ebyobugagga murtadd byafuna nga murtadd tebibeera bibye. Bibeera bya basiraamu. Bijjakuba fey eri abasiraamu. (Fey kyanyonyolwa mu kitabo Endless Bliss omulyango **THE DISBELIEVER’S MARRIAGE** (obufumbo bwabatali bakkiriza). Bizinesi ze zonna ezaabulijjo okugeza nga okugula nokutunda, endagaano n’okufuna ebirabo biba bifuuka bâtil. Bisobola okudda mumbeera eyokuba sahîh singa akkiriza nakomawo mu Busiraamu. Bwakomawo mu Busiraamu aba takakatibwaako kukola qadâ y’emirimo ja ibaada ejaamuyitako, nga ojjeeko hijja jaba alina okuddamu buto. Ebintu ebisatu eby’okusinza omukkiriza omupya byalina okusooka okuyiga byeebino: okufuna wudhu, okunaaba janaba ne okusaala esswala (namâz).

Empaji omukaaga ezobukkiriza ze: okukkiriza Allâhu ta’âla nti jaali era ali omu nokukkirirza ebitendo bye; okukkiriza ba Malaika, Ababaka, Ebitabo ebyassibwa okuva mu ggulu, okukkiriza ebiribeerawo ku lunaku lwenkomerero; okugera nentuuko. Mumaaso tujja kunyonyola kimu ku kimu. Mu bufunze, tulina okugoberera amateeka g’oBusiraamu nebyaziyizibwa nga tukozesa omutima nomubiri byombi, ate emitima jaffe jirina kuba bulindaala jireme kubbikira mu ghafla (obugayaavu). Omutima gw’omuntu bwegutaba mwegendereza (okugeza bwatalowooza ku kubeerawo kwa Allâhu ta’âla nobukulu bwe n’obulungi bwe jjana

n’obuzibu bwomuliro) kijjakuba kizibu omubiri gw’omuntu oyo okwekuumira ku Busiraamu. Omubiri okusobola okwekwaata ku Busiraamu mu ddeembe, okwaagala n’obwetowaaze kyetaaga omutima okuba omuyonjo. Naye ate omuntu bwabeera nempisa ennunji nga nomutima mutukuvu wabula nga talaga kugondera mateeka ga Busiraamu, omuntu oyo abeera **Mulhid**. Obuwanguzi bw’abantu abo obwenjawulo okugeza nga okubuulira abantu ebintu ebitamanyikiddwa n’okuwonya abalwadde nga babafuuwamu omukka kiyitibwa **İstidrâj** era ekikolwa ekyo kigenda kuviirako omuntu akikola naabo abamwegoomba okugenda mu muliro. Obubonero obulaga omutima omuyonjo ne nafsi (omwoyo) eri mutimainna (entebenkevu) kwe kubeera nga omubiri gwekwaata ku Busiraamu kyeyagalire nga tebagukase. Ebigambo nga "Omutima gwange muyonjo. Tunuulira omutima gwange," ebyogerwa n’abantu abateekwaata ku Busiraamu n’emibiri jaabwe. Okwoogera ebyo, bali mu kweriimba na kulimba abo ababali ku lusegere.

EBITENDO BYA IMAN

Abamanyi ba Ahl as-Sunnat bagamba nti Îman (obukkiriza) bulina ebitendo musanvu: **ÂMANTU BILLÂHI**: nzikiriza nti Allahu adhîm sh’anuh jaali era ali omu; talina muyambi yadde amufaanana. Atenderezebwa n’amatendo ge amajjuvu (Kemâl). Ali wala nyyo n’ebitendo eby’obukendeevu. Talina bitendo bya bukendeevu. Alina ebitendo ebyobutuukirivu ate ffe tulina ebitendo ebyobukendeevu.

Ebitendo eby’obukendeevu abantu byetulina nga obutabeera na mikono, amagulu, amaaso, okulwaala, okubeera omulamu, okulya n’okunywa nebirala bingi ebyobukendevu.

Ebitendo bya Allah adhîm-ush-shân bye bitendo ebijjuvu(Kemâl) nga okutonda kwe eggulu n’ensi, ebitonde byonna ebiri mu bbanga, mu mazzi, ku nsi ne mu ttaka, okugabirira (rizq) ebitonde byonna bino. Allah ta’âla ye musobozi (qâdir-i-mutlaq).

Waliwo ebitendo abiri mu bibiri(22) ebikwaatagana ku Allâhu adhîmush-shân byetuteekeddwa okumanya. Era waliwo ebitendo ebirala abiri mu bibiri(22) ebiri muhâl (byatasobola kubeera nabyo).

Wâjib kitegeeza ekintu ekyeetagisa. Ebitendo ebiri wâjibu Allâhu adhîm-ush-shân byaalina. ebitendo ebiri muhâl Tabirina.

Waliyo ekitendo kimu ekya Allahu ta'âla ekiri wâjibu okukimanya nga bakiyita sifât-i-nafsiyya. **Wujûd** kitegeeza "okubeerawo". Obujulizi obukakasa nti Allâhu adhîm-ush-shân jaali bye ebigambo bya Allah yenyyini ebisoma: **"Innanî Anallâhu."** Obujulizi okukakasa kino nga okozesa obwongo era nakyo kiraga nti waliwo omutonzi eyatonda ebintu bino byonna.

Waliwo ebitendo bitano(5) ebikwaata ku Allâhu adhîm-ush-shân ebiyitibwa Sifâtt-i-dhâtiyya nga biri wâjibu okubimanya: era biyitibwa **Ebitendo bya obwakatonda** (Ulûhiyyat).

1. **Qidam**: ekitegeeza nti Allâhu adhîm-ush-shân Talina ntandiikwa.

2. **Baqâ**: ekitegeeza nti Allâhu adhîm-ush-shân Talina nkomerero waali lubeerera era kiyitibwa **Wâjib-ul-wujûd**. Obujulizi obukakasa ensonga eno ye âya eyokusatu(3) esangibwa mu Surat Hadîd. Ate obujulizi obw'obwongo kwe kugamba nti singa Allâhu ta'âla yalina entandiikwa oba nenkomerero Yalibadde teyeesobola yadde okubeera omutuukirivu.

3. **Qiyâm bi-nafsihi**: ekitegeeza nti Allâhu adhîm-ush-shânh teyeetaga muyambi kubintu Byaakola. Obujulizi ku nsonga eno buli mu âya esembayo mu Sûrat Muhammad.

4. **Mukhâlafat-un-lil-hawâdith**: kitegeeza nti Allahu ta'âla tali nga muntu yenna mumbeera ze nebitendo bye. Obujulizi obukakasa ensonga eno âya eyekkumi nemu Sûrat Shûra.

5. **Wahdâniyyat**: ekitegeeza nti Allahu ta'âla Talina muyambi oba amwenkana, mu mbeera ze oba ebitendo bye. Obujulizi obukakasa ensonga eno buli mu âya esooka Sûrat Ikhlâs. Era waliyo ebitendo mukaaga ebiyitibwa **Sifât-i-Dhâtiyya**.

SIFÂT-I-THUBÛTIYYA

Waliwo ebitendo munaana ebikwaata ku Allâhu adhîm-ush-shân nga era bigwa mu mutendera oguyitibwa Sifât-i-thubûtiyya: Hayât, Ilm, Sam', Basar, Irâda, Qudrat, Kalâm, Takwîn, ebiri wâjib kuffe okubimanya.

Amakulu g'ebitendo bino, geegano:

1. **Hayât**: kitegeeza nti Allâhu adhîm-ush-shân mulamu. Obujulizi obukakasa ensonga eno buli kuntandiikwa ya âya bibiri atano mu ttano (255) Sûrat Baqara. Obujulizi obw'amagezi, singa kituufu Allâhu ta'âla teyali mulamu, ebitonde ebiri ku nsi tebyalisobodde kutondebwa.

2. **Ilm**: kitegeeza nti Allâhu ta'âla alina okumanya. Obujulizi obukakasa ensonga eno buli mu Sûrat Hashir âya abiri mu bbiri (22). Obujulizi obw'amagezi, singa Allâhu adhîm-ush-shân talina kumanya teyalibadde musobozi kukola bintu. Ekitendo eky'obutasobola kiri muhâli kuye.

3. **Sam'**: kitegeeza nti Allâhu ta'âla awulira. Obujulizi obukakasa ensonga eno busangibwa mu Sûrat Isrâe âya esooka. Obujulizi obw'okukozesa amagezi, singa Allâh ta'âla yali tawulira yalibadde n'obukendeevu, nga ate kiri muhâli Allah okubeera n'obukendeevu.

4. **Baswîr**: kitegeeza nti Allâhu adhîm-ush-shân alaba. Obujulizi obulaga ensonga eno buli mu Surat Isrâe âya esooka. Obujulizi obwokukozesa amagezi buli nti singa Allah ta'âla yali talaba yalibadde nobukendeevu. Nga ate obukendeevu kitendo ekiri muhâli eri Allahu ta'âla.

5. **Irâda**: kitegeeza nti Allâhu ta'âla alina okusalawo okusinziira ku ekyo kyayagala. Buli kintu kyayagala kirina okubeerawo. Teri kisobola kubeerawo nga tayagadde. Yayagala ebintu bibeerewo era naabitonda. Obujulizi okukakasa ensonga eno buli mu Sûrat Ibrâhim âya ya abiri mu musanvu (27).

6. **Qudrat**: kitegeeza nti Allâhu adhîm-ush-shânh musobozi. Obujulizi okukakasa ensonga eno buli mu Sûrat âl-Imrân âya ya nkaaga mu ttano (65).

7. **Kalâm**: kitegeeza nti Allâhu ta'âla ayogela. Obujulizi obukakasa bino busangibwa mu Sûrat Nisâ âya ya nkaaga mu nyya (64).

8. **Takwîn**: kitegeeza nti Allahu ta'âla mutonzi okugeza Alina amaanyi okutonda. Ye yekka asobola okutonda buli kimu okuva mu kintu ekitaliiwo. Teri mutonzi mulala okujjako yye. Obujulizi obukakasa ensonga eno buli mu Sûrat Zumar âya ya nkaaga mu bbiri (62). Era kijja omuntu mu Busiraamu okugamba nti waliwo omulala asobola okutonda atali Allahu ta'âla. Omuntu tasobola kutonda kintu kyonna.

Allâhu adhîm-ush-shânh alina Sifât-i-ma'nâwiyya munaana ebiri wâjibu kuffe okubimanya. Hayyun, Alîmun, Samî'un, Basîrun, Murîdun, Qadîrun, Mutakallimun, Mukawwinun.

Amakulu g'ebitendo bino geegano:

1. **Hayyun**: Allâhu adhîm-ush-shânh mulamu.

2. **Alîmun**: Allâhu adhîm-ush-shânh mumanyi, okumanya kwe kwa dda ('ilm-i-qadîm).

3. **Samî'un**: Allâhu adhîm-ush-shânh awulira era okuwulira kwe kwa dda (sam'i qadîm).

4. **Baswîrun**: Allâhu adhîm-ush-shânh alaba.

5. **Murîdun**: Allâhu adhîm-ush-shânh ayagala ekintu nekiba nga akozesa irâda-i qadîm.

6. **Qadîru**: Allâhu adhîm-ush-shânh wamaanyi alina qudrat-i-qadîm (amanyi ag'olubeerera).

7. **Mutakallimûn**: Allâhu adhîm-ush-shânh ayogera, era ebigambo bye byalubeerera.

8. **Mukawwinûn**: Allâhu adhîm-ush-shânh mutonzi, Atonda buli kimu.

WA MALÂIKATIHI:

Okukkiriza ba Malaika ba Allâhu adhîm-ush-shânh. Allâhu adhîm-ush-shânh Alina ba Malaika. Yabatonda okuva mu kitangaala (nûr). Tebalya era tebanywa. Tebalina kikula nti oba basajja oba bakyaala. Bakka ku nsi okuva mu ggulu era nebaddayo. Balina ebikula byanjawulo. Tebajeemera ngako Allâhu adhîm-ush-shânh era tebonoona nga bantu. Mubbo mulimu ba Muqarrab n'ababaka.

WA KUTUBIHI:

Okukkiriza ebitabo bya Allâhu adhîm-ush-shânh. Allâhu adhîm-ush-shânh alina ebitabo byeyassa ku babaka. Waliwo ebitabo kikumi mu bina (104) ebyayogerwaako mu Qur'ân al-karîm. Ebitabo kikumi ku bbyo bitono. Ebitabo bino biyitibwa 'Suhuf'. Ate ebitabo bina ku bbyo binene. **Tawrât** yassibwa ku Nabbi Mûsa(Mosses) alaih salam, **Zabûr** yassibwa ku Nabbi Dâwûd(David) alaih salam, **Injîl** (Bible) yassibwa ku Îsâ (Jesus/Yesu) alaih salam, ate **Qur'ân al-karîm** yassibwa ku Nabbi Muhammad alaih salam. Ekitabo kyaffe **Could not Answer** kinyyonyola mu bujjuvu ebikwaatagana ku bitabo **Tawrât** ne **Bible** ebisomebwa Abayudaaya n'abakristu ennaku zino.

Suhuf ekikumi (enyinji ziyitibwa Sahîfa, ekitegeeza empapula), kumi kuzzo zassibwa ku nabbi Âdam alaih salam, Suhuf makumi atano gassibwa ku Shis(Seth) alaih salam, Suhuf makumi asatu gassibwa ku nabbi Idrîs alaih salam ate Suhuf kkumi zassibwa ku nabbi Ibrahîm alaih salam. Suhuf zonna zaaletebwa Malaika Jibrîl alaih salam. Qur'ân al-karîm ky'ekitabo ekyenkomerero era

ekyasembayo okussibwa okuva mu ggulu. Qur'ân al-karîm yakkira mu bitundu tundu mu bbanga lya myaka abiri mu esatu (23), era amateeka gaayo gajjakukola okutuusa ensi bweriggwaawo. Allâhu adhîm-ush-shânh yajikuuma obutakyuusibwa na bantu.

WA RASÛLIHI:

Okukkiriza ababaka ba Allâhu adhîm-ush-shânh ebyengera nemirembe bibeere ku bbo. Ababaka bonna bantu. Âdam alaih salam ye nabbi asooka era nabbi waffe Muhammad sall-Allâhu ta'âla alaih wa sallam ye nabbi asembayo. Ababaka banji abaaliwo wakati wa ababaka bano ababiri. Allâhu adhîm-ush-shânh yekka yamanyi omuwendo gwaabwe.

Waliwo ebitendo eby'ababaka bitano(5) ebiri wâjibu jetuli okubimanya: Swidq, Amânet, Tabligh, Ismat, Fatwânat.

1- **Swidq**: Ababaka alaihim-us-salawât-u-wa-taslîmât bonna baamazima mu bigambo byaabwe. Buli kyeboogera gaba mazima.

2- **Amânet**: Beesigwa tebaawukana ku ndagaano jebaba bakoze.

3- **Tabligh**: Batuusa amateeka ga Allâhu adhîm-ush-shânh eri abaddu be.

4- **Ismat**: Tebakola bibi Allâhu adhîm-ush-shânh bye yagaana. Ababaka beebantu bokka abatakola ebyo Allâhu adhîm-ush-shânh bye yagaana. Era beebantu bokka abatalina bibi.

5- **Fatwânat**: Ababaka 'alaihim-us-salawât-u-wa-t-teslîmât' bonna baba bagezi okusinga abantu abalala.

Waliwo ebitendo bitano ebiri Jâiz ku babaka okubeera nabyo: Balya era banywa, balwaala, bafa, batanbula okuva mu kifo ekimu nebagenda mu kirala, tebalina bwagazi bwa nsi.

Waliwo ababaka abiri mu munaana (28) abalina amanyya agayogerwaako mu Qur'ân al-karîm. Waliwo abamanyi abagamba nti kiri wâjib eri omusiraamu yenna okubamanya.

AMANYA G'ABABAKA

alaihim-us-salawât-u-wa-s-salâm:

Âdam, Nûh, Idrîs, Shu'aib, Hûd, Sâlih, Lût, Ibrâhîm, Ismâel, Is-hâq, Ya'qûb, Mûsâ, Hârûn, Dâwûd, Sulaymân, Yûnus,Yûsuf, Ilyâs, Elyas'a, Zulkifl, Ayyûb, Zakariyya, Yahyâ, Îsâ, ne Muhammad salawâtullâhi alaihim. Waliwo okwaawukana mu bamanyi ku bikwaata ku manya gano Uzayr, Luqmân, Hidhir ne Zulqarnayn, nga abamu bagamba nti nabo baali ba nabbi ate

abalala nebagamba nti baali ba Awliyâ. Kyawandiikibwa mu kitabo [kya Muhammad Ma'thûm Fârûq rahmatullahi ta'âla alaih yazaalibwa 1007 mu Serhend naafa 1079 [1668 A.D] mu Serhend, era nga ye mwaana owokusatu owa Hadrat Imâm Rabbânî quddisa sirruhuma] Maktûbât-i-Ma'thûmiyya baluwa ey'asatu mu mukaaga, nti waliwo obukakafu obumatiza obugamba nti Hidr alaih salam yali nabbi.

Era nabwekityo ekikukakato nga omusiraamu kwe kugamba nti " Alhamdulillah ndi mwana wa Adam era ndi omu ku bakkiriza ab'omulembe ogusembayo ogwa nabbi Muhammad alaihis-salât-u-wa-s-salâm."

WA-L-YAWMÛIL-ÂKHIRI

Nokukkiriza olunaku lw'enkomerero. Allah attutegeeza nti olunaku lw'enkomerero (Qiyâma) lutandiika nga abantu bamaze kouzuukira okuva mu ntaana zaabwe. Lugenda mpaka abantu nga bamaze okulamulwa n'okuweebwa ebifo byaabwe, okugenda mu jjana oba mu geyeena. Abantu bonna bagenda kufa ate oluvanyyuma baddizibwe obulamu. Ejjana, omuliro, mizani, olutindo lwa sirâtwa, Hashir (okugenda mu bbaliro), okubonerezebwa mu kaburi ne bamalaika ababiri **Munkar** ne **Nakir** byonna bya mazima. Abantu bajja kubilozaako.

WA BI-L-QADAR-I-KHAYRIHI WA SHARRIHI MINALÂHI TA'ÂLÂ

Okukkiriza nti ebintu ebyaaliwo okusooka nebiribeerawo jebujja, ebirunji neebibi, byonna bibaddewo lwa kugera kwa Allah adhim-ush-shânh, bibaddewo olw'okumanya Kwe kwalina n'okubitonda n'abigerera obudde obwokubeerawo era nga ebintu ebyo byawandiikibwa ku **Lawh-il-Mahfûz**. Sirina kubuusa buusa mu mutima gwange. **Ash-hadu an lâ ilâha il-l-Allah wa ash hadu anna Muhammada abduhu wa rasûluh.** Era amadhhabu gange madhhabu ga **Ahl as-Sunnat wa-l-jamâat**. Nkakasa nti enzikiriza z'ebibinja ensanvu mu ebibiri nfu era nzuuzi mu ddiini. Abasiraamu abaagala ba swahaba ba nabbi bebayitibwa **Ahl as-Sunnat wa-l-jamâat**. Baswahaba bonna bali bayivu nga era benkanya. Baswahaba bonna baali beetaba mu Sohbet (darasa) za Nabbi alaih salam nga abasomesa eddiini entuufu. Teri muntu yenna ayinza kwenkana kitiibwa kya baswahaaba ba nabbi yadde nga akoze ebirunji ebyenkana bitya. Baswahaaba bonna baali

beesonyiwa obwaagazi bwensi nga tebagoberera kwaagala kwa nafsi zaabwe. Tulagirwa okubeera nga tubaagala nokubassaamu ekitibwa bonna. Byawandiikibwa ku ntandiikwa y'ekitabo ekiyitibwa **Shir'at-ul-islâm**: **[***kyawandiikibwa ne Muhammad bin Abû Bakr 'rahmatullahi ta'âla alaih' yafa mwaka gwa (573 [1178 A.D]). Enyyinyonyolwa yaakyo yawaandikibwa Ya'qûb bin Sayyid Alî rahmatullâhi ta'âla yafa mwaka gwa (931[1525 A.D])***]**. "Mwoogere ku Ashâb-i-kirâm alaihimur- ridwân nga bwe mwaagala. Naye temugeza ngako kuboogerako bibi." Naye ebibiina ensanvu mu ebibiri: ensonga baagitwaala wala nyyo, abamu mukujigayaalirira abalala baajekwaatako nebajinigizaamu endowooza z'abafalisafa abayonaani ne falsafa. Kulwensonga eyo baatandiika okukola ebintu ebitaali mu Busiraamu era nga byaali bikontana noBusiraamu. Batandiika okuzuula mu ddiini ebintu ebipya ebitaalimu nga babikola mu linyya ly'eddiini nebaleka enkola ya Ahl as-Sunnat.

Waliwo abantu abaakyawa abakulembeze b'oBusiraamu nga Abû Bakr as-Siddîq ne Hadrat Umar 'radiya-Allâhu anhuma', abantu abasiinga ekitiibwa mu baswahaba okusinziira ku bamanyi b'oBusiraamu, naye amazima gali nti obukyaayi bwaabwe buno tebuyinza kubajja ku lusegere lwa Mutume alaih salam. Waliwo n'abantu abalala abawakanya okugenda kwa nabbi muggulu kyebayita **Mi'râj** era nga okugenda kuno kwanyyonyolwa mu bulambulukufu mu kitabo **Endless Bliss** (okwesiima okwolubeerera) omulyango ogw'enkaaga.

Kikwaasa ennaku okulaba nga abantu abamu abeeyita abamanyi b'oBusiraamu bakola nga akazindaalo k'ekibinja kya ba **Ismâîliyya**, ekibinja ekisinga okuba eky'obulabe mu bibinja ensanvu mu ebibiri. Bakola nyyo okulaba nga babuza omulembe gw'abavubuka nga bayita mu kuwandiika n'okusasaanya obulimba nga nti abazadde ba nabbi tebaali bakkiriza era nti nabbi nga tannaweebwa bubaka yasaddaaka ebisolo mu manyya g'ebibumbe (amasannamu) n'okweyambisa ebimu ku bitabo bya aba shiia okuwagira ensonga yaabwe enfu. Kilabika bulunji nti ekigendererwa kya abantu abo, kukakkanya na kujooga diini ya Busiraamu na kubuzaabuza mujiji omuto nga babasigamu ensigo y'obujeemu. Waliwo aya ya Qur'ân egamba nti **"Omuntu yenna anyonyola Qur'ân al-karîm okunsinziira ku ntegeera ye abeera avudde mu ddiini."** Abamanyi abasiraamu baalina empisa nga basomesa, nga boogera nokuwandiika ebikwata ku ddini nabwegendereza. Nga balowooza nyo okulaba nga teboogera kintu kikoonagana na ddini. Okwoogera nga tebalina bujulizi,

okugeza nga okulamula omuntu omulala byayogedde nti bifu naamukafuwaza naye nga talina bujulizi okuva mu **Adilla-i-shar'iyya**.

Omufâris yagamba:

Nkankana nembeera nga ekikoola ekigwa okuva ku muti waggulu, nga ndaba banyomoola îmâni yange.

Tusaba Allâhu ta'âla ayongere obwaagazi bwa Nabbi alaih salam mu mitima jaffe. Era Atukuume tuleme kugwa mu kikemo kya kwaagala balabe Be. Akabonero akalaga imani nti eri mu mutima kweekwaagala abaagalwa ba Allâhu ta'âla nokwesamba abalabe Be.

Waliwo amadhehebu ana agasomesa omuntu engeri jakolamu emirimu j'eddiini nga geegano: amadhehebu ga Imâm Abû Hanîfa (Hanafî), Imâm Shâfi'î (Shâf'î), Imâm Mâlik (Mâlikî) ne Imâm Ahmad bin Hanbali (Hanbalî). Kikakata kubuli musiraamu kubaako namadhehebu geyekwaatako nagoberera bwaaba atuukiriza emirimu j'eddiini. Amadhehebu gonna ana matuufu. Gonna gali wansi wa Ahl as-Sunna.

Obukwakkulizo buli mukaaga obuviirako imâni y'omuntu okunyweera nabeera nayo nga teyonoonese:

1. Okukkiriza ghâib (ebitalabika). Okukkiriza kwaffe kuli mu kukkiriza ebyo ebitalabika, so si bintu bilabwaako. Tetusobola kulaba Allâhu adhîm-ush-shân na maaso gaffe naye twakkiriza nga tuli nga abaamulabako. Tetubeera nga ko na kubuusabuusa ku nsonga eyo.

2. Teri kitonde kyonna, ebiri mu nsi ne muggulu, abantu, majinni, banabbi, malaika amanyi ghâib (ebyekweese ebitalabika). Allâhu adhîm-ush-shânh yekka yaamanyi ebyekweese, Amanyisaako oyo gwaaba ayagadde. Ghâib kitegeeza ebintu ebitasoboka kutegeerebwa na magezi gaffe yadde okugezesa kwa sayansi.

3. Okutegeera harâm nokukkiriza nti harâm.

4. Okutegeera halâl nokukkiriza nti halâl.

5. Obutalowooza nti tojjakubonerezebwa na Allâhu adhîm-ush-shanh, nokubeera nga omutya buli kiseera.

6. Okubeera ne ssuubi mu kusaasira kwa Allâhu adhîm-ush-shanh mu mbeera yonna nebwooba nga oli mwonoonyi otya.

Singa omuntu alemwa okutuukiriza akamu ku bukwakkulizo buno omukaaga newankubadde nga atuukirizza obutaano, oba natuukiriza akamu naaleka obutaano, iman yomuntu oyo

noBusiraamu bwe tebiba sahîh (bituufu).

Waliwo embeera ya mirundi makumi ana (40) eviirako imân y'omuntu okwonooneka mbagirawo oba oluvannyuma:

1. Okulemera ku bid'at, omuntu bwaava kunkola eyasomesebwa n'abamanyi abasiraamu ba Ahl as-Sunna, omuntu oyo abeera muzuusi mu ddiini oba ava mu ddiini. Singa omuntu agaana okukola ekintu kyonna ekimukakato okukkiriza, omuntu abeera avudde mu ddiini. Bid'at eviirako omuntu aba ajilemeddeko okufa nga si mukkiriza.

2. Îmân ennafu. Okugeza okuba ne imân naye nga toteeka mu nkola bintu bikakata ku muntu kutuukiriza.

3. Omuntu okuleka ebiyungo bye omwenda okuva ku kkubo ettuufu.

4. Omuntu okugenda mumaaso nokukola amazambi amanene. [Nabwekityo, omusiraamu talina kunywa mwenge n'omusiraamu omukyaala oba omuwala talina kulaga mutwe gwe, enviiri, entumbwe kubasajja abatamuzira.]

5. Omuntu obutabeera musanyufu okubeera nga musiraamu.

6. Omuntu okubeera nga tatya kuva munsi muno nga talina imân.

7. Okusasaanya obwonoonefu.

8. Obutassa kitiibwa mu adhân-i-Muhammadî (okwaziina). Ebikwaata ku Adhân na ngeri ki jeelina okusomwa, bisange mu kitabo **Endless Bliss** (essanyu ly'olubeerera) mu bujjuvu.

9. Omuntu okujeemera abazadde be.

10. Okulayira buli kiseera nebwaba alimba.

11. Omuntu bwaba nga asaala okugayaalirira ta'dîl-i-arkân ku rukû', qawwâma, sajda ebbiri ku jalsa. Ta'dîl-i-arkân kitegeeza tumânînat (obukkakkamu).

12. Omuntu okulowooza ati namâz (swala) terina mugaso era natafaayo kuyiga na kujisomesa bantu be, era nabeera nga agaana abantu abalala okusaala.

13. Okunwa omwenge nokukozesa ebintu ebirala ebitamiiza.

14. Okutuusa ku bakkiriza obulabe.

15. Okutka emikolo emikyaamu.

16. Omuntu okwerabira ensobiize; nazitwaala nga okusaaka.

17. Okubeera n'amampaati, okugeza omuntu okweeraba nti wakitalo nnyo.

18. Ujb (okwegoomba).

19. Okubeera munâfiq (omunanfuusi).

20. Okubeera n'obujja eri musiraamu munno ku kirunji kyaaba afunye.

21. Obutagondera biragiro bya ggwanga oba omukulembeze.

22. Okukakasa nti gundi ne gundi bantu balunji nga tolina bukakafu bumala.

23. Okubeera omulimba.

24. Okwewala abamanyi. Nga okubeera nga toyagala kusoma bitabo byawandiikibwa na bamanyi ba Ahl as-Sunnat.

25. Omuntu okukuza kakoba nasukka ekigero ekyakkirizibwa Sunnat.

26. Omusajja okwambala engoye eza silk(liiri).

27. Okubeera omugeyi owolulango.

28. Okuleetera baliiraanwa emitawaana, newankubadde si basiraamu.

29. Okulaga ennyo obunyiivu ku nsonga z'ensi ezitali za ddiini.

30. Okukkiriza enguzi n'okujigaba.

31. Okwambala engoye nga weeraga bakuwaane.

32. Okukozesa eddogo.

33. Obutalambuula banganda.

34. Okukyaawa abantu abaagalibwa ne Allâhu ta'âla n'okwaagala abantu boomanyi nga balabe ba Busiraamu.

35. Okunyiigira musiraamu munno okusussa ennaku ssatu.

36. Okufuula obwenzi omuze.

37. Okukola ebikolwa bya sodomy (okusiyaga) bwomala notakola tawba(okwenenya).

38. Okwaziina nga ebiseera tebinnatuuka.

39. Obutaziyiza muntu akola ebikyaamu.

40. Okugayaalirira abakyaala nga bakola ebintu ebyaziyizibwa n'oBusiraamu nga tobabuulirira, okugeza nga mukyaalawo ne bawalaabo okubaleka nebafuluma ebweeru nga tebambadde bulunji, tebabisse mitwe jaabwe, mikono ne migulu nokweekuba obuwoowo.

Îmân kitegeeza okwoogera kwolulimi nokukakasa kw'omutima nti mazima ebintu ebyaleetebwa ababaka okuva eri Allâhu ta'âla nti bituufu. Ate OBusiraamu kitegeeza kukkiriza nti teri kisinzibwa okujjako Allâhu ta'âla era nabbi Muhammad alaih salam mubaka we npkuteeka munkola ebyo byeyasomesa. Ate **Dîn** ne **Millat** bifaanagana. **Dîn** oba **Millat** kitegeeza itiqâd

okugeza enzikiriza ababaka zebaleeta okuva ewa Allâhu ta'âla. **Islam** (oBusiraamu) oba **Ahkâm-i-islâmiyya** kitegeeza 'amâl (emirimo) okugeza ebintu ebitekebwa mu nkola nabbi waffe sall-Allâhu ta'âla alaih wa sallam byeyaleeta okuva eri Allâhu ta'âla. Neera imân mujmal (iman mubufunze), kitegeeza okukkiriza mu bufunze era kimalira omuntu okubeera omukkiriza oba omusiraamu singa aba akkiriiza mu nkola eno. Imân ya Muqallid (omuntu akkiriza nga tategedde) ebeera ntuufu.

Ebika bya imân biri bisatu: Imân-i-taqlîdî, Imân-i-istidlâl ne imân-i-haqîqî. **Imân-i-taqlîdî**: ye imân y'omuntu asinza naye nga tamanyi wâjib, sunnat oba farz. Ye abeera agoberera bugoberezi nkola ya bazadde be. Imân eyekika kino ya bunkenke. **Imân-i-istidlâl**: omuntu alina imân ekika kino abeera amanyi farz, wâjib, mustabah ne harâm era agondera amateeka g'oBusiraamu. Abantu abo baba bamanyi era nga basomesa empaji z'obukkiriza. Baayiga okuva ku basomesa ab'eddiini n'ebitabo. Imân yekika kino ebeera nyweevu gulugulu. **Imân haqîqî**: senga ebitonde byonna bikungaana nebikkiriziganya okujeemera Allâhu ta'âla, omuntu alina imân ekika kino tasobola kujeemera Allâhu ta'âla. Tebafuna ngako kubuusa buusa mu mitima jaabwe. Imâni yaabwe eyagala okufaananako neya ba nabbi. Ekika kya imân kino kisinga biri ebibiri.

Amateeka g'oBusiraamu nago, gakubiriza amal (ebikolwa ebyokusinza), si imân. Kuba imân yokka emalira omuntu okuyingira jana. Nga ate tekisoboka kugenda mu jana na mirimo jokka. Imân nga tekuli amal (mirimo) kisoboka naye ate emirimo nga tekuli imân tekisoboka era emirimo jiba tegirina mugaso ku muntu aba akoze naye nga talina imân mu mutima gwe. Emirimo ejikolebwa abantu okugeza okusaala, okutoola zaka nemirimo emirala emirunji nga tewali imân tejirina mugaso. Imân tesobola kuweebwa muntu mulala nga ekirabo naye ate empeera eva mu amal kisoboka okujiwa omuntu omulala, okugeza oyinza okusaddaaka empeera ezivaamu nosaba Allâhu ta'âla aziwe omuntu omulala. Omuntu tasobola kuwandiika mu ddaame lye nga agamba nti bwemba nfudde gundi obeera nga ne imâni yange, kyokka kisoboka bulungi oli okuteeka mu ddaame lye nti bwemba nfudde gundi ankolera nga hijja mu sente zange. Omuntu agayaalira amal tava mu Busiraamu. Naye omuntu eyesamba imân ava mu ddiini. Omuntu alina obuzibu asonyiibwa okukola amal naye teri ngeri yonna muntu gyaasobola kusonyiibwa imân. Imân emu yokka Ababaka bonna gyebategeeza abantu baabwe. Naye nga ate amateeka nebiragiro by'eddiini baali baawukana.

Waliyo nate imân za bika bibiri; **imân-i-khalqî ne imân-i-kasbî. Imân-i-khalqî** kwe kukkiriza omuntu kwazaalibwa nakwo, "**BALÂ (YES)** omuntu kweyafuna mu kiseera kya **ahd-i-mîsâk**. **Îmân-i-kasbî** ye iman omuntu gyafuna oluvannyuma lw'okuweza emyaaka ejobukulu. Imân ya abakkiriza bonna yeemu. Nga ate baawukana mu amâl. Imân eri farz-i-dâim, nga ate amâl zifuuka farz nga ekiseera kyaazo kituuse. Imân eri farz ku basirâm nekubatali basirâm. Ate amâl ziri farz ku basiraamu bokka.

Waliyo emiteeko munaana egya imân:

Îmân-i-matbû' eno ye imân ya bamalaka.

Îmân-i-ma'sûm eno ye imân y'ababaka.

Îmân-i-maqbûl eno ye imân y'abakkiriza.

Îmân-i-mawqûf eno ye imân y'abantu abazuula mu ddiini.

Îmân-i-mardûd eno ye imân y'abananfusi jebabeera nayo.

Îmân-i-taqlîdî eno ye imân y'abantu abogoberera ebyo byebaawulira okuva ku bazadde baabwe nga tebajifuna luvannyuma lwakuyika okuva ku basomesa abanaddiini. Imân y'abantu nga bano ebeera ya bunkeenke.

Îmân-i-istidlâl eno ye imân y'omuntu amanyi Mawlâ nga akozsesa obujulizi okukakasa okubeerawo kwe.

Imân-i-haqîqî omuntu abeera ne imâni eno tasobola kujeemera Allâhu ta'âla we, newankubadde ebitonde byonna beegatta nebamujeemera, era tasobola kubuusabuusa yadde okutya mu mutima gwe. Nga bwetukinnyonyodde okusooka, ekika kino ekya imân kyekisiinga obulungi.

IMÂN ERINA EMIGASO ESATU:

Ogusooka, imân enunula ensingo y'omuntu obutasalwaako, kuba oBusiraamu bugaana okutta omukkiriza.

Ogw'okubiri, imân ewonya mâli y'omuntu obutajjibwaamu musolo guyitibwa **jizya** ne **kharâj**.

Ogw'okusatu, imân etaasa omubiri gw'omuntu obutookebwa muliro jahannam lubeerera. **"Amantu billâh...,"** nakyo kiyitibwa kitendo kya imân. Mpaji ya bukkiriza okusoma bino wammanga: **"...wa Malâikatihi, wa Kutubihi, wa Rusulihi, wa-l-Yawm-i-âkhiri, wa bi-l-Qadari, Khayrihi wa sharrihi min-Allâh ta'âlâ, wa-l-ba's-u ba'da-l-mawt haqqun, ash-hadu anlâ ilâha il-l-Ahhâh wa ash-hadu anna Muhammadan abduhu wa Rasûluhu."** Waliwo obujulizi bwa mirundi ebiri: **Dalîl-i-aqlî** (obujulizi nga okozesa bwongo) ne **Dalîl-i-naqlî** (obujulizi obw'okusoma ebya wandiikibwa). Imân

erina empaji bbiri: **asl** (ensibuko): Ikrâr-un bi-l-lisân (okwaatuza n'lulimi) ne **tasdîq-un-bi-l-jinân** (okukakasa n'omutima). Obukwakkulizo buli bubiri obufuga omutima n'olulimi ku bino:

Akakwakkulizo ku mutima, tegulina kubeera na kutya yadde okubuusabuusa, ate olulimi lwo lulina okwegendereza byelwoogera. Ekibuuzo, imân nakyo kitonde? Imân si kitonde wabula bulungamu obuva ewa Allâhu adhîm-ush-shânh.

Yaqîn kitegeeza okutegeera Allâhu adhîm-ush-shânh n'ebitendo bye ebijjuvu.

Khawf kitegeeza okutya Allâhu adhîm-ush-shânh.

Rajâ kitegeeza obutakoowa kusuubira kusonyiibwa na Allâhu adhîm-ush-shânh.

Muhabbatullah kitegeeza okwaagala Allâhu n'omubaka We n'eddiini y'oBusiraamu n'abakkiriza.

Hayâ kitegeeza okufuna ensonyi eri Allah n'omubaka We sall-Allâhu ta'âlâ alaih wa sallam.

Tawakkul kitegeeza okweesiga Allâhu adhîm-ush-shânh ku nsonga yonna. Okubeera nga obweesigwa obuteeka mu Allâhu adhîm-ush-shânh nga otandiika okukola ekintu kyonna. Ate kyebayita **Îmân, OBusiraamu** ne **Ihsân** bitegeeza ki? Îmân kitegeeza okukakasa ebyo byonna Muhammad alaih salam byeyayogera. **OBusiraamu** kitegeeza okutuukiriza amateeka ga Allâhu adhîm-ush-shânh n'okuleka ebyo bye yagaana. **Ihsân** kitegeeza okusinza Allâhu adhîm-ush-shânh nga oli nga amulabako.

Imân: mu Busiraamu kitegeeza okukkiriza empaji omukaaga ez'obukkiriza.

Ma'rifat: kitegeeza kutegeera Allâhu adhîm-ush-shânh nti Alina ebitendo ebijjuvu era nti Talina bitendo bya bukundeevu.

Tawhîd: kitegeeza okukkiriza nti Allâhu adhîm-ush-shânh ali omu era talina muyambi.

Islâm (Ahkâm-i-islâmiyya) kitegeeza ebiragiro n'ebyo Allâhu adhîm-ush-shânh byeyaziyiza.

Dîn wa millat kitegeeza okusigala ku mpaji z'obukkiriza mpaka okufa.

Imân ekuumibwa n'ebintu bitaano:

1. Yaqîn
2. Ikhlâs
3. Okuteeka munkola ebyaalagirwa n'okweewala ebintu ebiri harâm.

4. Okwekwaata ku Sunnat.

5. Okubeera n'empisa n'okuba omwegendereza.

Omuntu abeera n'ebintu ebitaano bino era abeera ne imân. Okugayaalirira ekimu ku bino kiwa omulabe omwagaanya. Omuntu alina abalabe ba mirundi ena: ebikosi ebibi ku mukono ogwa ddyo; obwaagazi bwa nafsi ye ku mukono ogwa kkono; okwaagala ensi mu maaso ge; ne Sitani emabega we; abalabe bano abana bafuba butaweera okutwaala imân y'omuntu. Ebikosi ebibi si byebibeera n'abantu ababba emâli y'omuntu wabula ekikosi ekisinga obubi kye ekikosi ky'abantu abagezaako okwonoona imân, ensonyi, empisa ne nneyisa y'omuntu. Tusaba Allâhu adhîm-ush-shânh atukingirize obulable obuli mubikosi ebibi ebyo.

Amakuly g'ekigambo **Kalima-i-Tawhîd**, okwoogera **"Lâilâha il-l-Allah,"** kitegeeza nti teri muntu yenna asaana kusinzibwa okujjako Allâhu adhîm-ush-shânh. Allâhu adhîm-ush-shânh yekka yasaana ekitiibwa ekyo. Allâhu adhîm-ush-shânh waali kuva dda. Talina muyambi yadde ekimufaanana.

"Muhammadun Rasûlulla" kitegeeza nti Hadrat Mustafâ sall-Allâhu ta'âla alaihi wa sallam muddu wa Allâhu adhîm-ush-shânh era mubaka We. Era ffe tuli bantu ba Ummat (kibiina) kye al-hamd-u-lillah.

Ekigambo Kalima-i-Tawhîd kirina amanyya munaana.

1. Kalima-i-Shahâdat.
2. Kalima-i-Tawhîd.
3. Kalima-i-Ikhlâs.
4. Kalima-i-Taqwâ.
5. Kalima-i-Tayyiba.
6. Da'wat-ul-Haqq.
7. Urwa-t-ul-wuthqâ.
8. Kalima-i-thamarât-ul-Jannat.

Ebyetaagisa ku muntu ikhlâs okunyweera byeebino: niyyat (okumalirira) n'okumanya amakulu ga ikhlâs. Omuntu okukola dhikr yetaaga ebintu bina: Tasdîq, ta'dhîm, halâwat, ne hurmat.

Dhikr erimu ebika bisatu:

1. Dhikr-i-awâm.
2. Dhikr-i-khawâs.
3. Dhikr-i-akhas.

Dhikr-i-awâm ye dhikr ya abantu abataasoma. Dhikr-i-khawâs ye dhikr ekolebwa n'abamanyi b'oBusiraamu. Ate dhikr-i-akhas ye dhikr y'ababaka.

Ebiyungo ebisatu ku muntu ebikola dhikr:

1. Dhikr ekolebwa n'olulimi, nga okugamba Kalima-i-shahâdat.

2. Okusoma qur'ân al-karîm.

3. Dhikr ekolebwa n'omutima.

Dhikr ekolebwa n'omutima y'abika bisatu.

1. Okulowooza ku bujulizi n'obubonero obututegeeza ebitendo bya Allâhu adhîm-ush-shânh.

2. Okulowooza ku bujulizi bwa Ahkâm-i-islâmiyya.

3. Okulowooza ku kutondebwa kw'ebitonde.

Abamanyi ba Tafsîr bweebati bwebannyonyola aya kikumi ataano mu bbiri eya Sûrat al-Baqara:

"Abange mmwe abaddu bange! Bwemunanzijukira nemugoberera amateeka gange ngenda kubajjukira nakusaasira kwange. Bwemunanzijukira nakunsaba nange ngenda kubajjukira na kwaanukula kusaba kwammwe. Bwemunanzijukira nakungoondera, njakubajjuikira nakubagabirira byeengera byange. Bwemunzijukira mu biseera by'obwaavu, njakubajjukira nakubawa mâli."

Abamanyi b'oBusiraamu baatutegeeza emigaso gya Dhikr mingi nyyo. Era ejimu ku jjo jeejino: omusiraamu bwaakola dhikr, asiimibwa ne Allah we. Asiimibwa ne bamalaika. Sitani efuna okunakuwala. Omutima gw'omuntu oyo gugoonda. Omuntu asinza Allah we nga yeeyagalidde awatali kukaluubirizibwa. Dhikr ejja mu mwoyo gwe ennaku negufuuka musanyufu. Omuntu oyo afuna obuvumu ne muhabbatullah (okwaagala Allah). Baggulirwaawo emilyango gya ma'rifatullah.

"Ash-hadu anna Muhammadn abduhu wa Rasûluh." Amakula g'ebigamb bino geegano: Hadrat Muhammad Mustafâ sall-Allâhu ta'âlâ alaih wa sallam, ye mubaka asembayo, mubaka era muddu wa Allâhu adhîm-ush-shânh. Yali alya, anywa era yawasa abakyaala. Yalina abaana abawala n'abalenzi. Bonna abaana yabazaala mu hadrat Khadîja radiy-Allahu anha. Ibrâhîm yekka gweyazaala mu muzaana gwebayita Mâriya. Naye Ibrâhîm yafa nga akyaali muto. Abaana be bonna nga ojjeeko Fâtima radiy-Allahu anha baafa nga akyaali mulamu. Yamufumbiza Hadrat Alî karram-Allâhu ta'âla. Hadrat Hassan ne Hadrat Husein baana ba Hadrat Alî ne Hadrat Fâtim radiy-Allahu anhum. Rasûl sall-Allahu ta'âla alaih wa sallam yalina abakyaala kumi n'omu. Hadrat Khadîja, Sawdâ, Âisha, Hafswa, Ummu Ssalama, Ummu Habîba, Zaynab bint Jahsh, Zaynab bint Huzayma, maymûn,

Joweyriyya, Swafiyya radiy-Allahu anhunna.

Adilla-i-shar'iyya mulimu ebintu bino: Kitâb (Qur'ân), Sunnat (Hadîth), Ijmâ ne Qiyâs. Eno yensibuko y'okumanya kwa Abamanyi b'oBusiraamu. Ebigambo bya Allâhu adhîm-ush-shânh biyitibwa Kitâb. Sunnat by'Ebigambo, Ebikolwa oba okukakasa kwa Rasûl alaih salam. Ijmâ-i-Ummat kwe kwegatta kwa bamujtahid abaaliwo mu kyaasa kyeekimu ku nsonga ez'oBusiraamu. Qiyâs kwe kugeraageranya okusalawo okw'emirundi ebiri okwaakolebwa ne ba mujtahid. Amakulu gekigambo madhhab kitegeeza kkubo. Tulina amakubo g'amirundi ebiri: erimu ku zzo ye Itiqâd ne endala ekkubo ly'emirimu.

Abû Mansûr Mâturîdî amannya ge ye Muhammad, taata we ye Muhammad, jajja we ye Muhammad nomusomesa we bamuyita Abû Nasr-i-lyâd rahma-humullâhu ta'âla. Abû Nasr-i-lyâd amannya ge ye Abû Bakr-i-Jurjânî, omusomesa we ye Abû Sulaymân Jurjânî, omusomesa we bamuyita Abû Yûsuf ne Imâm-i-Muhammad Shaybânî. Omusomesa w'abantu bano bombi ye Imâm a'zam Abû Hanîfa rahima-humullâhu ta'âla.

Omusomesa wa Imâm a'zam bamuyita Hammâd, ate omusomesa we bamuyita Ibrâhîm Nehâî, naye omusomesa we bamuyita Alqama bin Qays, mukiseera kyeekimu ye kojja wa Hadrat Nehâî. Omusomesa wa Alqama bamuyita Abdullah ibni Mas'ûd rahima-humullâhu ta'âlâ. Allâhu adhîm-ush-shânh Yawa omuntu ebyobugagga bina: Aql, Îmân, hayâ ne Fi'l.

Esswala n'emirimu emirunji emirala bikkirizibwa ne Allâhu adhîm-ush-shânh okusinziira ku bukwakkulizo buna: Îmân, Ilm, Niyyat, Khulûs. Omulimu okubeera sahîh (omutuufu) kyanjawulo ku kukkirizibwa. Ebikolwa by'okusinza birina obukwakkulizo bwaabyo obulina okutuukirizibwa bisobole okubeera sahîh. Singa akamu kaba tekaliiko, omulimu ogweo teguba sahîh. Omulimu ogwo gujjakuba nga ogutakoleddwa, era omuntu tajjakuwona kubonerezebwa. Omusiraamu tasobola kufuna thawâb (kufuna mpeera) ku mirimu je bwejiba nga tejikkiriziddwa. Emirimu okukkirizibwa jirina okubeera sahîh okusooka.

Ibni Hajar-i-Makkî rahima-hullâhu ta'âla anyyonyola ebikolwa ekikumi nsanvu mu munaana ebibi mukitabo kye ekiyitibwa **Zawâjir** bwaati: aya eya kikumi kinaana mu munaana Sûrat Baqara egamba: **"Abange mmwe abakkiriza! Temutwaala ebintu bya bannamwe mu ngeri eri bâtil (enkyaamu)"** ekigambo bâtil wano kitegeeza engeri y'okunyaga, okuwa obujulizi obw'obulimba, okubba n'okulimba. Mu Hadîth endala zigamba:

“Omusiraamu bwakozesa ebintu ebiri halâl nateeka munkola ebikolwa ebiri farz ate neyeewala harâm ate natatuusa kubantu balala bulabe, ajjakuyingira ejjana” ate “omubiri oguwangaalira ku harâm gujja kwookebwa omuliro” ate **“Singa abantu babeera tebawonye bulabe bwa muntu, omuntu oyo tajja kufuna kalunji konna mu mirimu jaakola ejokusinza yadde asaddaaka”** ate **era omuntu bwasaalira mu lugoye lweyafuna mu kkubo lya harâm, swalâ ye tetuuka.”** Hadith endala egamba: **“Omuntu atunda ebyamaguzi ebikyaamu siwa mu ffe. Enkomerero ye muliro.”** Mu hadith eyayogerwa ku kuyisa obubi omulirwaano egamba bweti: **“Omuliro y’enkomerero y’omuntu akosa mulirwaana we nga akozesa olulimi newankubadde omuntu oyo asaala n’asiiba naatoola ne zakat.”** Newankubadde balirwaana bo si Busiraamu, si kirunji kubayisa bubi, olina okubeera omulunji jebali. Hadîth enyyonyola ezzambi kikumi kumi na ssatu egamba: **“Omuntu yenna atta omuntu atali mukkiriza mu butali bwenkanya mu biseera by’emirembe tageenda kuyingira jjana.”** Hadîth endala egamba bweti: **“Abasiraamu babiri bwe bakwaata ebissi nebalwaanagana, bombi bagenda kuyingira omuliro.”** Mu hadîth-sherîf enyyoyola ezzambi kikumi mu ataano egamba: **“Duwa za bantu basatu ezaanukulwa mbagirawo: omuntu alyazaamanyiziddwa, omugenyi n’omuzadde.”** Hadîth endala egamba: **“Duwa y’omuntu gwebalyaazamanyizza eyanukulwa nebwaaba si mukkiriza.”** Hadîth endala egamba: **“Omuntu atta mu nne si wa mu ffe, nebwaaba nga gwasse si musiraamu.”** Eno yenkomerero yekitabo kyaffe **Zawâjir**. Owaange gwe omusiraamu! Bwooba oyagala okufuna okusaasira kwa Allâhu adhîm-ush-shânh n’emirimo jo okukkirizibwa teeka hadîth eyo waggulu mu mutima gwo. Tolumba bintu bya muntu oba obulamu bwe. Omusiraamu n’oyo atali musiraamu bonna bantu, tolumya muntu yenna, lekera abantu edembe lyaabwe, teeka ku musajja okuwa omukyaala gwaba atadde ‘mahr’. Bwaba tasasude asaana ekibonerezo ekinene ku nsi ne ku nkomerero. Edembe lyomuntu erisinga nga bwooba olyonoonye osaana ekibonerezo ekinene, kwekubeera nga ogaana abantu okusoma oBusiraamu. Singa omuntu alemesa abantu okusoma oBusiraamu n’okuteeka mu nkola amateeka gaabwo nga abayigganya, omuntu oyo atwaalibwa nga atali mukkiriza, omulabe w’oBusiraamu. Ekyokulabirako ekya abantu bano abalina endowwoza etali ya ddiini, kwe kugezaako okwonoona ensomesa ya Ahl as-Sunnat basobole okwonoona oBusiraamu, enteekateeka y’abantu abatalina Madhhabu naabo abazuula mu ddiini nga bawandiika obutabo obusigula abantu okuva ku mateeka. Abantu balina okugondera

eggwaanga n'abakulembeze tebalina kujeemera mateeka. Balina okuwa omusolo. Musango gwa naggomola okujeemera gavumenti, nebwebeera nga telina bwenkanya. Kyawandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Berîqa**, (kyawandiikibwa ne Muhammad bin Mustafâ Hâdimî rahmatullâhi ta'âla alaih, yafa mwaka 1176 [1762 A.D.], Hâdim, Konya, Turkey.) nti: nebwooba nga oli mu dâr-ul-harb okugeza nga owangaalira mu nsi ezifugibwa abakulembeze abatali basirâmu, tolina kumenya mateeka gaabwe. Tolina kuzuukusa fitna. Tolina kukola mikwaano nabantu balwaanyis Busiraamu, abazuula mu busirâmu oba abantu abatalina Madhhab. Tolina kusoma bitabo byabwe, empapula zaabwe ez'amawulire. Towuliriza radyo zaabwe yadde okulaba T.V zaabwe. Kola **Amr-i-ma'rûf** eri abantu abakuwuliriza.

Ibni Âbidîn [Omumanyi waFiqh, nga amannya ge amatuufu ye Sayyid Muhammad Amîn bin Umar bin Abd-ul-Azîz yazaalibwa mwaka gwa (1198 [1784 A.D.], mu kibuga Damascus naafa mwaka gwa 1252 [1836 A.D.] mu kibuga kyennyini ekyo). Yawandiika ebitabo bitaano naabiyita **Radd-ul-muhtâr** nga bivvuunula ekitabo ekiyitibwa **Darr-ul-muhtâr**, ekyaali kiwandiikiddwa **Alâ-ud-dîn Haskafî** rahmatullâhi ta'âla (1021, haskaf yafa 1088 [1677 A.D.]). Ensomesa ya Fiqh esinga eri mukitabo **Endless Bliss** (Essanyu ly'olubeerera) yajjibwa mu kitabo **Radd-ul-muhtâr**.] rahma-hullâhu ta'âla agamba bwaati: "Saw'atayn (obwereere bwomuntu) mu madhhabu gonna âna, kiri farz okubeera nga ebitundu eby'ekyaama bibikkibwa. Omuntu atatwaala buvunaanyizibwa kubikka bitundu bye eby'ekyaama abeera avudde mu ddiini. Omusajja bwayolesa amaviivi ge alina okubuuliririrwa asobole okukyuusa atandike okugabikka. Okubuulirira kuno kulina okuba kwa ddeembe mpola mpola. Omuntu oyo ayolesa obweereere bwe singa abuuliririrwa naye nagaana okukyuusa, atwaalibwa mu mbuga z'amateeka ez'oBusiraamu nakakibwa okubikka obwereere bwe. Era kiri farz mu madhhabu gonna 'ana ku mukyaala okubikka omubiri gwe gwonna okujjako ebibatu ne face, ekitegeeza nti balina okubikka emikono gyaabwe, ebigere nenviir nga bageenda mu bantu. Musango munene abaana abalenzi okuzina oba okuzannya emizannyo nga ebisambi byaabwe biri bweeru, n'abawala nabo okuzannya nga tebabisse mitwe gyaabwe n'emikono. Omusirâmu talina kwonoona budde bwe nga azannya emizannyo oba okukola ebintu ebitalina mugaso, wabula alina okubeera nga abiganyulwaamu na kusaala nakusoma ddiini. Kyawandiikibwa mu kitabo **Kimyâ-i-sa'âdat**: "Nga bwekiri harâm ku mukyaala oba omuwala okufuluma ebweeru nga omutwe gwe, enviiri, emikono n'amagulu biri bweeru, era bwekiri harâm ku bbo

okufuluma nga bambadde obugoye obubakwaata, okweekuba obuwoowo n'okwambala obugoye obumpi. Abazadde baabwe, ba bbaabwe ne baganda baabwe abalenzi ababatunuulira nga bakola batyo nebatabaziyiza bajja ku gabana ku bibonerezo nabo." Mu ngeri endala bajja kwookebwa bonna. Naye bwebakola Tawba, Allâhu adhîm-ush-shânh ajja kubasonyiwa Aleme kubookya kuba Ayagala abantu abakola Tawba.

ZAWJÂT ne GHAZAWÂT-I-PEYGAMBERI

Abakyaala n'ntalo za Nabbi alaih salam

Rasûlullah sall-Allâhu alaihi wa sallam yalina emyaka ana (40) ejobukulu, mukiseera malaika Jibrîl weyajjira okumutegeeza nti yali nabbi. Nga wayiseewo emyaka ena yalangirira mu lwatu nti nabbi mu kibuga Makka. Omwaka ogwo guyitibwa mwaka gwa **Bi'that**. Yalwaana entalo (Jihâd) abiri mu musanvu (27). Entalo mwenda (9) kuzzo yalwaana nga mujaasi. Ate mu ntalo kumi na munaana (18) ezisigadde yeeyali muduumizi wokuntikko. Yalina abaana b'obulenzi basatu (3), ab'obuwala bana (4), abakyaala kumi n'omu (11), bataata abato kumi n'omu (11) (okusinziira ku Hishâm Abdul muttalib yalina abaana ab'obulenzi kumi ate Ibn Saad agamba kumi na babiri), ne ba ssenga mukaaga. Yawasa Khadîja-t-ul-kubrâ nga alina emyaka abiri mu etano (25) nga Khadîja alina emyaka âna (40). Nga wayiseewo omwaka gumu oluvannyuma lw'okufa kwa Khadîja-tul-kubrâ, nga alina emyaka atano mu etaano (55) yawasa Aisha muwala wa Abû Bakr radiy-Allâhu anhu. Yafa nga alina emyaka nkaaga mu esatu (63) mu nyumba ya Aisha, ekyaali kitunudde mu Masjid-i-Nebî. Yaziikibwa mu nju mwennyini omwo. Abû Bakr ne Umar radiy-Allâhu anhum nabo baziikibwa mu nju eyo. Mukugaziya Masjid Nabawi enju baajizingiramu.

Mu mwaka ogw'omusanvu oluvanyyuma lwa Hijra yasiba muwala wa Abû Sufyân bin Harb eyali omukulembeze wa abakuraysh mu Makka, gwebayita Umm-i-Habîba nikâh. Abû Sufyân ye taata wa Mu'Âwiya radiy-Allahu anhu. Yasiramuka nga Makka emaze okuwambibwa n'abasiraamu (Fatih Makka). Nabbi yawasa Hafswa muwala wa Umar radiy-Allâhu anhu. Mu mwaka gw'okutaano oluvannyuma lwa Hijra yagula Juwayriya, omu ku bawambe abaali bakwaatiddwa okuva mu kika kya Mustalaq bweyamala yamuwasa. Ku nsonga yokunyweeza eddiini yawasa Umm-Salama, Sawdâ, Zaynab bint Huzayma, Maymûn, Swafiyya radiy-Allâhu anhunna. Okuwasa Zaynab eyali muwala wa taata

we omuto nikâh eyo yakolebwa ne Allâhu ta'âla. Jibrîl alaih salam yamukyaalira emirundi emitwâlo abiri mu ena (240.000). Yalina emyaka atano mu ebiri (52) ejobukulu okutwaalibwa muggulu kye bayita **Mi'râj**. Ku myaka ataano mu esatu (53) yasenguka okuva eMakka naagenda eMadîna olugendo lwebayita Hijrat. Ye ne Abû Bakr babeera mu mpuku ku lusozi oluyitibwa **Thawr** okumala ebiro bisatu, baafuluma empuku nebeyoongerayo n'olugendo ku lunaku lwa balaza ekiro. Oluvannyuma lwokutambula wiiki nnamba, baatuuka ku kyaalo Kubâ ku mabbali g'ekibuga Madîna, nga abiri ogw'omwenda era lwaali lwa bbalaza. Kati olwo ku lw'okutaano nebayingira ekibuga Madina. Olutalo olutukuvu olwa **Badr** lwaaliwo mu mwaaka ogw'okubiri nga okusenguka kuwedde, ku lunaku lwa bbalaza mu mweezi gwa **Ramadhân**. Mu lutalo luno abajaasi abasiraamu baali bisatu kumi na basatu (313) baalwaanyisa abaquraysh enkumi ssatu (3000). Mu lutalo luna baswahâba kumi na basatu baafa. Abû Jahal n'abaqurayshi abalala nsaanvu baafa. Olutalo lwa **Uhud** lwaaliwo mu mwezi gwa Shawwâl mu mwaka ogw'okusatu oluvannyuma lwa Hijra. Mu lutalo luno abajaasi abasiraamu baali lusanvu nga balwaanyisa ejje elyamaanyi ely'abaquraysh abaali enkumi essatu. Baswahâba nsanvu baafa mu lutalo luno. Nga wayiseewo emyeezi ena oluvannyuma lw'olutalo lwa Uhud baswahâba nsaanvu basindikibwa okugeenda eri abantu be Najd okubayita bakkirize oBusiraamu. Bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa **Bi'ri Ma'ûna**, baagwa mu batemu nebatta ekibinja kyonna okujjako abantu babiri bokka.

Omwaka ogw'okutaano gwaalimu olutalo oluyitibwa **Handak** (olukonko). Olutalo luno abasiraamu baali nkumi ssatu (3000) nga balwaanyisa omutwaalo gumu (10,000) abatali basiraamu. Abatali basiraamu betoloola Madina. Abasiraamu bali bamaze okusima olukonko okwetolooza ekibuga Madîna. Omwaka gumu nga olutalo lwa **Haybar** olwaaliwo mu mwaaka gw'omusanvu nga telunnabaawo, endagaano eyitibwa **Bî'at-ur-ridwân** yakolebwa mu kibuga **Hudaybiya**. Olutalo lwe **Mu'ta** lwe lutalo olwaaliwo wakati wa Abasiraamu ne Caesar Heraclius omulooma. Mu lutalo luno abasiraamu baali enkumi ssatu(3000) nga balwaanyisa ejje ly'abalooma eddene emitwaalo kkumi (100,000). Ja'far Tayyâr radiy-Allâhu anhu yafiira mu lutalo luno. Olutalo luno Khâlid bin Walîd yeeyaluwangula. Makka yawambibwa okudda mu mikono gy'abasiraamu mu mwaka gwa munaana. **Hunayna** nalwo lumu ku ntalo entukuvu ezimanyikiddwa. Abasiraamu baaluwangula. **Haybar** lubiri lwa bayudaaya olumanyikiddwa. Rasûlullah yatuma

Alî nawaamba olubiri olwo. Ekyo ky'ekifo mwebaweera nabbi emmere eyalimu obutwa nagaana okujilya. Nga bakomawo okuva mu lutalo, abasiru bawaayiriza Âisha nti yayenze ekintu ekyaanakuwaza ennyo omubaka wa Allah. Âya zakka ku nsonga eno era oluvannyuma nekizuulibwa nti bwaali bulimba nakuwaayiriza. Ekirala ekimanyikiddwa bwe buwanguzi bwa Tâif.

Muvubuka, bwooba oyagala essanyu,
Mwana wange wekwaate ku Busiraamu ebiseera byonna.

Amateeka gaabwo agali farz, wâjibu, sunnat ne mandûb,
Era neku amr-i-bi-l-ma'rûf bulungi.

Beera nga obiteeka mu nkola buli kiseera, awatali kuleka yadde kimu,
Ebitasonyiibwa nebisonyiibwa byonna.

Kikukakata ko era okweewala ebiri makrûh ne harâm,
Eddeembe ly'omuddu (qul) lirina okumuweebwa.

Yiga okuva ku ba Ahl as-Sunnat,
Oteeke mu nkola ebyo byoyize mu bwaangu.

EBIKWAATA KU IMÂN MUBUJJUVU

Imân ennyonyolwa mu ngeri kumi na bbiri: Omulezi wange ye Allâhu ta'âlâ. Obujulizi bwange obukakasa ye âya ey'ekikumi nkaaga mu ssatu Sûrat Baqara. Nabbi wange ye hadrat Muhammad alaihi salam. Obujulizi bwange obukakasa ye âya ey'abiri mu munaana n'abiri mu omweenda Sûrat Fat'h. Eddiini yange Busiraamu. Obujulizi bwange ku nsonga eno ye âya kumi na mweenda Sûrat al-Imrân. Ekitabo kyange ye Qur'ân al-karîm. Obujulizi bwange okukakasa ye âya ey'okubiri Sûrat Baqara. Qibla kyange ye Kâ'ba-i-sharîf. Obujulizi bwange obukakasa ye âya kikumi ana mu nnya Sûrat Baqara. Enzikiriza yange ya **Ahl as-Sunnat wa-l-jamâ'at**. Obujulizi bwange okukakasa ya âya kikumi ataano mu ssatu Sûrat An'âm. Jajja wange ye Hadrat Âdam alaihi salam. Obujulizi bwange buli mu Sûrat A'râf âya kikumi nsanvu mu bbiri. Ndi omu ku kibiina kya Muhammad alaihi salam. Obujulizi okukakasa ensonga eno buli mu Surat Al-imrân âya kikumi kkumi. Ndi Mu'min (mukkiriza). Obujulizi obukakasa kino buli mu Sûrat Anfâl âya ey'okuna. **Al-hamdu lillâhi ala-ttawfîqihi wa-s-taghfirullâha min kulli taqsîrin**. Ilm esinga amâl lwa nsonga ttaano: Ilm yeesigamwaako ate amâl yeesigama ku kintu. Ilm yetaagisa ate amal teyawulwa. Ilm esobola okuba ey'omugaso yo yennyini wabula amal teba na mugaso nga tewali ilm. Ilm eri waggulu wa aql(magezi). Ekyokwewunda ky'omuntu ebeera ikhlâs. Ekyokwewunda kya ikhlâs, imân. Ekyokwewunda kya

imân, jaanat. Ekyokwewunda kya Jannat: hûrîs, ghilmân na kulaba Jemâlullah (Allâhu ta'âla). Nekirala singa amal kyaali kitundu ku imân, omukyaala ali mu nsonga yaalibadde tasonyiibwa kusaala. Kuba imân tesobola kusonyiibwa. Kiri farz okwoogera **Kalima-i-shahâdat** ekitono ennyo omulundi gumu mu bulamu bw'omuntu. Obujulizi obukakasa ensonga eno busangibwa mu Sûrat Muhammad âya kumi na mwenda. Obukwakkulizo buli buna obulina okutuukirizibwa nga omuntu ayogera Kalima-i-shahâdat: Okukyoogera n'olulimi nga kiva ku ntobo y'omutima. Okutegeera amakulu g'akyo. Okukyoogera nga okakasa. Okukyoogera nga okiwa ekitiibwa. Waliwo emigaso kikumi mu asatu egiri mu kwoogera Kalima-i-shahâdat. Wabula okubeerawo kwebintu bina kusanyaawo ebirunji ebyo byonna. Ebintu ebina ye: Shirk, Shakk (okubusabusa), Tashbîh (okufananiriza) ne Ta'tîl. Shirk kitegeeza okugatta ku Allâhu ta'âla omubeezi. Shakka kitegeeza kubusabusa mu ddiini. Tashbîh kitegeeza okufananiriza Allâhu ta'âla nekitonde ekirala. Ta'til kitegeeza okukkiriza n'ogamba nti Allâh talina buyinza ku kubeerawo kw'ebintu, nti era ebintu bibaawo lwakuba ekiseera ky'abyo ekyokubaawo kiba kituuse. Era asatu ku migaso ekikumi mu asatu aga Kalima-i-shahâdat gawandiikiddwa mu kitabo kino. Wammanga gy'emigaso amakumi asatu, etaano ku jjo ojifuna wano ku nsi, etaano ejiddako ojifuna mu kiseera ky'okufa, etaano ejiddako ojifuna oli mu kaburi, etaano emirala ja mu kifo ekiyitibwa Arasât, etaano emirala nga oli mu muliro n'etaano ejisembayo nga oli mu jjanat.

Emigaso etaano nga oli mu nsi:

1- Erinnya ly'omuntu liyitibwa bulunji.

2- Ahkâm-i-islâmiyya ziba farz ku muntu.

3- Ensingo y'omuntu eba ewonye okujjibwaako n'ekiso.

4- Allâhu adhîm-ush-shânh Ajjakuba musanyufu n'omuntu oyo.

5- Abakkiriza bonna bajja kuba bamwaagala omuntu oyo.

Emigaso etaano mu kiseera ky'okufa:

1- Malakul mawti ajjira omuntu oyo mu mbeera ennunji.

2- Malaika amujjamu omwoyo mpola n'obwangu nga omuntu bwajja oluviiri mu muzigo.

3- Afuna obuwoowo okuva mu jjana.

4- Omwoyo gw'omuntu oyo malaika zigutwaala mu kifo ekya waggulu ddala ekiyitibwa Illiyyîn.

5- Eddoboozi lijja kugamba : owaye ggwe omukkiriza! Ekifo

kyo kiri mu jjanat.

Emigaso etaano nga omuntu ali mu ntaana.

1- Entaana y'omuntu oyo egaziyizibwa.

2- Malaika ababuuza ebibuuzo Munkar ne Nakîr bajja kumubuuza na ddeembe.

3- Malaika ajja kumuyigiriza ekyo ky'aba tamanyi.

4- Allâhu adhîm-ush-shânhu Ajjakuba ategeeza omuntu ekyo ky'tamanyi.

5- Omuntu ajja kuba alaba ekifo kye mu jjanat.

Emigaso etaano nga omuntu ali mu Arasât:

1- Okubuuza n'okubalibwa bijja kuba byangu eri omuntu.

2- Ekitabo kye kijja kumuweebwa mu mukono ogwa ddyo.

3- Emirimo je emirunji jijja kuzitowa okusinga emibi.

4- Omuntu oyo ajja kutuula ku lubalaza lwa Arsh-i-Rahmân.

5- Omuntu oyo ajja kuyita ku lutindo Sirâtwa mu bwangu okusinga ko ekitangaala.

Emigaso etaano nga omuntu ali mu muliro:

1- Omuntu bwaaliba ayingidde omuliro, amaaso ge tegajja kuba ga kakobe nga ag'abantu abalala abagenda okubeera mu muliro.

2- Omuntu oyo tajja kuyomba na Sitani.

3- Omuntu oyo emikono je tejijja kusibwa na mpingu z'amuliro era tajja kusibwa njegere mu bulago.

4- Omuntu oyo tajja kunyweesebwa mazzi gayitibwa Hamîm agookya ennyo.

5- Omunto oyo tajja kubeera mu muliro lubeerera.

Emigaso etaano nga omuntu ali mu jjanat:

1- Malaika zonna zijja kuwa omuntu oyo salâm.

2- Omuntu oyo ajja kuba mukwaano gwa Siddîq.

3- Omuntu oyo janat egeenda kuba nyumba ye emirembe jonna.

4- Allah agenda kumusiima.

5- Omuntu oyo ajja kuweebwa ekyengera ekisinga byonna nga alaba Allâhu ta'âla.

[Qâdhi Zâde Ahmad Efendi (1133-1197 [173 A.D.]) agamba bwaati **Sharh of Âmantu** mu kitabo kye ekiyitibwa **Farâid-ul-Fawâid**: omuliro gulina enkuta musanvu. Omuliro oguli ku buli lukuta mukambwe okusinga oguli ku lukuta oluli waggulu waalwo.

Abasiraamu abalina amazambi amanene bajja kwookebwa ku lukuta olusooka waggulu okumala ekiseera; oluvannyuma bajja kujjibwaayo mu muliro bayingizibwe jjanat. Enkuta omukaaga ezisigadde zaakubeeramu bajeemu abataali basiraamu. Abannafuusi bagenda kubeera ku lukuta olw'omusanvu, olulina ebibonerezo ebisinga obukambwe. Abo beebo abataali bakkiriza abalina ebyenyi ebibiri, nga beebo abegomba abasiraamu naye nga emitima jaabwe jijudde bukaafiir. Abajeemu bwebalimala okwokebwa nebafuuka evvu, bajja kutonderwa emiri emirala ate baddemu bookebwe, embeera eno egeenda kubeerawo mpaka. Ejjanat n'omuliro weebiri. Okusinziira ku basomi abasiraamu, omuliro tegumanyikiddwa kifo weguli. Ate abalala bagamba nti guli wansi ku ntobo y'omusanvu.

EBIFUULA OMUNTU OMUKÂFÎR

Obukâfîr (kufr) bulimu emiteeko esatu: Kufri-inâdî, Kufr-i-jahlî ne Kufr-i-hukmî. Kufri inâdî ye muntu okugaana oBusiraamu nga akimanyi bulunji, ekyokulabirako nga okujeema kwa Abû Jahli Fir'awn, Namrûd ne Shaddâd bi Ad. Kikkirizibwa okugamba nti abantu abo bageenda mu muliro butereevu. Kufri jahl, bano be bantu abatali basiraamu abamanyi nti oBusiraamu diini ya mazima era bwebawulira azân-i-Muhammadî nga esomebwa, bwobagamba nti musiramuke baddamu nti ffe tuli ku nkola ya bazadde baffe. Kufri hukmî, kitegeeza tahqîr (okukkakkanya) mukifo kya ta'dhîm (okugulumiza). Era kikolwa kibi okukkakkanya ababaka, abamanyi nebitabo bye bawandiika. Era kikolwa kya bukaafiiri okwaagala enzikiriza n'emikolo gy'abatali bakkiriza n'okwambala omusalaba. Kufr erina ereeta obulabe bwa mirundi musanvu: eyonoona obukkiriza ne nikâh. Ebisolo ebiriibwa ebisalibwa n'omuntu oyo tebikkirizibwa kuliibwa. Omuntu oyo afuuka wâjib okuttibwa. Omuntu oyo jannat emwesamba. Omuliro gumebeera kumpi nyo. Bwaafa nga ali mu mbeera eyo tebamusaalira swalaatu janâza.

Ekikolwa ekirala eky'obukâfîri, kwe kwegomba ebintu ebyaaziyizibwa mu Busiraamu nti "singa byaali halâl, nembikola!" okugeza;obwenzi, enguzi, okulimba. Singa omuntu agamba nti nzikiriza nabbi Muhammad alaihi salam naye simanyi oba Âdam alaihi salam yali nabbi, afuuka mukaafiiri. Omuntu atakakasa nti nabbi Muhammad alaih salam ye nabbi asembayo abeera mukaafiiri. Nga abamanyi abasiraamu bwe bagamba nti, singa omuntu agamba: "Singa ababaka alaih-us-salawât-u-wa-t-taslîmât

byebagaamba bituufu, awo tuwonye," abeera mukaafiiri. Birgiwî rahmatullâhi alaih agamba: Singa omuntu oyo ayogera ebigambo ebyo lwa kubusabuusa aba akafuwadde. Takaafuwala singa aba ayogedde mu ngeri ya kumatiza nsonga. Abamanyi abasiraamu baagamba nti singa omuntu ayitibwa okugenda okusaala mu jjama naye naddamu nti tajja kujja abeera akaafuwadde. Wabula takaafuwala singa akyoogera nga ategezaamu nti sijja kusaala lwakuba mumpise. Njakukikola lwakuba Allâhu ta'âla yakiragira. Mateeka geegamu gakola ku Sunna z'omubaka zonna. Okugeza nga okusenya nga okozesa Miswâk (omuswaki ogw'omuti) nga ogenda okufuna wudhu. Hadrat Birgiwî akkaatiriza ensonga eno bwaati: "Bujja kuba bukaafiiri omuntu okugaana ekikolwa kya Sunnat. Naye tebuba bukaafiiri omuntu bwaaba ategezaamu nti sijja kukola lwakuba olagidde wabula njakukola lwakuba Sunnat ya Rasûlullah. [Yûsuf Qardhâwî annyonyola bwati mu kitabo kye ekiyitibwa **Al-halâ wa-l-harâm fi-l-islâm**: yakozesa hadîth okuva mu kitabo ekiyitibwa **Bukhârî-isharîf** oba **(Jâmi-isahîh)** esoma bweti: **"Temweeyisa mu mbeera eyawukana ku bashirk! Mukuze ebirevu! Mukendeeze kakobe (amasulubu)!"** hadîth eno egaana oksala ebirevu. Abantu abasinza omuliro baali bakendeeza ebirevu byaabwe. Abamu baali basala basalira ddala ebirevu byaabwe. Hadiith eno etukubiriza okuba nga tetukola nga bbo obutabafaanana. Abamanyi ba Fiqh abamu bagamba nti hadîth eno etulaga nti kiri wâjib okukuza ekirevu era nti harâm okusala ekirevu. Omu ku bbo ye Ibni Taymiyya, yawandiika ebitabo ebiwerako nga avumirira ekikolwa kyokusala ekirevu. Ate abamanyi abamu bagamba nti okukuza ekirevu nkola ya buwangwa, si nkola ya kusinza. Mu kitabo ekiyitibwa **Fat'h** Iyâd agamba nti okusala ekirevu kuli makrûh bwooba tolina udhr.

Tekisoboka kugamba nti hadîth eno eraga nti kiri wâjib okukuza ekirevu. Kuba kyayogerwa mu hadîth endala: **"Abayudaaya n'abakristaayo tebabyuula nviiri na birevu. Temubafaanana mukole kinnyume kyaabwe!"** mu njogera endala hadiith egamba kumyuula birevu na nviiri. Hadiith eno teraga nti kiri wâjibu okumyuula enviiri nekirevu. Wabula eraga nti kiri mustahabu okukikola. Okugeza baswahaaba abamu basiiga enviiri zaabwe nebirevu dye. Wabula ate abamu tebaakikola. Singa kyaali wâjib bonna baalibadde bakikola. Okunnyonyola kwa Qardâwî kukomye wano. Ku ntandiikwa yekitabo kye Qardâwî awandiika bwati yagatta nga ensomesa ya Fiqh eya aMadhahab gonna âna kuba nti sikyangu okwekwaata ku madhhabu ag'omulundi ogumu. Abamanyi ba Ahl as-Sunnat bagamba nti buli musiraamu alina

okugoberera erimu ku madhhabu âna.

Hadrat Abdul-Haqq-i-Dahlawî rahmatullâhi ta'âla (958 [1551 A.D.]-1052 [1642], Delhi) agamba bwati mu kitabo **Eshi'atul-lam'ât**: abamanyi b'oBusiraamu baagoberera buwangwa bwa kitundu mwe baali bawangaalira ku bikwaata ku kusiiga enviiri nebirevu dye. Kuba kyaali kirabika bubi omuntu obutagoberera buwangwa bwe ku bintu ebiri mubâh. Muhammad bin Mustafâ Hâdimî rahimahullâhu ta'âla (yafa 1176 [1762 A.D.], Hâdim, Konya, Turkey) agamba mu kitabo kye **Berîqa**: kyayogerwa mu hadîth-i-sharîf: **Tokuza kakobe (masulubu) go kuza kirevu.** N'olweekyo kyagaanibwa omuntu okusala ekirevu. Kiri sunnat okukuza ekirevu. Sultân bwalagira ekintu ekiri sunnat, nebwekiba ekintu ekyo nga kiri mubâha, kifuuka wâjib okukikola. Mu bifo nga ebyo kiba wâjib omuntu okukuza ekirevu. Omuntu asala kirevu, takkirizibwa kubeera imâm wa masjid na kukulembera bantu mu sswala. Wabula mu Dâr-ul-harb kikkirizibwa tugeze nga bagambye olina okusala ekirevu bwogaana ogenda kubonerezebwa oba ojja kugobwa ku mulimu. Bwoba tolina udhr kibeera makrûh okukikendeeza oba okukisala. Singa omuntu asala amasulubu ate omuntu omulala namugamba namugamba nti "kyokoze si kituufu," jebujja omuntu oyo ayinza okufiirwa imân ye. Kuba kiri sunna okukendeeza ku masulubu. Singa omuntu ayambala siliki omubiri gwe gwonna, omuntu omulala amulabye namugamba "olugoye lukunyumire," kitiisibwa nti omuntu oyo ayinza okufiirwa imân mu maaso. Omuntu singa ayogera ebigambo nga bino, "Singa Allâhu ta'âla ampa ejjana, sijja kuyingira nga siri naawe," oba "Singa ndagirwa okuyingira ejjana negundi negundi, sijja," oba "Singa Allâhu ta'âla ampa ejjana, sijja kujaagala wabula njakwaagala kulaba bulunji Bwe" ebigambo ebyo bya bukâfiir okunsinziira ku bamanyi. Abamanyi bagaamba nti singa omuntu agamba oyo afiiriddwa omwaana we, "omwaana wo agenze wa Allâhu ta'âla" abeera akaafuwadde. Era baagamba nti omuntu bwagamba "Bisimillah...," nga ali mukulya emmere eri harâm afuuka mukaafiiri. Abamanyi bagamba, singa omuntu agamba,"Bismillah," nga bwaalya emmere jaanyaze. Emmere yyo tebeera harâm. Naye ekikolwa kyokunyaga kye kibeera harâm." Singa omuntu akolima munne nti "Allâhu ta'âla akutte nga oli mukaafiiri," abamanyi tebeegatta kugamba nti omuntu oyo aba akaafuwadde. Abamanyi abamu bagamba nti kikolwa kya bukaafiiri okukakasa nti gundi mukaafiiri.

Singa omuntu agamba, "Allâhu ta'âla akimanyi nti saakoze kintu ekyo neekyo," nga ate kennyini akimanyi nti yakikoze,

afuuka mukaafiiri. Kuba aba akakasizza Allâhu ta'âla nti tategeera. Singa omusajja awasa omukyaala nga tewali bajulizi, oluvannyuma nebagamba nti Allâhu ta'âla ne omubaka we beebajulizi baabwe, bombi baba bakaafuwadde. Kuba Nabbi sall-Allâhu ta'âla alaihi wa sallam yali tamanyi ghaib (ebyekweese) nga akyaali mulamu. Bukaafiri okugamba nti amanyi ghayb. Singa omuntu agamba nti nze ntegeera ebintu ebibbe nebyebakweese gyebiri, kennyini naabo abamukkirizza bafuuka bakafiiri. Ate bwaagamba nti amajinni geegamubuulira, akaafuwara ate. Kuba ba nabbi n'amajinni tebamanyi ghayb. Allâhu ta'âla yekka yamanyi ghayb.

Omuntu agamba nti, "nga kirunji nyo obutasaala," afuuka mukaafiir. Nga bwekyayogrewa n'abamanyi abasiraamu nti, singa omuntu agamba munne. "jangu tugeende tusaale," gwebagambye naddamu nti, "swala enzibuwalira okusaala," aba akaafuwadde.

Singa omuntu agamba, "Allâhu ta'âla mu ggulu yemujulizi wange," akaafuwala, kuba aba akakasizza nti Allâhu ta'âla alina ekifo. Era omuntu ayita Allâhu ta'âla 'taata' akaafuwala.

Singa omuntu agamba nti, "Rasûlullah sall-Allâhu ta'âla alaihi salâm yali akomba engalo ze nga amaze okulya" ate omuntu omulala naddamu nagamba nti ezo mpisa mbi, omuntu oyo aba akaafuwadde.

Singa omuntu agamba nti okubeera omukulisitu kisinga okubeera omuyudaay, oba okuba omukaafiri omumerika kisinga okubeera omukominisit, akaafuwala. Omuntu alina kugamba nti omuyudaaya mubi okusinga omukulisitu.

Omuntu bwagamba nti okubeera omukaafiiri kisinga okulya mu nsi olukwe, akaafuwala.

Singa omuntu agamba, "binkwaatirako wwa okugenda mu lukungaana lwa ilm," oba "yenna agoberera abamanyi abasiraamu bye bagaamba," oba nagamba "ebigambo bya abanaddiini si birunji, akaafuwala.

Singa omuntu agamba oyo gwavunaana nti "tugeende mu koti ya Shariya" gwebagambye naddamu nti, "sisobola kugeenda eyo okujjako nga police entutte" abeera akaafuwadde.

Singa omuntu ayogera ebigambo ebikaafuwaza, abaliwo nebaseka, bonna bakaafuwala.

Omuntu bwagamba nti emyoyo ja bamaseeka abaafa weejiri obudde bwonna era gimanyi ebigeenda mu maaso, akaafuwala.

Omuntu bwagamba nti "nze saagala Busiraamu era sibumanyi" akaafuwala.

Omuntu singa agamba nti, “Âdam alaihi salam singa teyala kibala kyaamugaanibwa, twetwaalibadde bonoonyi” akaafuwala. Wabula abamanyi tebegatta kugamba nti ava mu ddiini singa agamba nti, “tetwalibadde ku nsi kati.”

Omuntu singa agamba nti, “Âdam alaihi salam yali atunga engoye ate omuntu omulala nagamba, “Ekitegeeza tuli baana ba mutunzi,” oyo ayogedde ekyo abeera avudde mu ddini.

Omuntu bwakola ekisobyo ekitono mu ddiini nga asobola okusonyiibwa, nebamugamba okukola tawba, wabula ye naddamu nti, “musango ki awo gwenkoze ndyooke nkole tawba” abeera avudde mu ddiini.

Omuntu bwagamba munne nti “jangu tugeende eri omumanyi w’oBusiraamu tusome” oba “Tusome ebitabo bya Fiqh ne Tafsîr tusobole okuyiga eddiini” wabula gwebagambye naddamu nti, “ebyokusoma binkwaatirako wwa” aba avudde mu ddiini.

Omuntu bwaaba tamanyi kwaanukula bibuuzo nga, “muntu ki eyasooka?”, “oli wa ddiini ki?” “oli wa madhhab ki?” nga bamubuuzizza, aba avudde mu ddiini.

Singa omuntu addira ekintu ekiri “harâm qat’iyya” okusinziira ku bamanyi nga okugeza nga omwenge n’embizzi, naabiyita “halâl” oba ebiri “halâl qat’iyya” naabiyita harâm aba avudde mu ddiini.

Kikolwa kya bukafiiri okwegomba nti ebintu ebimu ebiri harâm singa byafuulibwa halâl, nga; obwenzi, okusiyaga, okugaba enguzi. Kikolwa kya bukafiiri okuzannyira mu Qur’ân al-karîm. Omuntu bwagaamba omu gwebayita Yahyâ, **“Yâ Yahyâ! Huz-il-kitâba,”** abeera avudde mu ddiini. Kuba aba azannyidde ku Qur’ân al-karîm. Amateeka ge gamu agakola ne kukusoma Qur’ân al-karîm nga enyimba, ebivuga n’amazina nga bigeenda mu maaso.

Kyabulabe nnyo okugamba, “ntuuse kati, Bisimillâh.” Omuntu bwalaba ekintu ekimweewuunyisa naagamba nti, **“Mâ khalaqallah,”** nga tamanyi makulu ga kigambo eky aba avudde mu ddiini.

Kyabulabe okugamba omuntu nti, oli bukunya nga ennyana ya Jibrîl. Kuba kiba kitegeeza nti ozannyidde ku Malaika.

Kiri harâmu okulayira mu linnya eritalilya Allâhu tabâraka wa ta’âla. Era omuntu bwalayira ku mutwe gwa mutabani we oba kugugwe nga akozesa erinya lya Allâhu ta’âla, okugeza, bwagamba nti: “Wallahî ku lwomutwe gw’omwaana wange, kigambibwa nti kimuviirako okuva mu ddiini.

AHKÂM-I-ISLÂMIYYA (Ennamula Z'obusirâmu)

Ebiragiro nebyaaziyizibwa mu ddiini y'obusirâmu biyitibwa **Ahkâm-i-islâmiyya** oba **Busirâmu**. Ahkâm-i-islâmiyya erina ennyingo munaana: **Farz, wâjib, sunnat, mustahab, mubâh, harâm, makrûh** ne **mufsid**. Farz ge mateeka ga Allâhu adhîm-ush-shânhu. Era nga amateeka gano malambulukufu mu âyat za Qur'ân al-karîm. Omuntu yenna singa agawakanya oba omuntu agayaalirira okuteeka mu nkola, aba avudde mu ddiini. Ebyokulabirako ku mateeka ga Allâhu ta'âla agali farz byeebino: Îmân, okusoma Qur'ân, okusâla, okufuna wudhu, okutoola zakat ku muntu alina emmaali, okukola hijja ku muntu alina obusobozi, okunaaba janaba. Farz erina emiteeko esatu: **Farz-i-dâim, Farz-i-muwaqqat ne Farz-i-kifâya**. Farz-i-dâim kwe kukwaaata empaji z'obukkiriza zonna ezitandika ne **âmantu billâhi...**, ku mwoyo, okuzitegeera amakulu gaazo n'okukkiriza. Farz-muwaqqat, gee mateeka ateekebwa mu nkola nga ekiseera kyaago kituuse. Ekyokulabirako, ze sswala ettaano zetusaala buli lunaku, okusiina omweezi omutukuvu ogwa Ramadhân, okutoola zakat. Farz-kifâya, ge mateeka nga omuntu omu amalira abantu abalala. Ekyokulabirako, okusaalira omufu swalâtu janâza, okunaaza omufu, okuddamu salâm nga muli wamu, okubeera hâfidh (okukwaata Qur'ân), okukenkuka mu lulimi oluwarabu.

Era waliwo farz endala taano nga ziri munda mwa farz. Nga zeezino: Ilm-i-farz, amal-i-farz, miqdâr-i-farz, i'tiqâd-i-farz, ikhlâs-i-farz ne inkâr-i-farz. Inkâr-i-farz buba bukaafiiri.

Wâjib teeka lya Allâhu adhim-ush-shânhu. Wabula amateeka ago simangu ga kutegeera. Omuntu bwagaamba nti eteeka lino teriri wâjib aba tavudde mu ddiini. Naye ate okugaaana okuliteeka mu nkola kiviirako omuntu okufiirwa empeera. Ekyokulabirako: okusoma Qunût nga osâla witir, okusala adhâhi, okutoola zakât-ul-fitir mu mwezi gwa Ramadhân n'okuvunnama **Sajda-i-tilâwat** nga osoma oba okuwuliriza Qur'ân al-karîm. Wâjib erina wâjibu endala nnya ne farz emu: ılm-i-wâjib, amâl-i-wâjib, miqdâr-i-wâjib, itiqâd-i-wâjib ne ikhlâs-i-farz.

Sunnat by'ebintu Rasûlullah sall-Allâhu alaihi wa sallam bye yali akola naye naatabifuula tteeka okukolebwa. Omuntu bwaaba abikoze afunamu empeera naye ate oli aba tabikoze tafuna musango. Ekyokulabirako: okusenya nga okozesa ekiti, okussala swala mu jamat. Sunnat erimu ebika bisatu: Sunnat-i-muakkada, Sunnat-i-ghayr-i-muakkada ne Sunnat-i-ala-l-kifâya.

Ebyokulabirak bya Sunnat-i-muakkada byeebino: sunnat nga

omaze okusaala swala y'okumakya, sunnat nga tonnasaala dhuhur, sunnat nga tonnasaala aswir ne sunnat ku swala z'ekiro. Sunnat zino ziyitibwa sunnat-i-muakkada. Waliwo abamanyi b'oBusiraamu abagamba nti sunnat za swala y'okumakya eri wâjib.

Ekyokulabirako ekya sunnat-i-ghayr-i-muakkada byeebino: sunnat oluvannyuma lwa dhuhur ne sunnat nga tonnasaala swala ya isha. Okubeera nga tozisaala okumala ekiseera tofuna musango. Naye ate, bwoziviirako ddala, kikuleetera okusubwa okuwolerezebwa ku lunaku lwa kiyâma.

Nga bwekyawandiikibwa mu **Halabî** ne mu **Qudûrî**, okusinza kulina emiteeko ebiri: **Farâidh** ne **Fadâil**. Ebintu ebikolebwa mu kusinza naye nga tebiri farz oba wâjib,biyitibwa **fadâil** oba **nâfila**. Sunna ezisaalibwa oluvannyuma lwa swala ettaan ezabuli lunaku ziyitibwa nâfila, nga zijjuuliriza obwo obusobi sobi obuba buyitidde mu swala eza farz. Nate ate kino kireme kutulowoozesa nti swala ya sunna eyinza okusaalibwa mu kifo kya swala eya farz eba ekuyiseeko. Yadde nti swala ya sunnat eyinza okukuwonya ekibonerezo kyoyinza okufuna olw'okuleka swala eya farz. Esswala ya sunnat esaalibwa omuntu oyo aba alese swala ya farz tebeera sahihi. Niyyat (okumalirira) kintu kikulu nyo nga osaala sunnat. Singa tojjuza niyyat tofuna mpeera mu sunnat gyobeera osadde.

Sunnat-i- ala-l-kifâya ye sunnat nga omuntu omu bwaaba ajikoze kimalira abantu baalinabo abasigadde. Okugeza okutoola salaam nokuddamu, omu bwatoola salaamu oba naddamu kimalira baali nabo abasigadde.

Singa omuntu atandiika okulya nga tatodde Basmala-i-sharîf, omuntu oyo afuna ebizibu bya mirundi esatu: 1- Sitani emwegattako mu kulya nebagabana emmere. 2- emmere jaalidde effuka obulwadde mu mubiri gwe. 3- emmere jaalidde tebeeramu barakat (mikisa).

Ate singa atandiika okulya oluvannyuma lw'okutoola Basmala-i-sharîf, emmere ajifunamu emigaso esatu: 1- Sitani tajja kumusemberera nga alya era tajja kugabana ku mmere eyo. 2- emmere jaalidde ejja kufuuka ddagala mu mubiri gwe. 3- emmere ejja kubeeramu emikisa. Omuntu bweyeerabila okutoola Basmala nga tannatandiika kulya, kirunji ajitoole wonna wajjukirira.

Mustahab kitegeeza ekintu Rasûlullah sall-Allâhu alaihi wa sallam kyeyakola omulundi ogumu oba emirundi emitono mu bulamu bwe bwonna. Omuntu bwaaba takikoze tafuna musango

era tajja kubonerezebwa. Okugeza nga okusaala swala eziri nâfila, okusiiba okuli nâfila, okukola umra, okukola hijja.

Mubâha kye kintu kyofunamu empeera bwoba okikoze naye nga tofunamusango bwotakikola. Okugeza nga okulya daaku mu Ramadhân.

Harâm kye kintu Allâhu adhîm-ush-shânhu kye yaziyiza mu Qur'ân al-karîm. Omuntu bwaakola ekintu ekiri harâm nga ate akimanyi nti kiri harâm, tava mu ddiini wabuula abeera fâsiq (mwonoonefu).

[Ibni Âbidîn rahima-hullâhu ta'âla ayogera bwaati ku imâmu omwonoonefu: "Tosaalila mabega wa imâm fâsiq (mwonoonefu) swala ya jamâ'at. Fâsik kitegeeza; omusirâmu akola amazambi amanene nga okunywa omwenge, obwenzi, okulya enguzi, okubba, okuloga, okutta nebirala. Omuntu omwonoonefu takkirizibwa kuweebwa mulimu gwa bwa imâm. Era kiri wâjib okwawukana ku imâm bwaaba fâsiq (mwonoonefu). Omuntu nebwaaba musomi wa ddiini naye nga fâsiq, takkirizibwa kuweebwa bwa imâm. Okwewala harâm kiyitibwa **taqwâ**, okwewala ebintu ebibusibwa busibwa oba biri halâl oba biri harâm kiyitibwa **wara'**. Omuntu bwafuuka omukkiriza nga abadde awangaalira mu Dâr-ul-harb, kiri wâjib ku muntu oyo okuvaayo ageenda mu Dâr-ul-islâm."]

Harâm erimu emiteeko ebiri: ogusooka **harâm li-aynihi**, ate omulala **harâm li-ghayrih**. Harâm li-aynihi abeera harâm ebiseera byonna. Okugeza nga obwenzi, okusiyaga, okunywa omwenge, zaala, okulya embizzi, abakyaala n'abawala okufuluma ebweeru nga emitwe jaabwe, emikono n'amagulu nga biri bweeru.

Harâm li-ghayrihi ky'ekintu ekifuuka harâm olwokuba kifuniddwa mu makubo ga harâm naye nga kyo tekiri harâm kulwaakyo. Okugeza nga okugenda mu nnimiro y'omuntu n'onoga ebibala n'obirya nga tosabye nyini byo lukusa. Omuntu bwatwaala ekintu kya munne mu bulyazamaanyi nga yadde kirina obuzito obwenkana n'empeke y'akalo, ku lunaku lwenkomerero Allâhu ta'âla agenda kujja ku muntu oyo empeera za rak'at lusanvu ezesswala ezasaalibwa mu jamâat nezikkirizibwa ne Allâhu ta'âla.

Makrûh kitegeeza ekintu ekitamwa era ekisobola okwonoona empeera z'omuntu zaaba afunye nga akoze omulimo omulungi. Makrûh erimu emiteeko ebiri: Karâhat-i-tahrîmiyya ne Karâhati-tanzîhiyya (makrûh tahrîmî ne makrûh tanzîhî).

Karâhat-i-tahrîmiyya kwe kugayaalirira ekintu ekiri wâjib.

Makrûh eno eli kumpi nnyo ne harâm. Ate Karâhat-i-tanzîhiyya kwe kugayaalirira ebintu ebiri sunna. Singa omuntu akola ekintu ekiri Karâhiyyati-tahrîmiyya, afuuka mujeemu ate abeera mwonoonefu singa aba akikoze mu bugenderevu. Asaana okubonerezebwa mu muliro. Ekyo bwabeera akikoze nga asaala, aba alina okuddamu okusaala swala eyo. Bwakikola mu kwerabira aba alina okukola sujûd sahaw. Awo kiba tekimukakato kuddamu swala eyo.

Mufsid kibeera kintu ekyonoona emirimu gy'omuntu emirunji. Okugeza: kyonoona imân y'omuntu oba swala oba nikâh oba hajj oba zakkat oba okugula n'okutunda.

Omusirâmu atuukiriza ebintu ebiri farz, wâjib ne sunnat ate neyeewala ebikolwa ebiri harâm ne makrûh ajjakusasulwa **thawâb** (empeera) mu bulamu obuddako. Singa omuntu akola ebintu ebiri harâm ne makrûh oba singa agayaalirira farz ne wâjib, ajja kuwandiikibwaako nti mwonoonefu. Empeera omuntu zaafuna nga yewaze harâm zisinga zaafuna nga akoze farz obunji. Empeera omuntu zaafuna nga akoze farz singa zaafuna nga yewaze makrûh ate zaafuna nga yeewaze makrûh zisinga zaafuna nga akoze sunnat. Ebintu ebiri mubâh Allâhu ta'âla byayagla biyitibwa **Khayrât** ne **hasanât**. Newankubadde omuntu abeera akoze ebintu ebyo asasulwa empeera, empeera ezo tezisiinga mpeera za sunnat. Okukola omulimu nga oyagala kufunamu mpeera bakiyita **qurbat**.

Allâhu ta'âla olwokuba wa kisa nnyo eri abaddu Be, yabasindikira amadiini, nga y'ensibuko y'obutebenkevu n'okweeyagala. Eddiini esembayo ye ddiini ya Muhammad alaihi salaam. Diini ziri endala zaakyuusibwa na abantu abakyaamu. Singa omuntu abeere nga musirâmu oba si musirâmu, bwawangaala obulamu nga eddiini eno bwegaamba tajja kufuna kunyigirizibwa mu nsi muno. Naye ate olunaku lwenkomerero tajja kufunamu mpeera singa aba si mukkiriza. Naye omusirâmu bwagondera amateeka g'obusirâmu ajja kufuna essanyu eritaggwaawo ku lunaku lwenkmerero.

EMPAJI Z'OBUSIRÂMU

Obusirâm bwaazimbibwa ku mpaji ttaano. Esooka kuba kwoogera Kalima-i-shahâdat, okuyiga n'okukkiriza amakulu gaakyo. Empaji ey'okubiri, kuyimirizaawo namâz (swalat) ettaano buli lunaku mu biseera byaazo. Ey'okusatu, kuba kussiba mwezi gwa Ramadhân. Ey'okuna kuba kujja zakât mu mâli yo buli mwaaka nga otuusizza ekiseera. Ey'okutâno, kukola hijja

omulundi gumu mu bulamu ku muntu alina obusobozi. Okutuukiriza empaji zino ettaano Allâhu ta'âla Zeyalagira, n'okuleka ebyo bye yagaana ebiyitibwa harâm, kye bayita **okusinza**. Tekikkirizibwa musirâmu kukola kintu kiri nâfila ekiyinza okumuviirako okukola bid'at oba harâm. Hadrat Imâm Rabbânî quddisa sirruh mu baluwa ye eya abiri mu omwenda, kikumi abiri mu ssatu ne kikumi abiri mu nnya, ne (Abdullah Dahlawî quddisa sirruh) mu baluwa ye eya abiri mu mukaaga mu kitabo **Maqâmât-i-Mazhariyya**, tebakkiriza Hijja oba Umrah eza nâfila. (Afîf-ud-dîn Abdullah bin Es'ad Yâfîf rahmatullâhi ta'âla alaihi yazaalibwa mwaka gwa 698 [1298 A.D], mu kibuga Yemen yafa mwaka gwa 768 [1367], mu kibuga Makka, agamba bwatti nga annyonyola amadaala ga **'Zuhd'**, agamu ku madaala agayitibwa maqâmât-i-ashara (amadaala ekkumi) mu kitabo kye **Nashr-ul-mahâsin-il-ghâliyya**: "Imâm Nawawî, omumanyi w'obusirâmu omukukuutivu bweyabuuzibwa: 'otuukiriza sunna zonna. Wabula waliwo sunna enkulu gyogayaalirira, nga si ndala wabula sunnat ya nikâh' yaddamu bwati, 'ntya nti nyinza okukola ebiri harâmu ebinji nga nkola sunnat emu.'" Imâm Yahyâ Nawawî yafiira mu kibuga Damascus mu mwaka 676 [1277 A.D.]. Polofesa Habîb-ur-Rahmân omukulembeze wa **Jâmi'ai-habîbiyya** e Pakistân, yageenda okukola hijja mu mwaka 1401 [1981 A.D.]. Naye bweyalaba nga imâm asaaza swala ya jamâat akozesa muzindaalo, yagaana okusaala nabo nasaala yekka. Awo wennyini baamukwaata nebamussaako empingu nebamutwaala mu kkomera ne bamubuuza lwaki teyasadde mu jamâat. Kati ye bweyaddamu nti tekikkirizibwa muntu asaaza jamâat kukozesa muzindaalo, baamugaana okukola hijja era baamutikka nebamukomyaawo.

Ekintu ekisooka ekikakata ku muntu, mu kifo wonna waali mu nsi, kubeera nga asoma eddiini ye n'obukkiriza. Edda, kyali kyangu okusoma eddiini okuva ku basomi abasirâmu. Naye mu biseera byetulimu bino, tewali woyinza kusanga mumanyi wa busirâmu. Abantu abasiru abatendekebwa n'abangereza abalabe b'obusirâm bali buli wamu mu linnya ly'eddiini. Engeri yokka okusobola okuyiga imân obuluunji sawa zino, kubeera nga osoma bitabo ebyawandiikibwa amanyi ba Ahl as-Sunnat. Okufuna ebitabo bino guba mukisa munene nnyo okuva ewa Allâhu ta'âla. Abalabe b'obusirâmu basaasanya ebitabo ebifu by'eddiini nga bagenderera okubuza abavubuka, ku lwensonga eyo kati kizibu okusanga ebitabo ebituufu eby'eddiini. Abavubuka basikirizibwa nemizannyo egitalina mugaso ebimala nebigaana okulowooza ku soma ebitabo ebituufu eby'eddiini. Kikwaasa ennaku okulaba nga

ennaku zino abavubuka tebalina kyebalowoozaako kirala okujjako emizannyo. Endwadde eno yasaasaana mu bavubuka. Kyamakulu nnyo kubuli muzadde omusirâmu okulabika nga alwaana butaweera okukugira abaana baabwe eri endwadde eno namuzisa. Mu kukola kino balina okutegeeza abaana baabwe ebikwaata ku nzikiriza yaabwe nokubakuutira okusoma ebitabo byeddiini. Era balina okukuuma abaana baabwe ku bintu abyobulabe. Bwotunuulira osanga nga abaana banji aba mikwaano gyaffe nga babuutikirwa emizannyo jino ejobulabe nga beerabira n'okulya nga bazannya. Tekisoboka kubaana nga abo okusoma wadde ebitabo byessomerookusobola okuyita ebigezo. Abazadde balina okukubiriza abaana baabwe okusoma ebitabo byeddiini nga **Ethics of Islam** (empaji z'obusirâmu). Omuntu asoma ekitabo ekyo tamanya diini ye kyokka wabula era asobola okumanya enkwe za abalabe b'obusirâmu era nengeri gyebakikolamu. Singa abazadde bagayaalirira obuvunaanyizibwa bwaabwe buno, gugenda kujja omulembe gw'abavubuka abatalina ddiini olwo gutuuse obulabe ku nsi yaffe n'abantu.

Ensonga endala abazadde jebalina okussaako essira y'ensonga ya 'satr-i-awrat' okubikka obwereere nga kino kyanyonyolwa mu bujjuvu mu kitabo **Endless Bliss** (okwesiima okutaggwaawo). Abaana si baabulenzi bokka wabula n'ab'obuwala bangi ennaku zino balabibwa nga bayita bukunya nga emitwe, emikono namagulu bibeera bweeru. Nga kiri farz ku muntu okubikka obwereere bwe. Abantu abatatwaala bukulu bwa nsonga eno bayinza okufiirwaimân zaabwe. Abasiraamu balina okugeenda mu mizikiti nekigendererwa kyokufuna empeera okuva mu swala zaabwe n'okuwuliriza okubuulirirwa. Nga ojjeeko emigaso gino, waliwo empeera nyinji nyo omuntu zaafuna nga agenze ku muzikiti. Omuzikiti tegusobola kukungaaniramu bantu abatambadde nga abo. Kuba olwo luba lukungaana lwa bwonoonefu. Byawandiikibwa mu bitabo byonna ebya abamanyi b'oBusiraamu nti kiri har'am okugeenda ku nkungaana z'obwonoonefu. Abantu abageenda mu bifo nga bino bafuna omusaango. Abantu abatambadde bulunji bwebageenda mu muzigiti bafunyisa abalala emisango.

OMULYANGO GWA NAMÂZ (ESSWALA)

Namâzi (esswala) erina farz kumi na bbiri: musanvu ku zzo ziri wabweeru wa swala ate ttaano zibeera mu sswala. Farz ezibeera wabweeru wa sswala zeezino: Tahârat (okwetukuza) okwejjako obukyaafu; okweetukuza; satr-i-awrat (okubikka obwereere),

istiqbâl-i-qibla (okutunula mu kibla); duhûl-ul-waqt (ekiseera okutuuka); niyyat (okumalirira); takbîrat-ul-iftitâh (takbîr eggulawo). Farz eziri munda mu sswala zeezino: Qiyâm (okuyimirira); qirâat (okusoma alifâtiha); rukû (okukotama) buli rak'at; sajda (okuvunnama mu buli rak'at); tashahhudu (okutuula wakati wa envunnama ebbiri). Farz ez'omuswala ziyitibwa **rukun**. Kiri farz okuteeka ekyeenyi ku ttaka nga oli ku sajda.

Tahârat min hadath kitegeeza okweetukuza nga ofuna wudhu ku muntu aba talina wudhu, okunaaba singa omuntu abeera ne janaba, n'okutayammama (okusaaba enfuufu) omuntu bwaaba ayagala okufuna wudhu oba ghusul (okunaaba) naye nga talina mazzi. Ebintu bisatu ebyetaagisa okwejjako najâsat: okutukuza engoye zoogenda okusaaliramu. Okutukuza omubiri nga ogeenda okusaala. Okutukuza ekifo wogeenda okusaalira.

Ebintu bisatu ebyetaagisa okutuukiriza nga obikka obwereere (satr-i-awrat): okusinziira ku Madhhabu ga Hanafi, ku musajja alina okubikka ebitundu byomubiri gwe okuva ku kkundi okutuuka wansi ku maviivi. Kiri sunnat ku basajja okubikka amagulu gaabwe mu kiseera nga basaala. Ku mukyaala alina okwebikka yenna kuba talina kwolesa mubiri gwe nga ojjeeko amaaso nemikono. Ku bakyaala abali mu tuluba lya abazaana balina okubikka emibiri jaabwe okuva waggulu okutuuka wansi ku bigere. Abakyaala abafuluma nebatambula nga boolesa emitwe jaabwe, emikono n'amagulu oba nebambala obugoye obumpi nga bubakwaata, n'abasajja ababatunuulira bonna bafuna omusango kuba baba bakoze ekintu ekiri harâm. Omuntu bwatafaayo nasuulayo ogwa naggamba nga tayagala kumanya oba kiri harâm oba tekiri, omuntu oyo aba avudde mu ddiini.

Ebintu biri bisatu ebyetaaga okutuukiriza bwooba okula istiqbâl-ul-qibla: olina okukyuuka n'otunula mu Qibla. Ekifuba kyo kirina okutunula mu Qibla okutuusa nga swala ewedde. Okubeera omukakkamu nga oli mu dîwân-i-ma'nawî ya Allâhu adhîm.

Ebintu biri bisatu ebyetaaga okutuukiriza nga ekiseera kya swala kituuse. Omuntu olina okumanya ekissera kya namâz kitandika ddi era kiggwaako ddi. Tolina kulindiriza namâz kutuusa kiseera kiri makrûh kusaaliramu wekitandikira.

Niyyat kitegeeza kumanya mu mutima nti swala jengeenda okusaala eri farz oba wâjib oba sunnat oba mustahabb, n'okubeera nga olekera okulowooza ku bintu by'ensi. Okusinziira ku Imâm A'zam (Abû Hanîfa) swala ya Witir eri wâjib, ate okusinziira ku ba imâm ababiri (Imâm Abû Yusuf ne Imâm Muhammad) swala ya

Witir eri sunnat, ate okusinziira ku madhhab ga Imâm Mâlik ne Shâfi'î swala ya Witir eri sunnat. Kikkirizibwa ku muntu agoberera amadhhab ga Mâlik okuleka Witir singa aba alina haraj.

Takbîr-i-iftitâh ekolebwa abasajja nga basitula ebibatu byaabwe okutuusa ku matu nga nemitima jaabwe mikakkamu kuba bali mu swala.

Ebisaana okutuukiriza nga omuntu ali ku Qiyâm biri bisatu: alina okuyimirira nga atunudde mu Qibla, amaaso ge galina kutunula wagenda kuteeka kyenyi nga avunnama, nokubeera nga tomagamaga, tokyukakyuuka nga otandiise okusaala.

Mu kiseera kya Qirâat, ebintu bisatu byetaagisa: olina okusoma mu lwaatu singa swala jossala eba yakusoma mu lwaatu, nokusoma mu kyaama singa swala joosaala si yakusoma mu lwaatu, nokusoma nga oyatuza bulunji ebigambo. Okulowooza nokutegeera amakulu ga âyat za Qur'ân al-karîm z'osoma. Okugoberera amateeka ga Tajwîd nga osoma. Takbîr esomwa nga swala etandiika n'ebisigadde byonna ebisomwa mu swala nga kwotadde n'okwaziina birina kuba mu lulimi luwarabu. Okumanya okubisoma obulunji nengeri yokubyaatuza mu luwarabu olina kusoma okuva ku hâfidh amanyi oBusiraamu era nga agoberera amateeka agali mu bitabo bya Madhhab gaagoberera. Âyat za Qur'ân al-karîm ezawaandikibwa nga bakozesa nukuta eza olulatini tezisobola kusomwa mu mutuufu bwaazo. Okuzisomera mu nukuta ezo mubeeramu ensobi. Kisoboka okukozesa nukuta zolulatini bwoba okola tafsîr. Buli Musirâmu alina okuyiga okusoma nukuta zolusirâm alyoke asobole okuyiga okusoma Qur'ân al-karîm n'okusaala obulunji. Singa osoma âya za Qur'ân bukyaamu swala teba ntuufu.

Byawandikibwa mu kitabo **Targhîb-us-salât** bweebiti: "singa swala y'omuntu asomye obubi âyat za Qur'ân nga asaala ebeera nfu okusinziira ku bamanyi omwenda aboBusiraamu kyokka netabeera nfu okusinziira ku mumanyi w'oBusiraamu omu, swala eyo tetugamba nti nfu."

Ebintu bisatu ebyetaagisa nga omuntu ali ku rukû': alina okukotama nga atunudde mu Qibla, alina okukotama obulunji omugongo nagugolola bulungi nabeera nga nukuta ya L ennene jebasulise, alina okulabika nga ekiwato n'omutwe biri ku level emu. Olina okubeerawo okumala akaseera kyebayita tumânînat.

Ebintu bisatu ebyetaaga okukolebwa nga omuntu ali ku sajda: okuvunnama nga bwekyalambikibwa mu sunnat. Okuvunnama nga otunudde mu Qibla nga ekyenyi nennyindo biri ku ttaka.

Okumalako akaseera nga oli ku sajda nosobola okukakkana.

Ebintu bisatu ebetaaga okukolebwa nga omuntu ali ku qa'da-i-âkhira (olutuula olusemba): 1- ku musajja alina okutuula ku kigere kye ekya kkono nga asimbye okugulu gwa ddyo, ate ku mukyaala alina okutuuza akabina ku ttaka. 2- alina okusoma Tahiyyât. 3- alina okusoma swalâtu ibrâhimiyya (Allahumma bârik ala Muhammada wa alâ âli Muhammad kama bârakta âla Ibrâhîm wa alâ âli Ibrâhîm innaka hamîd-ul-majîd). Nokusoma duwa endala nga bwezaamesebwa mu sunnat.

OMULYANGO GWA GHUSUL (OKUNAABA)

Okusinziira ku madhhab ga Hanafî, farz ziri ssatu omuntu bwaaba anaaba zalina okutuukiriza, ate okusinziira ku madhhabu ga Mâlik ziri ttaano, ate okusinziira ku madhhab ga Shâfi'î ziri bbiri ate okusinzira ku Hanbali eri emu. Okusinziira ku madhhab ga Hanafi: 1- okunaaba mu kamwa. Omusiraamu agoberera amadhhab ga Hanafî takkirizibwa kuteekebwaamu linnyo lya kyuuma okujjako nga waliwo darûrat. Alina okufuna elinnyo nga asobola okulijjamu naalyooza oluvannyuma nalizzaamu. 2- okuyingiza amazzi mu nyindo. 3- okunaaba omubiri gwonna.

Nga byewandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Durr-ul-mukhtâr**, nti emmere esigala mu bibuno oba mu myaganya gy'amannyo tegaana ghusul kuba sahih. Fatuwa bweetyo bwegamba. Kuba amazzi gasobola okuyita mu mmere eba ewagamidde mu mannyo. **Ibni Âbidîn** rahima-hullâh ta'âlâ annyonyola ensonga eno bwaati: kiwandiikidwa mu kitabo ekiyitibwa **Khulâsa-t-ul fatâwa**, nti emmere tegaana mazzi kuyitamu.singa kizuulwa nti amazzi tegasobodde kuyita mu mmere esiggade mu myagaanya gy'amannyo, kiba kitegeeza nti ghusul teri sahîh, nga amazima gano abamanyi bonna bagakkanyaako. Era bigambo byeebimu ebyayogerwa mu kitabo ekiyitibwa **Hilya-t-ul-mujallî** (nga kyawandikibwa Ibni Emîr Hâjj Halabî rahmatullâhi ta'âla alaihi, yafa mwaka gwa 879 [1474 A.D.], nti singa emmere esigalidde mu mannyo ekaliramu, kiba kizibu okukkiriza amazzi okuyitamu, nabwekityo ghusul ekolebwa teba sahîh. Ku nsonga eno tekuli darûrat.

Kyawandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Halabî-i-saghîr**: nti singa omuntu anaaba n'aleka obumere mere oba obugaati mu mannyo, ghusul ye eba ntuufu okusinziira ku fatuwa, nti omuntu nebwatakakasa nti amazzi gabujjeemu obwo obusigalira. Fatuwa eyo ekkaanya ne fatuwa eyawandikibwa mu **Khulâsa-t-ul-fatâwâ**.

Okusinziira ku bamanyi abamu, ghusul teba ntuufu singa obusigalira mu mannyo buba bugumu. Okulamula kuno okusembayo kwawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Zahîra-t-ul-fatâwa** (kyawandikibwa Burhân-ad-dîn Mahmûd bin Tâj-ud-dîn Ahmad bin Abd-ul-Azîz Bukhârî rahmatullâhi ta'âla alaih, yazaalibwa mwaka gwa 551 [1156 A.D.] yattibwa mu mwaka gwa 616 [1219 A.D.]) kulamula kulunji ku nsonga eno.

Kyawandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Darr-ul-Muntaqâ** [kyawandikibwa ne Alâ-ud-dîn Haskafî rahmatullâh ta'âla alaih (1021, Haskaf – 1088 [1677 A.D.])] nti: ebikwata ku ghusul ekolebwa n'omuntu nga obumere mere bumuli mu mannyo, waliwo abamanyi abagamba nti ghusul eyo eba ntuufu abamu nebagamba nti teba ntuufu. Okunnyonyola kwa **Tahtâwî** ku **Marâq-il-falâh**, kuli nti bwe wabaawo obumere obusigadde mu mannyo ghusul eba ntuufu. Kuba amazzi gasobola okubusaanusa negabujjamu mu mannyo. Wabula singa obumere obusigadde buba bunyigiddwa na kugaaya ne tebusobola kukkiriza mazzi kuyitamu. Era bwekityo bwekyawandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Fat-h-ul-qadîr**.

Kyawandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Bahr-ur-râiq** nti ghusul eba ntuufu singa wabaawo obumere obuba busigalidde mu bibuno oba mu myagaanya gy'amannyo. Amazzi kintu kilungi ekisobola okuyita mu kintu kyonna. Kyekimu ekyawandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Tajnîs**. Sadr-ush-shahîd Husâmddîn yagamba nti ghusul eba ekoleddwa mu mbeera eyo teba sahîh nabwekityo obusigalira mu mannyo obwo bulina okujjibwaamu amazzi gasoble okutambula obulunji mu mannyo munda. Kiba kirunji nnyo okujjamu obusigalira obwo noganaaza bulunji.

Kyawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Fatâwâ-i-Hindiyya**: okunnyonyola okutuufu kweekwo okugamba nti ghusul ekolebwa n'omuntu nga alina obumere mere obusigalidde mu manyyo oba wakati mu bibuno ebeera ntuufu. Okunnyonyola okufaanana kuno kwawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Zâhidî**. Naye ate kiba kirunji okusooka okujja obusigalira mu mannyo kisobozese amazzi okutuuka mu myagaana gy'amannnyo. Nga era bwekyawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Qâdikhân**, kyawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Nâtifî** nti tekyaalibadde kirungi ghusul okolebwa nga omuntu alina obumere obusigalidde mu mannyo era nti kyetaagisa okubujjamu nokunyumunguza mu kamwa bulunji.

Byawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **al-Mejmû'at-uz-zuhdiyya**: singa obumere obusigadde mu mannyo bwekwaata

wamu nebuba nga busobola okugaana amazzi okuyita, nga totunuulidde bungi bwa bumere mere obwo, buba busobola okuziyiza ghusul. Bigambo by'ebimu ebyawandiikibwa mu kitabo **Halabî**. Tekisoboka kugamba nti "tewali haraj, buzibu mu kujja obumere mere obusigalidde mu mannyo, naye okujjuza erinnyo nga bateekamu sementi oba ebintu ebirala biba tebisobola kuvaamu; nabwekityo waliwo haraj mu kujjamu ebintu ebyo." Kituufu waliwo haraj. Nga ate ekintu ekikolebwa n'omuntu bwekivaako haraj, omuntu oyo afuna udhr okuba nga asobola atuukiriza kyaakola nga yeyambisa amadhhab amalala agatali gage. Naye ate tekisoboka kufuuka udhr muntu kuleka mulimo guli farz. Omuntu okusonyiibwa farz kyetaagisa okuba nga tasobola kweyambisa madhhab malala agatali gage oba nga tamanyi ensonga eyo amadhab amalala gajoogerako gatya, kati awo naaba nga agasse darûrât ne haraj. Singa kibuuzibwa nti "omuntu okujjuza erinnyo eribaddemu ekituli oba okuteekamu eddala kigendereddwaamu kwewala bulumi nakuyamba muntu kuba nga tafiirwa mannyo. Awo tewali darûrât kukola kintu nga ekyo, okugeza okwagala okusonyiibwa farz nokuba nga okikola nga tonaabye bibuno," awo okwanukula kwaffe kujja kuba " darûrat okubeerawo, walina okuba nga tewali ngeri yonna ekukkiriza kukozesa madhhab malala."

Okugamba nti, "ekiragiro ekyokunaaza amannyo nga okola ghusl kikkiriza okuba nga oganaaza kungulu kwaago," si kirungi mu Busirâm. Tahtâwî (Ahmad bin Muhammad bin Ismâ'îl) agamba mu kunnyonyola kwe mu kitabo ekiyitibwa **Imdâd-ul-Fattâh**: "Wudhu y'omuntu ayambadde huffi bweyonooneka, okwonooneka kukosa huffi yokka tekukosa bigere." Ekirangiriro kino mu bitabo bya Fiqh kyekuusa ku kufuna wudhu na kwambala huffi kwokka. Okuleeta mu mbeera okusobola okufanagana ku kujjuza amannyo, oba okukola ghusl, kitegeeza kuba nga omuntu atandiise okukola fatuwa endala. Era okujjuza amannyo kuba kujja kufaananizibwa nekirevu ekikusifu. Kuba omuntu alina ekirevu ekikusifu talagirwa kunaaba wansi wa kirevu mpaka ku lususu bwaba afuna wudhu wabula kiri farz okuba nga anaaba mpaka ku lususu mu birevu bwaaba nga anaaba ghusl (janaba). Omuntu agamba nti tekiri farz kunaaba mu birevu mpaka ku lususu nga okola ghusl kuba tekiri farz kunaaba nga ofuna wudhu, tajja kunaaza kirevu ekikusifu mpaka ku mubiri. Nabwekityo ghusl y'omuntu oyo naabo abamugoberera n'esswala zebasaala teziba sahîh.

Era kiba tekikwatagana na bitabo bya Fiqh kugerageranya

dagala lyebasiiga ku nkyaakya z'ebigere oba bandage zebasiba ku muntu alina obuvune oba ekiwundu. Kuba bwewabaawo haraj oba okukosebwa singa oba ojjeeko bandage ku kiwundu, awo kiba tekisoboka kweyambisa madhhab malala, era mu mbeera eno omuntu aba asonyiibwa okunaaza ekiwundu alyooke azzeeko bandage ate.

Darûrat kitegeeza embeera eteewalika efuula omuntu okusonyiibwa okukola ekintu ekikwaatagana neddiini. Ebyokulabirako bya darûrat gemateeka g'obusirâmu n'ebyo ebyaziyizibwa, obulumi obunji, okutya nti omuntu ayinza okufiirwa obulamu oba ekiyungo kye, n'okubeera nga olinawo engeri endala. **Haraj**, yo etegeeza obuzibu oba obukaluubirivu obukugaana okukola ekintu kyewalibadde okola nekikuleetera obutakola farz oba okukuviirako okukola ekikolwa ekiri harâm. Amateeka ga Allâhu ta'âla nebyeyagaana biyitibwa **Ahkâm-i-islâmiyya**. Bw'oba nga otuukiriza agamu ku mateeka ga Ahkâm-i-islâmiyya, okugeza okutuukiriza agamu ku mateeka oba ebimu ku byaaganibwa, olina okugoberera okunnyonyola okumanyikiddwa ennyo okwaakolebwa naabamanyi b'madhhabu googoberera. Singa haraj ebeerawo ku nsonga gyokoze, mu madhhab gogoberera, oba osobola okunooya ebigambo byomumanyi omulala mu madhhab gennyini ago ayinza okuba nga yagonzaamu kko nga annyonyola ensonga eyo. Era bwewabaawo haraj awo oba olina okweyambisaako amadhhab amalala nokola okusinziira ku madhhab ago kyegagamba ku nsonga eyo. Singa kisangibwa nti era ne amadhhab amalala haraj weeri, awo oba olina okutunuulira okulaba oba waliwo darûrat mu kukola ekireeta haraj:

1 – Bwe wabaawo darûrat mu kukola ekintu ekiri farz nga kireeta haraj, ojja kuba osinyiibwa okukola ekintu ekyo.

2 – Bwe watabaawo darûrat mu kukola ekintu ekireeta haraj, okugeza nga okusiiga enja ina oba kyuteksi, oba nga waliwo engeri endala etaleeta haraj wabula ggwe n'olondawo engeri eleerta haraj, mu mbeera eyo omulimo gwooba okoze teguba sahîh. Olina okutuukiriza farz eyo nga okozesa engeri etalina haraj. Byawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Fatâwa-l-hadîthiyya** (kyawandiikibwa Ibn-i-Hajar-i-Mekkî rahmatullâh alaih,899 [1494 A.D] 974 [1566], Mekka) ne **Khulâsa-t-ut-tahqîq** (kyawandiikibwa Abd-ul-Ghanî Nablûsî rahmatullahi alaih 1050 [1640 A.D], Damascus 1143 [1731], mu kunnyonyola kwa Tahtâwî rahmatullah ta'âla ku kitabo kya Sharblâlî ekiyitibwa **Merâq-il-felâh**, ne mu kitabo ekiyitibwa **Ma'fuwât** ekya Halîl Es'irdî rahma-hullâhu ta'âla. Molla Halîl (Es'irdî) yafa mwaka gwa 1259 [1843 A.D].

Omusiraamu ali kunkola ya madhhab ga Hanafi ayagala amannyo ge agaluma oba agavunze okubeera nga bagajjuza okusinga okugajjamu balina okugoberera enkola ya madhhab ga Mâlikî oba Shâfî nga bakola ghusl. Kuba mu madhhab gano tekiri farz kunaaba mu kamwa ne munnyido nga omuntu akola ghusl. Kyangu nnyo okugoberera amadhhab ga Shâfî oba Mâlikî. Oba olina okutoola niyya okugeza, okukiteeka mu mutima gwo nti ogenda kugoberera madhhab ga Shâfî oba Mâlikî nga okola ghusl oba okufuna wudhu oba nga otandiika okusaala. Mu mbeera eyo ghusl gyokoze oba swala gyosadde ejjakuba ntuufu okusinziira ku madhhab ga Shâfî oba Mâlikî. Okusinziira ku madhhab ga Shâfî olina okuddamu okufuna wudhu singa okwaata oba okwaatibwaako omukazi atali harâm kumuwasa nokukwaata ku bwereere bwo. Bino byonna okubitegeera genda osome ekitabo **Endless Bliss** (essanyu eryolubeerera) omuzingo ogwokuna. Okweyambisaako amadhhab amalala mu kiseera ekimu tekitegeeza nti ofulumye mu madhhab go goobadde ogoberera. Omusiraamu agoberera amadhhab ga Hanafi bweyeyambisaako amadhhab amalala ku nsonga eba eriwo aba tavudde mu madhhab ga Hanafi.

Ebigambo ebikwatagana ku ghusl ebyayogerwa n'abamayi ba Fiqh nga bikyaali awo, wakyaliwo obuzibu mu kunnyonyola ekibuuzo ekikwata ku nsonga y'amannyo nga tweyambisa ebitabo ebiwandiikiddwa n'abantu abatalina webagwa ku nsonga ya madhhab. Bagamba nti byayogerwa mu fatwâ eyawandiikibwa mu mwaka gwa 1332 [1913 A.D] mu ggulire eriyitibwa **Serbîl-ul-rashâd** nti kikkirizibwa okujjuza erinnyo eririna ekituli. Okusoka kwa byonna tugamba nti ebyo ebitibwa amawulire bijuddemu emboozi eziwandiikibwa n'abantu abatalina madhhab gebagoberera. Omu kubawandiisi bano ayitibwa **Ismâ'îl Hakki** okuva Manastir, musajja mukozi wa ba Freemason. Omulala ye **Ismâ'îl Hakki** okuva Izmir, yaakulira abajega bano bonna abaabuzibwa ne **Muhammad Abduh** mufuti wa ba masoni mu Cairo Misir nga era yennyini kukyuusa Busiraamu kuteekamu bintu bitaalimu. Okusoma kwe okussoka yakusomera Izmir, yamaliriza okutendekebwa obusomesa mu Istanbul. Yasoma kitono nynyo ku bikwatagana n'eddini era okumanya kwe ku bintu by'eddini kunafu nnyo. Mukubeera nga akwatagana n'abantu b'ekibiina kya Union Party, yasobola okuweebwa omulimu gw'obusomesa mu madrasa natandiika okusasaanya endowooza za Abduh mu bantu. Ebigambibwa mbu Ismâ'îl Hakki yawandiika ekitabo ekiyitibwa **Talfîq-i-madhâhib**, nga avvuunula

ekitabo kya Sashîd Ridâ oluvannyuma naakiwa Ahmed Hamdi Akseki, omu ku bagobelezi abakosebwa n'obutwa bwomusajja oyo si kituufu.

Ismâ'îl Hakki ono mwennyini gwetwogeddeko waggulu, yekuba endo mu bigambo bye ebikwatagana ku bamanyi ba Fiqh oba kikkirizibwa okusiba erinnyo nga okozesa akawuzzi ka gold (zaabu) nga era yeseembesa ebitabo okugeza, okunnyonyola mu kitabo kya Muhammad Shaybânî ekiyitibwa **Siyar-i-kabîr**, ekyoogera ku kwegatta kwa abamanyi nti waliwo darûrat mu kusiba amannyo nga okozesa zaabu mukifo kya feeza, namaliriza nga agamba nti ebikwaata ku mannyo biri darûrat. Naye nga ate, ekibuuzo kyabuuzibwa kiri nti omuntu akola ghusl nga alina erinnyo elijjuze, ghusl ye eba ntuufu oba, mukifo kyokubuuza oba amannyo galina kusibwaamu zaabu oba feeza. Mu kuwandiika ekiwandiiko eiwanvu ku nsonga gyatabuuziddwa nga kyekyaali kimanyikiddwa, Ismâ'îl Hakki owa Izmir yawandiika empunzika ye nga okwaanukula. Kyeyakola kwaali kutabika bwonoonefu mu kumanya. Kuba kusomooza omuntu okuwandiika endowooza ye nga atyoboola fatwâ eyatoolebwa abamanyi b'oBusiraamu. Okusomooza kwe okubi ennyo okusinga okuddira ebigambo bya abamanyi ba Fiqh bye bawandiika ebikwaata ku ghusl naabiteekamu endowooza ze. Okugeza, agamba nti, "nga bwekyayogerwa mu kitabo **bahr**, si tteeka okuddira amazzi negatuuka mu bifo nga bizibu okutuukamu." Ate mungeri endala, ebigambo ebyawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Bahr** bisoma bweebiti: "...ebitundu byomubiri nga kizibu amazzi okubituukamu." Mumbeera eno afaananiriza ekintu omuntu kyateekeddwa okukola nembeera etuuka ku muntu nga teyeyagalidde. Era si mutuufu okugamba nti "omukyaala singa alaba nti ayinza okufuna okukosebwa nga anaabye omutwe gwe, kirunji aleme kugunaaba," ebyawandiikibwa mu kitabo **Darr-ul-mukhtâr** nga obujulizi obulaga nti ghusl ekolebwa omuntu eyajjuza erinnyo ebeera jâiz (ekkirizibwa). Okufuna n'obukosefu ku mutwenga nga amazzi gagugenzeeko ako kabonero ka bulwadde. Nga ate okujjuza erinnyo kuba kusalawo kwa muntu kennyini. Eno yensonga lwaki ekibuuzo ekikwaata ku ghusl ekolebwa omuntu nga alina obumere mere mu mannyo oba ebeera jâiz binyonyolwa bulunji mu kitabo ekiyitibwa **Darr-ul-mukhtâr**.

Obuzannyo n'ebikolwa ebibi ebyoogeddwaako waggulu bimala bulunji okunnypnyola obulabe bwa Ismâ'îl Hakki okuva Izmir. Okugeza yali muntu atalina buyigirize bwa ddini bumala

okwegerageranya ku bamanyi ba'oBusiraamu nga agamba nti si batuufu ku nsonga ezikwaata ku ghusl, ye nga agamba nti "si kakwakkulizo ku muntu akola ghusl okuleka amazzi negatuuka wansi wa zaabu ne feeza ku muntu eyajjuza amannyo oba eyateekamu amannyo amalala okugajjamu nanaaza ebibuno oluvannyuma nazzaamu amannyo ge. Abamanyi ba Fiqh bonna bakkaanya nti waliwo darûrat ku bikwatagana n'amannyo nti kya tteeka amazzi okutuuka mu bifo ebirina darûrat." Teri mumanyi wa Fiqh mu madhhab ga Hanafî agamba nti kiri darûrat okujjuza amannyo go oba okuteekamu amalala. Amazima gali nti okujjuza oba okukyuusa amannyo si kintu kya dda nnyo okutuuka ku bamanyi ba Fiqh. Ku lupapula lw'enkaaga mu nnya mu kitabo ekiyitibwa **Siyar-i-kabîr** kye yakozesa nga obujulizi, Imâm Muhammad Shaybânî rahima-hullâhu ta'âlâ kigambibwa okuba nga yagamba it kibeera jâiz ku muntu okuzzaamu erinnyo lye elivuddemu nga akozesa zaabu oba okulinyweeza nga akozesa waya eya zaabu. Ekitabo tekyagorako ku nsonga za kuzzaamu linnyo. Bigambo byayogerwa na Ismâ'îl Hakki owa Izmir. Bamasoni mu ddiini n'abantu abatalina madhhab gebagoberera naabo abazuula mu ddiini ebintu ebitaalimu abajja oluvannyuma, bateekawo obuzannyo obwenjawulo okubuzaabuza abasiraamu n'okubalimba nokubasomesa ebintu abibajja mu ddiini nga tebamanyi. Bawandiika ebintu ebyoobulimba nebabisasaanya mu bantu. Imâm Muhammad Shaybânî rahima-hullâhu ta'âlâ yagamba nti erinnyo lirina kusibwa oba kunyweezebwa na waya ya zaabu oba feeza. Teyagamba nti kiri jâiz okujjuza erinnyo nga okozesa zaabu. Ebigambo byengeri nga eyo byawandiikibwa Ismâ'îl Hakki naabalala abamufaanana.

Ba mufuti ne abantu abebitiibwa mu ddiini abalala banji abaawukana ku ndowooza za Ismâ'îl okuva Izmir baleeta obujulizi obulaga amazima nokukakasa obulimba bw'ebiwandiiko ebyo byetwogeddeko waggulu. Abamu ku bamanyi abeebitiibwa bano kuliko Yûnus Zâde Ahmad Vahbî Efendi okuva Bolvadin, (Turkey) rahmaha-hullâhi ta'âla. Abamanyi bano abalina okumanya okuyitirivu ku bintu ebikwaata ku ddiini ebyakakasibwa abamyi b'oBusiraamu nti ghusl ekolebwa omuntu alina erinnyo elijjuze tebeera ntuufu.

Obukulembeze bw'olupapula oluyitibwa **Sebîl-ur-rashâd** olwaafulumya nga ebiwandiiko ebiwandiikiddwa Ismâ'îl owa Izmir, bwalibadde bwegendereza ku biwandiiko ebyo, nebutayamba kwongerako bujulizi bwa fatwâ z'abamanyi abalala ezisoma "... ghusl ejjakuba ntuufu," mu kitabo ekiyitibwa

Majmû'a-i-Jadîda ekyafulumizibwa omulundi ogw'okubiri, omwaka 1329 [1911 A.D]. Nga ate ezo eziyitibwa fatwâ mu kitabo ekyasooka okufuluma mu mwaka 1299 A.H tezaalimu. Komenti ezibuza zaatekebwa mu kitabo ekyafulumizibwa omulundi ogw'okubiri ne Mûsâ Kâzim eyali shaikh-ul-islâm nga yaweebwa omulimu n'ekibiina kya Union Party. Mu ngeri eno olupapula oluyitibwa Sabîl-ur-Rashâd lwali lugezaako okusasaanya ebigamba bya ba freemason n'okuwagira atiko ezaali ziwandiikibwa abo abaali baagala okukyuusa kyuusa mu busirâm. Teri mumanyi wa Fiqh yagamba nti kiri darûrat okujjuza erinnyo. Abantu abawandiika oba aboogera ebigambo ebyo baba ba masoni oba bantu abaagala okukyuusa kyuusa obusirâmu oba bantu abajega ku bikwaata ku busirâmu abo abatalina madhhab ge bagoberera oba baalimbibwa n'akakosi k'abawarabu abaagulibwa abangereeza okwonoona oBusiraamu, era teri mulala atali abo ayinza kwaagala kubuza bantu.

Ahmad (bin Muhammad bin Ismâ'îl) Tahtâwî rahima-hullâhu ta'âlâ agamba bwati mu kunnyonyola kwe ekitabo kya Shernblâlî ekiyitibwa **Merâq-il-falâh**: "Bwogoberera imâm (nga asaaza namâz/swalat mu jamâ'at) nga mugoberezi wa agamu ku madhhabu asatu, esswala josaalidde emabega wa imâm oyo eba sahîh (ntuufu) ebbanga imâm oyo lyamala nga takoze kintu kyonna kitta swala okusinziira ku madhhab go gogoberera newankubadde nga tekitta swala okusinziira ku madhhab ga imâm, oba ekintu ekyo notakimanya mu kiseera nga musaala. Kino ky'ekigambo ekyesigamirwaako. Okusinziira ku qawl (kigambo) ekimu, singa namâzi (swala) ya imâm ebeera ntuufu okusinziira ku madhhab ge, kiba kitufu okumugoberera wadde nga olabye esswala eyo si ntuufu okusinziira ku madhhab go." Bigambo byeebimu ebya wandiikibwa mu Ibni Âbidîn. Nga bwe kitegeerekese mu bigambo ebya wandiikibwa mu kunnyonyola kwa Tahtâwî ne Tahtâwî rahima-hullâhu ta'âlâ, waliwo ebigambo abamanyi bya mirundi ebiri ebikwaata ku nsonga oba swala y'omusirâmu agoberera amadhhab ga Hanafî nga teyajjuza linnyo eba ntuufu singa aba asaalidde emabega wa imâm eyajjuza erinnyo: okusinziira ku kigambo ekissose, si kituufu mugoberezi wa Hanafî nga teyajjuza linnyo kusaalira mabega wa imâm alina erinnyo lye yateekamu zaabu oba feeza. Okusinziira ku madhhab ga Hanafî swala ya imâm tebeera ntuufu. Ate okusinziira ku kigambo ekizzeeko, singa imâm abeera nga agoberera madhhab ga Shâfî ne Mâlikî, kiba kituufu ku musiraamu agoberera amadhhab ga Hanafî atalina linnyo ssibe oba lye bateekamu zaabu

okugoberera imâm oyo. Okugeza okusaalira emabega we nga asaaza jamâ'at. Eno ye ijtihâd ya Imâm Hindûwânî rahmatullâhi alaih. Embeera yeemu eyo ekkirizibwa ne mu madhhab ga Shâfi'î.bwekibanga tekimanyikiddwa ku imâm alina elinnyo elijjuze okubeera omugoberezi wa madhhab ga Mâlik oba Shâfi'î, omusiraamu ali ku madhhab ga Hanafî nga teyajjuza linnyo alina okwegatta ku swala ya jamâ'at esaazibwa ne imâm oyo. Tekikkirizibwa kubuuza imâm oba agoberera madhhab ga Mâlik oba Shâfi'î. Ekigambo ekisembyeeyo kinafu. Naye ate, nga bwe twanyonyodde waggulu mu kitabo, nti bwe wabaawo haraj (obuzibu), kikkirizibwa okweyambisa obujulizi obunafu. Okweyambisa obujulizi obunafu okwewala fitna kyawandiikibwa nemukitabo ekiyitibwa **Hadîqa**. Singa omuntu yesaamba amadhhab gano ana nabeera nga ateeka mu nkola emirimu je eja ibaada nga tagoberera kusomesa kwa bamanyi ba Fiqh, tumaliriza tugamba nti omuntu oyo si mu Sunni. Ate nga omuntu atali mu Sunni abeera muzuuzi mu ddiini oba afiirwa imân ye nabeera murtadd. Tetugamba nti omuntu talina kujjuza mannyo ge. Wabula kyetugezaako okukola kulaga baganda baffe ne bannyina ffe abajjuza ngeri ki gyebalina okutuukirizaamu ibaadat zaabwe mu ngeri ekkirizibwa mu Busiraamu. Tubalaga amakubo amangu.

Ghusl erina emiteeko kumi netaano (15): etaano ku jino jiri farz, etaano ku jjo jiri wâjib, ena ku jjo jiri sunnat ate ogumu guli mustahab. Ghusl eziri farz: omukyaala oba omuwala nga avudde mu mwezi alina okunaaba, oluvannyuma lwokwegatta mu mukwano, oluvannyuma lwokuvaamu amazzi agazaala, oluvannyuma lwokulaba amazzi ag'ekintu ekikulu mu buliri oba mu ngoye zo, olina okunaaba nolyooka ofuna wudhu okusaala.

Ghusl (okunaaba) okuli wâjib: kiri wâjib okunaaza omufu. Abafumbo bwebakeera ku makya nebalaba amazzi agekintu ekikulu naye nabatamanya gaani, kibakakatako bombi okubeera nga banaaba. Bweweerabako amazzi gekintu ekikulu naye nga tosobola kujjukira gaafulumye kiseera ki, kiba kikukakata ko okunaaba. Omukyaala bw'azaala alina okunaaba yedde nga tafulumizza musaayi.

Ghusl (okunaaba) okuli sunnat: okunaaba ku lunaku lwa jjuma ne ku nnaku za Idi ne ekiseera kya Ihrâm, ne nga tonnalinnya Arafât. Ghusl (okunaaba) okuli mustahab: omuntu atabadde musiraamu bw'asiramuka, kimukakatako okunaaba.

Ebintu bisatu biri harâm mukunaaba:

1 – Omuntu yenna okwoolesa ebitundu bye ebiri wakati we kkundi n'amaviivi nga anaaba eri abantu abekikula kye, okugeza

omusajja okweyambulira basajja banne n'omukyaala eri bakyaala banne.

2 – Okusinziira ku qawl, kiri harâm omukyaala omusiraamu okulaga omubiri gwe abakyaala abatali basiraamu bwaaba anaaba.

3 – Okudibuuda amazzi; mu bigambo ebirala, kiri harâm okukozesa amazzi agasukka ekigero ekyetaagisa mu kunaaba.

Mu Madhhab ga Hanafî, ebiri sunnat okugoberera bwooba nga onaaba biri kumi na bisatu:

1 – Okukola istinjâ nga okozesa amazzi. Mu njogera endala, okubeera nga wetowaaza mu maaso n'emabega.

2 – Okunaaba mu ngalo.

3 – Bwooba nga olina najâsat (obukyaafu) ku mubiri, okubeera nga obwejjako.

4 – Okukola mazmaza ne istinshâq. (mazmaza kwe kumunyunguza amazzi mu kamwa, ate istinshâq kwe kuteeka amazzi mu nnyindo.) okfuna wudhu nga tonnaba kutandiika ghusl.

5 – Okuleeta niyyat ey'okunaaba.

6 – Okunaaza ebiyungo byonna.

7 – Okusooka okunaaba omutwe, bwoomala onaaba oludda lwa ddyo n'olwa kkono emirundi esatu.

8 – Okukola khilâl wakati w'engalo n'obugere.

9 – Obutatunula mu kibula oba okukikuba omugongo nga onaaba.

10 – Obutanyuma nga onaaba.

11 – Okukola mazmaza ne istinshâq emirundi esatu.

12 – Okunaaba buli kiyungo nga osookera ku ddyo.

13 – Obutafuka mu kifo wokolera ghusl.

SWALA ya TAWHÎD

Yâ Allah, yâ Allah. Lâ ilâha il-l-Allah Muhammadun Rasûlullah. Yâ Rahmân, yâ Rahîm, yâ 'afuwwu yâ Karîm, fa'fu 'annî wa-r-hamnî yâ arham-ur-râhimîn! Tawaffanî musliman wa alhiqnî bi-s-swâlihîn. Allâhumma ighfir lî wa li-âbâî wa ummahâtî wa li âbâ-i wa ummahât-i-zawjâti wa li-ajdâdî wa jaddâtî wa l-abnâî wa banâtî wa li-ikhwatî wa akhawâtî wa li-a'mâmî wa ammâtî wa li ahwâlî wa hâlâtî wa li-kâffa-t-ilmu'minîna wa-l-mu'minât. 'Rahmatullâhi ta'âlâ 'alaihim ajma'în'.

OMULYANGO GWA HAID ne NIFÂS

Haidhi (okubeera mu mwezi) ekitono ennyo zibeera ennaku ssatu (3) ate enyinji zibeera ennaku kkumi (10). Naye Nifâs (omusaayi gw'okuzaala) tegulina kigero. Kasita omusaayi gukoma okujja, omukazi alina okunaaba atandiike okusaala n'okusiiba. Ekinene enyo omusaayi guno okujja ziba ennaku makumi ana (40). Omusaayi gwa haidhi bwekulekera okujja nga ennaku essatu tezinnaba kuggwaako, omukazi natasaala oba natasiiba, atekeddwa okuliwa (qadha) ennaku ezo zeyalya nga alowooza nti akyaali mu nsonga. Mu mbeera eno ghusul eba teyetaagisa. Omusaayi bwegulekera okujja nga ennaku essatu ziweddeyo, alina okunaaba (ghusul) nabeera nga atandiika okusaala swala mu biseera byaazo. Ennaku ekkumi nga zezisingayo obunji ziggwaako naye nga omusaayi gukyajja, anaaba nasaala omusaayi nebweguba nga gukyajja. Ate ennaku âna (40) ezisinga obunji ku mukazi azadde bweziggwaayo, anaaba natandiika okusaala yadde nga omusaayi guba gukyageenda mumaaso okujja. Singa omusaayi gulekera okujja oluvannyuma lw'olunaku lumu mu nnake ekkumi ez'omuntu ali mu nsonga oba mu nnaku amakumi âna ku mukyaala azadde, omukyaala oyo nanaaba natandiika okusaala n'okusiiba nga alowooza nti omusaayi gukomye naye ate oluvannyuma neguddamu buto okujja, omukazi oyo aba alina okuliwa ennaku ezo zeyasiiba kuba abalibwa nga atazisiiba olwokuba yali akyaali mu mbeera emanyikiddwa nti talina kusiiba oba okusaala. Era aba alina okuddamu okunaaba nga omussayi gukomye okujja. Singa omusaayi gulekera okujja ku lunuku olw'okusatu, anaaba natandiika okusaala. Naye era takkirizibwa kwegatta na bba mu nsonga za mukwaano nga ennaku ze tezinnaba kuggwaayo. Amateeka gamu ago gakola ne ku mukyaala azadde. Talina kwegatta na bba nga ennaku tezinnaba kuggwaayo. Singa omusaayi gulekera okujja oluvannyuma lwa âdat [**âdat** ly'ebbanga wakati omukyaala wayingirira mu nsonga (walabira omusaayi) n'olunaku lwegukoma okujja. Mu madhhab ga Hanafî ennaku entono zibeera ssatu (3) ate enyinji zibeera kkumi (10) ate mu madhhab ga Shâfi'î ne Hanbalî ento lubeera lunaku lumu (1) ate enyinji zibeera kumi na ttaano (15). Ebisingawo ebikwaata ku haidh ne nifâsi bisange mu kitabo **Endless Bliss**] nga ewedde ku lunaku olw'ekkumi oba nga telunnaba, ekiseera ekyo kyonna kiyitibwa **haidh**. Naye omusayi bwegugenda mu maaso okujja nga ennaku ekkumi ziweddeyo, eyo tebeera haidh.

Singa omusaayi gwa haidh oba nifâs gukoma okujja nga kiseera

kya Ramadhân kyokka nga misana olunaku telunnaziba, omukyaala oyo taddamu kulya yadde okunywa okutuusa enjuba lweegwa, era abeera nga asiibye olunaku olwo. Wabula ate, alina okuliwa olunaku olwo nga omweezi gwa Ramadhân guweddeko. Naye ate singa omusaayi gulabika nga enjuba emaze okuvaayo atandikirawo okulya n'okunywa naye nga yekweese. Omukyaala walabira omusaayi nga gujja, alekera okusaala n'okusiiba. Bwegulekera nga olunaku olw'okusatu telunnatuuka, alinda okutuusa ekiseera kya swala nga kinaatera okuggwaako,singa omusaayi guddamu ate awo abeera talina kusaala, naye singa omusaayi teguddamu, afuna wudhu nasaala, naye singa guddamu ate, okusaala akuvaako ate. Singa omusaayi gulekera okujja nate, alinda okutuusa nga ekiseera ky'esswala kinaatera okuggwaako awo naafuna wudhu nasaala singa guba teguzzeemu kulabika. Agenda mu maaso bwaatyo okutuusa nga olunaku olw'okusatu luyise, mu kiseera ekyo ghusl (okunaaba) tekwetaagisa. Wudhu yokka ejjakuba emala mu kiseera ekyo. Singa omusaayi teguddamu, nga olunaku olw'okusatu lumaze okuyita, alinda okutuusa nga ekiseera kye eswala kinaatera okuggwaako awo nga anaaba nga atandiika nokusaala singa omusaayi teguddamu kulabika, naye singa guddamu swala ajivaako ate. Naye singa embeera egenda bweti okumala ennaku ekkumi, awo aba alina okunaaba era atandiika n'okusaala yadde nga omusaayi gukyajja. Amateeka gano gakola nekumukyaala azadde. Wabula omukyaala oyo aba alina okunaaba buli omusaayi lwegukoma. Mu Ramadhân singa omusaayi gukoma okujja nga enjuba tennaba kuvaayo, omukyaala oyo aba atekeddwa okusiiba. Singa omusaayi guddamu awo mu budde bw'emisana, okusiiba kwe kuba kufudde era abeera alina okuddamu olunaku olwo nga Ramadhân ewedde.

Naye ku nsonga y'okuvaamu olubuto, alamulwa nga azadde omwaana singa omwaana oyo abeera alina enviiri oba omumwa oba enyindo. Naye singa omwaana oyo abeera tannamera bitundu bya mubiri, awo tebeera nifâs. Naye singa avaamu omusaayi okumala ennaku ssatu oba okusoba essatu, eyo ebeera mbeera ya haidh. Wabula ate tebeera haidhi singa olubuto luvaamu nga wakayitawo ennaku kumi na ttano (15) oba okussuka okuva omusaayi gwa haidh lwegwakoma okujja ate n'omusaayi omupya negukoma nga ennaku essatu nezinnaba luggwaako. Mu mbeera eyo ogwo gubeera musaayi gwa bulijjo ogutaawukana ku musaayi mulala nga oguva mu nyindo. Omukyaala oyo alina okufuna wudhu nasaala swala ze. Era alina okusiiba. Ghusl teyetaagisa bwaaba nga teyeggase na bba.

Omumanyi omusiraamu omugundiivu (Zeyn-ud-dîn) Muhammad Birgivî (bin Alî) rahmatullâh alaih (928 [1521 A.D], Balikesir 981 [1573], Birgi, aydin, Turkey) yawandiika ekitabo ekyomuweendo ekiyitibwa **Zuhr-ul-mutaakhiriin** yannyonyola ebikwaata ku haidh ne nifâs y'omukyaala. Ekitabo kino kiri mu lulimi luwarabu. Allâma Shâmî Sayyid Muhammad Amîn bin Umar bin abd-ul-Azîz Ibni âbidîn rahima-ullâhu ta'âlâ yazaalibwa mwaka (1198[1784 A.D], Damascus yafa mwaka gwa 1252 [1836 A.D], Damascus yakyuusa ekitabo ekyo nakiyita elinyya **Manhal-ul-wâridîn**. Mu bufunze bino byeebiri mu kitabo **Manhal-ul-wâridîn**: abamanyi bonna aba Fiqh bakkaanya nti kiri farz ku musiraamu yenna omusajja oba omukyaala okuyiga ensomesa z'oBusiraamu eziyitibwa ilm-i-hâl. Ne olwensonga eyo, abakyaala ne babba baabwe balina okuyiga ebikwaata ku haidh ne nifâs. Abasajja balina okubisomesa bakyaala baabwe oba bwebaba tebabimanyi baleke bakyaala baabwe babiyige okuva ku bakyaala abalala ababitegeera. Omukyaala yenna singa bba amaugaana okugenda okuyiga ebikwaata ku haidh ne nifâs okuva ku bantu ababimanyi, akkirizibwa okugenda nga tamaze kufuna lukusa kuva eri bba. Okusomesa kuno, okukwaata ku nsonga z'abakyaala, kulabika nga okweerabirwa, kuba osanga nga abasajja abamanyi tebafaayo nga noluusi bayinza okuba nga tebabimanyi. Abamanyi b'ebiseera bino si bayivu nyyo okusobola okwaawula omusaayi gwa haidh (ogwa buli mwezi), nifâs (ogw'okuzaala) ne istihâdha (ekikulukuto). Tebalina bitabo bisobola kunyonyola nsonga zino mu bujjuvu. Ate abo abalina ebitabo ebirimu okusomesa kuno nabo tebasobola kubisoma nebabitegeera. Kuba ensonga zino nzibu zakutegeera. Mu ngeri endala, ensonga zeddiini nga wudhu, namâz (swala), okusoma Qur'ân al-karîm, okusiiba, I'tikâf, hijja, okuweza emyaka gy'obukulu, okuwasa/okuwasibwa, talaka, iddat (ebbaanga omukyaala gwe bawadde talaka lyatuula), nebirala byetaaga okusoma amateeka akwaata ku bika by'omusaayi ogwo gwetwogeddeko waggulu. Kyantwaalira ekitundu kyobuwangaazi bwange okusobola okuyiga obulunji ensomesa zino. Ngenda kugezaako okunnyonyola mu bufunze ebyo byenayiga okusobola okuyamba bannyinaze abasiraamu: **Haidh**: gwe musaayi ogutandiika okufuluma okuva mu bukazi bw'omuwala nga kabonero ka bulamu si bulwadde, omuwala oyo nga awezezza emyaaka ekitono ennyo munaana (8) ogw'obukulu, oba mu bukazi bw'omukyaala buli mwezi, era embeera eno emala ennaku ssatu ekitono ennyo oba kkumi nga zezisinga obunji. Omusaayi guno era guyitibwa **omusaayi oguli sahîh**. Omusaayi gwonna

ogulina lanji enjeru yeru, guba musaayi gwa haidh. Omuwala bwatandiika okulwaala omwezi abeera akuze **(bâligha)**, mu njogera endala abeera akuze nga afuuse mukazi. Ennaku eziri wakati omusaayi nga gutandiise okujja okutuuka lwegukoma okujja baziyita **âdat**. Ebbanga lya âdat ekinene ennyo zibeera ennaku kkumi (10). Ekitono zibeera ennaku ssatu (3). Okusinziira ku madhhab ga Shâfi'î ne Hanbalî ekinene zibeera ennaku kumi na taano (15) ate ekitono lunaku lumu. Haidi si tteeka nti omusaayi gujja mulundi gumu nga tegusirika okumala ennaku ezo essatu oba ekkumi. Singa omusaayi gulabibwa okuba nga gutandiise ate bwegumala negusirika ate era neguddamu okujja nga wayiseewo olunaku oba ennaku bbiri, ennaku ezokutukula ezibadde wakati awo zigattibwa ku nnaku za haidhi nekirabika nga omusaayi oguzze nga tegusirika okumala ennaku ezo zonna, ebyo by'ebigambo bya abamanyi bonna. Okusinziira ku bigambo bya Imâm Muhammad rahimahullâhu ta'âlâ byeyafuna okuva ku Imâm A'zam Abû Hanîfa rahmahullâhu ta'âlâ agamba nti singa omusaayi ogwo gutandiika wabula negusirika okumala ennaku ssatu oba okusoba kyokka ate nga ennaku ekkumi eza haidh tezinnaba kuggwaayo neguddamu negulabika, kirina okutwaalibwa nti omusaayi guzze okumala ennaku kkumi. Waliwo era ebigambo by'omumanyi ebya yogerwa ne Imâm Muhammad. Mu ngeri endala, okusinziira ku Imâm Abû Yûsuf rahima-hullâhu ta'âlâ, ennaku zonna omusaayi zegumaze nga tegujja nga tezinnawera naku kumi na taano zirina okugattibwa ku nnaku ziri ımusaayi mwegwajjira era zibalibwa nga omusaayi ogutaasirikamu yadde. Singa omuwala alaba omusaayi olunaku lumu bwaamala nataddamu kugulaba ennaku ekkumi nennya eziddako ate oluvannyuma negujja ate; oba omukyaala alwaala olunaku lumu ate ziri ekkumi ezisigadde naaba bulunji ate nalwaala oba nalwaala ennaku ssatu ezisooka ate etaano eziddako nabeera bulunji ate naddamu nalwaala; omuwala ziri ennaku ekumi yebeera âdat ye okusinziira ku Imâm Abû Yûsuf. Wabula omukyaala yye, ennaku ze zalwaala yebeera âdat ye ziri ennaku endala ebeera istihâdha. Okusinziira ku njogera ya Imâm Muhammad rahima-hullâh ta'âlâ esooka, ennaku omwenda gwonna ebeera haidh ya mukyaala oyo. Ate okusinziira ku njogera ya Imâm Muhammad ey'okubiri, ennaku essatu ezisooka zokka yebeera haidh y'omukyaala oyo naye ezisigadde tebeera haidh. Bino byajjibwa mu kitabo ekiyitibwa **Multaqâ** era mu kitabo kyaffe kino tuwandiise nga tugoberera enjogera ya Imâm Muhammad eyasooka. Mu kitabo kino olunaku lumu tuba tutegeeza sawa abiri mu nnya. Kiri mustahab (kikkirizibwa)

omuwala atali mufumbo oba omukyaala omufumbo mu kiseera kino okubeera nga akozesa ekigoye oba pad okuzibwa omumwa gw'obukazi bwe. Naye ate kiri makrûh (kitamwa) okuyingiza ekigoye mpaka munda mu bukazi. Omuwala bwabeera nga alaba omusaayi ku pad buli lunaku okumala omwezi, omuwala oyo akkirizibwa okubala ennaku ekkumi ezisooka buli mwezi okuba nti ye âdat ye ate ennaku abiri ezisigadde zibeera istihâdha. Amateeka gano gakola okutuusa omusaayi guno ogutakoma gwebayita **istimrâr** lwegulekera okujja. Singa omuwala alaba omusayi okumala ennaku ssatu ate negusirika okumala olunaku ate era naddamu naagulaba okumala olunaku ate negusirika okumala ennaku bbiri ate neguddamu olunaku lumu ate negusirika olunaku lumu ate neguddamu negulabika olunaku lumu, ennaku zonna ekkumi ebeera haidh. Singa alaba omusaayi olunaku lumu ate nataddamu kugulaba ennaku eziddako, ate naagulaba olunaku oluddako, embeera bwegenda mu maaso bweeti, omuwala oyo aleka okusaala n'okusiiba olunaku lwaba alabye omusaayi ate olunaku lwegutazze anaaba nasaala bwaatyo okutuusa omwezi okuggwaako [Masâil-i-sharh-i-wikâya].

Omukyaala abeera mu mbeera ya istihâda ye muntu atwaalibwa okubeera ne 'udhr, afanaganako n'omuntu avaamu omusaayi mu nyindo buli kiseera. Alina okusaala n'okusiiba era akkirizibwa okwegatta ne bba mu nsonga z'omukwaano.

Okusinziira ku bigambo bya Imâm Muhammad, singa omuwala alaba omusaayi omulundi gwe ogusooka mu bulamu bwe, omusaayi ogwo negujja okumala olunaku lumu ate oluvannyuma negusirika okumala ennaku munaana ate neguddamu negulabika ku lunaku olw'ekkumi, ennaku zonna ekkumi zibeera nnaku ze ezomweezi. Wabula ate singa alaba omusaayi negumala olunaku lumu negusirika okumala ennaku mwenda ate neguddamu okulabika ku lunaku olw'ekkumi n'olumu, awo tegubeera mwezi. Ennaku ezo ebbiri omusaayi oguba guzze guba gwa istihâda. Nabwekityo nga okunnyonyola okubadde waggulu bwekuli nti, omusaayi ogujja nga ennaku ekkumi zimaze okuyitako nga ez'okutukula zitandise tezibalibwa nga mwezi. Wabula singa alaba omusaayi ku lunaku olw'ekkumi ne kkumi n'olumu awo ennaku ekkumi ezisooka zibeera za mwezi ate luno olumu nelubeera lwa istihâda.

Omusaayi gwa istihâda (ekikulukuto) kabeera kabonero ka bulwadde. Omusaayi bwegukulukuta okumala ekiseera ekiwanvu kiyinza okuba ekyobulabe. Era kiba kyetaagisa omukyaala oyo okugenda okulaba omusawo. Eddagala eriyitibwa dragon blood

liyinza okuyambako okukomya omusaayi singa likozesebwa emirundi ebiri olunaku, kumakya n'olweggulo. Omukyaala yenna alina okumanya omuwendo gw'ennaku ze ne ssaawa zatandikirako okulaba omusaayi gwa haidh (adata). Adat y'omukkyaala tekyuuka, era bweeba ekyuuse alina okumanya enkyuuka kyuuka mu nnaku.

Ekitabo ekiyitibwa **Manhal** (ul-wârdîn) bwekiti bwekyoogera ku nkyuka kyuuka za âdat: singa omukyaala alwaalira mu kiseera ky'ekimu ne olunaku lumu nga bweyalwala omulundi ogwaayita, kiba kikakasiddwa nti âdat ye tekyuuse. Naye bwezikyuuka, kiba kitegeeza nti âdat ye ebeera ekyuuse, era okukyuuka kuno kugenda kunyonyolwa mu maaso awo. Okukyuuka nebwekubeerawo omulundi gumu gwokka, kikakasa okukyuuka kwa âdat. Okulamula kuno era kwakakasibwa ne fatwa. Singa omukyaala owa âdat eye nnaku ettano alaba omusaayi ku lunaku olw'omukaaga, ennaku ezo omukaaga ziba zifuuse âdat (haidh) ye empya. Era ennaku ezokutukula nazo ziba zikyuuse. Bwezikyuuka, ebiseera bya âdat nabyo biba bikyuuse. Tugeze âdat y'omukyaala ya nnaku ttano, nagoberezaako ennaku abiri mu ttano nga muyonjo; singaâdat ye empya ebeera ya nnaku ssatu negobererwa ennaku abiri mu musanvu nga muyonjo oba ennaku ttano nga alaba omusaayi nagoberezaako ennaku abiri mu ttano nga muyonjo, kiba kitegeeza nti ennaku zalwaala neezo zaabera omuyonjo ziba zikyuuse. Singa omukyaala alaba omusaayi nga okumala ennaku tano nga âdat ye tennatuuka kyokka ate natalaba musaayi gwonna nga âdat ye etuuse ate nagulaba okumala olunaku lumu nga âdat ye eweddeko, okusinziira ku Imâm Abû Yûsuf agamba nti eyo yebeera âdat ye empya. Ate singa alaba omusaayi okumala ennaku ssatu nga ennaku ze zabadde alwaala tezinnatuuka ate bwezituuka nayongeramu endala munaana, ziri essatu ezisooka zibeera za mwezi era omuwendo gwe ennakku ze guba gukyuuse.

Byawandiikibwa bweebiti ne Imâm Fakhr-ud-dîn Uthmân Zeylâ'î rahima-hullâhu ta'âlâ yafa mwaka gwa (743 [1343 A.D], Egypt), mu kitabo kye ekiyitibwa **Tabyîn-ul-haqâiq**, ne Ahmad bin Muhammad Shelbî rahmahullahu ta'âla eyafa omwaka (1031[1621 A.D], Egypt), nga anyonyola ekitabo: "singa omukyaala alaba omusaayi nga âdat ye ebulaku olunaku lumu etuuke, ate naddamu ennaku okumala ennaku kumi mu kiseera walina okubeera omuyonjo, ate naddamu era olunaku olulala, haidh ye okusinziira ku Imâm Abû Yûsuf rahimahullah ta'âla etandiika na naku kumi zeyabeeramu nga talaba musaayi. Olunaku olusooka n'olusemba

tezibeera za musaayi kuba abeera afunye âdat empya. Tugeze âdat y'omukyaala ya nnaky tano nagoberezaako ennaku abiri mu ttano nga muyonjo: 1 – Singa alaba omussayi nga wabulayo olunaku adat ye okutuuka, ate negulekera ate neguddamu embeera gyetuyinza okuyita 'istimrâr' neguyisa mu nnaku ekkumi, ennaku tano ku zo zitwaalibwa okuba âdat ye okusinziira ku Imâm Abû Yûsuf. Olunaku olwasooka neezo ezisembayo zitwaalibwa okubeera ekikulukuto. Ate okusinziira ku Imâm Muhammad, ennaku ssatu ku zzo, zibeera âdat ye. 2 – Singa alaba omusaayi ku lunaku lwe olusooka ku âdat ye, ate oluvannyuma negulekera okumala olunaku lumu ate naddamu nagulaba okumala akaseera negusussa ennaku ekkumi, abamanyi bagamba nti ennaku ttano ku zzo yebeera âdat ye. 3 – Singa alaba omusaayi okumala ennaku ssatu nga âdat ye etandiise, ate oluvannyuma negulekera okumala ennaku bbiri ate neguddamu negujja neguyisa mu nnaku ekkumi, okusinziira ku Imâm Abû Yûsuf, ennaku ttano ezisooka yebeera âdat ye. Ate okusinziira ku Imâm Muhammad ennaku essatu ezisooka ye âdat ye.

Byawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Bahr** ne **Durr-ulmuntaqâ** bwebiti: "Singa omusaayi gujja okumala ennaku ezisukka ku ezo omukyaala zatekeddwa okulwaala (âdat) naye negulekera okujja nga ennaku ekkumi tezinnaba kuggwaayo ate negutaddamu kulabika mu nnaku ekumi ne ttano eziddako, ennaku ezo ezeeyongeramu nazo ebeera haidh. Mu mbeera eno âdat y'omukyaala oyo eba ekyuuse. Naye singa omusaayi guddamu negulabika mu nnaku ekkumi nettano eziddako, ennaku ezeyongedde mu âdat ye tebeera haidh wabula ebeera İstihâdha (kikulukuto). Era ennaku ezo bwezimala okukakasibwa nti kikulukuto, omukyaala abeera alina okunaaba natandiika okutandiika okusaala n'okusiiba singa kibeera kiseera kya kusiiba. Era akkirizibwa n'okwegatta ne bba mu nsonga zekifumbo.

Singa omuwala alaba omusaayi ku mubiri gwe omulundi ogusooka mu bulamu bwe, n'omukyaala naalaba omusaayi okumala ennaku kumi na ttano nga âdat ye ekomye, singa omusaayi gumala ennaku ssatu negulekera okujja, abantu bano bombi balina okulinda okutuusa nga ekiseera ky'esswala kinaatera okuggwaako, tebanaaba bafuna wudhu yokka nebasaala swala eriwo mu kiseera ekyo. Singa omusaayi gumala neguddamu nga bamaze okusaala, bayimiriza okusaala. Ate bwegulekera era baddamu nebafuna wudhu nebasaala swala eriwo mu kiseera ekyo.

Singa omusaayi gugenderera okumala ennaku ssatu ate

negukoma nga âdat tennaba kuggwaako, omukyaala takkirizibwa kwegatta na musajja okutuusa nga âdat eweddeko. Wabula singa talabayo wadde tondo lya musaayi okutuusa nga ekiseera kya swala kiggwaako, abeera alina okunaaba nafuna wudhu nasaala. Tasasula swala zibeera zimuyiseeko nga akyali mu mbeera ey'omussayi. Singa omusaayi teguddamu kulabika okumala ennaku kumi na ttano okuva lwegwaakoma okulabika, olunaku lwegwalekererako okujja y'ebeera âdat ye empya. Wabula singa omusaayi guddamu okujja, alekera okusaala n'okusiiba. Ennaku zasiibye aziddamu nga Ramadhani ewedde. Naye ate singa omusaayi guddamu negulekera okujja, omukyaala anaaba nga ekiseera ky'esswala kinaatera okuggwaako nasaala swala ye. Agenda mu maaso nembeera eno okutuusa ennaku ekkumi bweziggwaayo. Nga ennaku ekkumi zimaze okuyita, omukyaala asaala nga tasoose kunaaba yedde nga alabye omusaayi era akkirizibwa n'okwegatta nga tanaabye. Singa alaba omusaayi nga tannaba kusiibuluka (iftâr), okusiiba kwe kufa era olunaku olwo alina okuluddamu nga Ramadhân ewedde. Singa alaba omusaayi nga ali mu swala, swala ye efa naye ate tasasula swala za muyitako nga avudde mu mwezi. Singa alaba omusaayi ku mpale ye nga emambya esaze, atandiika okubala awo waagulabidde. Molla **Husraw** rahimahullâh ta'âla yafa (885 [1480 A.D]), yagamba bwaati ku bigambo bya Sharnablâlî mu kitabo kye **Ghurar**: "Singa omuwala alaba omusaayi olunaku lumu negukoma naamala ennaku kumi na nnya nga mutukuvu ate naddamu nagulaba olunaku lumu ate negukoma era naamala ennaku munaana nga mutukuvu ate neguddamu negulabika olunaku lumu ate negukoma naamala ennaku musanvu nga mutukuvu ate neguddamu negulabika okumala ennaku bbiri ate negukoma naamala ennaku ssatu nga mutukuvu ate neguddamu negulabika okumala olunaku lumu ate negukoma naamala ennaku bbiri nga mutukuvu ate naddamu nalwaala olunaku lumu; ennaku zino amakumi ana mu ettano, okusinziira ku Imâm Muhammad rahmahullâh ta'âla, kumi zokka ezasooka zezitwaalibwa okuba ez'omweezi (haidh), ezisigadde kibeera kikulukuto (istihâdha).

Singa omusaayi gujja okumala ennaku kumi na ttano nga tegusirisa nga gulabikanga omuntu alina ekikulukuto, okubala kusinziira ku âdat ye. Singa istimrâr ebeerawo ku muwala, kyayogerwa mu kitabo ekiyitibwa **Manhal-ul-wârdîn** nti emu ku mbeera zino ennya eyinza okuba ensonga: 1 – Singa omussayi gugenda mu maaso okujja, ennaku ekumi ezisooka zitwaalibwa okubeera haidh, ate ennaku abiri ezisigadde zibeera nnaku za kutukula. 2 – Singa omuwala afuna kye bayita istimrâr nga amaze

okuva mu wezi, omuwala ono aba afunye âdat empya. Okugeza singa omuwala alaba omusaayi okumala ennaku ttano namala ennaku makumi ana nga mutukuvu, ennaku ziri ettano ye haidh ate gali amakumi ana agaddako abeera mutukuvu. Etteeka lino likola okutuusa nga omusaayi gulekedde awo okujja. Omukyaala bweyeerabira ebiseera bya âdat ye ayitibwa **muhayyira** oba **dâlla**.

Nifâs kitegeeza musaayi ogw'okuzaala. Omusaayi ogufuluma mu mukyaala nga avuddemu olubuto. Singa omwana abeera nga alina emikono, ebigere n'omutwe. Tewali nnaku ntono ku musaayi gwa nifâs. Buli omuassyi lwegukoma okujja, omukyaala oyo alina okunaaba naddamu okusaala eza buli lunaku. Wabula talina kutandiika kwegatta nga ennaku tezinnaba kuggwaayo. Ennaku ezisinga obunji eza nifâs zibeera makumi ana. Ennaku ana bweziggwaako, anaaba natandiika okusaala yadde nga omusaayi gukyajja. Omusaayi ogujja nga ennaku amakumi ana ziweddeko kibeera kikulukuto (istihâdha). Singa omukyaala atukula nga wakayitawo ennaku abiri mu ttano oluvannyuma lw'okuzaala, 'adat ye ebeera abiri mu ttano. Singa omukyaala alaba omusaayi okumala ennaku ana mu ttano nga azadde omwana ow'okubiri, nifâs ye abalako ennaku abiri mu ttano, ennaku abiri mu ettano ezisigadde kibeera kikulukuto (istihâdha). Abeera alina okuliwa ennaku zeyalya singa guba mwezi gwa Ramadhani. Era omukyaala oyo alina okumanya ennaku zaamala ne nifâs. Singa omusaayi gukoma okujja, okugeza mu nnaku asatu mu ttano mu kifo ky'ana mu ttano, ennaku ana mu ttano zonna ebeera nifâs, era nifâs ye eba ekyuuse okuva ku abiri mu ttano okudda ku asatu mu ttano. Mu Ramadhan, singa omukyaala ali mu mwezi oba nifâs akoma okulaba omusaayi nga emambya esaze, alekera awo okulya n'okunywa okutuusa enjuba lwegwa. Wabula Ramadhan bweggwa aba alina okuliwa olunaku olwo. Singa omukyaala alwaala (haidh) oba nafuna nifâs mu kiseera kya sahûr (daaku) olunaku olwo talusiiba anyway era naalya. Amadhhab gonna ana bakkaanya nti kiri harâm ku mukyaala okusaala, okusiiba, okuyingira mu masjid, okusoma Qur'ân oba okujikwaatako, okukola tawâf (okwetoloola Kaaba) nga ali mu nnaku za haidh (omwezi) oba nifâs. Asasula ennaku zeyalya mu kisiibo naye tasasula swala. Asonyiibwa swala ezimuyitako mu budde obwo.

Byawandiikibwa bweebiti mu kitabo ekiyitibwa **Jawhara-t-unnayyira**: omukyaala alina okutegeeza bba nti agenze mu songa (ali mu mwezi). Singa bba amubuuza naye natamubuulira afuna omusango. Nabbi waffe sall-Allâhu alaih wa sallam yagamba: **'yakolimirwa omukyaala akweeka bba natamubuulira lunaku**

lwagenda mu nsonga n'olunaku lw'avaamu.' Kiri haram omusajja okubeera ne mukyaala we nga akozesa ekkubo erifulumya bbi mu kiseera nga ali mu mweezi oba nga mutukuvu. Era musango munene. Omuntu akola ekintu ekyo nemukyaala we baakolimirwa. Nabbi waffe sall-Allâhu alaih wa sallam yagamba: **'Bwemusanga abantu babiri nga bakola ebintu by'abantu b'omulembe gwa nabbi Lut, bombi mubatte.'** Singa omukyaala alaba omusaayi gwa haid nga gutandiika mu kiseera kya swala nga tannaba kujisaala, taliwa swala eyo. [Ebisngawo soma omulyango ogw'okuna mu kitabo **Endless Bliss**.]

EBIKWAATA KU WUDHU

Wudhu erina farz nya okusinziira ku madhhab ga Hanafî, farz musanvu okusinziira ku madhhab ga Mâlikî, ne farz mukaaga okusinziira ku madhhab ga Shâfi'î ne Hanbalî. Farz enya okusinziira ku madhhab ga Hanafî zeezino:

1 – Okunaaba amaaso.

2 – Okunaaba emikono, okutuusa ku nkokola.

3 – Okusimuula omutwe.

4 – Okunaaba ebigere.

Wudhu erimu ebika bina: ekimu ku byo kiri farz, ekyokubiri kiri wâjib, ekyokusatu kiri sunnat ate eky'okuna kiri mandûb.

Wudhu eri farz yekolebwa mu mbeera ya mirundi ena: embeera esooka, bwooba ogenda okusoma Qur'ân al-karîm oba nga oyagala kusaala swala. Embeera eno yonna yanyonyolwa mu bujjuvu mu kitabo ekiyitibwa Endless Bliss omulyango gwa kumi na tano. Oba nga ogenda kukola sajda ya tilâwat era nekino kyanyonyolwa mu bujjuvu mu kitabo **Endless Bliss** omulyango ogw'ekumi n'omukaaga.

Wudhu eri wâjib yeeyo omuntu gyafuna nga agenda kukola tawâf nga bwe kyanyonyolwa mukitabo **Endless Bliss** omulyango ogw'okuna.

Wudhu eri sunnat yeeyo omuntu gyafuna nga agenda kusoma Qur'ân al-karîm oba nga agenda okulambula amalaalo g'abantu abasiraamu oba okufuna wudhu nga tonnaba kunaaba.

Wudhu eri mandûb yeeyo omuntu gyafuna nga agenda kweebaka oba nga azukuse okuva mu tulo. Omuntu bwalimba oba naageya omuntu yenna oba naawuliriza enyimba ezimuvirako okufuna obwaagazi, kiri mandûb ku muntu oyo okukola tawba (okweenenya) bwamala alina okukola istighfâr Allah

okumosonyiwa ekibi kyaakoze oluvannyuma alina okufuna wudhu. Kiri mandûb era okufuna wudhu bwooba ogenda mu nkungaana zokunoonya okumanya (seminer) oba okujjuza wudhu nga olina ekintu kyokoze ekiyinza okuba nga kyonoona wudhu.

EBIKWAATA KU MAZZI

Amazzi galimu emiteeko ena: Mâ-i-mutlaq, Mâ-i-muqayyad, Mâ-i-mashkûk, Mâ-i-musta'mal. Mâ kigambo kya lulimi luwarabu ekitegeeza "amazzi".

1 – Ekyokulabirako eky'amazzi agayitibwa mâ-i-mutlaq; amazzi g'enkuba, amazzi g'enyanja, amazzi agakulukuta, amazzi g'ensulo. Ekika ky'amazzi gano kirinamu ekirungo ekifuula ebintu ebijama okutukula. Gasobola okukozesebwa omulimo gwonna.

2 – Ekyokulabirako eky'amazzi agayitibwa mâ-i-muqayyad: omubisi gwa watermelon (kibala kyakula nga ensujju), omubisi ogukamuddwa mu mizabibu, omubisi ogukamuddwa mu bimuli nebiringa ebyo. Amazi agekikula kino nago galina ekirungo ekifuula ebintu ebijama okutukula naye ate tegakozesebwa mu kufuna wudhu oba okunaaba.

3 – Amazzi endogoyi genyweddeko nelekaawo gayitibwa mâ-i-mashkûk. Gakkirizibwa okufunisa wudhu n'okunaaba. Omuntu akkirizibwa okusooka ekimu ku bbyo, okunaaba oba okufuna wudhu.

4 – Amazzi gafuuka ddi mâ-i-musta'mal, nga gatuuse wansi oba nga gaakava ku mubiri nga omuntu anaaba, ekibuuzo kino abamanyi bakinyyonyola mu ngeri zanjawulo. Ekisinga okumanyikwa, amazzi gafuuka musta'mal nga gavudde ku mubiri gw'omuntu anaaba, era fatuwâ eno yakkanyizibwaako mu nkola ya ijtihâd. Okusinziira ku ijtihâd eno, waliwo ebigambo bya mirundi esatu. Okusinziira ku Imâm A'zam (Abû Hanîfa) rahma-hullâhu ta'âla agamba nti amazi ago gabeera najâsat-i-ghalîza. Ate okusinziira ku Imâm Abû Yûsuf rahma-hullâhu ta'âla agamba nti amazzi ago gabeera najâsat-i-khafîfa. Ate okusinziira ku Imâm Muhammad rahma-hullâhu ta'âla, amazzi ago gabeera matukuvu.

Obukwakkulizo mwenda obusaana okubeerawo wudhu okukukakatako.

1 – Okubeera omusiraamu.

2 – Okubeera nga owezezza emyaka gy'obukulu.

3 – Okubeera omwegendereza.

4 – Okubeera nga tolina wudhu.

5 – Amazzi g'ogenda okufunyisa wudgu galina okubeera amayonjo.

6 – Olina okubeera n'obusobozi b'wokufuna wudhu.

7 – Ku mukyaala alina okubeera nga tali mu mwezi.

8 – Ku mukyaala era alina okubeera nga tali mu nifâs.

9 – Ku nsonga za swala ettaano eza buli lunaku, ekiseera kirina okuba nga kituuse. Akakwakkulizo ak'omwenda kakwaata ku muntu alina udhr, nga bweyanyonylwa mu mu mulyango ogw'omukaaga mu kitabo ekiyitibwa Endless Bliss.

SUNNA ZA WUDHU

Sunna makumi abiri mu zimenyeddwa wansi,

1 – Okwogera, "Aûdh…" ekigambo obujjuvu bw'akyo: "A'ûdhu billâhi min- ash-shaytân-ir-rajîm."

2 – Okwogera Basmala, kiggwaayo nti: "Bismillâh-ir-Rahmânir-Rahîm."

3 – Okunaaba ebibatu.

4 – Okukola khilâl wakati w'engalo, okugeza okunaaba emyagaanya gyengalo.

5 – Okunaaba mu kamwa.

6 – Okuyisa amazzi mu nyindo.

7 – Okutoola niyyat. Okusinziira ku madhhab ga Hanafî, kiri sunnat, tekiri farz okutoola niyyat nga onaaba mu kamwa. Naye ate kiri farz okusinziira ku madhhab ga Shâfi'î. Ate mu madhhab ga Mâlikî, kiri farz okutoola niyyat nga onaaba emikon.

8 – Okutunula mu kibula.

9 – Okukola khilâl mu birevu, okuyisa engalo mu birevu byo nga onaaba amaaso.

10 – Okusimuula ebirevu.

11 – Okutandiikira ku mukono ogwa ddyo.

12 – Okukola khilâl wakati w'obugere nga otandikira ku kugulu okwa ddyo.

13 – Okusimuula omutwe gwonna.

14 – Okusimuula amatu gombi okutuusa emabega ku nkoona nga okozesa amazzi agasigadde mu ngalo nga osimuula omutwe.

15 – Okulilaanyisa.

16 – Obutayimirizaamu, okugeza okunaaba kiyungo ku kiyungo nga toyimirizzaamu.

17 – Nga osimuula omutwe olina okutandiikira mu maaso.

18 – Okukozesa/okusenyesa miswâk (omuswaki ogw'ekiti).

19 – Okukakasa nti amazzi gatuuse mu nsonda z'amaaso ne mu bisige.

20 – Dalk, okusimuula ebiyungo byomaze okunaaba mpola mpola nga okozesa engalo.

21 – Okunaaba buli kiyungo emirundi esatu.

22 – Obutoogera ku bintu bya nsi nga ofuna wudhu.

23 – Okujjuza ekyombo kyokozesezza amazzi nga omaze okufuna wudhu.

24 – Okugezaako okukuuma wudhu.

25 – Okusigala ne niyyat okutuusa nga omaze okufuna wudhu.

OKUKOZESA MISWÂK

Okukozesa miswâk kulina emigaso kumi n'etaano. Emigaso gino, jajjibwa mu kitabo ekiyitibwa **Sirâj-ul-wahhâj** (ekitabo kino kirina emizingo esatu, nga enyinyola ezirimu zaakolebwa Abû Bakr bin Alî Haddâd Yamanî rahmatullâhi ta'âlâ alaih yafa mwaka gwa 800 [1397 A.D.], eri ekitabo ekiyitibwa **Mukhasar-i-Qudûrî**, ekyaali kiwandikiddwa ne Abul Hueyn Ahmad bin Muhammad Baghdâdî rahmatullâhi ta'âlâ alaihi, yazaalibwa mwaka gwa 362 [973 A.D.] yafa mwaka gwa 428 [1037], Baghdâd). Egimu ku migaso gy'okukozesa miswâk:

1 – Guyamba okugumya ekibuno.

2 – Guyamba okumala olusu olubi mu kamwa.

3 – Guyamba okuwonya okulumizibwa amanyyo.

4 – Allâh aba musanyufu ku muntu akozesa miswâk.

5 – Guyamba okugumya emisiwa egikwaata amanyyo.

6 – Shaytwân enakuwala nga erabye omuntu akozesa omuswâki.

7 – Allâh akuwaamu empeera.

8 – Gulongoosa akamwa.

9 – Obeera otadde mu nkola enkola y'omubaka ey'okukozesa miswâk.

DUWA EZISOMWA NGA OFUNA WUDHU

Nga otandiika okufuna wudhu osoma: **"Bismillâh-il-"adhîm wa-l-hamd-u-li-l-lâhi 'alâ dîn-il-islâmi wa 'alâ tawfîq-ilîmâni al-hamd-u-li-l-lâh-il-ledhî ja'al-al-mâa tahûran wa ja'al-alislâma nûran."**

Nga oteeka amazzi mu kamwa osoma: **"Allâhummasqinî min hawdi nabbiyy-ika ka'san lâ 'azmau ba'dahu abadan."**

Nga oteeka amazzi mu nyindo osoma: **"Allâhumma arihnî râyiha-t-al Jannati wa-r-zuqnî min naîmihâ wa lâ turihnî râyihatan-nârî."**

Nga onaaba mu maaso osoma: **"Allâhumma bayyid wejhî binûrika yawma tebyaddu wujûhu awliyâika walâ tusewwid wejhî bizunûbî yawma tesweddu wujûhu a'dâika."**

Nga onaaba omukono ogwa ddyo osoma: **"Allâhumma a'tinî kitâbî bi-yemîni wa hâsibnî hisâban yesîran."**

Nga onaaba omukono ogwa kono osoma: **"Allâhumma lâ tu'tinî kitâbî bishimâlî wa lâ min warâî zahrî walâ tuhâsibnî hisâban shedîdan."**

Nga osiiga omutwe osoma: **"Allâhumma harrim sha'rî wa basharî 'alannârî wa azillenî tahta dhillî 'Arshika yawma lâ dhilla illâ dhilluka."**

Nga osimuula amatu osoma: **"Allâhumma-j'alnî minalla-dhîna yastami'ûna-l-qawla fa yattabi'ûna ahsanah."**

Nga osiiga emabega w'ensingo osoma: **"Allâhumma a'tik raqâbatî min-an-nâri wahfaz min-as-salâsili wal- aghlâl."**

Nga onaaba okugulu okwa ddyo osoma: **"Allâhumma thabbit qadamayya 'ala-s-sirâti yawma tezillu fîhil-aqdâm."**

Nga onaaba okugulu okwa kkono osoma: **"Allâhumma lâ-tatrud qadamayya 'ala-s-sirâti yawma tatrudu kullu aqdâmi a'daika. Allâhumma-j'al sa'yî mashkûran wa zanbî maghfûran wa 'amalî maqbûlan wa tijâratî lan'tabûra."**

Nga omaze okufuna wudhu osoma: **"Ash'hadu anlâ ilâha illa llâhu wa'ash'hadu anna Muhammada abduhu warasûluhu. Allâhumma-j'alnî min-at-tawwâbîna wa-j'alnî min-almutatwahhirîna wa-j'alnî min 'ibâdika-s-swâlihîna wa-j'alnî min-alladhîna lâ khawfun 'alaihim walâ hum yahzenûn."**

Bwotunula waggulu osoma: **"Subhânakallâhumma wa bihamdika esh-hadu an lâ ilâha illâ Anta wahdaka lâ sherîka laka wa anna Muhammadan 'abduka wa rasûluka."**

OBUKULU BWA TAKBIRA EGGULAWO ESWALA "TAKBÎRAT IFTITÂH"

Omuntu bw'atoola Takbîra esooka (takbîrat iftitâh) awamu ne imamu mu swala, asangulwaako ensobi (amazambi). Lumu ku makya, omubaka wa Allah emirembe gibeere kuye, (Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam') yasaaza namâz (eswala) ey'okumakya "swalat Fajri". Oluvannyuma yalaba omuntu omu eyakeerewa okujja mu swala eno era teyasanga "takbîrat iftitâh" eya swalat Fajri. Kulunaku olwo lwenyini omusajja oyo eyayitwaako (takbîrat iftitâh) yagenda naanunula omuddu. Oluvannyuma yabuuza Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam': owange ggwe omubaka wa Allah! Olwa leero sisaanze takbîrat iftitâh ku swalat Fajri kumakya, naye nanunudde omuddu. Wabula mbuuza empeera ez'okununula omuddu ziyinza okwenkanakana neza takbîrat iftitâh eyampiseeko kumakya? Mukaseera ako, Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yabuuza Abû Bakr Allah asiime kuye: **" Kiki ky'ogamba ku takbirat eggulawo eswalah (takbîrat iftitâh)?"** Abû Bakr Siddîq Allah yaddamu agamba nti: owange ggwe omubaka wa Allah! Ssinga mbadde n'engamiya amakumi aana nga zonna z'etisse zaabu, oluvannyuma ebyobuggaga ebyo nembiwa abanaku nga sadaka, sandifunye mpeera nga ezooyo atodde takbîrat iftitâh wamu ne imâmu. Oluvannyuma Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yabuuza Khalifa Umar Allah asiime kuye: **"Kiki ky'ogamba ku takbîrat iftitâh?"** Umar yaddamu agamba nti: owange ggwe omubaka wa Allah! Ssinga mbadde n'engamiya nga zijjula wakati wa Makkah n'emadina era nga zonna z'etisse zaabu, oluvannyuma ebyobuggaga ebyo nembiwaayo eri abanaku nga sadaka, sandifunye mpeera nga ezooyo atodde takbîrat iftitâh wamu ne imâmu. Eera Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yabuuza Khalifa Uthman Allah asiime kuye, ntinno **"Kiki ky'ogamba ku takbîr iftitâh?"** Uthman Allah assiime kuye yaddamu nagamba nti: owange ggwe omubaka wa Allah! Ssinga nsadde eraaka bbiri ez'ekiro nga mubuli raaka nsomeramu Kur'an yonna nengimalako sandisobodde kufuna mpeera nga ezooyo atodde takbîr iftitâh awamu ne imamu. Oluvannyuma khalifa Ali Allah assiime kuye, yabuzibwa ; owange ggwe Ali: **"Kiki ky'ogamba ku takbirah eggulawo eswalah?"** Yaddamu bwaati: Owange ggwe omubaka wa Allah! Ssinga ngeenze okulwaana mu kkubo lya Allah "Jihad" nempangula abatakkiriza Allah bonna ebuvanjuba n'ebugwanjuba w'ensi eno sandifunye mpeera nga

ezooyo atodde takbîrat iftitâh wamu ne imâmu.

Oluvannyuma olw'okubuuza abagoberezi be abo abana, owekitiibwa nabbi Muhammad Allah asse emirembe n'okusasira kuyye yagamba bwati: **Abange mmwe ab'ekibiina kyange ne ba Sahâba bange! Ssinga emyaliliro omusanvu ejje'gguli n'ensi zaali mpapula era enyanja zonna kunsi yali bwiino era nga emiti gyonna gyaali kalaamu nga malaika zonna zaali ziwandiika okutuusa olunaku lwenkomerero; tezandisobodde kuwandika bungi bw'ampeera za "takbîrat iftitâh." Abaffe ssinga webuuza nti Malaika za Allah zenkana zitya obungi?** Ekyokuddamu kiikino: Lumu omubaka wa Allah nabbi Muhammad 'sall-Allâhu'alaihi wa sallam' bweyali agenda mu ggulu mu kkiro kya "Isra'i wal Mi'râj" yatuka mu ggulu n'alaba ba malaika nga balambuula omuliro, ejjana, nga n'ezzimu z'etoloola ka'aba ey'omuggulu "Bayt-i-ma'mûr" naye nga malaika egenda tekomawo! Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yabuuza malaika Jibuliilu, nti malaika ezetoloola **Bayt-i-ma'mûr** nga tezikomawo? Ziraga waa? **Jebrâîl 'alaihis-salâm'** yamuddamu namugamba: Owange ggwe omubaka wa Allah, okuva kulunaku lwenatondebwa sirabanga ku malaika yetoloola Bayt-i-ma'mûr nemala n'ekomawo. Buli malaika emala okwetoloola **Bayt-i-ma'mûr egenda era erikomawo ku lunaku lwa Qiyaama."**

Omuntu bw'abera mukusaala esswala, n'asaba Allah okumukingiriza sitaan era naggulawo eswala eyo nga asoma erinya lya Allah "Basmala", Allah ow'ekitiibwa awa omuntu oyo empeera ezenkana n'obuviri obuli kumubiri gwe. Nabwekityo, omuntu oyo bw'asoma essuula Alhamdu **"Fâtiha"** Allah asasula omudduwe oyo empeera ezenkana nez'omuntu akoze hijja. Omuntu oyo bwakka ku mavivi oba **"Rukû"** n'asoma bwati: "Subhâna Rabbiy-al- 'adhîm," emirundi esatu, Allah amusasula empera nga ezooyo awaddeyo sadaaka. Era, omuntu oyo bw'asituka okuva mu ruku'u nagamba nti; **"Sami' Allâhu liman hamidah,"** Allah amuteeka mukusasira kwe. Bwakka wansi ku sajda, na'soma "Subhâna Rabbiy-al-a'lâ," emirundi esatu, Allah, asasula omudduwe oyo empeera zino; Ekisooka Allah amuwa empeera ezizitowa nga namulondo ye "Arsh". Eky'okubiri kulunaku lw'enkomerero Allah ajja kusonyiwa omudduwe oyo. Eky'okusatu, omuntu oyo bw'afa, malaika eyitibwa Mikâîl ejja kulambuula entaana ye okutuusa ku lunaku lw'enkomerero. Eky'okuna, ku lunaku olw'okuzukira, Mikâîl ''alaihis-salâm' ajja kusitulira omuntu oyo kubiwawaatiro bye mpaka amutuuse mu jjana. Nabw'ekityo, omuntu oyo bwatuula ku tashahhudu,

olutuula olusembayo, Allah amuwa empeera nga zagenda okuwa abasiraamu abaali abanaku nga baguminkiriza. Abasiramu abaavu nga baguminkiriza balina enkizo nti bajja kuyingira ejjana wayitewo emyaka bikumi bitaano a basiramu abagagga baly'oke bagiyingire, era bajja kwegoomba abo abali abaavu.

Mu ntaana, bamalaika bajja kubuza omuntu eyali tasaala; "owaye eswala wazisaala bulungi", bamalaika bajja kugamba; "Okikakasa ntino okufa kukutuuseko kati? Era ebibonerezo ebikambwe bikulinze kati,".

EJJANA EY'OMUWENDO "JANNÂT-I-ÂLIYYÂT"

Ejjana erina emilyango munaana, era n'ebisumuluzo by'ennimiro z'ejjana biri munaana. Omulyango ogusooka guyitibwa îmân (Kukkiriza), gujjakuba gw'abakkiriza abaasalaanga esswala ettano mubutuufu bwaazo. Omulyango ogw'okubiri guyitibwa Basmala-i-sherîfa. Emilyango omukaaga egisigadde gyanyonyolwa mu Qur'ân ey'ekitiibwa. Wabula zzo enimiro ez'omujjana omunaana zezino;

1–Dâr-i-jelâl.
2–Dâr-i-qarâr.
3–Dâr-i-salâm.
4–Jannat-ul-khuld.
5–Jannat-ul-Ma'wâ.
6–Jannat-ul- 'adn.
7–Jannat-ul-firdavs.
8–Jannat-ul-na'îm.

Ennnimiro zino zawukana mundabika yaazo;

1– Dâr-i-jelâl erimu ekitangala ekyeeru era emasamasa.
2– Dâr-i-qarâr yo ya langi ya kasaayi.
3– Dâr-i-salâm yo erina langi ya kiragala
4– Jannat-ul-khuld yo emasamasa nga olwaazi
5– Jannat-ul-Ma'wâ yo ya zaabu.
6– Jannat-ul-'adn (Eden) yo ya feza.
7– Jannat-ul-firdeus, yo eggata zaabu ne feeza (gold ne silver).
8– Jannat-ul-na'îm enno yo mmukirivu nayo.

Abakkiriza abanayingira ejjana bakujibeeramu lubeerera nga tebagivaamu. Era n'abakyaala abomujjana tebajja kugendanga mu nsoonga za kikyaala eza buli mwezi (Periods). Abantu ab'omujjana buli kika kya mmere oba eky'okunywa kyonna kyebaagala kijja kubaweebwanga. Abomujjana tebajja kuba nakintu kyonna kitewaanya bulamu bwaabwe nga: okukola emirimu, okufumba, okuyonja, n'ebilala. Abakkiriza abanabeeera mujjana bajja kulaba ebinyonyi nga biyita waggulu ku mayumba gaabwe gebaliba bawummuliddemu. Ekinyonyi kyonna kyebaliba baggadde okulyaako, kijja kuleetebwa gyebali nga kikalilire balye. Akaseera konna webalyaagalira okulya ku nyama y'ekinyonyi ekilala, ejjakuletebwa butereevu gyebali mpaka obwetaavu bwaabwe bwebuliggwaawo.

Ettaka ery'omujjana lyakolebwa mu buwowo "Miski" ate ennyumba z'ejjana za zimbibwa mu zaabu na ffeeza. Abasajja abaliyingira ejjana Allah ajja kubawa amaanyi g'ekissajja nga buli omu alina amaanyi genkana ag'abassajja kikumi. Buli mussajja ajja kuweebwa abakyala nsaanvu ku mberela zomujjana n'ababiri kubakazi b'okunsi. Jjana ejjakuba ne migga ena, nga gyonna giva kunsibuko yeemu naye nga gyawukana mu mpooma yaajo n'enkulukusa ya'amazzi. Omugga ogumu gujja kuba nga gukulukusa amazzi amanyirivu, ogw'okubiri gukulukuse amata, ogw'okusatu gukulukuse eby'okunywa ebyenjawulo ate ogw'okuna gujja kukulukusa mubisi nga ogwenjuki. Mujjana mulimu ebizimbe ebiwanvu ennyo, bijjakuba nga byewetaamu bikke wansi abakkiriza babirinye bibatwaale yonna gyebagala.

Abanayingira mujjana bajja kunyumirwa eby'okulya n'ebyokunywa; balye era banywe lubeerera naye nga tebafuyisa wadde okugenda mu kabuyonjo. Tebajja kuba nabwetaavu bwonna nga omuntu wokunsi bwabeera nabwo buli kaseera, gamba nga oluvannyuma lw'okunywa oba okulya ekintu kyonna, omuntu kunsi kuno aba yetaaga ogenda emmaanju naye abomujjana bajja kuberawo lubeerera nga tebafulumya kikyafu kyonna kuva mumibiri gyaabwe. Ow'ekitiibwa Allahu Subhanahu Wata'allah, aligamba abakkirizza nga bayingidde ejjana: **"Baddu bange kiki ekilala kyemwaagala mbongere? Mutebenkere era mweyagalire mu jjana!"** Abaddu ba Allah bajja kuddamu bweebati : "Ayi mukama katonda omulezi waffe! Otuwonyezza geyeena era notuyingiza ennyumba yo ey'emirembe "Ejjana", notugabilira ebyengera ebyomujjana, mazima ddala kyabuswaavu nyo okukusaba ebintu ebilala." Allah omugulumivu ajja kuddamu abagambe: **"Baddu bange! waliyo ekintu ekilala kyemutekeddwa**

okunsaba ekitali ebyo byemuwereddwa." Abaddu ba Allah bajjakuddamu bagambe, tetulina kilala kyetusaba, era tetumanyi kiki kyetuba tusaba. Allah ajja kubabuuza: **"Baddu bange! Bwemwafunanga obuzibu bwonna kunsi mwakolanga mutya?"** Bwebaliddamu nebamugamba nti twebuuzanga kubamanyi "ulamâ" era ebizibu byaabwe nebiggwaawo, nabwekityo Allah subhânahu wa ta'âlâ alibagamba: **Bwemutyo bwemuba mukola, mwebuuze kubamanyi "ulamâ**." Abamanyi baligamba abakkiriza abaliba bayingidde ejjana: " Abange mmwe abomujjana, mwerabidde obulungi bwa Allah subhânahu wa ta'âlâ Jemâlullah? Mujjukire akaseera kemwaali munsi mwaali muyaayaanira okulaba ku Allah subhânahu wa ta'âlâ. Kati ekyo kyemuba musaba Allah abasobozese mubeere nga mumulabako. Mukaseera ako kennyini balisaba Allah babeere nga bamulabako. Allah Alibaanukula nga Yeeyoleka gyebali balabe obulungi bwe mubujjuvu. Bwebaligmba nti mazima ddala Allah nga mulungi, enyonta yaabwe eyokulab Allah eribaggwaako okumala enkumi nenkumi ze myaka.

Omukkiriza yenna mujjana, ebibala bijja kumwetoloola. Ekibala kyonna ekirijja mundowoza ye nga ayagala akilyeeko, ekibala ekyo kirisembezebwa gyaaliba atudde n'akilya. Obuwomi bw'ekyo ekibala buliba tebunaggwa muttama lye nga ekibala ekilala kimutusibwaako waaliba atudde. Bwa'atyo Allah Rabb-ul-'izza bwajja okugooza embeera y'abakkiriza abomujjana.

Bw'oba omugezi saala esswala, mazima ddala y'engule y'essanyu.
Era fuba nyo weyigirize okusaala, kubanga kijjakkusukkulumya kubalala.

OKULIWA ESSWALA EZITASAALIDDWA MUBUDDE BWAAZO (Qadâ SALAAT)

Esswala esaaliddwa mubudde bwaayo erina empeera mpitirivu era erina enkizo ku sswala endala yonna. Abamanyi b'oBusiraamu battotola ezimu kumpera z'esswala esaaliddwa mubudde bweebati;

1– Omuntu assadde eswala mubudde bwaayo, ekyenyi kye kijja kwaakayakana.

2– Obuwangaazi bw'omuntu oyo bujjakuberamu emikisa (barakât).

3– Okusaba kwe kwonna Allâhu ta'âlâ akwaanukula.

4– Omusaaze ajja kufuna ebirungi biyitirivu.

5– Omusaaze ajja kw'agalibwa n'abakkiriza bonna bonna.

Wabula omuntu yenna bwalagajjalira esswala n'atagisaala mubudde bwaayo nga talina kimulemesa kugisaala mubudde bwaayo; omuntu oyo ajja kufuna ebibonerezo bya mirundi kumi n'etano. Bitano kubino byakunsi; bisatu kubyo byamukaseera k'okufa; ate bisatu ngali muntaana; ate ebina byakulanaku lw'enkomelero.

Ebibonerezo ebitano eby'okunsi byeebino:

1– Ekyenyi kye tekibera nakitangaala.

2– Obuwangaazi bwe tebuberamu mikisa (barakât).

3– Allah tayanukula kusaba kwe.

4– Tafuna kusasirwa kwa Allâhu ta'âlâ.

5– Tafuna mpeera eza ibadaat endala.

Ebibonerezo ebisatu by'afuna mu kadde k'okufa (sakarât-i-mawt) byebino:

1– Ajja kufa nga muyala.

2– Ajja kufa ne nnyonta.

3– Ajja kufa nga munyomoofu nyo.

Ebibonerezo ebisatu nga alimuntana byebino:

1– Entana ejjakumunyiga, mpaka embirizi ze olwaddyo n'olwakkono zegatte.

2– Entaana ye ejjakujjula muliro.

3– Omuntu aleka esswala, mu kaburi ajjakumubonerezebwa ne namuunkaanga ayitibwa "Aqra". Omuntu oyo alilaajanira mu kaburi kubanga alikubwa enyondo aakkirira wansi mu ttaka ensi jeekoma. Alijjibwaayo ate naddamu nakubibwa omulundi omulala. Okubonerezebwa kuno kuli gendelera mpaka kulunaku lw'enkomerero.

Ebibonerezo ebina omuntu aleka swala byalifuna kulunaku lw'okuzukira:

1– Ajjakuyita mu bikemo bingi.

2– Allâhu 'adhîm-ush-shân ajjakumunyiigira.

3– Aliyingizibwa omuliro geyeena.

4– Mukyenyi kye kijjakubeeramu ebiwandiko bisatu.

Ekiwandiko ekisooka nga kigamba: Omuntu ono asaana ekibonerezo kya Allâhu ta'âlâ.

Ekigambo eky'okubiri nga kigamba: Omuntu ono yawakanya amazima ga Allâhu ta'âlâ.

Eky'okusatu nga kigamba: Nga bwe wawakanya amazima ga Allâhu ta'âlâ, oliwala nyo n'omubaka wa Allâhu ta'âlâ.

Eswala mpagi nkulu nyo mu Busiraamu. Era omuntu bw'asaala esswala zze ettano eza buli lunaku aba ayimirizzaawo eddini ye.

Nabwekityo omuntu bw'alagajjalira esswala nayitibwaako wadde swala emmu era natagiliwa, abamanyi bonna bagamba nti omuntu oyo alamulibwa mu kooti y'oBusiraamu era naweebwa ekibonerezo kyakuttibwa. Okusinziira ku mazehebu ga Hanafî bagamba bati tekisaana kutta muntu alese esswala. Newankubadde aba azzizza omusango gwa naggomola 'akbar-i-kebâir'. Wabula kiba kisaana omuntu oyo okumuteeka mu kkomera mpaaka lwatandiika okusaala swala eza buli lunaku. Naye omuntu bwalagajjalira esswala natasaala kubanga takkiliriza mubukulu bwaayo, era nga takkiriza nti mpagi ya Busiraamu, omuntu oyo aba (mukafiiri) ajjemedde Allah.

Omuntu bw'alagajjalira esswala nemuyitako nga talina nsoonga yonna yonna emulemesezza okusaala mubudde, oluvannyuma naliwa esswala eyo, omuntu oyo alibonerezebwa kulunaku lw'enkomelero okumala 'huqba' ebbanga lya myaka munaana nga ali mugeyeena. Wabula okusonyiwibwa ezzambi eryo, omuntu oyo atekeddwa okukola Tawba (okwenenya ewa Allah), era alina okusaba ennyo Allah owekitiibwa abeere nga amusonyiwa ensobi eyo ey'okulagajjalira esswala.

(Jjukira nti kulunaku lw'enkomelero, olunaku olumu luliba lwenkanankana ne myaka lukumi egy'okuduniya. Kati kubamu akafananyi omwaaka ogumu ku lunaku lwa qiyaama gulyenkana gutya?)

[Muhammad Amîn mutabanyi wa Âbidîn 'rahmatullâhi 'alaih' mukitabo kye ekiyitibwa Radd-ul-muhtâr agamba bwaati:

Okuva edda Swala tteeka lya ddini elyalaalikibwa kubagoberezi bamadiini agasooka ne kubakulembeze b'oBusiraamu (banabbi) abasooka bonna. Eky'okulabilako, Âdam ''alaihis-salâm' yasaalanga esswala muttuntu buli lunaku, ate Ya'qûb ''alaihis-salâm' yasaalanga buli lunaku nga enjuba ewungeera, wabula Yûnus ''alaihis-salâm' ye yasaalanga buli kiro. Nga bwetutekeddwa okumanya ebintu ebitakkirizibwa mu Busiraamu n'okumanya biki ebikkirizibwa mu Busiraamu, nabwekityo tutekeddwa okumanya nti esswala ettano ezaabuli lunaku buvunyizibwa bwaffe okuzisaala era liba bbanja gyetuli singa tuzilagajjalira nezituyitako.

Kikakata ku buli mwaana omulenzi n'omuwala yenna omusiraamu nga mutegeevu abeera awezzeza emyaka ejj'obukuli, okusaala esswala ettano eza buli lunaku, okujjako nga babadde

nekisonyiwo (okugeza omuwala nga ali munsoonga z'ekikyala asonyiwibwa okasaala esswala ettano okutuusa lwaava munsoonga). Eswala ettano zaafuka etteeka "farz" ku bagoberezi ba nabbi Muhammad 'sall-Allâhu'alaihi wa sallam' mukiro ekya Mi'râj, Rasullah weyagendera muggulu. Emboozi eyawandiikibwa mu bitabo bino; **Muqaddima-us-salât**, ekilala kiyitibwa **Tafsîr-i-Mazharî** ne mu **Halabiy-i-kabîr** egamba bweeti: "Muhammad sall-Allâhu'alaihi wa sallam' bweyagenda muggulu **Jebrâîl 'alaihis-salâm'** yamuyigiriza engeri gyebasaala. **Era Rasullah yannyonyolwa bwalina okusaala kumakya enyo nga emambya yakasala; (Salat Subhi) ne bwasaala muttuntu (Salat Dhuhri); nebwasaala akawungeezi (Salat Aswiri); nebwasaala nga enjuba yaakagwa (Salat Magrib); nebwasaala ekiro nga enzikiza ekutte (Salat Ishae). Bwatyo Rasullullah yayigilizibwa obudde bw'esswala obwenjawulo abasiraamu bwebateekeddwa okugobelera nga basaala eswala ettano eza buli lunaku**." Abasiraamu ffena twawandikibwaako okusaala eswala ettano eza buli lunaku. Era kikakata ku buli muzadde okulagira omwana we nga awezezza emyaka omusanvu okusaala swala ettano ezaalalikibwa ku buli musiraamu. Omwaana bwaweza emyaka kumi akubwaamu obuswaanyu/ kibooko, bwaaba alese esswala. Omwaana ow'emyaka ekkumi akubwa emiggo singa agaana okusiiba oba singa anywa ebintu ebitamiiza nga omwenge nebilagalagala, oba okumuziyiza ekikolwa ekikyaamu kyonna. Omuntu yenna atakkiriza nti swala mpagi ya Busiraamu era ekakata ku buli musiraamu yenna, omuntu oyo aba ajemedde Allah (kâfir). Omusiraamu bwatasaala nga anyoomelera esswala, omusiraamu oyo aba mwonoonefu fâsiq. Okusinziira ku mazehebu ga Shâfi'î gagamba nti bwetulaba nga omuntu asaala eswala ettanu buli lunaku nga azisaala mu jamâ'at, omuntu oyo tukikakase nti musiraamu owanamaddala kubanga abasiraam abamu tebasaala mu jamâ'at, eswala bazisaala kinnomu. Eswala kikolwa kya kusinza ekibeerawo mubikolwa eby'omubiri n'ebigambo ebisomwa omusaaze. Ekyo kiwa swala ekinzo nti omukkiriza omulala tasobola kusaalira munne nga bweguli ku zakat ne hajj. Wabula buli musiraamu yenna alina okusaaala esswala ezimukakatako nga teyesigamidde ku muntu mulala yenna. Zakât yo eyawukana ku sswalat, kubanga yo ibada ya kujja mu byabugagga by'omuntu nawaayo omutemwa eri abasolooza zakât. Wabula zakat omuntu nanyini maali ayinza okusigira omuntu omulala namukwaasa obuvunyizibwa obw'okujja zakât mu maali ye nga taliiwo. Ate hijja ekolebwa n'omuntu eyeesobola

nga mulamu mumubiri era ng'alina n'obusobozi bw'ensimbi. Wabula omuntu alina ekimuteteegenya, gamba nga obukosefu mumubiri oba omukadde enyo, omuntu oyo akkirizibwa okukoseza ssente ze naaziwa omuntu omalala namukolela hijja. Bwekityo era bwekiri ne kukusiiba nga omuntu atalina ssubi kuddamu kusiiba gamba ng'alina obulwadde obutawona, oba omukadde enyo, ng'alina essente (maali ewera) omuntu oyo akkirizibwa okuliisa (okusiibulula) omuntu omunaku omu buli lunaku mpaka ekisiibo bwekigwaako, era naafuna empeera nga ez'oyo asiibye. Wa'aba tasobola kuliisa munaku, talina musango gw'obutasiiba. Wabula tekikirizibwa kusasulira swala nga okozesa ssente oba okuwa omutaango gwonna, okujjako okusaala swala yenyini.

Tekikkirizibwa kusaala swala yonna nga obudde bwaayo tebunnatuuka kubaanga buli swala erina obudde bwaayo obukakafu. Okusiiba kw'omweezi gwa alamanzaani nakwo tekusaana nga omweezi gwa alamanzaani tegulabise nga nabakulembeze boBusiraamu tebannalangilira.

Omusiraamu bwakeera okuyingira mu muzigiti kumakya nga azze okusaala swala eya subuhi, kirungi nga tannasaala Subhi abeere nga asaala eraaka bbiri eza sunnat ezikulembera swalat subhi (Kabliyya). Raaka ezo ebbiri nkulu nyo mubulamu bw'omusiraamu. Wabula omusiraamu bwakeerewa okujja mu muzigi okusaala swala eya subuhi ku makya, naasanga nga jamâ'at etandiise, yegatta butereevu ku jamâ'at eya swalat subhi, kubanga empeera zaayo mpitirivu nyo zatatekeddwa kusubwa.

Omusiraamu bwatasaala emu ku swala ettano mukiseera kyaayo ekimanyikiddwa nga waliwo ensonga emusonyiyisa "udhr", eswala eyo ebalibwa nti emuyiseeko "fawâit" era akkirizibwa okugisaala mubudde obulala "qadâ fawâit". Wabula omusiraamu yenna bwatasaala emu ku swala ettano mukiseera kyayo ekyakakata nga talina nsonga yonna emusonyiyisa "udhr", abalibwa nti eswala eyo agirese bulesi **"matrûkât"** era aba azzizza gwanaggomola. Nabwekityo atekeddwa okwenenya ewa Allah ta'ala (tawba) era asaale eswala eyo gy'aba yalese mubugenderevu. Alina okutuukiriza obulombolombo bw'okwenenya, omuli obutaddamu kukola zambi lyewenenyezza, mumbeera eno bwamala okwenenya taddamu kuleka swala mulundi mulala gwonna.

Esonga (udhr) ezatekebwaawo oBusiraamu ezzikkirizisa omusiraamu okuliwa eswala gy'aba tasadde mubudde bwaayo zeezino: Esooka, omusiraamu bw'aba ayolekedde abalabe nga ali

mu mbeera ey'obunkenke n'okutya, eswala n'emuyitako, akkirizibwa okugisaala oluvannyuma mukiseera ekilala. Ensoonga ey'okubili omusiraamu bw'aba avuga ekkiduka nga tasobola kutegeera wa Qibla gyeeri, akkirizibwa okuliwa eswala. Omusiraamu omulala akkirizibwa okuliwa eswala, y'oyo ali mu lugeendo oluwaanvu enyo (musâfir). Omulala akkirizibwa okuliwa eswala y'oyo aba ayitiddwaako eswala nga abadde mubuwambe, abazigu bwebamuta akkirizibwa okusaala swala eyamuyiseeko. Omuteeko omulala gw'abo abayitibwaako eswala nga beebase oba beerabidde, wonna wazuukukira oba wajjukilira ateekwa buteekwa kusaala eswala eba yamuyiseeko. Omuteeko gw'abo abataasa obulamu bw'abantu abalala, gamba nga abasawo, omuzaliisa (nurse), abajjanjaba abalwadde, bwayitibwaako swala nga abadde mukujjanjaba muntu, akkirizibwa okugisaala mu budde obulala.

Kikakata ku musiraamu okuliwa eswala eba yamuyiseeko kweezo ezaamulaalikibwaako (eswala ettano). Omusiraamu bw'aba aliwa eswala asooka kusaala swala ey'obwo obudde era alina okuzirilaanyisa ezamuyiseeko nga bwezisalibwa mubudde bwaazo. Eky'okulabirako, omuntu swala eya zuhuri bweeba yamuyiseeko olwensonga ezo zetwogedde waggulu, gamba yabadde yerebidde, oba abadde yebase, nazukuka nga swalat Aswiri etuuse, asooka kusaala aswiri oluvannyuma naliwa (nasaala) swalat zuhuri eyamuyiseeko.

Eswala eziba zituyiseeko zirina okusaalibwa mubwangu ddala, wetufuna omwaaganya tetusaana kuzilindiriza. Eky'okulabirako, bwoba webase swala yonna nekuyitako, bwozukuka olina okugisala, ate todda mukukola bintu bilala, nga okulaba telefayina (TV) oba okunyumya n'abantu abalala. Omusiraamu ateekwa okuliwa swala eba yamuyiseeko oluvannyuma n'asaala eza sunna (kyeyagalire). Gamba, omusiraamu ayagala okusaala salat dhuha esalibwa nga enjuba evuddeyo, wabula otulo bwetumuyisaawo ku budde bwa subuhi enjuba n'evaayo nga tannasaala subuhi, bw'azukuka asooka kusaaala subuhi eyamusiseeko, oluvannyuma n'asaala swalat dhuha kubanga yo sunna, temukakatako.

Omuntu atali musiraamu atakkiririza mu Allah, tavunanyizibwaako swala wadde empagi y'oBusiraamu endala yonna nga okusiiba, Zaka, hijja nendala. Wabula bwayingira mu Busiraamu, amateeka g'oBusiraamu gamufuga okuva mukiseera ky'asilamukiddemu, nabwekityo tasaana kuliwa swala wadde ebisiibo ebyamuyitako. Wabula akolebwaako emikolo gy'oBusiraamu nga okutola shahada, okutayilibwa, nataandiika

n'okusaala, okusiiba n'okukola ebikolwa ebilala eby'oBusiraamu. Ate yye omuntu omusiraamu kimukakatako okumanya eddini ye ey'oBusiraamu, n'okumanya amateeka agafuga eddini, alina okumanya ebintu ebikkirizibwa mu Busiraamu (Halal) ne bitakkirizibwa (haraam). Omusiraamu bwamenya etteeka lyonna ery'eddini oba nakola ekintu ekitakkirizibwa (haraam) avunaanibwa mu Busiraamu.

Tekikkirizibwa omusiraamu okwewaanira munsobi gyaakoze. Gamba nga okwenda, okubba, okulimba, okuleka swala, ne bilala. Wabula ezambi lyonna ly'akola lilina okuba wakatiwe ne Allah we. Nabwekityo omusiraamu bwalagajjalira swala nemuyitako, tatekeddwa kukilalaasa mu bantu bonna bakimanye nga swala bweyamuyiseeko, wabula akikuuma nga kyaama, era nasaala swala ezamuyiseeko nga takilangiridde mu lujudde. Kubaanga Allah ya muvunaana okusaala eswala, so si bantu bawanagaala nabo oba abakulembeze b'oBusiraamu mu kintundu kyawangaaliramu.

Nga bwetwannyonyodde mu bigambo ebyaayise waggulu awo, okusinziira ku mazehebu ga Shâfi'î awamu ne Hanafî, gagamba nti omusiraamu ayitiddwaako eswala yonna, alina okugiliwa bunnambiro nga afunye akaaganya. Wabula ate tagirindiriza. Omumanyi ayitibwa Shams-ud-dîn Muhammad Ramlî 'rahmatullâhi 'alaih', agamba nti omusiraamu bwayitibwaako jamat ya salat ishae mu mweezi gwa Ramadân nasaanga banne nga basaala Terâwih, kimukakato okusooka okusaala swalat ishae, oluvannyuma neyegatta ku swalat Terâwih. Kubanga swalat ishae emukakatako era teeka jjaali wabula eya Terâwih yo ebalibwa mu ssuna. Mubigambo bino tufunamu eby'okuyiga nti; ekisoka, kikakata ku musiraamu yenna aba ayitiddwaako esswala okugisaala mu budde obulala. Ekyokubiri; swala terina mutaango mulala gwonna nga okuwaayo ssente, okuliisa, oba okusiiba okujjako okusaala swala yenyini. Ekisembayo, tukulembeza okuliwa swala ettano ezalalikibwa ku musiraamu, okusinga okuliwa sunna ez'enjawulo. Nga swalat dhuha, eraaka zetusaala oluberyeberye n'oluvannyuma lwa swalat ezimu, swalat witri, Terâwih, nendala.

EBIKWAATA KU LUNAKU LWA JUMAH (OLW'OKUTANO)

Ebintu mukaaga (6) bilina okugobelerwa mukusaala jumah:

1– Ekifo ekisalibwaamu eswala ya Jumah kilina okuba kigazi bulungi.

2– Kulunaku olwa Jumah khutba eya Jumah erina okusomwa.

3– Khutba erina okusomwa oluberyeberye lwa swala eya Juma.

4– Swala eya Jumah esaalibwa mu budde bwa swalat Dhuhur.

5– Eswala ya Jumah, erina okusaalibwa mu jamâ'at (n'ekibinja ekya basiraamu). Si kusaalibwa na muntu omu oba babili bokka, wabula balina okuba abatuuze b'omukitundu abawerako. Abamanyi abayitibwa Imâm A'zam awamu ne Imâm Muhammad 'rahima-humallâhu ta'âlâ', bagamba nti omukulembeze wa jumah (imâm) ateekwa kuba musajja mukkiriza, nga mukulu (si mwana muto), era nga wakitiibwa tayisibwaamu maaso mu bantu wawangaalira. Omuwendo ogusokerwako ogw'abantu abatekeddwa okusaala Jumah, balina okuba abantu basatu; imâm n'abagoberezi be babiri.

6– Abasiraamu balina okuba ne ddembe ely'okusaala jumah.

Omusiraamu omusajja yenna atalina kimusonyiyisa nga; obulwadde wadde olugendo, akakatibwaako okusaala eswala eya Jumah (farz-i-'ayn). Naye bwabeera mu lugendo oluwanvu enyo, natasaala jumah asonyiibwa. N'oyo ali mumbera ey'obunkenke, mukutya, oba obuzibu obulala nga enkuba etakya, asonyiwibwa jumah. Tekikkirizibwa mu Busiraamu omuntu omusiraamu okugaana omukozi we oba omuntu yenna gw'atwaala ogenda okusaala swala ya Jumah. Omukoseza bwalaba nti afirwa kinene okukkiriza omukozi we okusaala, wakili amusalako ku ssente zakolera, naye alina okumukkiriza okusaala, kubanga ddembe lye lya bwebaange eryamuweebwa Allahu ta'ala. Tekigwaana kuyitwaako swala ya juma kubanga imâm mwononefu. Kale kikkirizibwa okusaalila emabega wa imâm omwononefu (fâsiq) eswala eya jumah, wabula kirungi nyo okusaala ne imâm omulongoofu (sâlih imâm).

Omuntu bwakeerewa okujja mu jumah n'asanga imâm nga asoma khutba, attekwa okusaala eraaka embiri eza sunna. Ate bw'asanga imâm nga asse ku mavivi (rukû'), omuntu oyo aba asanze eraaka nnamba. Wabula bwa'asanga swala nga enatera okuggwa nga imâm ali ku tashahhud essembayo, omuntu oyo aba asanze juma, imâm bwatoola salaam, omuntu oyo ayimuka

n'asaala eraaka bbiri eza juma. Wabula bw'asanga imâm atodde salaam, omuntu oyo asaala swalat dhuhr.

Waliwo ebintu bitano (5) byetutekeddwa okukola kulunaku lwa Jumah;

1– Okwerekereza emirimu jjona oluvannyuma lw'okwazina kwa juma.

2– Okugenda ku muzigiti nga obudde bukyaali, obere nga wenyagira empera z'abakeeze.

3– Okusaala sunna (nâfila) nga wakayingira mu muzigiti.

4– OKwerekereza emboozi ezitagasa n'okukola enyo dhikri.

5– Okusirikilira nga imâm asoma khutba.

Ebintu mukaaga (6) bilungi okubikola (mustahab) kulunaku lwa Jumah

1– Okwekuba obuwoowo bwa pafyumu (Râyiha-i-tayyiba) ku musajja.

2– Okusenya.

3– Okwambala engoye ezinyirira, kirungi okuba nga njeru.

4– Okutendereza enyo Allahu ta'ala (okukola adhikaar; subhanallah; alhamdullillah;

Lailaha illa allah; allahu akbar; n'okkola istigfaar; Astagfurullah)

5– Okunaaba omubiri gwonna nga olunaaba lwa janaba (ghusl).

6– Okusaalira ku w'ekitiibwa nnabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' bwooti; **"Allâhumma swalli 'alâ sayyidinâ Muhammadin wa 'alâ [âlihi wa sahbihi] ajma'în."**)

Ebintu bina (4) ebibi (makrûh) byetutakola kulunaku lwa juamh:

1– Okutoola salâm nga khatwîb (imâm) asoma khutba.

2– Okusoma Qur'ân al-kerîm nga khatwîb (imâm) asoma khutba.

3– Omuntu bwayasimula tetumugamba nti, **"Yarhamukallah,"** nga khatwîb (imâm) asoma khutba.

4– Tetukkirizibwa kulya wadde okunywera mu muzigiti nga khatwîb (imâm) asoma khutba.

Ku lunaku olwa juma, okwaziina okusooka bwekuggwa, khatwîb ayingira mu muzigiti nasaala sunnat. Bwamala okusaala sunnah alinya ekukituti (minbar) ng'obudde bwa khutba butuuse. Baziina okwaziina okw'okubiri oluvannyuma khatwîb nasoma

khutba eya juma abasiraamu nga bawuliriza.

Khutba ya juma ne eidi erina okusomwa mu lulimi olutegerebwa n'abasiraamu mukitundu ekyo. Ayaat za Quran ne Hadith za nabbi, zisomwa mu luwarabu oluvannyuma nezivunuulwa mu lulimi olunnansi, nga oluganda, oluswayili, oba olulimi olala lwona olukozesebwa mu kintu. Kubanga omugaso gwa khutba, kubuulira basiraamu ku nsonga z'eddini n'ezobulaamu bwaabwe. Wabula Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' khutba ze zonna yazisomanga mu luwalabu kubanga, yali muwarabu n'abawulilizaanga, baali bamanyi oluwalabu, era nga bwekiri enaku zino mu mawanga ga abawalabu khutba bazisoma muluwabu. Naye mu bitundu ebyenjawulo munsi, khutba zisomwa mu luwarabu ne bazivunnula mu nnimi zekinaansi.

Ekitabo ekiyitibwa **Bahr-ur-râsiq** kigamba nti swala eza (Nâfila) sunnat zonno, omuntu agisaala kinnomu, okujjako eya Tarâwih ne ya Kusûf, zo zisaalibwa mu jamâ'at. Ekikolwa ekiyitibwa (Nâfila) sunnat, kyekyo omuntu bwakikola afuna empeera naye bw'akireka tafuna musaango. Ate ekikolwa ekiri wâjib, kyekyo ekikata ku musiraamu okukikola. Eky'okulabirako, okufuna wudhu nga ogenda okusaala kiri wâjib, naye okunaaza buli kiyungo emirundi esatu kiri sunnat. Faraza, ky'ekikolwa ekitukakatako nga kyatulalikibwaako ne Allah ta'la. Era bwokireka oba ozziza omusango. Eky'okulabirako, esswala ettano eza buli lunaku zitukakatako okuzisaala, era bwozireka ofuna omusango. Ate "Makrûh" kitegeeza ekikolwa oba eneyisa, ekyetamwa. Eky'okulabilako, kitamwa obutanaaza kitundu eky'omubiri emirundi esatu nga ofuna wudhu. Tahrîmî (Haraam) ky'ekintu ekyaziyizibwa ne Allah. Omuntu bw'kikola afuna omusango era abonerezebwa. Eky'kulabilako, kili haraam okunywa omwenge, okutta, okwenda n'ebilala.

Omuwandiisi ayitibwa Ibni 'Abidîn 'rahima-hullâhu ta'âlâ' agamba mukitabo kye ekimanyikiddwa nga **Radd-ul-muhtâr**; nti: swala eza jamâ'at tezisaana kusaalibwa mabega w'omukulembeze omwoononefu (imâm fâsiq). Nabweekityo kikata ku basiraamu bomukitundu ekyo okufuna imâm omulongoofu yaba abakulembera mu muzigiti ne muswala zonna eza jamâ'at. Wabula singa babeera mu kintundu kyaabwe nga tebalina imâm mulala yenna, nebawalilizibwa okusaalila emabega wa imâm omwononefu (imâm fâsiq), swala zaabwe ziba ntuufu era tebalina musaango, naye balina obuvunanyizibwa obw'okugamba ku imâm aleke ebikyaamu byakola. Ekitabo ekiyitibwa **Fat-h-ulqadîr**,

kigamba nti singa wabeerayo omuzigiti omulala mu kitundu ekiri okumpi no'muzigiti ogwa imâm omwononefu, kirungi abasiraamu okusenguka omuzigiti gwaabwe basaalire mw'ogwo ogulilaanye ekitundu kyaabwe.

Swala eya eidi (fitri ne dhuhiya) esaalibwa ku makya g'olunaku lwa eidi. Swala eyo eya eidi (fitri ne dhuhiya) ebeera ne takbîra mwenda. Emu kuzo ebeera ya tteeka (farz) ate emu n'ebeera ya kyeyagalire (sunnat). Musanvu kuzo zibeera nkakafu (wâjib). Takbîr esooka (takbîr-i-iftitâh) yo yeya farz.

OKUSAALA ESSWALA

Kyawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Ni'mat-i-islâm**; nti okusaala swala ettano eza buli lunaku tteeka (farz ayni) ku buli musiraamu omukulu era nga mutegeevu okubera nga azaisaala nga bwezalaalikibwa. Tewali akkirizibwa kusaalilawo muntu mulala, wabula buli muntu alina okwesaalila swala ze ettano ezimukakatako. Wabula omusiraamu akkirizibwa okutona empeera ze (thawâb) ez'omulimu omulungi gwonna gwaaba akoze naaziwa omusiraamu omulala yenna nga mulamu oba nga mufu. Nga abazadde ababiri, owoluganda lwe, oba mukwano gwe. Eky'okulabilako, omusiraamu asobola okusoma Quaran, nasaba Allah awe empeera zasomedde omuntu omalala. Nabwekityo kisoboka ku mulimu omulala gwonna ogutali gwa farz. Omusiraamu ayinza okusiiba okutali kwa Ramadhân empeera naaziwa omusiraamu omulala. Sadaqa empeera zayo zisoboka okuweebwa omusiraamu omulala. Omuntu awaddeyo omulimu ogwo, afuna empeera (thawâb) ezenkana n'ezoyo gweba awadde. Tugambe omusiraamu asomye Quran nafuna empeera lukumi (1000), naaziwa omuntu omulala, naye era afuna empeera lukumu nga ezooyo gw'awadde. Kino kitegeeza nti empeera z'oyo awaddeyo tezikendezebwaako, wabula zisigala nga bwezandibadde nga taziwadde musiraamu mulala. Nate nga bwekiri nti swala ettano eza buli lunaku zalaalikibwa ku buli omu, era nga buli muntu atekeddwa okuzisaala, tekikkirizibwa kusaalirawo muntu mulala. Wabula buli muntu alina okwesaalira eswala ze ettano eza buli lunaku. Omuntu tayinza ggamba nti swala yange eya subhi ob dhuhri gyensadde empeera zange nziwadde mukwano gwange Ahmad, oba omuntu oyo okusaala eswala eyo emirundi ebiri, eswala emu nagigaba, emu nagisigaza, nakyo tekikirizibwa mu Busiraamu kubanga swala ekakata ku buli omu (farz ayni). Omuntu akkiriza nti yalalikibwaako eswala

ettano buli lunako, naye omuntu oyo natazisaala nga talina kimusonyiisa (udhr), omuntu oyo afuna omusango kubanga aba amenye emu ku mpagi z'oBusiraamu era aba musiraamu omwononefu (Muslim fâsiq). OBusiraamu butugamba, omwana bw'aweza emyaka musanvu (7) tumutandiise okusaala. Bw'aweza emyaka kumi natasaala, tulina okumukangavvula tumukubemu obuggo. Naye eba nkuba ya kuyigiliza so si ya kubonereza, tomukubisa kiboko nnene wadde ekintu ekiyinza okumutusaako obulabe bwonna. Kubanga okukuba okw'okubonereza kusalibwa na kooti y'aBusiraamu ku bantu bakulu ababa bazzizza ejanaggomola mu Busiraamu nga; obwenzi, obujulizi bw'obulimba, bye babonereza ne kiboko enkakali. Nabwekityo omwami tasaana kukuba mukyaala we nga akozesa omuggo. Era tekisaana kukuba ku mutwe, mukifuba, mu maaso ne kulubuto lwa muntu yenna atalina musango ogusaliddwa ne kooti y'oBusiraamu.

OMUNTU ATASIBA BUKYAAFU

Tukimanyi bulungi Allah yatutonda ffe abantu nga tuli bitonde binafu era nga tuvaamu ebikyaafu mumiri gyaffe. Abantu tufulumya ebikyaafu nga omusulo, omusayi, bbi, amasira nebilala. Wabula abantu abamu babeera n'obulwadde obutabasobozesa kusiba musulo n'ebikyaafu ebilala okumala akabanga akawanvu. Embeera ezimu abantu zebatewanyizibwaamu ebikyaafu ebiva mumibiri, mulimu abantu abalwadde b'embiro (diorrhea), omusayi oguva mu nyindo ogutakutuka (okwerumika), oba omusayi oguva mu kiwundu, omukyaala atava mu nsonga za kikyaala **(istihâda)** n'abalala. Abantu abalina obuzibu bwebutyo, mu kiseera kya swala balina okutangira ebikyaafu ebibavaamu nga bakozesa eddagala, oba okwesabika pamba. Kulw'okutya okuvaamu ebikyaafu nga basaala, bakkirizibwa okusaala nga batudde, nebalaza bulaza sayini. Omusajja atasiba musulo ng'alina obuzibu bw'omusulo ogutata alina okwesabika pamba mu bitundu bye eby'ekyaama oluvannyuma n'ayambalirako akawale ak'omunda (underpant). Omusulo bweguyita mu pamba gwaba yesabise ne gugenda ku kawale akomunda (andapant), wudhu emuggwaako. Era nga tannasaala swala ndala aba alina okufuna wudhu endala. Omuntu yenna alina obuzibu bw'omusulo ogutakoma , bwa atambula olugendo alina okuteeka munsawo ye engoye satu oba ttano, okwerinda embera yonna eyinza okugwaawo. Buli kiseera alina okubera n'olugoye oluwera sentimita (12x15 cm), awamu ne wuzi empaanvu eweza sentimita

ataano (50cm). Omuntu alina obulwadde obw'omusulo ogutalekera kufuluma, buli swala alina okufuna wudhu empya kubanga aba tasobola kukuuma wudhu wakati wa sswala bbiri. Kyawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **al-Fiqh-u-'ala-l-Madhâhib-il-arba'a**: omuntu singa abeera mu swala navaamu obukyaafu nga tamanyi, agenda mumaaso ne swala ye. Wabula waba amazze okusala nakizuula nti yavuddemu obukyaafu, afuna wudhu bupya naddamu swala eyo. Naye bw'akitegeera nga akyaali mu swala, kirungi asazeemu swala.

Omuntu bw'abeera omulwadde oba nga atya okufuna obulwadde obuyinza okuva kukukozesa amazzi, omuntu oyo akkirizibwa okusaaba enfuufu (okkola tayammum). Obutakozesa mazzi kulina okuba nga kwasalibwaawo omusawo oluvannyuma lw'okumwekebejja. Oluusi obunnyogovu bwebuyitilira, era nga tewali ngeri yonna yakubugumyaamu mazzi, omuntu ayinza obutakozesa mazzi nga afuna wudhu na'kola tayammum. Okusinziira ku mazehebu ga Shâfi'î ne Mâlikî omuntu bwaaba akoze tayammum nga tafunye wudhu na mazzi, alina okusaala swala emu yokka. Buli swala ateekwa kukola tayammum ndala.

Omuntu bwabeera nebbwa ku mukono oba ku kugulu nga liliko bandagi ayisa amazzi ku bandagi (masah) naye tayiwa mazzi ku mukono ogwo. Wekiba tekisobose nga ebbwa livaamu omusaayi mukifo ky'okozesa amazzi akola tayammum. Omuntu alina obulwadde obutamukkiriza kukozesa mazzi mukufuna wudhu, akkirizibwa okukola tayammum. Bw'oba okola tayammum oyisa ebibatu wansi, mu musenyu, ku jjinja oba ku kisenge, n'osimuula mu maaso (ffesi), oluvannyuma oddamu n'oyisa ebibatu wansi oba ku kisenge n'osimuula omukono ogwa ddyo n'ogwa kkono. Wudhu yo eya tayammam eba ejjudde awo nga oyimirizaawo sswala. Omuntu bwaaba tasobola kukola tayammamu yekka, akkirizibwa okuyambibwa n'omu ku bantu be; nga mukyaala we, oba omwami ku mukyaala we, omwana ayinza okuyamba muzadde we, omukozi wa awaka oba omuntu omalala yenna awangala okumpi n'omwetaavu.

OMUNTU OMULWADDE ASAALA ATYA ESSWALA

Omuntu omulwadde bwabeera nga tasobola kuyimilira kulw'obulwadde obuyitirivu, akkirizibwa okusaala eswala nga atudde. Bwasaala nga atudde, mukiseera eky'okukka ku maviivi (rukû) yewetamu katono nyo n'asoma ebigambo byaawo.

Oluvannyuma ayimusa omutwe n'agamba, samia-allahu limani hamida; oluvannyuma assa omutweegwe ku ttaka (sajda), enyindo n'ekyenyi birina okutuuka ku ttaka nga avunnamye. Akkirizibwa okusaala nga attude ku katebe, oba nga atudde ku musaalo wansi, oba ayinza okutuula mu ntuula yonna emwanguyira. Omuteeko guno ogw'abantu abakkirizibwa okusaala nga batudde, guyingiramu n'abalwadde abaggwebwaako wudhu bwebasaala nga bayimiridde, gamba nga bwayimilira tasobola kusiba musulo, oba omukka ogufulumira emabega. Ate omuntu atasobola kuyimilira wadde okutuula nga asaala, wabula nga asobola okusaala nga yesigamye bwesigami ku kintu ekilala nga ku kisenge oba ku muggo, omuntu oyo naye akkirizibwa okusaala nga yesigamye. Omuntu omulwadde bwatandiika esswala nga ayimiridde n'asoma takbira eggulawo swala (takbîr of iftitâh) nagamba "Allâhu akbar," oluvannyuma nawulira obulumi nga takyaasobola kuyimilira, akkirizibwa okutula namaliriza swala ye nga atudde.

Omuntu atasobola kuteeka mutwe ku ttaka (sajda) alaza bulaza na sayini, bwasoma ebigambo ebigenderako (Subhana rabiyyal –A-ala Wabihamdihi) emirundi esatu (X3). Okukola ekyo, bwa'saala nga atudde, yewetamu katono okwandibadde okw'okukka ku mavivi (rukû'), ate yeweta nnyo ku lwa sajda. Omuntu atasobola kussa (kuweta) mubiri ggwe, akozesa omutwe gwe gwakyusakyuusa ku buli raka. Wabula tekikkirizibwa kuvunnamira ku kintu nga pilow, omuntu ateekwa okuvunnamira ku musaalo. Kiba kirungi omuntu nateeka omutweegwe ku ttaka, so si kintu kilara kyonna nga olubawo, pilow oba ejjinja. Mu mbeera eyo, sajda eyinza okkolebwa nga: **"omuntu ateeka omutweegwe ku ttaka, w'aba omulwadde nga tasobodde guteeka ku ttaka, nga yasadde atudde, alina okwewetamuko nakka nyo mukiseera kya sajda okusiingako bwe yeweta nga ali ku rukû**. Nga bwekyaayogerwa mu kitabo ekiyitibwa **Bahr-urrâiq**, ekyawandikibwa ne Zaynul'âbidîn bin Ibrâhîm ibni Nujaym-i- Misrî 'rahmatullâhi ta'âlâ 'alaih', 926 – 970 [1562 A.D.], agamba bwaati: " Omuntu alina okusaala nga ayimiridde. Oyo atasobola kuyimilira nga abadde mulwadde oba n'obuzibu obulala asaale nga atudde. Era atasobola kutuula asaale nga yesigamye (alannamye) ku kintu. Nga bwetukilabye nti omuntu asobola okusaala nga ayimiridde, oba nga atudde, oba nga alannamye, nabwekityo omuntu w'aba alumizibwa nyo nga tasobola kugenda ku muzigiti kusaala mu jamâ'at, akkirizibwa okusaalila awaka, mu emu kumbeera ezo zetulabye waggulu. N'ezimu ku nsoonga ezikkirizisa omuntu okusaalila awaka natagenda ku muzigiti kusaaala jamâ'at zeezino; nnamutinka

w'enkuba nga atonya; obutiti (obunyogovu) obususse; bwewabeerawo okutya omulabe yenna ayinza okukosa obulamu bw'omuntu oba mmaali yaabwe; enzikiza eyitiridde; okutya okuwambibwa n'abazigu oba abatujju; muzibe atalaba gyagenda; omuntu eyasannyalala amagulu nga tasobola kutambula (eyakubwa situloko); omulema atasobola kutambula atalina magulu gombiliri; omulema atalina magulu n'emikono; omukadde ennyo atasobola kutambula; omuntu ali mu kwetegekera olungendo; omusawo ali mukujjanjaba abalwadde nga talinaawo muyambi yenna; omuntu omulwadde abasawo gwebagaana okutambula oba okuyita mu mpewo. Omuntu asaala swala mu ngeri yonna etaayigirizibwa mu Busiraamu ne nabbi waffe Muhammad sallah llahu alaihi wassalama, aba mukyaamu. Kirungi nyo omuntu bwaaba agenda okusaala natambula n'ebigere kubanga afuna empeera nyingi okukira ez'oyo akozesezza emotoka.

Omuntu omulwadde ennyo atasobola kukyuuka kutunula mu kibla, akkirizibwa okusaala nga atunudde awantu wonna. Omulwadde bwaaba yebakidde kumugongo, omugeenza ateeka ekintu ekigonda (nga pilow) wansi w'omutweegwe nebamutunuza mu Qibla. Amaviivi galina okusitulwaamu kko. Omulwadde bwaaba tasobolera ddala, akkirizibwa okulindiliza swala eyo nagisaala oluvannyuma nga embeera etereddemu. Eswala ettano, ez'olunaku bwezigwaako nga tasobodde kusaala olw'embeera embi gyaalimu, akkirizibwa okutandiika okusaala swala z'olunaku lwatereddemu, ezamuyitako taziliwa. Ate omulwadde abadde asaala nga atudde, bw'afuna amanyi atandiika okusaala nga ayimiridde nga bweyali asaala nga tanna lwaala. Eswala yo yasangulwa ku muntu omulwadde w'obwongo (omulalu) okutuusa lw'awona.

Omulwadde swala ezamuyitako nga teyazisaala olwembeera embi gyeyalimu, tazisasula. Eky'okulabilako omuntu aziriseeko oba gwebalongesezza, bwateleera asaala swala ez'olwo olunaku lwatelereddemu, ezamuyitako azileka. Ate omulwadde bwabeera mumbera bwetyo eyobulwadde okumala akabanga swala nezimuyitako nga tasaala, oluvannyuma naafa, nga gwebalongosezza nafaa nga tazze ngulu, aba talina musaango gwa swala ezamuyitako nga ali mukulongosebwa. Tusaba Allah atuwe obulamu n'obuwangaazi obulngi; atutaase n'ebikemo by'obulwadde,,,,,,

Byebino ebikolwa ebibi omusiraamu byatasaana kukola mubulamu bwe bwonn;

1– Okufuyisa nga oyimiridde (kirungi omusiraamu okufuyisa

nga asitamye w'agenda okufuka kukabuyonjo oba mu kinaabiro)

3– Okulinya ku ky'okulya kyonna nga omugaati, emmere, ne bilala.

4– Okwookya ebikoola by'obutungulu oba tungulu sumu (galiki).

5– Okukulembera mukamaawo oba omukulu yenna nga mutambula.

6– Okuyita abazadde amanya gaabwe (maamawo waba ye Aisha, tomuyita; ggwe Aisha njagala mmere; wabula bayite maama oba taata).

7– Omuntu okuliisa omukono ogwa kkono.

9– Obutosoma linya lya Allah (Bismillah) nga otandiika okukola omulimu gwonna.

10– Okufunira wudhu awantu we bafuka omusulo.

11– Okuteeka emmere mu kyombo (sempiki oba sowani) enkiddugala.

12– Okutunga olugoye nga omuntu alwambadde.

13– Okulya obutungulu nga ogenda okusaala.

15– Okubeera ne nabbubi munju.

16– Okufuluma mu muzigiti bunambiro nga wakamala okusala mu jamâ'at.

17– Okukeera ogenda mu katale ate n'okerewa okuvaayo.

18– Okugula omugaati ku muntu omunaku ateesobola ate notamusasula.

19– Okukolima abazaddebo n'okubavuma.

20– Okusula obukunya nga toyambadde.

21– Okuleka ekyombo(sepiki, sowani, ensuwa) nga tokibisseeko.

22– Okuzimya tadooba nga okozesa enkola yokufuuwa n'omumwa.

23– Okukola ekintu kyonna nga togambye nti, "Bismillah."

24– Okulya nga oyimiridde.

Tusome nyo Qur'an okusingira ddala obudde bw'okumakya. Omuntu ayinza okusoma Qur'an okusinziira kubusobozi bwe, gamba omu ayinza okusoma sûla enyimpi nga Sûra **"Innâ a'taynâ...,"** oba ikhlâsi, oba falaq, oba naasi, oba sûra yonna josobola Allah ajakkusasula empeera kulweekyo kyokoze.

OBUKULU BWA SSWALA (NAMÂZ)

Mu kitabo ekiyitibwa **Ashi'at-ul-lama'at** ekyawandiikibwa ne (**Abd-ul- Haqq bin Seyf-ud-dîn Dahlawî** 'rahmatullâhi ta'âlâ 'alaih', mu mwaaka gwa 958 [1551 A.D.] – 1052 [1642], mu kibuga kye Delhi), kirimu ezimu ku hadîth-i-sharîf n'obujulizi obulala obwoogera ku bukulu bw'esswala. Ekitabo ekyo kinnyonyola ekitabo kya hadith ekiyitibwa **Mishkât-ul-Maswâbih** ekyawandikibwa ne Waliyy-ud-dîn Khatîb-i- Tebrîzî Muhammad bin 'Abdullah 'rahmatullâhi ta'âlâ 'alaih', 749 [1348 A.D.]

Salat oba eswalah (okusaala) biba bigambo na bikolwa ebiggulwaawo ne tekbir (tekbir iftitahi) era eggalwaawo ne ssalamu. Ebigambo ebisomerwaamu mulimu okutendereza Allah, okumusaba, okumweebaza, okwesabira ddua nebilala. Ate ebikolwa mulimy okuyimilira, okukotama, okuvunnama, n'okutuula.

1– Abû Hurayra 'radiy-Allâhu 'anh' (Allah Amusiime), yagamba nti omubaka wa Allah; Rasûlullah 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omuntu bw'asaala esswala ettano eza buli lunaku, era n'asaala buli juma (juma ku juma); era nasiiba buli Ramadân (Ramadân ku Ramadân), Allah amusonyiwa ensobi entono ezibeera wakati awo akaseera kamala nga yesambye amazambi amanene."** Kino kitegeeza nti omuntu bw'asaala esswala nazzaako endala, tugambe omuntu assadde subhi, nazzaako dhuhr, mpaka ku ishae, Allah Amusonyiwa amazambi amatono gaakola wakati wesswala ebbiri, mpaka olunaku bwe luziba. Kino era kiraga nti omuntu asadde esswala ettano ez'olunaku, amalako olunaku nga Allah amusonyiye ensobi zaakoze mu lunako olwo. Wabula akalombolombo mukusonyiibwa kali nti omuntu alina obutakola mazambi manene, nga okwenda, okutta, okugattika Allah n'ekintu ekilala (Shirki),,,, kubanga ggo gasonyiibwa na kweenenya (Tawba) n'obutaddamu ggakola. Era omuntu bw'asaala buli juma Allah Amusonyiwa ensobi zaaba yakola mu wiki eyayita mpaka kw'eyo juma gy'asadde. Newano era akakwakkulizo kali nti omuntu alina obutakola mazambi manene, ge tumenye waggulu. Okusiiba Ramadân kuberawo omulundi gumu mu mwaaka. Naye omuntu bw'asiiba Ramadân Allah Amusonyiwa ensobi zeyakola mu mwaaka ogwayita. Ate bw'asiiba eddako era Allah Amusonyiwa ensobi z'omwaaka omulala. Newano kukusiiba akakwakkulizo ka mazambi amanene kasigalawo, omuntu alina okwenya (okukola Tawba) n'alyoka asonyiibwa amazambi amanene gonna. Wabula

zo ensobi entonotono zisonyiibwa kulw'okusaala swala ettano eza buli lunaku, okusaala buli juma, n'okusiiba buli mweezi gwa Ramadân, oba nga bwetunyonyodde wagulu awo. Hadîth-i-sharîf eno yawakindikibwa mu **Sahîh-i-Muslim**.

2– Abû Hurayra 'radiy-Allâhu 'anh' (Allah Amusiime), era yagamba bwaati omubaka wa Allah; Rasûlullah 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Singa wabeerawo omugga nga gukulukutira kumulyango gw'enyumba y'omuntu omu ku mmwe. Omuntu oyo nga anaaba mu mugga ogwo emirundi etaano buli lunaku, abaffe omuntu oyo ayinza okusigalako obukyaafu bwonna ku mubiri gwee?"** Ba Sahâba bamuddamu nebamugamba nti, nedda, mazima ddala omuntu oyo tayinza kubeera na bukyaafu kumubiri gwe," Oluvannyuma Rasûlullah yagamba: **"Bwekityo bwekiri n'esswala ettano eza buli lunaku. Allâhu ta'âlâ asonyiwa ensobi z'omuntu asaala esswala ettano buli lunaku."** Hadîth-i-sherîf eno yawakindikibwa mu **Sahîh-i-Bukhârî** awamu ne mu **Sahîh-i-Muslim**.

3– Ow'ekitiibwa Allah Ta'ala, atutegeeza mu Qur'an, surat Hûd aya ya kikumi kumi na ttano (115) bwati; **"Yimirizaawo esswala mu biseera by'emisana ebibiri, no'budde bw'ekkiro nga kyakakwaata. Mazima ddala ebirungi bijjawo ebibi. Okwo kwekujjukiza eri abo abajjukira."** Ebiseera ebyannyonyolwa mu ayat eno, bwe budde bwa swalat Fajri, dhuhr ne Aswir. Ate ekiro nga kyakakwaata, Allah ategeeza budde bwa Magrib ne Ishae. Mu ayat eno era tufunamu ekyo kuyiga nti, eswala ettano nsonga esonyiisa omusaaze.

4– Abdullah Ibni Mas'ûd 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba bwaati: Nabuuza Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam', mulimu ki Allah gwasiinga okwaagala. Owekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yamuddamu namugamba, omulimu Allah gw'yagala ennyo, **"Kusaala swala mu budde bwaayo"**. Hadîth-i-sharîf endala agamba bweeti : Allâhu ta'âlâ "Ayagala nyo swala esaalibwa mu budde bwaayo obusooka." Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yabuuzibwa mulimu ogw'okubiri Allâhu ta'âlâ gwaayagala enyo, nabbi yaddamu **"Okuyisa obulungi abazadde ababiri,"** Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yabuzibwa omulimu ogw'kusatu egwaagalibwa enyo ne Allâhu ta'âlâ, nabbi yaddamu: **"Okulwaana mu kkubo lya Allâhu ta'âlâ (jihâd)."** Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwa mu Sahîh Bukhaari ne Muslim. Hadîth-i-sharîf endala egamba: **"Ogumu ku milimu emirungi, kuliisa abantu mmere, n'okutoola ssalaamu eri omuntu gw'omanyi no oyo**

gw'otomanyi." Hadîth-i-sharîf endala amakulu gaayo gagamba: **"Ogumu ku milimu emirungi, okusaala ekiro nga abantu beebase."** Kale tukimanye nti kirungi nyo okuzuukuka ekiro n'osaala nga abantu abalala beebase, n'olaajanira omutoonzi wo. Mu hadith endala amakulu gaayo: **"Egimu ku mirimo emirungi egyaagalibwa enyo, omuntu okweyisa obulungi natakosa bantu balala n'emikono gye awamu n'olulimi lwe."** Ate mu makulu ga hadîth-i-sharîf endala egamba bweeti: "Okulwana mu kkubo lya Allah **(Jihâd) gwe mulimu ogusinga gyonna.**" Ate amakulu ga hadîth-i-sharîf endala gagamba: **"Omulimu ogusinga obulungi mu maaso ga Allah ye Hajj etukiridde (hajj-i-mabrûr) hajj ng'omuntu takoleddeemu nsobi yonna."** Hadîth-isharîf endala amakulu gayo gagamba ogumu ku mirimu omukulu enyo era ogwaagalibwa ne Allah **"Okumutendereza n'okmujjukira (dhikr of Allâhu ta'âlâ)."** Ate hadîth-isharîf endala amakulu gaayo gali nti **"Omulimu omulungi gwegwo ogukolebwa olubeelera nga tegukoma."** Bweeba sswala nga ogisaala buli lunaku, wekuba kusiiba nga osiiba buli Ramadhan oba buli sitati, wekuba kusala kiro nga osaala buli kiro, bweeba zakat nga ogiwaayo buli mwaka, n'emilimu emilala bweegityo nga gigendelera. Obuyitirivu bw'emirimu emirunji bwajja kwanukula bantu abaali babuuza nabbi emirimu emilungi Allah gyasiinga okwaagala. Nekilala omuntu abeera tanyolwa olw'okulemwa okukola omulimu ogumu gw'okka wabula nga ayinza okukola emirimu ejjenjawulo emirunji mu maaso ga Allah Ta'ala. Eky'okulabilako, jihad mulimu mulungi ogwaagalibwa ne Allah, naye omuntu ayinza obutasobola kugenda mu jihad, ayinza okuba omulwadde, oba omukadde. Kale omuntu oyo ayinza okusaala ekiro, okusaala swala ettano eza buli lunku, okukola dhikr, okukola hijja, okuyisa abazadde ababir obulungi, n'afuna empeera mu maaso ga Allah wadde aba tageenze mu jihâd.

5– Hadith eno ejjibwa ku Jâbir bin 'Abdullah 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba bwati: yagamba Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam'; **"Enjawulo eri wakati w'omusiraamu natali musiraamu (kufr) ye swala."** Nabwekityo, swala ngabo etaasa omuntu okujeemera Allah (okakaafuwala 'kufr'). Engabo eno bwevaawo omuntu natasaala, omuntu oyo aba ajjemedde Allah. Hadîth-i-sharîf eno yawandikibwa mu **Sahîh-i-Muslim**. Hadith eno eraga obubi obuli mukuleka swala, awatali nsonga ekkirizibwa mu Busiraamu.

6 - Ubâda bin Thâbit 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba nti yagamba omubaka wa Allah (Rasûlullah) 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam':

“Allâhu ta’âlâ yawandiika (yalaalika) ku baddu be okusaala eswala ettano buli lunaku. Naye omuntu yenna bw’afuna wudhu bulungi, era n’asaala eswala mubudde bwaayo, n’asaala eswala nga afaayo, mugoonvu era nga mukkakamu (khushû), Allah ajakusonyiwa omuntu oyo” Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwa ne Imâm Ahmad, Abû Dâwûd, awamu ne Nasâ’î. Mu hadith eno tujjamu eky’okuyiga nti omuntu bw’aba asaala, alina okwewombeeka n’obutapapa mu rukû’s ne sajda, wabula alina okusaala n’egonjebwa abeere nga asanyusa Allah. Ekilala Allah tayawukana ku kisubizo kye, kale omuntu alina okubeera ne ssuubi nga asaala kubanga bw’saala obulungi, Allah yeeyama okumusonyiwa.

7– Abû Amâma-i-Bâhilî ‘radiy-Allâhu ’anh’ atutegeeza nti, yagamba omubaka wa Allah (Rasûlullah) ‘sall-Allâhu ‘alaihi wa sallam’ **Saala swala zo emirundi ettano (buli lunaku)! Siiba omwezi gumu (mu Ramadân)! Waayo zakat okuva mu by’obugagga byo! Gondera omutoonzi wo. Ojja kuyingira enyumba (JJana) ye eyemirembe.”** Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwa ne Imâm Ahmad ne Tirmuzî. Era mu yyo tujjamu eky’okuyiga nti omuntu bw’asaala eswala ettano, n’asiiba omwezi gwa Ramadhan, mu maali ye najjamu zakat, era nagondera n’amateeka ga Allah gonna, obuwangaazi bwe bwonna, omuntu oyo Allah ajakumuyingiza mu (Jjana) nyumba ye eyemirembe.

8– Sahâbî omu ayitibwa Burayda-i-Aslemî ‘radiy-Allâhu ’anh’, yagamba: Rasûlullah ‘sall-Allâhu ’alaihi wa sallam’ yagamba bwaati: “Swala yeeyawula wakati w’omuddu akkiriza Allah n’oyo atakkiriza. Omuntu yenna aleka swala aba mujeemu **(kâfir)** (ajjemedde Allah).” Nga bwetukirabye mu hadith eno, omuntu asaala aba Musiraamu (aba agondedde Allah). Omuntu bw’atasaala, nga ekimugaanye okusaala takakasa bukulu bwa swala, n’okuba nti emu ku mpagi z’oBusiraamu, omuntu oyo aba ajjemedde Allah (aba mukaafiir). Hadîth-i-sharîf eno yawadiikibwa ne Imâm Ahmad, awamu ne Tirmizî, ne Nasâî, awamu ne Ibni Mâja.

9– Zayd bin Khâlid Juhemî yagamba, yagamba omubaka wa Allah (Rasûlullah) ‘sall-Allâhu ‘alaihi wa sallam’ **“Omuntu bwafuna wudhu, n’asaala bulungi eraaka bbiri n’obugonvu (khushû), Allah amusoniwa amazambi ge agaayita.”** Tujjukire nti amazambi agasonyiibwa kulw’okusaala ge mazambi amatono, amanene go gasonyiibwa nakwenenya. Hadîth-isharîf eno yawandiikibwa ne Imâm Ahmad ‘rahima-hullâhu ta’âlâ’.

10– ’Abdullah bin ’Amr ’‘radiy-Allâhu ta’âlâ ’anhumâ’

yagamba nti; yagamba Rasûlullah ‘sall-Allâhu ’alaihi wa sallam’: **“Omuntu bw’asaala esswala, esswala eyo gyaaba asadde kulunako lw’enkomelero ejja kufuuka kitangala (nûr) era kabonero (burhân) ejja kuba ensoonga y’okusonyiibwa kwe. Wabula ate omuntu bw’asaala natakuuma swala ye bulungi nga akola emirimu emirungi, swala zeyasaala tezijja kuba kitangaala gyaali kulanaku lwenkomelero….”** Hadîth-i-sharîf eno yandiikibwa ne Imâm Ahmad, ne Imâm Beyhakî, awamu ne Dârimî (’Abdullah bin ’Abd-ur-Rahmân Hâfid Abû Muhammad). Okusinziira ku hadith eno, bwetuba tusaala tulina okuteeka essira kukunyiriza swala nga togobelera empagi zaayo, obulombolombo bwaayo (fard, wâjib, sunnat, ne adaab swalat), oba olyaawo twandifuna ekitangaala ky’eswala ku lunaku lwenkomelero. Naye omuntu bw’asaala naye nga tafaayo kutuukiriza mpagi zaayo n’obulombolombo, omuntu oyo swala ye eba nfuu. Nabwekityo nga abasiraamu tuteekwa okweyigiriza swala tubeere nga tugisaala mubutuufu bwaayo, kubanga swala nkulu nyo mu ddini y’oBusiraamu, nga bwetwannyonyodde waggulu.

11– Abdullah bin Shaqîq ‘rahima-hullâhu ta’âlâ’, omugoberezi wa nabbi (Tâbi’în), agamba: “Basahâba-i-kirâm ‘radiy- Allâhu ’anhum’ bagamba bweebati: “Obutasaala sswala ttano eza buli lunaku, kimu ku bikolwa ebiyinza okujja omuntu mu Busiraamu, nafuuka omujemu (kâfir).

12– Abu-d-dardâ ‘radiy-Allâhu ’anh’ yagamba, omubaka wa Allah (Rasûlullah) ‘sall-Allâhu ‘alaihi wa sallam’ yagamba: **“Omu mumwe nebwaaba agezeseddwa atya tagezaangako okugatika Allâhu ta’âlâ ne kintu ekilala(Shirk billah). Era omu mumwe tagezaangako okuleka eswala eyamulaalikibwaako (farz), omuntu yenna aleka esswala eya farz aba alese oBusiraamu. Temunywaanga omwenge. Omwenge kyekisumuluzo ky’ebibi byonna.”** Mu hadith eno tujjamu eky’okuyiga, omuntu yenna aleka eswala aba ajjemedde Allah. Wabula alina ensoonga emukkirizisa, gamba nga omukyaala ali mu nsonga z’ekikyaala, oba omuntu ali mu lugendo oluwaanvu, n’ensonga endala ezatekebwaawo oBusiraamu, oyo aba talina musango. Ekilala tulina okumanya nti okugatika ku Allah ekintu ekilala, ly’ezzambi erikulembera amazambi amalala gonna, nabweekityo tuteekwa okulyesamba. Mu Busiraamu ekiyitibwa “omwenge” ky’ekintu kyonna ekitamiiza, mubutono ne mubungi bwaakyo, tekikkirizibwa (kili Haraam). Omwenge oba ebitamiiza birina obulabe bwamaanyi ku bulamu bwaffe ne ku bantu abalala. Era obutamiivu buvirako omuntu okukola amazambi amalala nga

okwenda, okutta, okubba, okulimba, n'okujemera Allah mungeri endala.

13– Alî 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba, omubaka wa Allah (Rasûlullah) 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Ebintu bisatu tebirindirizibwa. Eswala obudde bwayo bwebutuuka elina okusalibwa. Omuntu bw'afa talindilizibwa, wabula alina okuzikibwa mu bwangu. Eky'okusatu, omuwala atuuse obufumbo, naye talindirizibwa."** Hadîth-i-sherîf eno yawandikibwa Tirmizî 'rahimahullâhu ta'âlâ'.

[Nga bwetukilabye mu hadith eyo, omuwala bwaakula natuuka mu myaka ejjifumbirwa, talindilizibwa. Okujjako nga abadde asoma, bwamalililza emisomo mu sekondare oba yunivasite, tulina okumugabira omwami. Enkola eriwo ennaku zino ey'abawala okutuula ku lujja nga bagamba twaagala basajja bagagga abalina kebekoleddewo, abawala abamu bagamba tunoonya milimu tulyooke tufumbirwe, enkola eyo nkyamu nyo eyawukana n'enjigiriza y'oBusiraamu. Kubanga mu Busiraamu, omusajja bwaaba ne ddini (nga musiraamu mulungi mu mpisa, asaala eswala ettano buli lunaku, atya Allah, mulungi mu ndabika, wakitiibwa) , era ng'alina obusobozi obubeesaawo amakaage (nga okuliisa mukyaala we, okumwambaza, okumusuza, ng'alina amanyi ge kisajja, okumulabilila nga alwadde...) omusajja oyo tumuwa omuwala namuwasa. Mu Busiraamu si tteeka omusajja anawasa okubeera n'emmotoka, oba nga yazimba ne bilala eby'obugagga ebifanana bwe bityo. Abazadde abamu babeera n'endowoza enkyaamu, ez'okwagalisa bawala baabwe abasajja abagagga bokka. Omuwala namala okusoma yunivasite nabeera awaka emyaka egisukka mu kumi, n'afuna embuto, nazijjamu, nga alindilira musajja mugagga. Abantu abamu beelabira, nti Allah ye mugabilizi, eby'obugagga byonna bibye, era abantu maali gyebafuna eba riziki kuva wa Allah. Era abamu beerabila, nti maali yonna omuntu gy'abeera nayo, abasiinga obungi bagikola bukozi, ennaku zino abantu batono nyo abasikira eby'obugagga okuva kubazadde baabwe. Kale osanga abavubuka bangi abagala okuwasa nga si bagagga, wabula nga bakozi era nga bakyeezimba. Abavubuka abo basaana okuweebwa abawala nga tetunuulidde nyo bya bugagga byaabwe byebalina. Wabula tutunulira akalombolombo ke ddini n'obusobozi, nga bwetwanyonyodde waggulu. Omuwala omusiraamu omulungi, ateekwa okuba nga asaala esswala ettano buli lunaku, nga yebikkilira(ayambala bulungi mu nyambala y'ekisiraamu) tayolesa mubiri ggwe, tatuula nabasajja mu kifo kyonna nebabeela babiri bokka wabula alina

okuba n'abantu abalala okwewala ebikemo, kubanga sitani eyinza okubakema nebakola obwenzi oba ebikolwa ebikyaamu ebilala. Omuwala omusiraamu alina okweewa ekitiibwa, alina okuba n'empisa, omuyonjo, owegonjebwa, omwetwowaaze, nebitendo ebilala ebirungi.]

14– Abdullah ibni 'Umar 'radiy-Allâhu 'anhumâ' agamba, omubaka wa Allah (Rasûlullah) 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Allâhu ta'âlâ ayagala nyo abantu abasaala swala mu budde bwaazo nga butuuse. Era asonyiwa oyo agisaala nga obudde bugeenze."** Hadîth-i-sherîf eno yawandikibwa ne Tirmuzî 'rahima-hullâhu ta'âlâ'.

Okusinziira ku mazehebu ga Shâfi'î, Hanbalî, awamu naga Mâlikî kirungi nyo omuntu oksaala swala mu budde bwaayo nga bwakatuuka, si kugirindiriza n'ogisaala nga obudde buyise. Eswala eya ishae obudde bwaayo engeri jebuli obwaanvu okusinga swala endala, tekirina buzibu omuntu okugisaala nga obudde bugeenze bwaaba abadde ne kimukutte. Omuntu ayinza okugisaala wakati w'esaawa ebbiri mpaka musanvu ogw'ekiro. Swala endala obudde bwaazo bufunda, kale tulina okukuuma obudde bwaazo butilibiri nga bwekisaana okubeera. Abantu abalina (taqwâ) abatya Allah ta'âlâ begendereza nyo buli kintu kyebakola. Kubanga bakikakasa bulungi nti Allah ta'âlâ abalaba, buli kintu kyonna kyebakola bakikola lwa kusiimya Allah ta'âlâ era bagala okuyingira enyumba ye eyemirembe (ejjana). Tusaba Allah ta'âlâ atuteeke mu baddu be abanayingira mu jjana, Allahuma Ameen!

15– Umm-i-Farwa 'radiy-Allâhu 'anhâ' yagamba, omubaka wa Allah (Rasûlullah) 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omulimu ogusiinga obulungi y'esswala esaaliddwa mu budde bwaayo."** Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwa ne Imâm Ahmad, Tirmizî awamu ne Abû Dâwûd 'rahimahumullâhu ta'âlâ. Kino kiraga lwaatu nti swala kimu kubikolwa by'okwesinza eky'omuwendo, kyetutasaana kudibaga wala okulagajjalira. Swala ate essukuluma nyo senga esaalibwa mu budde bwaayo obusooka, omuntu natagilindiriza kugigatta n'esswala endala oba okugisaala nga obudde bwaayo bugeenze.

16– Aisha 'radiy-Allâhu 'anhâ' yagamba: **" Salabako mubaka wa Allah (Rasûlullah) 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' emirundi egiwera ebiri nga asaala sswala (ekikerezi) nga obudde bugeenze."**

17– Umm-i-Habîba 'radiy-Allâhu 'anhâ' yagamba, omubaka wa Allah (Rasûlullah) 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omuddu wa Allâhu ta'âlâ omusiraamu senga asaala eraaka kumi na bbiri(12) ezekyeyagalire (tatwawwu' oba ziyite nâfila), gatako**

n'okusaala swala ettano eza buli lunaku, omuntu oyo, Allâhu ta'âlâ ajjakumuzimbira enyumba mu jjana." Hadîth-i-sharîf eno ensangibwa mu **Sahîh-i-Muslim**. Eraaka ekkumi n'ebbiri (12) ezekyeyagalire (tatwawwu' oba ziyite nâfila), zisaalibwa bweziti; eraaka bbiri (2) oluberyeberye lwa swalat Subhi; eraaka nnya (4) oluberyeberye lwa swalat dhuhri era eraaka bbiri (2) oluvannyuma lwa swalat dhuhri; eraaka bbiri (2) oluvannyuma lwa swalat magribi; eraaka bbiri (2) oluvannyuma lwa swalat Isha-e. Eraaka ezo ekkumi n'ebbiri si kitundu ku swala eza bulijjo ettano. Swala zino ezekyeyagalire (tatwawwu' oba ziyite nâfila), okuzisaala oba ositula eddala lya swala zo ettano, kubanga (tatwawwu' oba ziyite nâfila) ziziba emiwatwa egiyinza okubeera mu swala zo n'ebiyitira ebilala.

18– 'Abdullah bin Shaqîq 'rahima-hullâhu ta'âlâ', omu kuba Tâbi'în: yabuuza Hadrat 'Aisha 'radiy-Allâhu 'anhâ' ku ngeri Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' gyeyali asaalamu swalat eza tatwawwu', oba nâfila (Eraaka ekumi n'ebbiri (12) eze kyeyagalire). Aisha 'radiy-Allâhu 'anhâ' yamwaanukula bwaati: "Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam', yali asaala eraaka nnya (4) oluberyeberye lwa dhuhr, n'asaala n'ebbiri (2) oluvannyuma lwa swalat dhuri. Eraaka ebbiri (2) yazisaalanga oluvannyuma lwa swalat magrib; ate oluvannyuma lwa swalat Isha-e nawo yasaalanga eraaka bbir (2); endala ebbiri (2) yazisaalanga kumakya nga tannasaala swalat subhi." Hadith eno yawandikibwa ne Muslim awamu ne Abû Dâwûd 'rahima-humallâhu ta'âlâ'.

19– Aisha 'radiy-Allâhu 'anhâ' yagamba: " Ekimu ku bikolwa ebye kyeyagalire (sunnat) owekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' kyeyakola enyo, kwe kusaala sunnat ey'okumakya enyo nga tannassaala subhi." Hadith eno esangibwa mu (Sahîh-i-) **Bukhârî** ne (Sahîh-i-) **Muslim**. Mu hadith eno Aisha 'radiy-Allâhu 'anhâ' eswala zaayita eza sunnat, zeezo ezisaalibwa awamu ne swala ettano ezalalikibwa (farz) ezisalibwa buli lunaku.

20- Imâm Rabbânî mujaddid-i-alf-i-thânî Ahmad mutabanyi wa 'Abd-ul- Ahad Fârûqî Serhendî 'rahmatullâhi 'alaih', omu kubasasaanya eddini y'oBusiraamu ng'era yalwaanyisa nyo abalabe b'oBusiraamu, mu kitabo kye ekiyitibwa **Maktûbât** agamba bwaati:

Allâhu ta'âlâ ebikolwa by'asinga okwaagala byebyo ebyalaalikibwa ku muntu (farz) n'ebyo eby'ekyeyagalire (nâfila). Kyetulina okumanya ibada (ebikolwa) ebya farz bisinga ebya sunnat empeera. Kubanga ibada eya farz wogireka ofuna omusango ewa Allah, naye sunnat bwogireka tofuna musango.

Okusaala swala emu eya farz gamba nga okusaala eswala eya subhi oba dhuhri, ofuna empeera mpitiviru okusinga omuntu asadde sunnat eraaka kumi nabbiri oba n'okusukkawo. Kino kibuna ibadat zonna (oba okwesinza okulala) kwonna. Eky'okulabilako, okutoola zakat kya muwendo nyo okusinga okuwaayo sadaq. Kubanga zakat eri farz ate sadaq yo eri sunnat. Omuntu mu maali ye bweba etuuse okujjibwaamu omutemwa gwa zakat ogwenkanankana shilingisi emitwaalo kummi (100,000/=), nezijjibwaamu, empeera z'afuna zisinga okusaadaaka emiliyoni ya ssente (1,000,000/=). N'omuntu awa sadaq omu kub'oluganda lwe, afuna empeera nyingi, okusinga oyo awa sadaq abantu abalala abatamuliiko luganda lwonna. Tukimanye nti embeera ey'okwawukana mu mpeera omuntu z'afuna nga akoze omulimu ogwa farz oba ogwa sunnat etwaliramu emirimu emilungi gyonna gyetufunamu empeera ewa Allah ta'ala, nga okusaala, okusiiba, okutoola zakat, okukola umra, hajj, (okutendereza Allah) dhikr n'emilala. Bwetudda ku sswala, omuntu bwagisaala obulungi natuukiriza empagi zaayo, obulombolombo, nagisaala mu bwewombeefu, empeera z'afuna zisinga ez'omulimu ogwa sunnat omulala gwonna. Okusaala ekiro (swalat laili oba tahajjudi), empeera zaayo nyingi. Wabula kiba kibi omuntu okusaala ekiro kyonna n'akoowa. Bwagenda okwebaka nga yakooye ekiro neyabaka otulo otumulemesa okusaala swalat subhi mu jamâ'at. Kale kiba kirungi nyo omuntu asadde ekiro (swalat laili oba tahajjudi), neyebalilira, oluvannyuma neyebaka otulo bulungi nakeera kumakya n'asaala subhi mu jamâ'at. Kubanga swala ey'ekiro (swalat laili oba tahajjudi) ebalibwa nga sunnat so si farz. Omuntu alina okutetenkenya wakati wa farz ne sunnat naye essira alina okuliteeka ku farz okusinga sunnat. Kiba kirungi nyo omuntu okukola sunat (okwesiinza okw'okweyagalira), era ne yesamba ebintu ebilala byonna Allah ta'ala byeyaziyiza (haraam). Tekiba kirungi omuntu okuba nga akola sunnat naggatako ebyaziyizibwa (haraam). Wabula kola Allah byeyakulalikako (farz) ogeberezeeko ne sunat (okwesiinza okw'okweyagalira) awo ojjakusanyusa Allah. Abamanyi b'amateeka g'oBusiraamu bagamba; **farz** (oba **fard**) by'ebintu Allâhu ta'âlâ bye yalaalika ku baddu be, ate byeyaziyiza biyitibwa **(haram)**. Kale **'farz'** kinyume kya **'haram'**. Ate ebikolwa owekitibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' bye yatulagira okukola biyitibwa sunna, bye yatugaana biyitibwa **makrûh**. Ebintu ebyo ebina w'obigatta, biyitibwa okulamula okw'oBusiraamu **Ahkâm-i-islâmiyya**. Omuntu yenna agaana (Ahkâm-i-islâmiyya) okulamula

okw'oBusiraamu okwo, aba mujjemu **(kâfir)**. Omuntu yenna akkiriza (Ahkâm-i-islâmiyya) okulamula okw'oBusiraamu okwo, aba **musiraamu** (mujemulukufu). Omusiraamu ayawukana ku Ahkâm-i-islâmiyya, aba musiraamu omwonoonefu **(Muslim fâsiq)**. Omusiraamu yenna owanamaddala ateekwa okumanya amateeka g'oBusiraamu, neyewala okukola Allah byeyaziyiza byonna, n'ebyo nabbi byeyatugaana. Omuntu bw'asaala swalatu Tarâwih nga tasadde isha-e, swala ye eya Tarâwih tekkirizibwa, kubanga Tarâwih gyaaba asadde swala ya sunnat, ate isha-e gyaaba alese ya farz. Kale omuntu bwaaba akereye okuyingira mu muzigiti, n'asanga abasiraamu nga basaala Tarâwih, asooke asaale isha-e oluvannyuma asaale Tarâwih. Tarâwih bwemuyitako nayo, azuukuka ekkiro n'asaala swalat tahajjudi nga ali yekka so si mu jama'at. Kikakafu nti omuntu empeera z'afuna nga akoze ibada eya (farz) eyamulalikibwaako era n'okuleka ekyamuziyizibwaako (haraam), zisiinga ezo z'afuna nga akoze ibada ey'ekyeyagalire (sunnat). Omuntu yenna aleka okwesinza okwa farz era nakola ne harâm (ebyaziyizibwa), bw'afa nga teyenenyezza, Allah ajja kumubonereza kulunaku lw'enkomelero. Ebintu ebiyitibwa (bid'at), by'ebyo abantu byebezuula mu ddini, nga owekitibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' teyabilagira ng'era teyabikolako. Omuntu bw'aba yesinza takkirizibwa kukola bid'at yonna, kubanga bid'at eyonoona okwesinza (ibada). Eky'okulabilako, tukimanyi bulungi swalat subhi erina eraaka bbiri zokka. Naye omuntu ye bw'asalawo nagikyuusa n'asaala eraaka ezikka oba ezisuuka ku bbiri, nga teyerabidde wabula nga akikooze agenderedde, oyo aba akoze **bid'at**, era swala ye eba nfuu, era tekkirizibwa. Omuntu oyo akola bid'at tetukkirizibwa kumugobolera netusaala naye mu jamâ'at, mpaka nga azze ku nkola entuufu ey'oBusiraamu. Omuntu akola **bid'at** kitukakatako okumuubulira amazima, n'okumutegeeza nti ekyo kyakola tekkikirizibwa mu Busiraamu. Tetusaana era kumwesamba mu bintu ebilala ebya duniya nga okunyumya naye, okumubuuza, n'okumulambula. Kikakata ku buli musiraamu okunoonya okumanya n'okweyigiriza emisingi emikulu mu Busiraamu. Nga tumaliliza omulyango guno; Omusiraamu yenna ateekwa okumanya empaji z'oBusiraamu, ezz'obukkiriza (îmân), alina okumanya biki ebyamulalikibwaako (farz) n'ebyo Allah byeyamuziyizaako (harâam). Kubanga obutamanya tteeka tekikujjisako musaango. Okwesinza Allah mu ngeri entuufu , kussa ekitangaala mu myoyo gyaffe ate ebikolwa ebyaziyizibwa (amazambi) bwetubikola, biddugaza emyooyo gyaffe. Nga

bwetwagambye muntadiikwa, ebigambo ebyo waggulu biggiddwa mu kitabo ekiyitibwa **Maktûbât**, ekiri mu lulimi oluwarabu.

21- Nga bwetwakitegedde okuva mu byawandiikibwa, eraaka ekkumi ne bbiri (12) ze tusaala oluberyeberye n'oluvannyuma lwa swalat ezimu eza buli lunaku, eraaka ezo za kyeyagalire 'sunnat' (nâfila) so si za tteeka 'farz' nga abamu bwebalowooza. Wabula ekyenkizo ekiziriko, zamuwendo nyo okusinga sunnat endala ebantu ze basaala. Era ogumu kumigaso gwaazo, ziziba emiwaatwa oba obumogo obubeera mu swala ettano ze tusaala buli lunaku. Nga bw'olaba zakat fitri bwetukuza ekisiibo ky'omuntu, nabwekityo sunnat zino ze tusaala oluberyeberye n'oluvannyuma lwa swala, zamugaso nyo mukunyiriza swala y'omuntu. Omusiraamu yenna alagajjalira emu ku swala ettano n'emuyitako awatali nsonga yonna emusonyiisa, omuntu oyo afuna omusango ewa Allah Ta'ala. Nabwekityo, kiba kimukakatako okuliwa swala yonna eba emuyiseeko, kuba obutagisaalira ddala liba zambi ddene. Omuntu alina okwebuulilira yye kenyini ku mazambi g'akola. Kubanga ebintu byonna Allah byeyakkiriza bimanyikiddwa, n'ebyo byonna byeyagaana era bimanyikiddwa. Bwewabeerawo ky'otomanyi, kirungi obuuze abamanyi oba ba masheikh mukintundu w'obeera oba mu muzigiti mw'osaalira. Omuntu bwabeera n'esswala eyamuyiseeko, gy'asooka okusaala oluvnyuma n'asaala eza sunnat. Eky'okulabilako, mu mweezi gwa Ramanzaani (mukisiibo), omuntu swalat magrib, bweba emuyiseeko, nayingira mu muzigiti nga basaala swalt Taraweh, tayingira butereevu mu Taraweh, wabula asooka kusaala swalat Isha-e eriko mu budde obwo, n'aliwa swalat magrib eyamuyiseeko, oluvannyuma neyegatta ku jama'at esaala Taraweh. Kino akikola bwaatyo kubanga swalat Taraweh yo ebeera sunna (nafila), ate swalat magrib ne Isha-e zo za farz. Mu Busiraamu tukulembeza farz ku sunnat. Nabweekityo, omusiraamu bwakeerewa okujja mu muzigiti mu budde swalat subhi oba swalat dhuhri ezilina, sunnat ez'oluberyeberye (kabliyya), n'asanga jama'at nga etandiise, ayingira buterevu mu jama'at, so si kutandiika na sunnat. Sunnat yo agibale nti emuyiseeko yetegekere eddako. Kirungi nyo okwanguyiriza okuliwa esswala yonna eba ekuyiseeko. Tolindiliza swalat ku swala, okuzisaala omugattike nga taraweh tekikirizibwa, okujjako nga wabaddewo obuzibu obw'amaanyi. Kikkirizibwa okuliwa esswala eba ekuyiseeko, naye si kirungi kukkiriza swala kkuyitako. Kale tunywelere nyo ku budde bwa sswala. Buli sswalat tugisaale mu budde bwaayo obutuufu. Tetwekwaasa busonga

soonga obutaliiyo, kubanga swala yonna gy'osaala muntu munno siyakusasula empeera. Wabula Allah Ta'ala, eya tutonda yajja okusasula empeera. Allah Ta'ala, muyiinza ku buli kimu ekiri munsi ne muggulu. Tosobola ku mulimba wadde omukwenyakwenya. Bwewekwaasa ensonga etaliiyo, Allah Ta'ala aba Akitegeera. Yye Amanyi ebyekweese n'ebyeyolese. Allah Ta'ala Amanyi ggwe omuntu, kyewakola edda, kyokola kati, ne kyojja okukola mu maaso! Tosobola kumulimba wadde omukwenyakwenya. Kale saala swala mu budde era mu butuufu bwaayo oja kusanyusa omutoonzi wo Allah Ta'ala.

Saala swalat, era ttokkiriza mikono gyo kukwaata ku bitakkirizibwa (harâm);
Tosuubila kuwangaala nyo, oba okubeera mu nsi lubeelera!
Wenyweeze ku sswala emirundi etano buli lunaku, nga okyaali mulamu!
Ky'osiga kati ku nsi, oja kikungula ku nkomelero.

Abantu babiri tebayinza kujjukira kufa:
Omuntu akola ebitakkirizibwa (haram), n'omuntu atasaala!
Lumu emikono gyaffe giriba tegisobola ku kwaata kintu kyonna;
Ennimi zililemelerwa okwoogera!

OKUTOOLA ZAKAT

Obukakafu bw'etteeka ly'okuwaayo zakat busangibwa mu Qur'an, surat Baqara âya eya makumi âna mu ssatu (43), Allah agamba " Muyimirizeewo esswala era mutoole n'ezakat...." Ate mu sûrat Baqara âya ey'ekikumi mukkumi (110), Allah Agamba "Muyimirizeewo esswala era mutoole n'ezakat, buli kirungi kyonna kye mukolera emitima jjamwe mujja kukisaanga ewa Allah, mazima ddala Allah alaba byonna bye mukola." Mu Qur'an mulimu ayaat nyingi era ezilambika okuwaayo zakat nga elimu ku mateeka Allah ge yalalika ku baddu be abeesobola.

Bano be bamu ku bantu abatakkirizibwa kuweebwa zakat:

Omuntu omugagga taweebwa zakat; wabula akakatwaako kuwaayo zakat eri abagisaana; omuntu atali musiraam (kâfir) naye taweebwa zakat; omuntu omugwi w'eddalu (omulalu, atategeera) naye taweebwa zakat; ow'oluganda lwo naye taweebwa zakat (nga omwana wo, omukyaala oba omwami we, omuzzukulu, omukoozi w'awaka, omuddu w'awaka... kubanga abantu ab'omumaka bakakatako ku nannyini waka okubalabilira). Kye bayinza okuweebwa ye sadaqa. Kubanga yo kirungi nyo okugiwa o'woluganda lwo, okusingako okugiwa omuntu owebbali.

Emiteeko egy'abantu abafuna (abaweebwa) zakat gili munana (8):

1– Omuntu omunaku 'miskîn'. (Omunaku, 'maskîn' ye muntu alinawo, naye nga kyalina tekimumala, era nga tekiwera kipimo 'Nisâb' kijjibwaamu zakat).

2– Omuntu omwaavu 'faqiir'(Mu Busiraamu, omuntu ayitibwa omwavu 'fakir' ye muntu atalina kantu konna mu bulamu bwe okujjako, eky'okulya ky'olunaku olumu).

3– Omuntu abanjibwa era nga tasobola kusasula bbaanja erimubanjibwa;

4– Omusiraamu asolooza zakat, naye aberaako n'omutemwa ku zakat eba esolozeddwa.

5– Omutambuze; omusiraamu nga abadde mu lugendo entambula ne muggwaako, naye akkirizibwa okuweebwa zakat.

6– Omusiraamu alwaana mu kubo lya allah (jihad);

7– Omuddu ayagala okwenunula (omuddu ng'alina okusasula mukaama we alyoke amute);

8– Omutemwa omulala ogw'abantu abayitibwa "muallafa-i-qulûb", guno mutemwa tegukyaali wo kati, gwaali gwa bantu abataali basiraamu era baliwo ku mulembe gwa nabbi Muhammad 'sall-Allâhu'alaihi wa sallam'.

Omuntu omukozi afuna omusaala buli ku nkomelero y'omwezi, naye ssente zafuna nga tezisobola (tezimala) kulabilira bantu be abomumakaage (famile ye), akkirizibwa okuweebwa zakat, kubanga aba munaku (maskîn). Abantu abalala abakkirizibwa okufuna zakat, mulimu abayizi abasoma oBusiraamu, nabo bakkirizibwa okuwebwa zakat. Wadde abasiraamu abamu bakikola, naye tekikkirizibwa kukozesa zakat mu kuzimba mizigiti, amalwaliro, amasomero wadde okuzigulamu essanda ey'okuzikaamu omufu. Zakat erina okuweebwa abo bokka oBusiraamu bebwakkiriza. Era elina okukozesebwa mu kumala obwetaavu obwa bulijjo, nga okugulako emmere, eddagala, ebyambalo, n'ebintu ebitonotono. Omwana w'omugagga takkirizibwa kuweebwa zakat, kubanga taata we aba yesobola era kuba kulyazaamanya banaku abateekwa okufuna zakat. Omugagga akkirizibwa okutoola zakat naagiwa bazzukulu be, muka mutabanyi we, bba wa muwalaawe, abakadde abamuzalira mukyaala we, taata we omuto, ssenga we n'abalala abatali ba munju ye. Wabula omugagga takkirizibwa kutoola zakat nagiwa omwana we, mukyaala we oba abazadde be, kubanga abo

bantu be ab'omunju abamuvunanyizibwaako okubalabilira buli lunaku. Zakat tekkirizibwa kuweebwa muntu akozesa maali ye mu bintu ebitakkirizibwa mu Busiraamu (harâm), nga okunywa omwenge, sports bettingi, okugula malaya, enguzi, n'ebilala ebitakkirizibwa. Zakat omuntu gy'afuna alina okugikozesa mu makubo malungi gokka, nga okugulaako emmere, eddagala, engoye, okusasulako ssente z'essomero (sukulu fiizi), okuliwa amabaanja, n'okumala ebyetaago ebilala. Omuntu atalina mwasirizi oba omuyambi yenna gamba ababa bakoseddwa n'entalo, bakkirizibwa okuweebwa zakat, kubanga baba tebalina suubi ddala yonna. Omusiraamu omwaavu nga talina famile, aweebwa omutemwa mutono ku zakat, ate oyo alina omukyaala ayongerwaako, ate alina omukyaala n'abaana aweebwa kinene okusiingako atali mufumbo oba abafumbo abatalina mwana.

Obulombolombo obw'omuntu ateekwa okuwa zakat (oyo zakat gw'egibwaako):

1– Alina okuba omusiraamu;

2– Alina okuba omukulu (nga ali mu myaka egivunanibwa mu Busiraamu);

3– Alina okuba owa boobe (nga si muddu);

4– Emaali elina okuba nga ya halal nga ewera n'ekipimo kya zakat (nisâb);

5– Alina okuba nga tabanjibwa, era nga talina bwetaavu.

Omusiraamu nga tannatoola zakat mu maali ye ateekwa okusasula amabaanja gonna g'abanjibwa. Era alina okulabilira famile ye bulungi ebeere nga si netaavu mu by'okukozesa ebya bulijjo nga, emmere, eddagala, sukulu fiizi w'abaana, eby'okwambala n'ebilala. Mmaali ejjibwaamu zakat y'eyo eba essigalidde oluvannyuma lw'okumala obweetavu bwa famile **(hâjat-i-'asliyya)**. Bwaamala obwetaavu bw'abantu be ab'omumaka, era ng'alina eby'obugagga ebiwera ebituusa ekipimo kya zakat (nisâb) ebikkirizibwa okujjibwaamu zakat, ateekwa okutoola zakat, bwatakikola afuna omusango mu maaso ga Allah Ta'ala. Emaali ejjibwamu zakat erina okuyitwaako ebbanga lya mwaka mulamba mu mbala y'ekisiraamu (hijrî).

Omusiraamu atoola zakata takkirizibwa kujiganyulwaamu. Ezakat gyatodde erina kugasa bantu balala. Atodde zakat bwaaba awaddeyo ebisolo nga ente takkirizibwa kufunako wadde kilo emu eye nyama, wabula elina kugaasa abatesobola. Nga bwekiri ku

milimu emilala gyonna mu Busiraamu, okumalilira (niyyat) nkulu nyo mu kutoola zakat. Omusiraamu tatoola zakat olw'okwagala bamulabe nti awaayo nyo, oba bakakase nti mugagga, wabula alina okutoola zakat ne niyyat ennungi nga akakasa nti okutoola zakat tteeka lya Allah, era asuubire okusasulwa empeera okuva ewa Allah, naye sikusiimibwa wadde okusasulwa n'abantu wano kunsi.

Ebyo bugagga ebijjibwaamu zakat bya miteeko ena (4): **Omuteeko ogusooka**, ebisoola ebilundiddwa ebanga elisuuka mu myeezi omukaaga. Ebisolo ebijjibwaamu zakat bye bino: Engamiya, ente, embuzi, n'endiga. Mu bilundwa awaka ebitajjibwaamu zakat, mulimu obumyu, n'ebinyonyi bya awaka byona nga enkoko, sekoko, embaata, enjiibwa, byo tebijjibwaamu zakat. Ebisolo ebiwebwaayo bilina okuba nga bilamu, binyirivu era nga tebilina kamogo konna. Zakat ey'omubisolo, kiba kisolo kyenyini, bweziba nte, owaayo nte yenyini. Tokkirizibwa kuwaayo mbuzi nga ye zakat y'ente oba eye ngamiya. **Omuteeko ogwokubiri**; eby'obusubuzi ebigulwa era ne bitundwa n'ekigendelerwa ekyo kukola amagoba. Eby'obusubuzi ebyo bijjibwaamu kimu kya kkumi ebbanga bweliba liyiseeko. Eky'okulabilako, omuntu asuubula engoye, sukali, sabuni, supeya, oba omusubuzi w'emmotoka, tayinza kuwaayo sukaali, oba emmotoka nga zakat. Wabula maali eyo bweeba eyiseeko ebbanga erikkirizibwa, ebalibwa omuwendo gwaayo, nejjibwaamu ekipimo ekigere. **Omuteeko ogw'okusatu**, mulimu feza ne zzaabu. Bino nabyo bijjibwaamu ekipimo ekigere. **Omuteeko ogw'okuna**, gw'ebyo ebilime. Emmere, ebibala awamu n'enva. Nga ebijanjaalo, kasooli, lumonde, amatooke, omuceere, engano, obulo, omuwemba, entende, obutunda, emicungwa, n'ebilime ebilala. Ebilime oyinza okubigerengeranya n'ebisolo kubanga omulimi w'ebijanjaalo zakat epimibwa mu bijanjaalo ebyo byenyini. Era toyinza kuwaayo bijanjaalo kulwa kasooli oba kulw'ebinyeebwa. Wabula singa abagenda okuganyulwa mu zakat eyo baba tebasobola kugikozesa mu mbeera yaayo, kikkirizibwa okugikyuusa okutukaana n'omutindo gw'abetaavu. Eky'okulabilako, zzabu ne feza, bwaaba afunyise mu zakat, kikkirizibwa okumukyuusa ne tufunaamu ssente ekanlu neziweebwa abanaku. Wabula kino kikolebwa n'abasolooza zakat, so si nanyini maali awaayo zakat. Omugagga ye abalibwa ekipimo mu zzabu oba feza kya tekeddwa okuwaayo era ky'awaayo so si ssente. Ebiwebwaayo ebilala nga emmere, gamba nga omuceere, gwo butereevu bwebamala oggusolooza, gugabibwa neguweebwa abetaavu.

Engereka ya zakat eva mubilime eyawukana okusinzira ku ndabilira omulimi gyeyakozesa mu kulabilira. Ebilime ebimu bikulira ku nkuba etonnya okuva mu ggulu ate ebilala omulimi ayinza okukiyiwilira n'amazzi gabulijjo. Ekirime ekukuze n'enkuba ebiseera ebisinga tebakisasanyizaako nyo ssente na maanyi ate eky'okufukilira kyo kitwaala nyo obudde, ssente n'amaanyi. Ekilime ekikulidde ku nkuba nga omulimi takiyiwiridde, kijjibwaamu zakat ekipimo kya kimu kya kumi (1/10). Ate ekilime kyebayiiridde, kijjibwaamu, kimu kwa abiri (1/20). Ekilime nga kasooli, ebinyeebwa, ebijanjaalo, omuceere, n'ebilala, bijjibwaamu zakat nga bikunguddwa era nga bikaaze. Ate ebibala byo bijjibwaamu zakat nga byengedde. Eky'kulabilako, entende, obutunda, emicungwa, n'ebibala ebilala.

Zakat bwemala okusolozebwa nga yavudde mu zzabu, feza, ebisolo oba ebilime, ekkirizibwa okuwanyisibwa n'evaamu ssente ezenkanankana n'omuwendo gw'akyo. Tugambe enyama y'ente emu eyinza okuvaamu emitwaalo atano, ssente ezo zigabanyizibwaamu neziweebwa abatekeddwa okufuna zakat. Bwebaba babadde abetaavu kkumi buli omu aba afunako emitwalo etano. Giba gisinga okumuwa enyama, kubanga ayinza okuba n'obwetaavu obulala obunene obusinga kilo y'enyama. Zakat bweba yajiddwa mubilime nga omuceere, gwo gubaweebwa butereevu nga tegukyusiddwa mu ssente. Kubanga yo mmere eba egenda kufumbibwa bagirye na abantu be mu maka.

Emaali y'omuntu bweeba ewezzeza ekigero ekijjibwaamu zakat (nisâb) era nga eyiseeko ne bbanga lya mwaka gumu ogwa kalenda y'oBusiraamu, n'eyo maali nga yagifuna mu makubo matuufu (nga ya halâl), kiba kikakata (farz) ku muntu oyo okuwaayo zakat. Ebintu ebijjibwaamu zakat birina okuba nga bya bwananyini, era nga nanyini byo asobola okubikozesa awatali amukuba ku mukono. Emaali eyo ayinza okuba nga yagisikira okuva ku bazadde be, oba nga yagyeekolera era ng'alina obukakafu obulaga nga maali ye. Emaali omuntu gy'afuna okuva mu makubo amakyaamu, nga okubba, okunyaga, mu nguuzi, oba okugifuna nga otuunze mwenge, mbizzi, mu bwa malaya, oba mu bikolwa ebilala ebitakkirizibwa mu Busiraamu, maali eyo eba nkyaamu **"khabîth"** era tejjibwaamu zakat. Nanyi yo nebwawaayo tafunamu mpeera mu maaso ga Allah, kubanga ensiboko yaayo mbi (haraam) era nayo eba mbi (haraam). Allah Ta'ala Ayagala omuddu awaayo ebirungi ebyaava mu makubo amalongoofu. Zakat tejjibwa mu maali nkyaamu (khabîth). Emaali eyo enkyaamu teba y'oyo agyepatiikako. Nga maali enzibe, teba haqi

ya mubbi, wabula lubelera esigala nga haqi y'oyo gwe baajibbako. N'olwekyo maali enzibe tekkirizibwa kujjibwaamu zakat. Oyo omubbi alina okujiddiza nanyini yo gwe yagibbako, bwaba yafa agiddiza omusika, bwaba talina musika agiwa omukulembeze wa abasiraamu nagigabila abanaku. Eky'kuyiga kyetujja mu bigambo bino kiri nti; tugezeeko nyo okuba nga enyingiza yaffe yonna eva mu makubo amatuufu (halal) Allah geyakkiriza. Kubanga emaali enkyaamu (eya haram), ne bwoba togiwaddeeyo nga zakat, ggwe mwenyini nogikozesa, by'ogikozesezza tebibeeramu mikisa (barak). Bw'osaba dduwa Allah tazaanukula, kubanga owangaalira ku haram. Abantu abasinga obungi baagala okubeera abagagga, naye tugezeeko nyo okubeera n'enyingiza ennungi (eya halal). Era n'obutagatikka maali yaffe eya halal mweyo eya haram. Kubanga bwogata maali yo eya halal mu ya haram efuuka maali nkyaamu **(mulk-i-habîth)**. Naye bwokizuula nti olinamu maali enkyaamu mweeyo eya halal, maali eyo ogigabira abanaku n'abetaavu abateesobola. Abantu abatali basiraamu abawangaalira mu munsi oba mu kitundu ekitwaalibwa n'a basiraamu, (bayite ba dhimmîy) tabaweebwa Zakât. Wabula kikkirizibwa okubawa ku sadaqa-i-fitr.

Tokkirizibwa kutoolera zakat mutemwa mulala ogw'ebyobugagga. Wabula zakat erina okujjibwa mu maali yenyeni etuuse okujjibwaamu zakat. Eky'okulabilako, omulunzi ow'ente bweziba zitussiza ekipimo ekijjibwaamu zakat, nanyini nte ezo alina okujjaamu nte yenyini gy'awaayo. So si kuwaayo ssente, oba embuzi, oba emotoka, oba ebilime oba zzaabu. Zakat erina okuba nga kikula ky'ekimu ne maali mweeva. Kasooli ajjibwaamu kasooli, so si binyeebwa. Omuceere gujjibwaamu muceere, so so si bijanjaalo. Embuzi zijjibwaamu mbuzi, so si ngamiya. Zzaabu ajjibwaamu zzaabu, so si ngoye wala emotoka,,, n'emiteeko emilala bwegityo. Zakat ennungi erina okupimwa. Zakat eva mu bilime, feza ne zzaabu epimwa okukakasa ekigero kyaayo "ayn". Bakozesa ebipimo ebikozesebwa mu kintundu, nga minzaani, endeebe, baafu, oba akataasa. Ate ebisolo byo "sâima" bitunuulirwa buwangaazi bwaabyo. Gamaba nga akayana akawezezza emyeezi omukaaga, oba omwaaka, oba emyaka ebiri oba akazzibbwaako, bwe buyinza okutoolebwa nga zakat.

"Feeza ne zzaabu byakolebwa nga bya muwendo nyo **(thaman)**. Omuntu tasobola kubikozesa mu kukkusa bwetaavu bwe nga ow'enjala oba omuyonta. Wabula feeza ne zzaabu bikozesebwa mu kugula ebintu byetwetaaga, nga okugula engoye, emmere oba eddagala. Wabula ebintu ebimu omuntu asobola

okubitunda n'afuna ssente era asobola okubikozesa butereevu nga tabitunze. Eky'okulabilako, embuzi osobola okugisala n'olya enyama oba osobola okugitunda n'ogyamu ssente eziyinza okweyambisibwa awalala. Nabwekityo, ebilime ebilala nga kasooli, ebijanjaalo, entende, obutunda, ebinyeebwa, n'ebilala."

Buli muntu yenna ku nsi alina ebyetaago. Omuntu abeera n'ebintu byayagala mu bulaamu bwe. Ebyetaago by'omuntu ebimu tasobola ku wangaala nga tabilina. Mwemuli okulya, aw'okusula, okwambala, obujjanjabi. Ate ebyetaago ebimu bbyo bya kwesanyusa. Nga okubeera n'emmotoka, essimu, eby'okwewuunda nga zzabu, feza,ebikomo, ebinere, esawa, kapeti, okubeera ne komputa, telefeyina, n'byemasanyu ebilala. OBusiraamu bukkiriza omuntu okumala ebyetaago bye mungeri yonna etakontana na Busiraamu. Okugeza eby'okwewuunda nabyo nga zzabu, feza,ebikomo, ebinere, obuwoowo, esawa, kapeti, omusiraamu akkirizibwa okubikozesa n'okubeera nabyo senga biba byaava mu makubo malungi. Wabula ebyetaago by'omuntu ebiseera ebimu byawukana okusinziira ku ggwanga omuntu wawangalira, oba embeera gyawangaliramu, ekiseera ky'wangaliddemu awamu n'abantu bawangaala nabo. Okugeza, ku mulembe guno, buli omu ayagala okubeera n'essimu emwanguyize eby'empuliziganya. Naye kumilembe egyayita amasimu tegaaliwo, era abantu tebagatwaala nga ekikulu. Edda abantu bettanira nga nyo radiyo, naye kati baakyuusa, buli omu ayagala televizoni (telefayina).

Omusiraam omusubuzi (omukozi wa bizinesi), nga omutuunzi w'engoye, engatto, atunda sukaali, munyo, manda, supeya, bitabo, nsawo, mmotoka, n'ebyobusubuzi ebilala, zakat ateekwa kugiwaayo mu ssente nkalu. Kubanga tetusobola kumujjako nsawo z'amanda nga zakat mu maaliye. Wabula bizinesi yonna, abasolooza zakat bagibalirila, bwebakizuula nti ewezzeza ekipimo ekijjibwaamu zakat, asasula mu nsimbi. Mukino, omusubuzi w'ebintu ebyenjawulo ayawukana n'omulimi oba omulunzi, kubanga omulimi awaayo kw'ebyo byalima, okugeza omulimi w'omuceere awayo muceere gwenyini, n'omulunzi naye bwaatyo, alunda embuzi er zakat alina okuwaayo mbuzi.

Ekitabo ekiyitibwa **Kitâb-ul-fiqh** ekyawandiikibwa n'omukenkufu (professor) Prof. 'Abd-ur-Rahmân Jazîrî, kigamba mu mulyango gwa zakat mu ssente z'empapula 'Zakât awrâq-i-mâliyya (banknotes)' agamba bwaati: " Kigwaana okuwa zakat nga tukozesa ssente enkalu (ez'empapula). Ssente ezo bweziba nga zezikozesebwa n'bantu bonna mukufuna ebyamaguzi. Era

kikkirizibwa omusuubuzi wa zzaabu ne feeza, bwaaba zzaabu oba feeza gwalina tawela kipimo kijjibwaamu zakat naye ng'alinawo ssente enkalu, zzaabu ne fezza bibalibwaamu ssente, wonna awamu nasasula ssente enkalu mu kifo ky'okuwaayo zzaabu oba feza. Omusiraamu tasaana kulindiliza zakat, emaaliye bweba ewezezza ekipimipo ekijjibwaamu zakat alina okuyita abasoloza zakat nebagibala.

Tekikkirizibwa, kuwaanyisa zakat mukuliwa bbanja. Singa omuntu omunaku abadde abanja omugagga, omugagga takkirizibwa kumuwa zakat n'agamba nkusasudde ebbanja lyo. Wabula abo abaweebwa zakat, balina okujifuna, oluvannyuma betereeza nebasasula amabanja gaabwe. Naye toyinza kuwa muntu akubaanja zakat, n'omugamba nti, zakat gyenkuwadde, nkusasudde ebbanja ly'obadde ommanja. Ate sente eziba zikuwereddwa nga zakat, okkirizibwa okuzikozesa mukusasula amabaanja agakubanjibwa n'abantu abalala.

Abantu oba ekitongole ekisolooza zakat kirina okuba nga kimanyiddwa n'abasiraamu bonna. Era n'ensasaanya ya zakat eba esoloozeddwa elina okonnyonyolwa bulungi eri abantu abawaayo zakat, olw'okumalawo okwemuluguunya n'obutali bumativu ku ngaba ya zakat. Munsi ezifugibwa oBusiraamu, zibeera n'ekitongole kya gavumenti ekivunanyizibwa ku kusolooza zakat, oluvannyuma n'etwaalibwa mutterekero ly'eggwanga eliyitibwa **Bayt-ul-mâl**. Naye munsi ezitafugibwa naBusiraamu, walina okubeerawo abantu abeekusifu abasolooza zakat. Eky'okulabilako, mu Uganda tuyinza okweyambisa ba Imaam (abakulembeze) b'emizigiti mu kusolooza zakat. Kubanga Imaamu aba abamanyi abetaavu mu basiraamu baakulembera mu muzigiti era atwaala n'obuvunaanyizibwa obw'okugaba zakat. Wabula era munsi ezitatwalibwa naBusiraamu, bwewabeerawo ekitongole ekyesiimbu eri abasiraamu, kikkirizibwa okusolooza zakat n'okujiwa abo abeteekeddwa okujifuna. Era abafuna zakat bebano; omuntu omunaku 'miskîn'; omwaavu 'faqiir'; omuntu abanjibwa era nga tasobola kusasula bbaanja eli mubanjibwa; omusiraamu asolooza zakat, naye abeerako n'omutemwa ku zakat eba esoloozeddwa. omutambuze; omusiraamu nga abadde mu lugendo entambula ne muggwaako, naye akkirizibwa okuweebwa zakat; omusiraamu alwaana mu kkubo lya Allah (jihad); awamu n'omuddu ayagala okwenunula.

Nga tumaliriza omulyango guno ogwa zakat, waliwo ebigambo bino eby'okwebuulira nabyo;

Muganda wange, wegendereze era va kubulagajjavu!
Obulamu bwo bwa muwendo nyo, tobuleka ttayo!

Kuuma (Taasa) omutimagwo ku bwagazi bw'ensi!
Omutima gwo gwaagale omubirigwo, era tukuza omutima gwo!

Ekibuuzo, Zzaabu bw'omusaaba ettaka,
Olowooza omuguzi wa zzaabu ayinza okumugula n'essanyu?

Teweraga nyo kulw'obuyigirizeebwo!
Lowooza nga tonnayogera, kino kijja kukutaasa obutakola nsobi!

Noonya omuntu omumanyi era omwesibeko nyo!
Ojakumanya amazima ofune n'obwewombeefu!

Noonya amazima,
Kola ekintu eky'omuwendo era ekisaana!

Omuntu atalina ky'amanyi takubuzaabuza!
Abamanyi abeddini bajja kukubuulira ekitufu!

OMULYANGO GW'OKUSIIBA (SAUMU)

Okusiiba eli emu ku mpagi z'oBusiraamu ettano. Okusiiba teeka lya Allah eri ffe abantu. Wabula okusiiba kw'abasiraamu kwaawukana n'okusiiba kw'enzikiriza endala. Kubanga ffe abasiraamu bwetusiiba twerekereza ebisiibulula byona okuva emambya lw'esala mpaka enjuba lw'egwa. Ebimu ku bye twerekereza mulimu eby'okulya nga emmere, ebyokunywa nga amazzi, obutunda, soda, cayi n'ebilala. Era mu kusiiba tulina okusiibisa emibiri gyaffe gyonna. Mu kino mulimu abafumbo obutegatta mu nsonga za kifumbo mu budde bwe misana nga basiibye, muli okukuuma ebiyungo ebilala nga omumwa obutageya, obutalimba, okukuuma amaaso n'ebiyungo ebilala. Omusiraamu yenna ateekwa okusiiba obulamu bwe bwonna okutuusa Allah bwa mujjulula mu bulamu bw'ensi. Wabula nga bwe tujja okunnyonyola oluvannyuma, omwana omuto takakatibwaako kusiiba, wabula kiba kirungi bwaaba awezezza emyaka musanvu n'okudda waggulu, netumumanyiriza okusiiba. Ate omuntu omukadde at'esobola, naye ajjibwako okusiiba.

Byetukola mu kusiiba:

1– Tulina okumalilira (okutoola niyyat).

2– Okwelekereza buli ekisibulula kyonna mu budde bw'okusiiba. Okuva nga emambya esaze mpaka enjuba bweegwa.

3– Okutukiriza empagi n'obulombolombo bw'okusiiba bwonna

Obulombolombo bw'omuntu atekeddwa Okusiiba;

1– Omuntu asiiba ateekwa okuba omusiraamu.

2– Ateekwa okaba nga yavubuka (si mwana muto).

3– Wabula okusiiba kw'omuto kukkirizibwa (kuba kutuufu wadde takakatibwaako).

4– Omuntu asiiba ateekwa okuba nga mulamu (si mulwadde).

5– Okuba omutuuze (muqîm) nga tali mulugendo luwanvu.

6–(Omukyaala oba omuwala) atweeka okuba nga mutukuvu nga tali munsoga za kikyaala.

7– (Omukyaala) ateekwa okuba nga si nakawere nga tali mu mbeera ya nakazadde (nifâs).

8- Omusiibi ateekwa okuba nga yeesobola alina amaanyi (si mukadde).

Ebintu ebyonona Okusiiba (Ebisibulula Omusiibi):

1. Okulya ekintu kyonna nga osiibye;

2. Okunywa ekintu kyonna;

3. Omukyaala okugenda mu nsoonga ze kikyaala (haid);

4. Omukyaala okuyingira mu bwa nakazadde (nifâs);

5. Okusesema.

6. Okwegatta kw'abafumbo (okwesanyusa omwami ne mukyaala we mu buliri) mu budde bw'okusiiba, nakyo kisibulula era kiriko omutango munene gwa kusiiba emyeezi ebiri egy'omudiringanwa.

7. Wabula emize emibi, nga okulimba; Okugeya; Olugambo. Gikendeeza ku mpeera z'omusiibi, tusaanye okujeewala enyo mu kusiibo era nga bwetutekeddwa okujeewala mu biseera ebilala byonna nga tetusiiba, kubanga tetukkirizibwa kujeemela Allah nga tusiibye oba nga tetusiibye, buli kiseera tulina okuba abaddu be abalongoofu.

Emiteeko gy'abantu abatasiiba (Abakkirizibwa okulya mu budde bw'okusiiba):

1– Omulalu (omutabufu w'omutwe); Omuntu atategeera.

2– Omutambuze "musâfir". Omuntu ali mu lugendo oluwaanvu, akkirizibwa okulya mu kiseera ky'okusiiba; bwaava mu lugendo, agenda mu maaso n'okusiiba ennaku ezisigalidde, ekisiibo bwekiggwaako, aliwa ennaku oba olunaku lwe yalya nga ali mu lugendo. Omuntu oyo nga bw'asiiba akalubizibwa nyo oluusi n'okulemelerwa okusiiba olunaku okulumalako. Wabula mu Busiraamu tekigaana (kikirizibwa) omuntu omutambuze owa

safari empaavu okusiiba. Era okusiiba kwe kuba kutufu. Omutambuze tateekwa kwelyazamaanya, bwaba atambula olugendo olw'okumpi oba oluwanvu naye nga lwa ddembe nga okukozesa emmotoka oba enyonyi, kirungi omutambuze oyo okusiiba.

3– Omukyaala ali mu nnaku z'ekikyaala eza buli mwezi ; 'piriyodi' (haidhi); naye tasiiba.

4– Omukyaala eyakazala, nga tannatukula ali mu nifâs;

5– Omukyaala ow'olubuto, omunafu atasobola kusiiba;

6– Omuntu omulwadde, nga akozesa eddagala mu budde bw'emisana, oba ow'endwadde ezitamusobozesa kusiiba, nga owa sukaali, puleesa, kokolo, nebilala;

7– Omuntu omukadde ennyo, eya nafuwa atasobola ku lumwa njala.

Abantu abali mu miteeko egyo waggulu, ennaku z'okusiiba omwezi gwa Ramadhân bweziggwaako, balina okuliwa. Okusinzira ku mbeera omuntu gy'abeeramu, alina okugezaako okuliwa ennaku zatasiibye nga ekisiibo ekilala tekinnatuuka. Bwaba teyasiiba kuba yali mu lugendo, oba mukyaala eyali mu nsoonga, bwebamaliliza okusiiba Ramadhân alina okusiiba ennaku ze yalya. Wabula omulwadde atalina suubi yakukkadumu kusiiba nga omulwadde wa puleesa oba sukaali, n'omukadde, bwaba n'obusobozi akkirizibwa okusibulula omuntu omu buli lunaku mu mwezi gwa Ramadhân. Aba akikoze afuna empeera nga ez'oyo asiibye. Atasobola kusibulula muntu nga mwaavu, Allah amusonyiwa ekisiibo. Abalala ab'obulwadde obuwona nga omusujja, oba akozesa eddagala mu kaseera akagere, oyo ateekwa okusiiba ennaku z'alidde mu Ramadhân.

Omuntu yenna agenda okusiiba ateekwa okumalilira (alina okutoola niyyat). Niyyat etolebwa na mutima, so si kulangilira, n'obuulira buli omu nga enkya bw'ogenda okusiiba. Okulangilira kw'okusiiba kubeerawo mu ntadikwa y'akisiibo nga abakulembeze baffe ab'oBusiraamu balangilira okulabika kw'omweezi gwa Ramadhân. Naye omuntu kinn'omu alina okutola niyyat y'okusiiba. Niyyat eno, omusiibi akakasa nti agenda kusiiba lwa Allah, nakakasa nti okusiiba tteeka lya Allah elimukakatako era nga asuubira Allah okumusasula empeera mu kusiiba kwe. Okumalilira oba okutoola niyyat, tekubeera mu bigambo, wabula kibeera kikolwa kya mutima gwo, ekibeera wakati wo ggwe omuntu ne Allah omutoonziwo. Niyyat y'okusiiba omuntu ayinza okugitoola ekiseera kyonna nga tannatandiika

kusiiba. Jukira okusiiba kutandika emambya tenna sala, emambya bwesala netusaala swalat subhi, oba tosobola kutola niyyat. Kale kib kirungi nyo okutola niyyat mu kiro ekikeesa obudde bw'okusiiba. Oyinza okuba nga tonnalya daaku oba nga omaze okulya. Niyyat y'okusiiba etoolebwa na buli muntu yenna agenda okusiiba. So tetoolebwa mu jama'at, abantu tebasobola kukungaana mu kifo kimu nga mu muzigiti nebagamba nti batoola niyyat ya kusiiba. Era tekikkirizibwa kugamba nti imaamu w'omuzigiti y'alina okubatooza niyyat. Kubanga niyyat erina kubeera mu ggwe kennyini.

Okusiiba kulimu emiteeko mingi. Okusiiba okusooka kw'eekwo okwa tulaalikibwako okw'omwezi gwa Ramadhân. Buli musiraamu yenna ateekwa okusiiba, okujjako nga alina ekimusonyiyisa nga byetwayogeddeko wagulu ng'obulwadde, okuba mulugendo, oba abakyaala n'ensoonga za'abwe. Okusiiba okulala kwe okw'okweyama "nazr-I". Omuntu bweyeeyama okusiiba, kuba kumukakaseeko mpaka lwatukiriza ekyeyamo ekyo. Okusiiba okulala kwe okw'okweyagalira (okwa sunna). Okusiiba okwa sunna, mulimu okusiiba sitati (ennaku omukaaga mu mwezi gwa Shawwali), sunnat mulimu okusiiba olunaku lwa Arafa, sunna mulimu okusiiba buli lwa balaza n'olwokuna, era sunna mulimu okusiiba ennaku "enjeru" 13,14, ne 15 buli mwezi ku kalenda y'oBusiraamu. Wabula mu kusiiba kuno kwonna niyyat oba okumalilira kukulo nyo era tekusobola kubuusibwa maaso. Omuntu tasobola kusiiba kwonna okwa farz oba okwa sunnat nga tatodde niyyat (nga si mumalilivu) mu kusiibakwe. Kubanga okusiiba kwonna kwetusiiba tusiiba n'ekigendererwa eky'okufunamu empeera mu maaso ga Allah Ta'ala.

Owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam, mu emu ku hadith, amakulu gaayo gagamab bwegati "Omuntu omusiibi alina ensanyuka za mirundi ebiri. Olusanyuka olusooka lubeerawo mu kiseera nga asiibulukuka. Ate olusanyuka olw'okubiri lujja kuberawo kulunaku lw'enkomelero nga asisinkanye Allah Ta'ala". Mu bigambo tugyamu eky'okuyiga nti omuntu bw'asiiba, olunaku luba luwanvu era alumwa enjala n'enyonta. Olunaku bwe lugwaako, omuntu oyo asibulukuka. Mukaseera k'okusibulukuka, asanyukira eby'okulya awamu n'eby'okunywa. Era olunaku welugwiira aba mwetaavu wakulya n'okunywa. Okusanyuka okw'okubiri okujja okubawo kulunaku lw'enkomelero, kujjakuba kusanyuka kw'amaanyi. Kubanga omuntu bw'awangala kuno ku nsi ayinza okusiibirako ebisiibo ebiwera amakumi atano (50). Byonna aba yafuna okusanyuka okw'okunsi, naye nga tanafuna

kwa nkomelero. Nabwekityo, okusiiba kwe kwonna okw'obuwangazi bwe alikufuna mulundi gumu mu maaso ga Allah Ta'ala. Tusaba Allah akkirize okusiiba kwaffe kwonna kwetusiiba obuwangazi bwaffe bwonna, tufune okusanyuka ku lunako lw'enkomelero,,, Allahuma Ameena...

Omusiraamu bw'alowooza nti enjuba egudde, n'asibulukuka nga obudde bw'okusiibulukuka (futaali) tebunnatuka, okusiiba okw'olunaku olwo kuba kufudde. Ekisiibo bwekiggwaako ateekwa okuliwa olunaku olwo. Naye bw'asibulukuka kagendelere nga obudde bwa futaali tebunatuka, aliwa olunaku olwo era natola n'omutango (kaffârat), kubanga aba alidde mu budde bw'okusiiba.

Abasiraamu abafumbo omwami n'omukyaala bwebegatta mu nsoonga z'ekifumbo, obudde bw'okusiiba mu mwezi gwa Ramadhân, okusiiba kwaabwe kufa, baba n'omusango munene era balina okuwa omutaango (kaffârat). Abafumbo abo bateekwa okusiiba ennaku nkaaga (60) ez'omuddiringanwa. Abafumbo abo oba omu ku bbo, bwaba tasobola kusiiba, olw'obuzibu bw'obulamu, alina okuliisa abantu abanaku nkaaga (60), buli lunaku nga aliisa misikini omu omu okumala ennaku nkaaga. Bw'aba tasobola kuliisa banaku nkaaga, atoola sadaqa nagiwa abantu be abomunju. Bw'aba tasobola, yesonyiwa omutango era Allah mwenyi yamanyi bwalimulamula.

Omusiraamu eyalya mu kisiibo, nga omukyaala ow'olubuto oba ayonsa, ekisiibo kyonna nekigwaako nga tasiibyeko wadde olunaku olumu, omwezi gwa Ramadhân bweguggwaako, ateekwa okusiiba omwezi mulamba nga Ramadhân endala tennatuuka. Alina okusiiba wakati wa Ramadhân eyamuyitako ne Ramadhân ey'omwaka ogujja. Naye bw'abeera n'obuzibu nga okulwaalwa, Ramadhân endala netuuka nga tanna kusiiba ey'omwaka ogwayita, aba abanjibwa Ramadhân bbiri. Era bw'aba ateredde alina okuzisiiba zonna ne bweziba zi ssuka mu bbiri. Wabula bwaba asiiba ennaku ezamuyitako, alina eddembe ely'okusiiba olunaku oba ennaku eziwera era n'okulya okumala ennaku eziwera. Tekimukakatako kusiiba bbanga lya mwezi mulamba nga taliddemu. Ekisiibo ekyamuyitako bwekiba kyaali kya nnatu abiri mu mwenda oba asatu naye zalina okuliwa. So sikusiiba ezikka oba ezisukka kw'ezo ezasibibwa n'abalala.

Omuntu Omusiraamu bw'afuna obuzibu ku bwongo (nga okugwa eddalu) mu mwezi gwa Ramadhân nga abadde asiiba, takkirizibwa kugenda mu maaso na kusiiba. Wabula ayimiriza okusiiba mpaka lwa telera. Omwezi gwa Ramadhân bwegugwaako

nga tateredde, natelera oluvannyuma, ekiseera kyonna kyatelereddemu ky'alina okuliyiramu ennaku zeyala mu Ramadhân. Nebw'amala omwaka mulamba, addamu n'asiiba nga ateredde. Wabula Allah bw'amugelera n'afa nga tawonye ddalu, asonyiibwa okusiiba okwamuyitako nga agudde eddalu. Tusaba Allah atukingirize ekikemo ekyo awamu n'abantu baffe, n'abasiraamu abalala bonna,,, Allahuma Ameen!

Omusiraamu omusiibi yenna bwalya nga agenderedde, nga ekiseera ky'okusibuluka tekinnatuuka okusiba kufa. Era aliwa okusiiba okwo n'awa n'omutango. Naye omusiibi singa yeelabira nti asiibye n'alya oba n'anywa, agenda mu maaso n'okusiiba kwe okw'olunaku olwo, era okusiiba kwe kuba kutuufu. Owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam, mu emu ku hadith, amakulu gaayo gagamab bwegati "Omuntu omusiibi yenna eyeelabira nga asiibye, n'alya oba n'anywa ajjuze okusiiba kwe..." Ennaku ezisoka mu kusiiba okweelabira kuyinza okubeerawo. Eky'okulabilako, abakyala abalabilira abana abato, ayinza okuba nga yamanyiira okunywa ku chayi w'omwana nga amuwoza. Olw'okutya okumunywesa chayi ayokya. Kino ayinza okuba abadde akikola mu biseera ebitali bya kusiiba. Wabula ekisiibo bwekitandika omukyaala oyo ayinza okwelabira nti asiibye, nanwya ku chayi w'omwana, oluvannyuma najjukira nti assibye, agenda mu maaso n'okusiiba kwe. Oluusi n'abantu abamanyiira okunywa amazzi buli kaseera, naye ayinza okwelabira nti asiibye, nanywa amazzi, awo wenyini nga yakatandika okunywa najjukira nti asiibye, akkirizibwa okugenda mu maaso n'okusiiba kwe okw'olunaku olwo era kuba kutufu. Tujjukire nti buli mulimu gwonna ogw'oBusiraamu gwe tukola, tugukola kusanyusa Allah. Era Allah amanyi ebiri mu mitima gyaffe. Allah Amanyi ebyeyolese n'ebyekweese. Okusiiba nakwo tusiiba Allah atusasule empeera. Kulw'ensonga eyo, tewelyazamanya, tolya oba tonywa nga ogenderedde n'ogamba nti ndidde oba nywedde sigenderedde. Kubanga ggwe omuntu tosobola kulimba wadde okukwenyakwenya Allah Ta'ala nga bw'oyinza okukikola ku bantu banno. Tubeere besimbu mu kusiiba kwaffe Allah ajjakukkiriza bwaaba ayagadde. Tosiiba kulw'okutya abantu okukulaba nga olya. Oba tosiiba olw'okwgala okusanyusa muntu munno. Nga omukyaala oba omwami ayinza okusiiba nga ayagala kusanyusa muganzi we. Omwana ayinza okusiiba nga ayagala kusanyusa bazadde be. WABULA SIIBA KULW'OKWAAGALA OKUSANYUSA ALLAH. Kubanga Allah ye mutoonzi wo. Era Allah yakuvunanyizibwaako buli

mulimo gwo gwonna. Twewale ebintu byonna ebyonoona okusiiba kwaffe, tujja kusasulwa empeera ku nkomelero.

Okulya oba okunywa okusiibulula, kuba kwa kintu kyonna ekiyita mu ddokooli ly'omuntu. Gamba nga okumila empeke y'ekinyeebwa, oba okunywa amazzi omumilo gumu gukusiibulula. Ebintu bino nabyo bisiibulula omusiibi; omusiibu bw'anuuna swiiti ne bolo gamu oba ekintu kyonna ekiwoomelera oba ekikaawa, okusoloza amalusu n'ogajjuza amatama, okwekubisa empiso ey'ekiliisa (oba vitamini), bino bw'obikola olw'okwetaasa enjala, okusiiba kuba kufu, era omusiibi ateekwa okuliwa olunaku olwo lwakoleddemu ebintu ebifanan nga ebyo.

Era omuntu omusiibi bw'alya ekitundu ky'olupapula n'alumila, oba empeke y'omuceere omubisi, oba empeke ya kasooli, oba ekinyeebwa, okukomba sukaali oba omunyu, glukosi, engaano, okulya ebbumba, oba ekika ky'ettaka kyonna, n'ebilala, kusibulula. Era okusiiba kw'olunaku olwo kuba kw'onoonese, omusiibi ateekwa okuliwa olunaku olwo. Kale tubeere nyo begendereza mu kusiiba kwaffe, obutalya n'obutanyomelera kya kulya kyonna nebwekiba kitono kitya, tulina obutakilya mpaka bwetusibulukuka. Wabula omusiibi bwaba yerabidde nti asiibye, nateeka ezimu kw'ezo empeke zetwogedde wagulu, nagiteeka mu kamwa, nagiwandula nga tagimize, okusiiba kwe okw'olwo olunaku kuba kutufu.

Omuntu akola emilimu egikalubiriza obulamu bwe, nga abagoma abasitula ebizitowa, alina okwengendereza mu kisiibo. Alina okukendeeza ku milimu egikalubiriza enyo obulamu bwe. Omuntu takkirizibwa kusibulukuka kulw'obukalubu bw'omulimu gw'akola. Era omuntu asuubira okufuna ekimusibulula nga omukyaala asuubira okuyingira mu nsoonga (haidh), takkirizibwa kusiibuluka okutuusa lwayingira mu nsoonga. Wabula omukyaala ow'olubuto oba ayonsa bw'ba abadde asiibye, nayisibwa bubi, gamba naawulira kamunguluze, enjala, oba enyonta eyamaanyi nga obulamu bwe buyinza okuggwaawo, omukyaala oyo talonzalonza akkirizibwa okusibulukuka mbagirawo. Addamu n'asiiba ennaku ze yalya, bw'aba ateredde.

Emiteeko gy'okusiiba; okusiiba kulina emiteeko egyenjawulo era gyejino;

Ogusooka; okusiiba okwalalikibwa ku buli Musiraamu (farz). Omuteeko ogw'okubiri, okusiba okw'obukake (wajib). Omuteeko ogw'okusatu, okusiiba okw'okweyagalira (okwa sunnat). Omuteeko ogw'okuna, kwe kusiiba okutakkirizibwa (okuli haram).

Omuteeko ogwasoose gwa kusiiba okwalalikibwa ku buli Musiraamu (oba okwa farza). Kuno kwe kusiiba omwezi gwa Ramadhân. Okusiiba kuno kwalaalikibwa ku buli musiraamu yenna, omukulu (atali mwana muto), wabula oyo avubuse, nga mulamu, atalina ndwadde zimugaana kusiiba nga pulesa oba sukaali, era Omusiraamu omutuuze, atali mu lugendo, yakakatibwako okusiiba omwezi gwa Ramadhân. Omuntu aba ayitiddwako okusiiba ezimu ku nnanku mu mwezi gwa Ramadhân ateekwa okuziliwa, kubanga ziba zamulalikibwaako. Omuntu tayinza kusiiba Ramadhân ya kitundu, gamba nga okusiibako ennaku ezimu ate endala n'ozileka. Olina okusiiba omwezi mulamba.

Omuteeko ogw'okubiri, kuba kusiiba okw'obukake. Muno mulimu okusiiba okwobweyamo (nazr-i). Ekyokulabirako, omuntu ayinza okweyama nti Allah bwangabilira ezadde, oba bwenzimba enyumba, oba bwengula emmotoka, ekimu kweebyo nja kusiiba ennaku bbiri. Okusiiba okwo kuba kwa bukake omuntu ateekwa okutuukiriza obweyamo bwe, alina okusiiba ennaku ebbiri ze yeeyama.

Omuteeko ogw'okusatu, okusiiba okw'okweyagalira (okwa sunnat). Okusiiba okwa sunna, mulimu okusiiba ennaku omukaaga (6) mu mwezi gwa Shawwali (sitati). Omwezi gwa Ramadhân bweguggwaako, Omusiraamu ayinza okusiiba ennaku mukaaga mu mwezi ogwa shawwal. Si tteeka okusiiba ennaku zino nga za muddiringanwa. Wabula okusinzira ku busobozi bwo, oyinza okuzisiiba omulundi ogumu nga toliddeemu oba okusiiba olumu n'olumu, mpaka omukaaga bwe guggwayo. Owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam, mu emu ku hadith, amakulu gaayo gagamba bwegati "Omuntu bw'asiiba omwezi gwa Ramadhân nagoberazaako ennaku omukaaga mu shawwal, afuna empeera nga ez'oyo asiibye omwaka omulamba." Kino kiraga obukulu bw'ennaku omukaaga ezisiibwa oluvannyuma lwa Ramadhân.

Okusiiba okulala okw'okweyagalira oba okwa sunnat, mulimu okusiiba ennaku enjeru **(eyyam-i-beydhî)**, nga ze 13, 14 ne 15, buli mu mwezi ku myezi gy'oBusiraamu ekkumi n'ebiri. Okusiiba okwa sunnat okulala, kwe kusiiba buli lwa bbalaza n'olwokuna buli wiki. Okusiiba okulala, kuyitibwa **sawm-i-Dâwûd**, okuba nga osiiba olunaku n'olya olunaku. Okusiiba okwa sunnat okulala kwe kusiiba olunaku oluyitibwa **"Ashûra"**. Olunaku olwa Ashûra luba lunaku lwa kummi buli mu mwezi gwa Muharram. Muharram gwe mwezi ogusoka mu mwaka okusinziira ku kalenda oba ku mbala

y'oBusiraamu. Okusiiba okwa sunna okulala, kwekusiiba olunaku lwa **Arafa**. Olunaku lwa Arafa luba lunaku lwa mwenda mu mwezi gwa dhul hijja. Dhul hijja mwezi gwa kumi n'ebiri mu mwaka okusinziira ku kalenda oba ku embala y'oBusiraamu. Olunaku olwa Arafa, lwe lukulembera eid adhuha, olunaku kwe tusalira ebisolo.

Omuteeko ogw'okuna, kwe kusiiba okutakkirizibwa (okusiiba okuli haram) : Omusiraamu takkirizibwa kusiiba kulunaku lwa **Eidi el-fitri**. Lwe lunaku olusooka mu mwezi gwa shawal, nga tumuze okusiiba omwezi gwa Ramadhân. Omuntu ne bwaba atekeddwa okusiiba ennaku ze yalya mu mwezi gwa Ramadhân, takkirizibwa kusiiba kulunaku olwa eid el-fitr. Era takikkiriziwa (kiri haram) kusiiba lunaku lwa **Eidi Adhuha**, Eidi enkulu kwetusalira ebisolo. Ennako zino z'ombiliri eza eidi, tetukkirizibwa kuzisiiba, kubanga Allah yaziteekerawo abaddu be, babere nga bamujjukiliramu, babeere nga balya, era besanyuse mu ngeri ekkirizibwa mu Busiraamu.

Emigaso (Obulungi) bw'okusiiba:

1– Okusiiba kutangira omusiibi okuyingira mu geyena (Jahanama).

2– Okusiiba nsonga evaako Allah okukkiriza emilimo emilala emilungi nga dua.

3– Okusiiba Ibada (oba kikolwa) ekitukuza omubiri gw'omuntu, n'okutaasibwa endwadde. Kubanga omuntu bwa'asiiba n'alumwa enjala aba mukakkamu.

4– Okusiiba kumala mu muntu obwekuluntaze (kibr), nabeera mugonvu.

5– Okusiiba kujja mu muntu omululu n'amaddu.

6– Okusiiba kuteeka mu mutima gw'omusiibi okutya Allah n'obwewombefu "hushû".

7– Empeera z'okusiiba zijja kuzitoya mîzân y'omusiibi kulunaku lw'enkomelero.

8– Allâhu ayagala nyo omuddu we asiiba.

9– Omuntu asiiba, bw'afa nga mukkiriza atya Allah, ajja kuyingira ejjana.

10– Omutima gw'omuntu asiiba Allah aguwa ekitangala (nûr).

11– Obwongo bw'omusiibi bufuna ekitangala (nûr).

Omuntu bw'asiiba ku nkomelero y'omwezi gwa shaban nga Ramadhân tennatuuka, okusiiba kwe tekubalwa ku mwezi gwa Ramadhân. Era takkirizibwa kulya olunaku wadde olumu mu

mwezi gwa Ramadhân mpaka bweguggwaako. Okujjako nga abadde n'ensoonga emukkirizisa okulya, naye si kulya kubanga yasiiba bukyaali era asibulukuke nga Ramadhân tennagwaako. Owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam yagamba mu hadith emu, amakulu gaayo: "Temwanguyiriza okusiiba olunaku olumu oba ebbiri nga Ramadhân tennatuuka." Okujjako omuntu abadde asiiba sunnat ye talina buzibu. Naye bw'oyanguyiliza okusiiba osooke banno, ate omaleko okusiiba nga bbo bakyasiiba, tekkikirizibwa. Owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam yagamba mu hadith emu, amakulu gaayo: "Musiibe nga mulabye omwezi era musibulukuke nga mulabye omwezi." Kikafu nti okusiiba kw'omwezi gwa Ramadhân kutandika kulunaku olusoka nga omwezi gulabise. Omusiraamu takkirizibwa kusiiba Ramadhân nga tukyaali mu mwezi gwa shabani. Takkirizibwa kusiiba wadde olunaku olumu nga omwezi tegunnalabika. Omwezi gwa Ramadhân bwegulabikira omu oba ekibinja ky'abantu abakkiriza, nebategeeza abalala oba abakulembeze b'oBusiraamu nebalangilira, abasiraamu bateekwa okusiiba. Bwewatabaawo bukakafu bwakulabika kwa Ramadhân, abasiraamu balina okubala ennaku makumi asatu ag'omwezi gwa shaban, bwegajjula olusooka luba lwa kusiiba Ramadhân. Nabwekityo, okusibulukuka okwa eidi el-fitri, nayo erina okubeerawo nga omwezi gwa shawwali gulabise. Nagwo bweguba tegulabise, abasiraamu bateekwa okusiiba Ramadhân mpaka ennaku makumi asatu. Emyezi gya kalenda (embala) y'oBusiraamu gibeera egimu gya nnaku abiri mu mwenda (29), ate emilala negibeera gya asatu (30). Emyezi mu mbala y'oBusiraamu, temuli gwa nnaku abiri mu munana (28) oba asatu mu lumu (31) nga bwekiri ne kalenda etandika ne januwaari mpaka desemba egobelerwa ne gavumenti.

Bwetuba tusiibye tulina okwegendereza obudde bw'okusibulukuka. Ebirseera eby'ekiddedde nga enjuba talabika bulungi, tetuteekwa kusiibulukuka mpaka nga tukakasizza okugwa kw'enjuba. Bwetukakasa nti enjuba egudde, awo tuba baddembe okusibulukuka. Owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam yatukubiriza nyo okwanguyiriza okusibulukuka n'okukeereya okulya daaku. Omusiibi yenna bw'akakasa nti enjuba egudde, kirungi nyo okusibulukuka mu budde, so sikulindiliza. Enjuba bweegwa, tulina okusibulukuka oluvannyuma netusaala swalat magrib. Nga tonnasaala magrib, oyinza okusibulukukira ku ky'okulya ekitontono nga entende, ameenvu, amazzi, obutunda, emicungwa oba eky'okulya ekigonvu

ekilala. Olubuto lw'omusiibi engeri gye luba olweleere nga temuli ka kulya konna, si kirungi kusiibulukukira ku by'akulya bikaluba. Eby'okulya nga lumonde, muwogo, kawunga, matooke, muceere, mayuni, balugu, n'emmere endala yonna eyinza okuba ey'obulabe nga wakasibulukuka. Kale kiba kirungi nyo n'otandikira ku ky'okulya oba eky'okunywa ekigonda, nga etende, ameenvu oba obutunda. Eby'okunywa omuli ebika bya soda ebyenjawulo, (okugeza coca cola, pepsi, fanta, mirinda, stoney) n'ebyokunywa ebilala ebiva mu makolero nabyo olusi biba n'obulabe ku bulamu bw'omusiibi, tetusana kubinywa nga twakasibulukuka. Wabula tuli baddembe okubinywa nga tumaze okusibulukuka.

Okulya daaku (sahûr) yamugaaso nyo nayo eri omusiibi. Owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam yatukubiriza n'agamba "Mulye daaku, mazima mu kulya daaku mulimu emikisa." Nga bwetwagambye, kirungi nyo okulindiriza okulya daaku ate nekiba kirungi nyo okwanguwiriza okusibulukuka. Kiba kirungi Omusiraamu omusiibi, bw'amala okusaala isha-e ne tarawuya, n'alya eky'eggulo neyebaka. Ayinza okuzukuka mu kitundu eky'okusaatu eky'ekiro (wakati wa sawa mwenda ku kumi n'emu ez'ekiro), n'alya daaku. Oluvannyuma lw'okulya daaku kirungi omusiibi n'asoma qur'an mpaka lwa saala swalat subhi. Daaku erina emigaso mingi eri omusiibi. Egimu ku migaso gyaayo, ofuna empeera ewa Allah n'emikisa. Ekilala daaku egumya omubili gw'omusiibi. Asobola okusiiba olunaku lwe bulungi nga akola emilimu era nga talina bugoonvu bwonna. Bw'olya daaku oba ogoberedde enkola y'owekitiibwa nabbi Muhammad Alaihi Ssalam ne ba sahaba be, kubanga nabo baali balya daaku nga bagenda okusiiba. Wabula omuntu bw'asiiba nga talidde daaku, okusiiba kwe kuba kutufu era talina musango.

OKUSALA EKISOLO KYA DHUHIYA

Dhuhiya luba lunaku lwa kkumi mu mwezi gwa dhul hajj, omwezi ogw'ekkumi n'ebiri, ku kalenda y'oBusiraamu. Olunaku olwa eidi adhuha (oba dhuhiya) lwe luddilira olwa arafa olunaku olw'omwenda lwetusiiba. Emikolo emikulu gye tukola ku lunaku lwa dhuhiya, mulimu okusaala swalat Eidil Adhuha n'okusala ebisolo. Okusala ebisolo bya dhuhiya kubeerawo okumala ennaku ssatu. Omusiraamu akkirizibwa okusala ku lunaku lwe kumi lwe tusaala lwe nyini, oba ayinza okusala ekisolo ku lunaku lwe kumi n'olumu, oba ku lwe kumu n'ebiri nga enjuba tennagwa. Wabula kye tutegeeza mu kusala dhuhiya, **tutegeeza nanyini kisolo**,

omuntu aba awaddeyo ekisolo. Ayinza okuba nga akiguze oba abadde mulunzi nakijja mw'ebyo by'alunda. So si oyo akisalako obulago. Kubanga abantu abamu nga omukyaala ayinza okugula ekisolo kya dhuhiya, naye nga tasobola ku kisalako bulago. Nakkiriza omuntu omulala okukisalako obulago, dhuhiya ebalibwa ku nanyini kisolo so si ku musazi yadde ababazi.

OBULOMBOLOMBO BW'OKUSALA EKISOLO KYA DHUHIYA

Obumu ku bulombolombo bw'omuntu attekeddwa okusala ekisolo kya dhuhiya bwe buno;

1. Asala ekisolo ateekwa okuba Omusiraamu, nga mukulu era nga ategeera.

2. Omusiraamu asala ekisolo alina okuba omutuuze nga si mugenyi mu kitundu.

3. Ekisolo kirina okuba nga kilamu, kinyirivu, kirungi era nga tekirina kamogo konna.

Ebisolo ebisalibwa ku dhuhiya mulimu, embuzi, endiga, ente ne engamiya. Akamyu tekasalibwa dhuhiya. Embuzi oba endiga esalwa n'omuntu omu. Wabula ente oba engamiya, yegattibwaako abantu musanvu (abantu musaanvu begatta ne bagula ente emu, gyebasala nga dhuhiha).Tekikkirizibwa abantu abassuka omusanvu okusala ente oba engamiya emu. Era tekikkirizibwa omuntu assuka omu okwegata ku kusala embuzi oba endiga emu. Nga bwekiri ku zakatul mali, dhuhiya nayo tetukkirizibwa kusala binyonyi, nga enkoko, embaata, ssekoko oba enjiibwa nga dhuhiya. Ku lunaku olwa eidi adhuha, omuntu akkirizibwa okusala ebinyonyi nga enkoko, ssekoko oba embaata ne balya nga enva ezabulijjo. Okusala ebinyonyi tekubalibwa nga okusala kwa dhuhiya, wabula zitwaalibwa nga enva ez'awaka eza bulijjo. Omusiraamu omulunzi w'ebinyonyi nga enkoko, embaata, ssekoko, akkirizibwa okubitunda najjamu ssente naagula embuzi, oba endiga nagisala ku dhuhiya. Kino kibuna n'abasubuzi abalala, abayinza okujja ssente mu by'obusubuzi byaabye ne bagula ensolo esalibwa ku lunaku lwa eidi adhuha.

Ku lunaku olwa eidi dhuha, tusooka kusaala oluvannyuma netusala dhuhiya. Omuntu yenna asala ekisolo nga swala ya eidi tenaggwa, kibalibwa nga sadaqa oba okusala okwa bulijjo, era tafuna mpeera za kusala dhuhiya. Enyama y'ekisolo ekiba kisaliddwa, eriibwa abomumaka, endala ewebwa abemililaano,

enyama endala ewebwa abanaku n'abateesobola. Enyama ya dhuhiya tukkirizibwa okujigabirako abantu abatali basiraamu nga baneyiba baffe, oba abanaku n'abavu mu bbo, naye tusooka kuwa basiraamu bwesigalawo, olwo netuwa abatali basiraamu.

Abasiraamu abassuka ku omu naye nga tebawera musaanvu, bakkirizibwa okugatta ssente nebagula ente emu eya dhuhiya. Omusiraamu akkirizibwa okuwayo ssente eri banne, nga ente eguliddwa wadde nga tenaggulibwa. Naye takkirizibwa kuwaayo ssente nga bamaze okusala dhuhiya. Kiba kirungi nyo abasiraamu abanaagula ente ya dhuhiya, bonna nebakkiriziganya okuva mu kusonda ssente mpaka mu kusala ekisolo. Omusiraamu akkirizibwa okugula omugabo ogw'omu kwaabo ababa basonze okusala ekisolo, singa omu ku bbo asalawo agutunde, yye asalemu embuzi oba endiga. Abasiraamu ababa basaze dhuhiya mu kibinja, enyama balina okujigabana kyenkanyi. Bayinza okupima kilo ezivuddemu, buli omu n'atwaala ezize, oluvannyuma naye nagabilako abantu abalala. Omusiraamu bw'awaayo ssente mukugula ekisolo, oluvannyuma n'afa nga dhuhiya tennatuuka, afuna empeeraaze ez'okusala dhuhiya. Omugabo gwe ogw'enyama guweebwa omusikaawe. Abasiraamu abegasse ne bagula ekisolo ky'okusala dhuhiya, bonna balina okumalilira (okutoola niyyat), ku ibada gyebagenda okukola. Okutoola Niyyat mukusala dhuhiya kitegeeza Omusiraamu alina okumalilira nti agenda kusala ku lwa Allah, era okugobelera enkola ya banabbi, nga Ibrahiim Alaihi Ssalam ne nabbi Muhammad Alaihi salam. Omusiraamu yenna takkirizibwa kusala kisolo oba kinyonyi kyonna nga akisala ku lwa misambwa oba ekintu ekilala kyonna ekitali Allah.

Okusala okulala Omusiraamu kw'alina okujjumbira kuyitibwa Aqîqa. Omusiraamu yenna bw'azala omwana alina okusala Aqîqa nga yebaza Allah ezadde ly'amuwadde. Omusiraamu bw'azaala omwana omuwala, alina okusala embuzi oba endiga emu, ate omwana omulenzi tusala embuzi bbiri. Nga bwetwaalabye niyyat ku dhuhiya, ne ku Aqîqa tutoola niyyat, nti ekisolo kyetusala kwebaza Allah era nakumusanyusa kulw'ezadde lyatuwadde. Allah Ta'ala, yagamba mu surat kawuthar aya ey'okubiri «Saala swalat kulwa katondawo, era sala ebisolo kulwa katonda.» Mu aya eyo tufunamu eky'okuyiga, nti okwensiza okutuufu kwonna kulina okuba kwa Allah yekka. Buli ibada gy'okola gikole kusanyusa Allah Ta'ala, so si kusimisa bitonde Allah byeyateeka munsi oba muggulu.

OMULYANGO OGUKWAATA KU HIJJA

Okukola hijja emu ku mpagi z'oBusiraamu ettano. Hijja ekolebwa mu mwezi ogw'ekumi n'ebiri oguyitibwa Dhu'lhijja. Omusiraamu yenna alina obusobozi ateekwa okukola hijja omulundi gumu mu buwangaazi bwe bwonna. Wabula bw'abeera n'obusobozi obukola hijja essuka emu, nazo azifunamu empeera. Omusiraamu alina obusobozi obukola hijja naye neyekuluntaza natakola hijja, afuna omusango mu maaso ga Allah. Ate oyo atalina busobozi bukola hijja, bw'afa nga tagikoze tabera namusango gwonna.

Ezimu ku mpagi za HAJJ ze zino;

1– Okumalilira (okutoola niyyat ya hajj) n'okwambala ihrâm.

2– Okuyimilira mu Arafât.

3– Okwetolola Ka'ba (Tawâf).

Omusiraamu yenna bwagenda okukola hijja alina okutuukiriza empagi za hijja zonna. Hijja y'omuntu teyinza kutuuka senga amenya emu ku mpagi. Omusiraamu yonna gy'aba avudde bwatuuka ku miiqaat, alina okutoola niyyat ya hijja, awo ku miqaati wenyini wayambalira zi ihram. Bwatuuka mu makkah ateekwa okwetoloola ka'aba (tawafu quduum), ekiro ky'omunana ba hujaji bagenda mu Arafat, ne babeerayo olunaku olw'omwenda mu mwezi gwa Dhu'lhijja. Enjuba bweegwa nga tebanasaala swalat magrib, bava mu Arafat, ne badda emuzidalifa. Olunaku elwekkumi ku makya, bageenda nebakuba ekiwagi ekinene, oluvannyuma basala enviri, n'okusala ebisolo by dhuhiya awamu n'okwetolola ka'aba. Ebiwagi bikubibwa okumala ennaku satu, olw'ekumi, kumi n'olumu, nolw'kumi n'ebbiri.

Omusiraamu akola hijja alina okutoola niyyat. Ku miqaat watoledde niyyat wayambalira ihram. Ihram ziba ssuuka bbiri, emu omusajja egisiba wansi mukiwato endala nagyebikka. Omukyaala ye bwamala okutola niyyat asigala mu ngoye ze, zabaddemu. Omusajja takkirizibwa kwambala lugoye lutunge, gamba nga akawale komunda (under panti), oba vesiti. Alina kweesiba nkuntu ya ihram yokka, mpaka kulunaku olw'ekumi nga amaze okukuba ekiwagi ekinene.

Ka'aba nyumba ya Allah esangibwa emmakah mu Masjîd-i-harâm. Wabula okwetoloola Ka'ba (tawâf), kwa mirundi mingi era kwawukana okusinzira ku kumalira (niyyat) y'omuntu eyetoloola ka'aba. Era mukwo mulimu okw'okweyagalira n'okwobuwaze.

Ebimu ku bika eby'okwetolola ka'aba byebino;

1. Okwetoloola okw'okulambula (tawâf-i-ziyârat.) Kuno

kwetoloola kwa kweyagailra.

2. Okwetoloola kw'omuntu akola umra. Kuno kukakata ku muntu yenna akola umra okwetoloola ka'aba, kubanga eri emu ku mpagi za umra. Umra y'omuntu teyinza kukkirizibwa ne Allah nga omuntu teyetolodde ka'aba.

3. Okwetolola kw'omuntu eyakayingira mu makkah (tawâf-i-qudum), kuno okwetoloola kwa sunnat.

4. Okwetoloola okw'okusiibula makkah (tawâful wadâ). Kuno nakwo kuli sunnat.

5. Okwetoloola okw'obweyamo (tawâf nazr), kuno kuba kwa muntu eyeyama okwetoloola ka'aba era kumukakatako (wâjib.) okugeza omuntu ayinza okuba nga yeyama, bwaati; Allah bw'angaggawaza nja kwetoloola ka'aba. Bwaafuna obugagga kimukakatako okutuukiriza obweyamo.

6. Okwetoloola kw'omuntu akola hijja. Kuno kukakata ku muntu yenna akola hijja.

7. Okwetoloola okw'okwewaayo ewa Allah (tawâf tatawwu'), kuno omuntu akukola yeyagalidde olw'okwaagala okugondera Allah. Tawâf tetawwu' kulungi nyo "mustahab" era omuntu awangalira okumpi ne ka'ba kirungi nagyetoloola buli kadde.

Hijja tekakata ku buli muntu yenna. Eky'okulabilako omwana omuto, omuntu omwaavu atalina busobozi, omulalu, omunafu oba omukadde atesobola.

Hijja ekakata ku muntu alina ebisaanyizo bino;

1– Alina okuba nga Musiraamu.

2– Alina okuba omukulu (Nga yavubuka, ali mu myaka gy'obuvunanyizibwa).

3– Okuba omulamu (nga si mulwadde).

4– Okuba ne ddembe (Nga si muddu oba omuwambe).

5– Okuba n'obusobozi obumala okwelabilira n'okulabilira abantu be abomumaka.

6– Hijja erina okukolebwa mu biseera byaayo mu mwezi gwa dhul hijja. So si mubiseera ebilala mu mwaka.

7– Omukyaala agenda okukola hijja alina okuberako omuntu amukuma (mahram). Mahram ayinza okuba bbawe, mutabanyiwe, taata we, mwanyina oba omusajja omulala owoluganda lwe.

Omusiraamu atuukiriza obolombolombo obwo waggulu ateekwa okukola hijja omulundi gumu mu bulamubwe. Omusiraamu bwakola hijja esukka kw'emu, hijja esooka yokka

yemukakatako (farz), endala ezisigadde zonna ziba za kweyagalira (sunnat), era empeera z'afuna zawukana. Eza farz ziba nyingi okusinga eza sunnat. Umra nayo ebalibwa mu ibada eza sunnat era Omusiraamu agikoze afuna empeera.

EBINTU EBIMU OMUSIRAAMU BY'ATEKEDDWA OKUKOLA

Omuntu yenna bw'azaalibwa abeera ku buwumbwa bwa Busiraamu. Abazadde be bebamukyuusa, okumufuula ky'anabeera. Abasiraamu bamulaga ekkubo ly'obusiraam, ate abazadde abakkiriza mu ddini endala nga obukulisitaayo, nabo bayingiza omwana waabwe mu bukulisitaayo. Omwana eyazaalibwa abasiraamu oba abakulisitaayo, bw'afa nga tannaweza myaka giwandikibwaako misango, Allah bwayagala amuyingiza jjana, kubanga teyali mujeemu, ate era bwayagala ayinza okumubonereza. Omuntu ayingira oBusiraamu alina okwaatula n'olulimi lwe nakakasa n'omwoyo gwe nti **"Lâ ilâha il-l-Allah Muhammadun rasûlullah,"** tewali yesinzibwa okujjako Allahu Ta'ala era ne nabbi Muhammad mubaka we. Omuntu ayingidde oBusiraamu amazambi ge agaayita gonna gamusangulwaako, Allâhu ta'âlâ amubala buto okuva ku kiseera ky'atoleddemu shahada. Bwatoola shahada, aba avunanyizibwaako buli Omusiraamu yenna kyavunanyizibwaako, nga okusaala, okusiiba, okuwa zakat, okukola hijja, okukkiriza ebiragiro bya Allâhu ta'âlâ byonna n'okuleka byonna Allah byeyaziyiza awamu n'omubakawe. Omuntu bw'asiramuka, alina n'okukkiriza empagi z'obukkiriza omukaaga. Omusiraamu omupya ateekwa okweyigiriza amateeka g'oBusiraamu, alina okumanya biki Allâhu ta'âlâ byeyakkiriza era biki byeyagaana awamu n'omubakawe. Omusiraamu omupya alina okweyigiriza empisa z'oBusiraamu, nga mukulya, okwebaka, okweyonja, nebilala.

Omusiraamu alina okwekuuma nga akola ebintu ebimu era nga ebimu abireka. Kubanga waliwo ebintu nga bwaba abikoze bimuja mu Busiraamu. Eky'okulabiko, okugattika Allah ne kintu ekilala, oba mwenyini okukyaatula nti nvudde mu Busiraamu. Abamanyi b'OBusiraamu abamu banyonyola ebintu ebimu Omusiraamu by'atekeddwa okukkirizza n'ebyo by'ateekwa okukola n'okwewala. Ebimu ku byo byeebino;

1– Omusiraamu atrekwa okumanya n'okukkiriza nti Allâhu ta'âlâ ali **OMU** yekka.

2– Omusiraamu ateekwa okulya n'okunywa (halâl) Allah bye yakkiriza byokka.

3– Omusiraamu ateekwa okuba omutukuvu.

4– Omusiraamu ateekwa okusaala eswala ettano eza buli lunaku mu budde bwaazo.

5– Omusiraamu bwaaba agenda okusaala ateekwa okuba ne wudhu (omutukuvu).

6– Omusiraamu ateekwa okukkiriza nti Allâhu ta'âlâ yagabilira (rizq) ebitonde byonna.

7– Okwambala engoye enyonjo era eza halâl.

8– Omusiraamu ateekwa okukola emilimu n'okwesigamila (tawakkul) ku Allâhu ta'âlâ.

9– Omusiraamu ateekwa okumatira ekyo Allâhu ta'âlâ kyamuwadde.

10– Omusiraamu ateekwa okwebaza Allâhu ta'âlâ ekintu kyonna kyafuna. Era alina okukozesa ebyengera Allâhu ta'âlâ byamuwadde mu makubo amalungi aga halâl.

11– Omusiraamu ateekwa okukkiriza okugera (qadâr) kwa Allah kwonna, okulungi n'okubi gyaali.

12– Obuguminkiriza. Omusiraamu ateekwa okuguminkiriza, kyonna ekiba kimutuseeko ekibi oba ekirungi, teyekalakaasa, wabula amanye nti kivudde wa Allah.

13– Okwenenya, Omusiraamu ateekwa okwenenya buli lunaku nga akola istighfâr buli luvanyuma lwa swalat ne mubiseera ebilala, kubanaga omwan'adamu yenna abeera nebiyitira.

14– Okwesinza Allâhu ta'âlâ nga omutongoza (ikhlâs). Omusiraamu ateekwa okwesinza Allah yekka nga tamugatikako kintu kilala kyonna. Era olina okumanya nti Allah yagenda okusasula empeera z'omulimo gwokola so si bantu banno. Kale nyiriza ibada yo ku lwa Allah yekka.

15– Omusiraamu ateekwa okumanya nti mu bantu ne mu majini mulimu abalabe.

16– Omusiraamu ateekwa okwenyweza ku Qur'ân-i-'adhîm, alina okugisoma, okutegeera amakulu gaayo, n'okugigobelera.

17– Omusiraamu ateekwa okumanya nti mazima ddala okufa gyekuli era alina Okukwetegekera.

18– Omusiraamu ateekwa okwaagala omuntu oba ekintu ekilala kyonna era neyetamwa omuntu oba ekintu ekilala kyonna, kulwakusanyusa Allâhu ta'âlâ.[Hubb-i-fillah wa bughd-i-fillah.]. Yagala ku lwa Allah era kyaawa ku lwa Allah.

19– Omusiraamu ateekwa okuyisa obulungi abazadde be ababiri.

20– Omusiraamu ateekwa okulagira abantu abalala okukola ebirungi Allah byeyalagira n'okubaziyiza okukola ebibi Alalh byeyagaana.

21– Omusiraamu ateekwa okulambula abenganda ze awamu nabasiraamu abalwadde.

22– Omusiraamu ateekwa okuba omwesigwa nga takumpanya bantu balala. Omuntu yenna Omusiraamu n'atali Musiraamu, bwaterekesa ekintu kyonna alina okukikuuma bulungi mpaka nanyini kyo bwakitwaala.

23– Omusiraamu ateekwa okutya Allâhu ta'âlâ buli kiseera, era alina okwewala ebikolwa Allah byeyaziyiza (harâm).

24– Omusiraamu ateekwa okugondera Allâhu ta'âlâ awamu n'okugondera omubaka wa Allah Muhammad Alaihi ssalamu.

25– Omusiraamu ateekwa okwewala amazambi amatono n'amanene.

26– Omusiraamu ateekwa obutamenya mateeka na biragiro bya Allâhu ta'âlâ.

27– Omusiraamu ateekwa okuba owekisa oba omusasizi eri ebitonde ebilala nga abantu ebinyonyi, ebisolo nebilala.

28– Omusiraamu ateekwa okutendereza Allâhu ta'âlâ era alina okukakasa nti Allah mugulumivu era yenanyini matendo gonna amajjuvu.

29– Omusiraamu ateekwa okukuuma olulimi lwe obutakola haram. Okugeza Omusiraamu alina okukuuma olulimi obutalimba oba okugeya.

30– Omusiraamu ateekwa okutukuza omutima gwe neguva ku bwagazi bwensi.

31– Omusiraamu takkirizibwa kuvuma muntu mulala wadde okumunyomoola.

32– Omusiraamu tasaana kutunuulira bintu byaziyizibwa (haram). Wabula alina okukuuma amaaso ge.

33– Omusiraamu ateekwa okukuuma ebisubizo by'aba akoze n'abantu oba obweyamo bwonna awamu n'endagaano. So si kuba munnafuusi, nolaganyisa ate noyawukana ku ndagaano.

34– Omusiraamu ateekwa okukuuma amatuuge obutawuliliza bintu bikyaamu nga engambo, embozi ezitagasa n'ebyamasanyu gensi.

35– Omusiraamu ateekwa okumanya byatekeddwa okukola n'ebyo bye yaziyizibwa okukola (farza ne haram).

36– Omusiraamu ateekwa okwewala okudibuuda. Alina okuba omwegendereza mu kukozesa ebintu mu bulamu bwe.

37– Omusiraamu ateekwa okujjukira ebibonerezo bya Allah ntino gy'ebiri, era alina okutya enyo Allahu ta'la.

38– Omusiraamu ateekwa okuyamba abanaku abetesobola awamu n'abetaavu singa abeera n'obusobozi.

39– Omusiraamu ateekwa okuba n'esuubi okuva ewa Allâhu ta'ala, mu mbeera yonna gy'aberamu, alina okuba omugumu nti Allah agenda kumutaasa.

40– Omusiraamu tasaana kugobelera bwagazi bwa mutima gwe (nafsi) wabula alina okukola ebyo Allah byeyakkiriza byokka, omutima gwe nebweguba tegubyagala.

41– Omusiraamu alina okuliisa abantu abayala, nga akikola ku lwa Allah.

42– Omusiraamu ateekwa okukola ennyo afune rizq eya halal era alye okuva mu ntuyo ze.

43– Omusiraamu ateekwa okutoola zakat mu maali ye.

44– Omusiraamu omusajja takkirizibwa kwegatta n'emukyaalawe nga omukyaala ali mu nsonga ez'ekikyaala eza buli mwezi.

45– Omusiraamu ateekwa okunyiriza omwoyo gwe obutakola mazambi.

46– Omusiraamu alina okwewala omululu n'okweyagaliza. Wabula alina okwagaliza abantu abalala ebyo byonna byeyeyagaliza.

47– Omusiraamu ateekwa okukuuma emmaali ya mulekwa mpaka bwakula. Omuntu akuuma emaali ya mulekwa bwaba agikozesezza ateekwa okugizaawo.

48– Omusiraamu omusubuzi ateekwa okutukiriza ebipimo bulungi, natalyazamanya bantu baaguza oba baagulako.

49– Omusiraamu takkirizibwa kulagajjalira swalat, wabula ateekwa okuzikuuma butiribiri. Obudde bwa swala bwebutuuka olina okusaala eswala naye si kugilindiriza.

50– Omusiraamu takkirizibwa kwonoona maali oba ekintu ky'omuntu omulala. Wabula bwaba ayagala okukozesa ekintu ky'omuntu omulala ateekwa okumasaba era nakikozesa n'obuvunanyizibwa.

51– Omusiraamu takkirizibwa kugatta ku Allâhu n'ekintu ekilala. Omusiraamu alina kusinza Allah yekka, era gwatekeddwa okwesigamirako.

52– Omusiraamu ateekwa okwewala obweenzi.

53– Omusiraamu takkirizibwa kunywa kitamiiza kyonna, nga omwenge ebilagalalagala, enjaaye, nebitamiiza ebilala byonna.

54– Omusiraamu takkirizibwa kuwa bujulizi bwa bulimba. Omusiraamu bwaba mu kooti oba nga awa obujulizi mu musango gwonna alina okwogera amazima.

OMULYANGO OGUKWATA KU MAZAMBI AMANENE N'AMATONO (GHUNÂH-I-KEBÂIR WA SAGÂIR)

Amazambi amanene n'amatono mangi. Wabula mu kintu kino tuwandiise agamu ku ggo manene ata amala matono. Omusiraamu tasaana kunyoma zambi lyonna oba ddene oba ttono. Omusiraamu ateekwa okugeewala kubanga tamanyi ddi lwanafa, ate bwafa na mazambi Allah ajjakumubonereza. Amazambi amanene gasonyiibwa nakwenenya (Tawuba) nokugaviirako ddala, ate amatono Allah agakusonyiwa bw'okola emilimu emilungi. Agamu ku mazambi getusaana okuleka gegano;

1– Okwetta. Omuntu yenna takkirizibwa kwetta oba okutta omuntu omulala. Omuntu bweyetta guba musango (zambi) ddene mu maaso ga Allah ta'ala.

2– Okwenda. Obwenzi nalyo zambi ddene mu maaso ga Allah. Okwenda kitegeza okwegatta kw'omusajja n'omukyaala, oba omulenzi n'omuwala mu nsonga z'ekifumbo, naye abantu abo bombiliri si bafumbo nga oBusiraamu bwe bulagira. Omufumbo mu Busiraamu, omuwala alina okuba nga yagabwa n'omuntu amuvunanyizibwaako era ng yaweebwa amahale mu maaso ga bajulizi. Kale omuntu yenna eyegatta n'omulala nga si bafumbo nga oBusiraamu bwe bunyonyola, omuntu oyo aba mwenzi, era zambi ddene.

3– Okusiyaga nalyo zambi ddene.Omusajja okwegatta ne musajja munne oba omukazi okwegatta ne mukazi munne mu nsonga ezekifumbo, zambi ddene mu Busiraamu.

4– Okunywa ebitamiiza. Okunywa ekintu kyonna ekitamiiza, nga omwenge, amayirungi, enjaga, n'ebilagalagala, zambi mu maaso ga Allah.

5– Okubba, nalyo zambi era tekukkirizibwa mu Busiraamu omuntu okubba ekintu ky'omuntu omulala.

6– Okukwenyakwenya, nalyo zambi. Omuntu ateekwa okuba omwesigwa.

7– Okwelaguza zambi ddene. Omusiraamu takkirizibwa kugenda ku basawo bakinansi neyelaguza. Era bwakikola afuna omusango mu maaso ga Allah.

8– Okuwa obujulizi obw'obulimba, nalyo zambi.

9– Liba zambi Omusiraamu obutasiiba mu mwezi gwa Ramadhân awatali nsoonga emugaana nga obulwadde, oba omukadde oba omukyaala w'olubuto oba ali mu mwezi.

10– Enguzi tekkirizibwa mu Busiraamu era omuntu awa n'oyo afuna enguzi bombiliri bafuna omusango mu maaso ga Allah, era zambi.

11– Omusiraamu takkirizibwa kulayila layila buli kaseera. Okulayila enyo liba zambi. Abantu abamu balimba nebalayila nti byebagamba bitufu.

12– Okujeemera abazadde ababiri oba omu kubbo, nalyo zambi.Omusiraamu ateekwa okugondera abazadde ababiri mpaka bwebava mu bulamu bwensi. Era tokkirizibwa kubavuma.

13– Okukutula oluganda, nalyo zambi. Omusiraamu akubirizibwa okuyunga oluganda nga ayisa bulungi abenganda ze bonna. Alina okwewala byonna ebivaako okukutula olunganda nga olugambo, n'emize emibi emilala.

14– Okudduka mu lutalo lw'oBusiraamu. Liba zambi, Omusiraamu bw'adduka n'ava mu lutalo lw'oBusiraamu (Jihad) n'awa abalabe omwagaanya.

15– Okulya emaali ya mulekwa. Liba zambi Omusiraamu yenna okulya maali ya mulekwa. Wabula Omusiraamu bwagikozesa ateekwa okugizzaawo nagisasula mulekwa. Kiba kirungi mulekwa bwaba akuze, n'omusaba nga tonagikozesa, naye bwaba omuto ennyo ogikozesa oluvannyuma nogizzaawo.

16– Okukendeeza ekipimo oba kubbira mu bipimo. Liba zambi Omusiraamu bw'apima naye natatuusa kipimo kya kintu kyatunda. Ekyokulabilako, omuguzi bwayagala kilo ya sukaali gyolina okumuwa so si kumuwa kitundu n'omujjako ssente za kilo nnamba.

17– Liba zambi Omusiraamu okukyuusa obudde bwa swalat. N'asaala swalat mu budde obutali butufu bwa kusaaliramu swalat ezo.

18– Liba zambi okukola ekintu kyonna ekyesittaaza omutima gw'omuntu omukkiriza. Nga okukola ebintu ebimumalako eddembe lye ng'omuntu.

19– Okulimbisa omubaka wa Allah Muhammda Rasûlullah

‘sall-Allâhu ’alaihi wa sallam’. Zambi ddene nyo mu Busiraamu omuntu yenna okwegunjizaawo ebigambo, oluvannyuma nagamba nti ebigambo bino omubaka wa Allah ye yagamba. Kale tulina okwegendereza enyo, obutalimbisa mubaka wa allah nga tumutekako byataayogera.

20– Okutwala enguzi. Liba zambi omuntu yenna okukkiriza enguzi okuva ku muntu omulala. Era nawaddeyo enguzi naye afuna omusango mu maaso ga Allah.

21– Okuwa obujulizi obw’obulimba, nalyo zambi. Omusiraamu takkirizibwa kuwa bujulizi bwa bulimba kubanga buviraako okukosebwa kw’abantu abalala.

22– Okwebalama Zakat. Liba zambi senga Omusiraamu abeera n’obusobozi naye nagaana okutoola zakat mu maali ye.

23– Obutaziyiza muntu mulala kukola ekibi ate nga olina obusobozi n’obuyinza obumuziyiza. Kale bwetulaba omuntu yenna nga akola ekikyaamu tuteekwa okumuziyiza, wabula bwetumutunuulira nakikola naffe tufuna omusaango.

24– Okwokya ekisolo nga kilamu tekisaliddwaako, liba zambi.

25– Liba zambi omuntu okulagajjalira mateeka agali mu Qur’ân ’adhîm.

26– Omuntu obutesigamira ku Allâhu ta’ala, nalyo liba zambi. Kale tulina okuteeka obwesigwa bwaffe bwonna mu Allahu ta’ala.

27– Enkwe. Omusiraamu takkirizibwa kukola nkwe eri basiraamu banne wadde eri abantu abalala.

28– Liba zambi Omusiraamu okulya ebizzi. Omusiraamu yenna takkirizibwa kulya nyama ya mbizzi, era bwagilya afuna omusaango mu maaso ga Allahu ta’ala.

29– Liba zambi okwetamwa n’okuvumilira ba Sahâba ba Rasûlullah’ ‘ridwânullâhi ta’âlâ ’alaihim ajma’în’.

30– Omusiraamu takkirizibwa kudibuuda oba okwonoona ekintu kyonna nga emmere, amazzi, ssente, engoye, ne bilala.

31– Omukyaala okumma bbaawe akabozi k’ekikulu (omukwano) awatali nsonga yonna, omukyaala akikola afuna omusango mu maaso ga Allah.

32– Omukyaala takkirizibwa kufuluma mu maka g’abba nga tafunye lukusa.

33– Liba zambi okuwaayiriza omuntu omulongoofu atali mwnezi nti ayenze (akoze zinna) nga tewali bukakafu bwonna.

34– Olugambo “Namîma” nalwo telukkirizibwa, era omuntu atambuza olugambo afuna omusaango mu maaso ga Allah ta’ala.

35– Liba zambi Omusiraamu okulaga omuntu omulala ebintundu bye eby'ekyaama. Omusiraamu takkirizibwa kulaga muntu mulala bitundu by'ekyaama oba obwereere. Ate omukyaala yye takkirizibwa kwoolesa bintundu bya mubiri gwe byonna, okujjako ebibatu, ebigere, ne kyeenyi (fesi).

36– Omusiraamu takkirizibwa kulya nyama ya nsolo etasaliddwa nga amateeka ag'oBusiraamu bwegalagira. Liba zambi Omusiraamu okulya enyama y'ekisolo ekifudde kyokka nga tekisaliddwa na Musiraamu, oba okulya enyama esaliddwa omukaafiiri.

37– Omusiraamu takkirizibwa kumenya ndagaano, era alina okuba omwesigwa.

38– Okugeya, Omusiraamu bw'ageya afuna omusango kubanga zambi.

39– Ensaalwa, Omusiraamu takkirizibwa kubera na nsaalwa eri abantu abalala.

40–Tekkikirizibwa kugatta ku Allâhu Ta'ala kintu kilala kyonna (okukola shirk). Okugatta ku Allah, limu ku mazambi amanene enyo.

41– Okulimba, nakwo tekukkirizibwa.

42– Okwekuluntanza, nalyo limu ku mazambi.

43– Omusiraamu tasaana kwegaana musika.

44– Omusiraamu tasana kuba na mululu.

45– Omusiraamu takkirizibwa kulya bintu bivudde mu makubo makyaamu [ebya harâms.]

46– Omusiraamu alina okukkiriza okugezesebwa kwa Allâhu ta'âlâ.

47– Omusilaam ateekwa okukkiriza ekintu kyonna ekili harâm, Allah kyeyagaana nti mazima ddala Allah yakigaana era kili haram. Eky'okulabirako, okubba kuli harâm.

48– Omusiraam ateekwa okukkiriza ekintu kyonna ekili halâl, Allah kyeyakkiriza nti mazima ddala Allah yakikkiriza era kili halâl. Eky'okulabilako, okuly kuli halâl.

49– Okwelaguza liba zambi mu Busiraamu era tokukkiriza bigambo bya mulaguzi.

50– Okuva mu Busiraamu (okufuuka murtadd) nalyo limu ku mazambi amanene.

52– Liba zambi omukazi okwambala engoye z'ekisajja, nga essaati oba empale empaavu.

53– Liba zambi omusajja okwambala engoye z'ekikyaala, nga

essikaati oba ekiteteyi.

54– Omusiraamu tateekwa kusobya nga ali ku haram-i-sherîf.

55– Omusiraamu takkirizibwa kw'aziina wadde okusaala emu ku swala ettano mu budde obutali bwaayo.

56– Liba zambi Omusiraamu okujeemera abakulembeeze oba okumenya amateeka g'ensi agatakontana na g'aBusiraamu.

57– Omusiraamu takkirizibwa kwenkanyankanya mukyaalawe ku maama we.

58– Omusiraamu takkirizibwa kulayira mu linya lya muntu yenna.

59– Omusiraamu takkirizibwa kutunuuliza kissi kyonna nga emundu oba ekiso oba ejambiya eri omuntu omulala.

60– Omusiraamu takkirizibwa kulya mmere eliriddwaako embwa oba embizzi.

61– Omusiraamu takkirizibwa kulaalasa kintu ky'aba akoledde oba awadde omuntu omulala. Eky'olabirako, bwaawa omuntu olugogoye takkirizibwa kubuulira bantu balala nga bweyawa oli olugoye.

62– Omusiraamu omusajja takkirizibwa kwambala lugoye olwolesa obwereere bwe.

63– Omusiraamu ateekwa okweyigiriza eddini ye, alina okumanya Allah byeyakkiriza ne byeyagaana.

64– Omusiraamu takkirizibwa kulayira mu linya eritali lya Allâhu ta'âlâ.

65– Omusiraamu takkirizibwa kwesamba kumanya.

66– Omusiraamu ateekwa okumanya nti obutamanya bubi nyo.

67– Omusiraamu takkirizibwa kwesiba ku mazambi nga aganyomelera.

68– Omusiraamu takkirizibwa kuseka nyo, wabula alina kusanyuka n'okuseka mpola mpola.

69– Omusiraamu takkirizibwa kubeera na janaba okumala ekiseera ekiwanvu ekiyinza okumuviirako okuyitibwaako eswala.

70– Omusiraamu omusajja takkirizibwa kwegatta na mukyaala we nga ali mu mwezi.

71– Omusiraamu takkirizibwa kuyimba wadde okukozesa ebivuga ebikozesebwa mu kuyimba. Era kili haram (tekikkirizibwa) okuwuliriza enyimba. Omusiraamu asoma Qur'an alina okwegendereza kubanga, tekikkirizibwa kuyimba quran wadde hadith za mutume Muhammad swalla llahu alaihi wa ssalam. Omusomi wa Qur'an tasaana kukyuusa kyusa malobozi

olw'okwaagala asanyuse abawuliriza, wabaula alina kusanyusa Allah.

Omusiraamu bwaaba asoma Qur'ân al-kerîm alina okugoberera amateeka gaayo agayitibwa "Tajwîd". Alina okusoma Qur'an bulungi natakyuusa makulu gaayo. Bwetuba tusoma Qur'an tulina okwegendereza enyo, kubanga Qur'an bigambo bya Allah era ky'ekitabo ekikulu mu Busiraamu.

72– Okwetta nalyo limu ku mazambi amanene. Omuntu bw'akozesa ekissi kyona nga okunywa obutwa, okweetuga, okwekuba essasi, okwefumita ekiso, n'okukozesa ebissi ebilala ne yetta liba zambi ddene nyo mu Busiraamu. Omuntu bwe yetta Allah amubonereza mu ntaana mpaka bwazuukira ku lunaku lwenkomelero era nalwo abonerezebwe. Naye omuntu bwagezaako okwetta natafa, oluvannyuma neyenenya (nakola tawba) Allah amusonyiwa ezambi ly'okwetta. Nga bwekiri ku muntu atabadde Musiraamu, bwasiramuka n'abeera Omusiraamu era omukkiriza omulungi, Allah amusonyiwa amazambi agaayita nga tannayingira mu Busiraamu.

EBITUNDU EBY'EKYAAMA N'OKWEBIKKILIRA KW'ABAKYAALA

1– Abû Hurayra 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba: Omuntu yajja ewa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' n'amugamba: "Owange ggwe omubaka wa Allah, njagala kuwasa omuwala okuva mu ba Ansâr b'emadina." Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yamuddamu namugamba: **"Laba omuwala** [omulundi gumu]**. Kubanga waliwo ekintu ekiri mu maaso g'abantu abo abayitibwa ba Ansâr."** Hadîth-i-sherîf eno yawandiikiwa mu kitabo ekiyitibwa **Sahîh-i-Bukhârî**. Kiri mu nkola ya Busiraamu Omusiraamu yenna agenda okuwasa okulaba ku muwala gw'agenda okuwasa wadde omulundi gumu gwokka. Wabula tebakkirizibwa kuba babiri bokka mu kifo ekitaliimu muntu mulala yenna. Omusajja Omusiraamu agenda okuwasa alina okusisinkana omuwala gw'agenda okuwasa ewaka ewaabwe oba okumusisinkana awamu n'abantu be mulujudde, so si kwesanga mu kafunda oba okubeera bokka kubanga sitani eyinza okubakema nebakola obwenzi nga tabannewasa.

2– 'Abdullah mutabanyi wa Mes'ûd 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba nti: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omukyaala muk'omusajja takkirizibwa kubuulira bba bikwaata**

ku mukyaala mulala yenna, nga obulungi bwe n'obumogo bwe. Kubanga bwabuulira bba ebikwaata ku mukyaala omulala, bba abanga alabye omukyaala oyo gwebamunyumizzaako." Hadîth-i-sherîf eno yajjibwa mu **Sahîh-i-Bukhârî** ne mu **Sahîh-i-Muslim**.

3– Abû Sa'îd-i-Hudrî 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba nti: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omusajja takkirizibwa kutunula ku bwereere (oba obusajja) bwa musajja munne oba obw'omukazi era n'omukazi naye takkirizibwa kutunula ku bwereere (oba obukyaala) bwa mukazi munne wala obw'omusajja omulala!"** Nga bwetukilabye mu hadith eyo, tekikkirizibwa (kiri haram) musajja kutunula ku bwereere bwa musajja munne oba okutunula ku bwereera bw'omukazi yenna. Era omukazi naye takkirizibwa kutunula ku bwereere bwa mukazi munne oba okutunula ku bwereere bw'omusajja. Abafumbo ababiri omwami n'emukyaala we bbo tebalina buzibu bakkirizibwa okwetunulilagana ku bwereere bwabwe. Embera endala ekkirizisa, ya basawo abazalisa oba abatayilira bbo bakkirizibwa okutunuulira obwereere bwabo bebajjanjaba. Naye tebakkirizibwa kubatunuulira nga obujjanjabi buwedde oba awatali bwetaavu bwaakyo. Obwereere bw'omusajja buva ku kundi mpaka ku mavivi. Ebitundu ebilala ebisigadde ku musajja bwaaba tabibisse omuntu omulala nebwamutunulako tewaba buzibu bwonna. Omubiri gw'omukazi gwonna bwereere okujjako ebibatu ne mu maaso (mu fesi). Omukazi yye ebintundu by'omubiri gwe byonna biri haram okubitunulako okujjako ebibatu ne mu maaso (mu fesi). Nabwekityo obutafunyisa bantu musango, omukazi asaana okubikka omubiri gwe gwonna okujjako ebibatu ne mu maaso (mu fesi). Okujjako nga abadde ewaka n'abenganda ze, awo akkirizibwa okwambala ku ngoye enyimpi, naye bwaba agenda mu bifo by'olukale ateekwa okwebikka omubiri gwonna.

4– Jâbir mutabanyi wa 'Abdullah 'radiy-Allâhu 'anh' (eyattibwa omwaka gwa 74 [693 A.D.]) yagamba nti: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omusajja yenna tasula ekkiro mu nju y'omukazi atamuzira nga bali babiri bokka !"**

5– 'Aqaba mutabanyi wa Amir 'radiy-Allâhu 'anh' agamba nti: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omusajja yenna taberanga mu (kisenge) kifo ekyekusifu no'omukazi atamuzira nga bali babiri bokka! Omukazi takkirizibwa kubeera mu kifo ne muganda wa bba oba n'omusajja omulala nga tewali muntu mulala yenna."** Hadith eno esangibwa mu **Sahîh-i-Bukhârî** ne **Sahîh-i-Muslim**. Omukazi okubeera yekka n'omusajja

atamuzira kireeta ebikemo (fitna) ebivaamu obulabe obw'amaanyi. Abasiraamu tulina okulwanyisa embeera eyinza okuvaamu ebikemo eby'obwenzi n'okutangira omukazi okubeera yekka n'omuntu atamuzira mu kifo ekyekusifu.

6– 'Abdullah mutabanyi wa Mes'ûd 'radiy-Allâhu 'anh' agamba bwati: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omubiri gw'omukazi gwonna bwereere."** Guteekwa okubikkibwa gwonna bulungi. **"Omukazi bwafuluma mu maka nagenda ebweeruvsitani emutunuulira buli kiseera."** (Sitani ekozesa okwewunda kw'omukazi oyo agenze ebweeru nebuzaabuza abasajja wonna omukazi oyo wabeera ayise)

7– Burayda 'radiy-Allâhu 'anh' yagamba bwati: Rasûlullah 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba Hadrat 'Alî: **"Owange ggwe 'Alî! Bw'olaba omukazi kakkanya amaaso era tomutunuulira. Era toddamu kumutunuulira! Tofuna musango bwomutunulako omulundi ogusooka notaddamu kumutunuulira. Ate ofuna omusanga bw'olaba omukazi noddamu n'omutunuulira enkaliriza emirundi egiwera."** Hadith eno yawandiikibwa Abû Dâwûd awamu ne Dârimî.

8– 'Alî 'radiy-Allâhu 'anh' agamba: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Owange ggwe 'Alî! Toyolesa kisambi kyo, era totunulanga ku kisambi kya mulala yenna, k'abe mulamu oba mufu!"** Hadîth-isharîf eno yawandiikibwa Abû Dâwûd awamu ne Ibni Mâja. Muno tuggyamu ekyokuyiga nti, okutunula ku bwereere bw'omufu kifanana n'okutunula ku bwereere bw'omuntu omulamu. Tutekwa okweewala okutunnulira obwereere bw'omuntu yenna omulamu oba omufu. Era tugezeeko nyo okweewala okutunula ku bwereere bw'abalala nga tuzanya oba mukuwuga.

9– 'Abdullah mutabanyi wa 'Umar 'radiy-Allâhu 'anhumâ'agamba : Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Temwoolesa (temulaga abantu abalala) obwereere bwammwe!** [Toyolesa bwereere bwo nebw'oba oli wekka.] **Kubanga waliwo ebitonde ebibeera nammwe buli kiseera. Mubikwatibwe esonyi era mubiwe ekitibwa!"** Ebitondo byemubeera nabyo mu kiseera, ze malailka za Allah ezibakuuma n'ezo eziwandika emilimu gyamwe.

10– Umm-u-Salama 'radiy-Allâhu 'anhâ' agamba: Nze awamu ne Meymûnâ 'radiy-Allâhu 'anhâ' twali wamu ne Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam', mu kaseera omwami ayitibwa Ibni Umm-i-Mektûm 'radiy-Allâhu 'anh' bweyasaba olukusa

okuyingira nakkirizibwa era n'ayingira. Owekitiibwa Rasûlullah 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam' bweyamulaba yatugamba: **"Mutuule emabega w'olutimbe (kateni)!"** Bwennagamba, " lwaki tutuula emabega wa kateni ate nga Ibni Umm-i-Mektûm muzibe talaba? Era tajja kutulaba ne bwetutuula ffena awamu," Owekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yabuza Umm-u-Salama , **"kyogamba nawe olimuzibe tojja kulaba Ibni Umm-i-Maktûm?,"** Mu makulu amalala yagamba "Ibni Umm-u-Maktûm eky'okuba nti muzibe talaba tekifula nawe kuba muzibe nga tolaba."Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwa Imâm Ahmad ne Tirmızî awamu ne Abû Dâwûd 'rahima-humullâhu ta'âlâ'. Okusinziira ku hadith eno tekikkirizibwa (kiri haram) musajja kutunula ku mu mukazi gw'atazira era tekikkirizibwa mukazi kutunula ku musajja gw'atazira. Omukazi yenna asaana okwambala obulungi n'okwebikkilira omubili gwe gwonna okujjako mu maaso (fesi) ne bibatu. Omusajja Omusiraamu tokkirizibwa kutunuulira mukazi yenna atali mukyaala wo, era oteekwa okukuuma amaaso obutagatunuuliza haram. Kirungi nyo mu Busiraamu okuyigiriza abaana baffe abawala abakyaali abato okwebikkilira n'okwambala obulungi mu nyambala y'oBusiraamu. Kino kiyamba okweewala ebikemo nga bakuze era n'okuyiga enyambala ennungi eyeddini n'okukuuma ekitiibwa kyaabwe eky'oBusiraamu.

11– Mu hadith endala owekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Bikka obwereere bwo! Tokkiriza muntu yenna kubulaba okujjako mukyaala wo oba omuzaana "Jâriya"! Era Kwaatibwa ensonyi mu maaso ga Allâhu ta'âlâ!"** Hadîth-i-sherîf eno yawandiikibwa Tirmizî, Abû Dâwûd, awamu ne Ibni Mâja 'rahima-humullâhu ta'âlâ'. Omuzaana (Jâriya), baaliwo ku mulembe gwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' naye kati tebakyaaliwo. Omuzaana yali afugwa mukaama we, nga asobola okumukozesa ensoonga z'ekifumbo.

12– 'Umar-ul-Fârûq 'radiy-Allâhu 'anha' yagamba: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omusajja yenna bw'abeera mu kisenge n'omukazi atamuzira nga tewali muntu mulala yenna, sitaani ebegattako n'ebeera ya kusatu ku bbo."** Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwaTirmızî. [Tekikkirizibwa (Kiri haram) musajja yenna kubeera n'amukazi atamuzira mu kisenge munda nga tewali muntu mulala yenna. Sitaani eyinza okubakema ne bakola obwenzi."]

13– Jâbir mutabanyi wa 'Abdullah 'radiy-Allâhu 'anh' agamba: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omusajja**

takkirizibwa kulambuula mukyaala nga bba tali waka! Kubanga omusajja bwagenda mu maka g'omusajja ataliiwo, sitani etambula mu musayi gwe ne mumusayi gw'omukyaala gwebalambuula nga omusayi bweguyita mu misiwa." Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwa Tirmızî 'rahima-hullâhu ta'âlâ'. Mu hadith eno, tuyiga mu obubi obuli mu musajja yenna okusembelera omukyaala atali wuwe. Ekilala sitani ebeera nyo ku mwanjo okubabuzaabuza mubeere nga mukola ebikyaamu. Tusaanye okweewala embeera yonna erimu okukemebwa ne sitani, kubanga sitani mulabe waffe wa lwaatu. Twegendereze nyo buli kimu Allahu ta'ala n'omubaka we byebatugaana tubyesambe, ne byebakkiriza tubikole. Omusajja Omusiraamu olina okweewa ekitiibwa n'okutya Allah. Kubanga ebikolwa eby'obwenzi, wadde osikilizibwa n'omukazi gezaako okweefuga obutagwa mu kategо, wewale okunyiza Allahu ta'ala.

14– Umm-u-Salama 'radiy-Allâhu 'anhâ' agamba bwaati: Nali mu kisenge wamu n'owekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam'. Mu kisenge omwo twalimu n'omuddu wa mwanyinaze ayitibwa 'Abdullah bin Abî Umayya. Owekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' bweyawulira eddoboozi ly'omuvubuka oyo, yagamba: **"Toddamu kukkiriza muntu nga oyo kuyingira mu nju yaffe!"** Hadîth-i-sharîf eno esangibwa mu **Sahîh-i-Bukhârî** ne **Sahîh-i-Muslim**. Hadîth-i-sharîf eno eyoleka bulungi nti omukazi yenna tasaana kwesembereza musajja wadde omuvubuka yenna atamuzira nabeera naye mu nju oba mu kisenge awatali muntu mulala yenna. N'omusajja naye takkirizibwa kubeera n'amukazi oba omuwala atamuzira ne babeera mu nju oba mu kisenge nga temuli muntu mulala yenna.

15– Abû Umâma 'radiy-Allâhu 'anh' agamba: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Omusajja bw'alaba omuwala omulungi amusanyusa, bwa'amala okumulaba nataddamu kumutunuulira (nga amutunuddeko olutunula lumu lwokka), omusajja oyo Allâhu ta'âlâ amuwa empeera (thawâb) ez'okukuma amaaso era Allah akakkanya obwagazi bwe."** Hadîth-i-sherîf eno yawandiikibwa Imâm Ahmad bin Hanbal 'rahima-hullâhu ta'âlâ'.

16– Owekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **Allâhu ta'âlâ akolimira omuntu ayolese obwereere bwe n'omuntu atunulira obwereere bw'abalala!"** Hadîth-isherîf eno yawandikibwa Imâm Bayhakî's mu kitabo ekiyitibwa **Shu'ab-ul-îmân**. Okusinziira ku hadith eno, omuntu atabikka bwereere bwe afuna omusango n'oyo alwaana enyo alabe obwereere bw'abalala

naye afuna omusango. Omuntu ateekwa okwambala engoye ezibikka omubiri gwe bulungi obutawa mwaganya bantu balala kugulaba.

17– 'Abdullah mutabanyi wa 'Umar 'radiy-Allâhu 'anhumâ' agamba: Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba bwaati **"Omuntu bweyefananyiriza ekibiina** (ebinja ky'abantu) **aba wa mu kyo!"** Hadîth-i-sharîf eno yawandiikibwa Imâm Ahmad awamu ne Abû Dâwûd 'rahima-humullâhu ta'âlâ'. Hadîth-i-sharîf eno etegeeza nti omuntu bweyefuula n'ava ku neyisa gyabadde yeyisaamu ey'oBusiraamu, nakoppa empisa ez'abantu abalala, oba enyambala yaabwe, oba ebikolwa byaabwe ebyawukana ne by'oBusiraamu, omuntu oyo abafanana era aba ayingidde mu kibiina kyaabwe. [Era hadîth-i-sharîf eno erimu okulabula eri abo abanyooma enkola y'oBusiraamu ne bakoppa enkola y'abantu abatali basiraamu nga abayimbi ne banabyamizannyo jebalaba nti ya bugunjufu, omuli abasajja okusiba enviiri, okusala ebimemeya, okunywa segereeti, abawala okwambala engoye enyimpi, obwenzi mu bavubuka nga beeyita (galo oba boyi fulendi) bwebakola obwenzi, enguzi, emikolo egitali gya Busiraamu nga okujanjawaza ku mbaga n'ebilala.]

18– 'Amr Shu'ayb agamba nti : Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: **"Allâhu ta'âlâ Ayagala nyo okulaba ekyengera (oba ekirungi) kyaba Awadde Omudduwe."** Hadîth-i-sherîf eno ywandikibwa ne Tirmuzî 'rahima-hullâhu ta'âlâ'. Nga bwetukilabye mu Hadîth-i-sherîf eno, Allâhu ta'âlâ ayagala nyo omuntu nabeera ku butonde bweyamuteekamu. Nabeera muyonjo, n'ayambala engoye ennungi era ezisaana. Omusajja nayamba ez'ekisajja n'omukazi naye nayambala engoye z'ekikyaala. Allâhu ta'âlâ yakolimira omuntu akyuusa obutonde bwe. Okugeza enviiri bwezimera zonna zifuluma kumu, naye lwaki omuntu asala ekimemeya ezimu nga nyimpi ate ezimu nga mpaavu. Kale omuntu asaana okuleka obutonde bwe nga Allâhu ta'âlâ bweyamutonda. Abakyaala abamu nabo bakyuusa nyo obutonde bwaabwe. Omuli okweyerusa, okukyuusa enjala, emimwa, obubina, amabeere n'ebitundu ebilala eby'emibiri gyaabwe. Okwenyiriza kukkirizibwa mu Busiraamu era tulina okubeere abayonjo, naye tetukyuusa butonde bwaffe.

19– Jâbir mutabanyi wa 'Abdullah 'radiy-Allâhu 'anh' agamba bwaati: Ow'ekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yajja ewaka waffe. Mu nju yaffe mwalimu omuvubuka nga asaze bubi enviri. Ow'ekitiibwa nabbi bweyamulaba, yagamba bwaati: **"Omuvubuka oyo alemereddwa okufuna omuntu amusala**

obulungi enviri?" hadith eno etukubiriza okusala enviiri zaffe obulungi, obutasala nga ezimu mpaanvu ate endala nga nyimpi, oba okusala emisono egitakkkirizibwa mu Busiraamu.

20– Mu makulu ga hadith endala gagamba: Omusajja omu yagenda ewa nabbi, Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam'. Engoye za omusajja oyo zali nkadde era nga njulifu. Omusajja agamba nti nabbi yamubuza **"Owaye ggwe tolinaayo kintu kyonna?"**. Omusajja yamuddamu nga amugamba nti ndina buli kimu. Nabbi ya mugamba bwati: **"Allâhu ta'âlâ bwakuwa ekintu oba eky'obugagga kyonna, olina okukikozesa kuba Ayagala nyo okukikulaba nako!"** Hadîth-i-sherîf eno yawandiikibwa Imâm Ahmad ne Nesâî 'rahimahumullâhu ta'âlâ'.

21– Omumanyi ayitibwa Yusûf Qardâwî' bwaati bwagamba mu kitabo kye ekiyitibwa **al- Halâl-u-wa-l-harâm-u-fi-l-islâm**: Eddini y'oBusiraamu egaana omukazi okwebikka oba okwambala oluguye olw'olesa omubiri gwe. Omukazi takkirizibwa kwambala lugoye lutangaala olulaga ekiri munda. Omukazi takkirizibwa kwambala lugoye lumukwaata (olutono enyo oluli taiti oba olwa fitingi). Omukazi bwayambala engoye ezimukwaata oba ezilabisa omuburi gwe afuna omusaango, kubanga abeera ayita bukunya. Omuwala n'omukazi balina okwambala obulungi enyambala ekkirizibwa mu Busiraamu. Omukazi era takkirizibwa kwambala nviiri (wigi). Tekikkirizibwa okuyunga ku nviiri ez'obutonde ezo kumutwe nosibako enviiri endala. Omukazi ateekwa okubeera n'enviiri ze kumutwe zeyatondebwa nazo.

OBusiraamu bunnyonyola bulungi nti kikakata ku mukazi okwambala obulungi n'okubikka omubiri gwe gwonna okujjako ebibatu ne mu maaso. OBusiraamu buwa eddembe Omusiraamu yenna omukazi oba omusajja okufuna ekyambalo ekimuweesa ekitiibwa. Ekikulu mu kwambala kubikka bwereere bwaffe. So si kwambala suti oba gomesi oba kanzu buli kiseera. Omuntu akkirizibwa okwambala olugoye olukozesebwa mu kintundu (oba mu nsi) w'abeera. Okugeza, abawarabu bbo bambala nyo amakanzu, naye ewaffe e Uganda kanzu za bbeyi. Omusajja asobola okwambala empale ne saati. Ate abakazi nabo bakkirizibwa okwamba gomesi, oba ekiteteeyi, oba sikati ne bulawuzi empaanvu ezibikka omubiri gwe, ne yebikka n'akatambala ku mutwe. Kyetulina okweewala mu byambalo byaffe, z'engoye ezoolesa emibiri gyaffe. OBusiraamu tebufa ku bupya oba bukadde bwa lugoye, wabula obuyonjo bwaalwo n'okubikka omubiri kye ekikulu. Omukazi akkirizibwa okusiba enviiri, n'okugenda mu saluni nebazikola bulungi alabike bulunji

mu maso ga bba. Ayinza okuzikyusakyusa dizaini yonna gyayagala emusanyusa era esanyusa bba. Wabula takkirizibwa kuziyungako nviiri ndala eziva mumakolero.

Omukyaala Omusiraamu kiba kirungi nyo okwambala olugoye olulungi olwa kala enzirugavu oluwaanvu olumubika okuva wagulu ku mabega mpaka wansi ku bigere nga ekiteteyi oba egomesi. Kiba kisiinga okwesiba essuuka ebbiri emu nga agisibye wansi mukiwato endala n'agyesiba waggulu. Omukyaala Omusiraamu ateekwa okubikka omutweegwe n'obutalaga kaviiri konna k'omubirigwe kubanga takkirizibwa kulaga bitundu bya mubiri gwe omusajja yenna atali bba. Omukyaala bwaba asiba akatambaala k'okumutwe nao alina okukasiba n'obwegendereza, kubanga abakyala abamu bakasiba n'obulagajavu nebaleka enviiri zaabwe ebweeru. Abakyaala abayonsa, nabo balina okwegendereza obutaweera baana baabwe mabeere mu lujudde. Omukyaala Omusiraamu takkirizibwa kujjayo bbeere mu lujudde nelilabwa abantu abalala abatamuzira. Omukyaala bwayagala okuyonsa omwana mu lujudde, alina okubikka ebbeere omwana namuyonsa nga abisseewo. Omukyaala okulaga ekitundu ku mubiri gwe kireeta ebikemo mu bantu. Omukyaala wankubadde akkirizibwa okweyambula mu maaso ga bba, naye bwaaba asaala swalat ateekwa okubikka omubiri gwe gwonna. Tasaana kuleka bweru wadde akaviiri nga takabisse okujjako fesi ne bibato byokka. Omukyaala bwaaba asaala alina okwegendereza buli lwavunnama oba mukuyimilira engoye ziyinza okubikkuka, kale ateekwa okwebikka obulungi. Tukimanyi nti amateeka mu Busiraamu agafuga abakyaala bonna gegamu. Okuva ku muwala, omukazi, ne namukadde bonna bonna bateekwa okwebikkirila obulungi obutalaga kitundu kya mubiri gwaabwe eri abasajja abatabazira. Bateekwa okwambala engoye empaanvu ezibikka emibiri gyaabwe obulungi n'obutambala ngoye zisasamaza basajja oba okubasikiriza. Omukazzi takkirizibwa ku kwata mu ngalo za musajja yenna atamuzira. Gamba atali taata we, mwanyina, kojja, jjajja, oba bba. Kale abakyaala balina okwegendereza enyo kuba ensobi eno abakyaala bagikola nyo.

Owekitiibwa Allahu ta'ala Agamba mu Sûrat Ahzâb âyat ya makumi atano mu mwenda (59) **"Owange ggwe nabbi gamba bakyaalabo ne bakyaala ba bakkiriza beebikke…"** Mu tteeka lino Allah yalagila ow'ekitiibwa , Rasûlullah's 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' agambe bakyaala be era agambe ne basahâba 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în' nabo bagambe bakyaala baabwe okwebikka. Etteeka lino libuna buli mukyaala n'omuwala yenna.

Telyakoma ku bakyaala ne bawala ba nabbi bokka, wabula libuna buli mukyaala Omusiraamu yenna. Ekigambo ekyakozesebwa ku kwebikka kyaali **jilbâb**. Kino kigambo kya luwalabu ekitegeeza oluguye oba ekyambalo ekiwaanvu. Ziyinza okuba ssuuka (charshaf) bbiri emu nga esibwa mu kiwato nekka mpaka wansi, ate endala nga ebikka ekitundu ekyawaggulu. Wabula ekikulu mu ayat oba mu tteeka lino, omukyaala okuba nga abikka omubiri gwe gwonna okuva kumutwe, enviiri mpaka wansi kubigere. Ebitundu ebikkirizibwa obutabikkibwa, bibatu na maaso (fesi). Wabula enaku zino, ekigambo **jilbâb** abamu bakitwaala nga ekikaaya ekyebikkibwa okuva ku mutwe ne kibikka mpaka wansi wa mabeere. Mu tteeka lino ely'okwebikka, abakyaala balagirwa okubikka emitwe gyaabwe n'okubikka emibiri gyaabwe gyonna. Omukyaala Omusiraamu takkirizibwa kusiba ku mutwe kaleesu oba akakaaya, naleka ensiingo n'amatu nga tabibisse. Amatu g'omukyaala gateekwa obikkibwa nago. Omukyaala bwaaba mu nju oba awaka nga tewali basajja batamuzira, waddembe okwambala nga bwayagala. Bwaaba mukisenge ne bba waddembe okwambala engoye enyimpi ezisikiriza bba okukola ebikolwa eby'obufumbo. Omukyaala ateekwa okuba omuyonjo mu makaage, era omuyonjo ne bwaaba agenda mu lugendo (safali). Omukyaala Omusiraamu alina okwambaza abaana abobuwala engoye eziri ku mutindo gw'oBusiraamu, so si kubambaza mini sikati oba obugoye obumpi. Abawala nabo bateekwa okwebikkirila obulungi olw'okwewala ebikemo. Omukyaala waddembe okwambala engoye ezituukaana n'omutindo era n'omulembe oguliwo mu kaseera ako. Eky'okulabilako, ku mbaga oba mukwanjula omukyaala waddembe okwambala gomesi nateekamu kamizo olw'okubikka emikono, neyebikka bulungi ku mutwe oba okwambala ekiteteyi ky'omukolo (pate dulesi). Olugoye oluwanvu olwambalwa abasajja luyitibwa kanzu **(qamîs)**. Omusajja naye ateekwa okubikka obwereere bwe nga akozesa ebyambalo ebisaana. Wabula okwawukanako n'omukyaala, omusajja waddembe obutabikka mutwe oba obutambala nkofiira era waddembe okwambala saati ey'emikono emimpi. Omusajja takkirizibwa kwambala mpale nyimpi etakka wansi wa mavivi. Okujjako omusajja bwaaba mu nju oba awaka nga tewali bakyaala balala akkirizibwa okwambala empale enyimpi, naye nalaga mukyaalawe kiki kyaalinawo. Abasajja banabyamizanyo balina okwambala engoye ezissuka mu maviivi. Batabanyi baffe nabo tulina okubayigiriza okwambala empale empaanvu nga bakyali bato n'okwambala mu nyambala y'oBusiraamu.

Omuntu yenna bwaaba ayingidde oBusiraamu ateekwa okumanya buli kintu kyakola oba kikkirizibwa mu Busiraamu. Bwaaba takilinaako kumanya alina okubuuza abamanyi b'oBusiraamu oba okusoma ebitabo by'oBusiraamu ebyawandiikibwa abamanyi be ddiini y'oBusiraamu. Omusiraamu omupya alina okuyigirizibwa okusoma Qur'an, hadith ne'bitabo ebilala eby'eddini y'oBusiraamu. Omuntu bwaaba asilamuse, ekintu kyonna kyaakola nga kikontana n'oBusiraamu afuna omusaango. Era bwaaba akikoze ateekwa okwenenya (okukola tawba) n'okusaba Allah amusonyiwe ezambi eryo. Bw'akola tawba Allâhu ta'âlâ amasonyiwa ezambi lyaaba akoze. Bwaaba teyenenyezza, Allâhu ta'âlâ ajjakumobonereza ku lunaku lw'enkomelero.

Abaami n'abakyaala bateekwa okubikka emibiri gyaabwe nga basaala swalat. Tebakkirizibwa kw'olesa bwereere bwaabwe ekiseera kyonna nga basaala swalat oba nga bamaze okusaala. Kiri munkola ya Busiraamu omusajja okwambala sitokisi n'abikka ebigere bye nga asaala, naye si tteeka gyaali. Omuntu awakanya enkola y'oBusiraamu ey'okubikka obwereere, aba ajemedde Allah. Kubanga tewali muntu yenna akkirizibwa kutambula bukunya nga tabisse bwereere bwe oba nga tayambadde. Omusiraamu yenna omusajja oba omukazi takkirizibwa kuyingira mu bifo bya bwonoonefu **(fisq)**. Ebifo eby'obwonoonefu ebitakkirizibwa (ebiri harâm) by'ebyo ebibeeramu abantu abasajja oba abakazi aboolesa obweere bwaabe (abali obukunya), oba ebifo ebya zaala, ebifo webanyweera omwenge (bbaala), ebifo webakubira emiziki (disiko), ebifo ebiyimbirwaamu, n'okugenda mu looji, tebikkirizibwa. Tuteekwa okutukuza emitima gyaffe gibeere n'empisa awamu n'okweewala kazambi yenna Allah gweyatugaana. Emitima gyeffe gitukula nyo bwetugondera Allah, netukola byonna Omusiraamu byateekwa okukola. Abantu abajeerema Allah (abakaafiiri), emitima gyaabwe si mitukuvu, okutuusa bwebasiramuka nebajemulukukira Allah.

Omuntu eyakayingira mu Busiraamu (Omusiraamu omupya) ateekwa okumanya empagi z'oBusiraamu ettano era alina n'okumanya empagi z'obukkiriza (îmân) omukaaga. Kubanga tayinza kugamba nti ndi Musiraamu naye nga tamanyi mateeka gafuga Busiraamu bwe. Era alina okuyiga biki ebikakata ku buli Musiraamu okukola (farz) n'ebyo Omusiraamu byatasaana kukola (harâm). Omuntu bwakakasa oBusiraamu alina okuba ow'obuvunaanyizibwa mu ddiini ye empya n'obutajiwebuula.

OBUVUNANYIZIBWA BW'OMUKKIRIZA

Rasûlullah's 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba **"Omusiraamu avunanyizibwa ebintu mukaaga (6) ku Musiraamu munne"**

1. Okwanukula omulanga gwa Musiraamu munno bwaaba akuyise;

2. Iyâdat, [Okumulambula Omusiraamu omulwadde.]

3. Omusiraamu bw'afa tulina okumuziika.

4. Omusiraamu ateekwa okuwabula (okubulira) Musiraamu munne n'okumuwa amagezi ku nsoonga yonna bwaaba amwebuzizzako.

5. Okumubuuza (okumutolera salaamu)

6. Bwayasimula, n'agamba "Al-hamd-u-lillah"omuddamu, "Ya-r-hamukallah,"

Omukkiriza alina okutuukiriza ebintu bino wamanga;

1. Omukkiriza ateekwa okwesinza Allahu ta'ala yekka.

2. Omukkiriza ateekwa okweyigiriza eddini ye ey'oBusiraamu.

3. Omukkiriza tasaana kukola mazambi.

4. Omukkiriza alina okweewala ebintu Allah byeyagaana (haram).

5. Omukkiriza takwaatibwa nsaalwa ku bintu oba maali y'omuntu omulala.

6. Omukkiriza ateekwa okujjukira okufa buli kiseera era neyebuulilira nakwo.

Hadîth-i-sharîf emu egamba, **"Omuntu tayinza kuba mukkiriza wa namaddala okujjako nga ayagalizza muganda we omukkiriza ekyo ky'ayagaliza omutima gwe."** Hadith eno etuyigiriza obutaagaliza baganda baffe abasiraamu ebyo byetutaagaliza mitima gyaffe. Awamu n'okweewala okweyagaliza buli kamu ketulaba wabula twagalize n'abantu abalala. Abantu ennaku zino bagadde nyo duniya ne basukka. Buli kirungi kyebalaba bakyeyagaliza era ebiseera ebimu nebalumya abantu abalala. Okugeza abakenuzi, bakifeesi, ba mafiya, ababbi, abali b'enguzi n'abalala abagwa mu ttuluba elyo, beyagaliza bokka ate nga abantu abalala babonaabona. Omukkiriza yenna ateekwa okwaagaliza banne abalala ekirungi kyaba afunye, era n'okubatangira obubi obuyinza okubatuukako. Omukkiriza ateekwa okwaagala abantu abalala, ateekwa okuba n'omutima

omulungi ogw'agaliza banne. Omukkiriza asaana okweewala abakozi be byonoono, kubanga bayinza okumujja ku mulamwa, naye bwaaba abakowoola alina okukozesa amagezi n'obukodyo obwenjawulo. Omukkiriza ateekwa okwogera obulungi n'abantu abalala, okukozesa ebigambo ebirungi awamu n'okubamwenyera. Omukkiriza tasaana kunyiiza muntu mulala awatali nsoonga, era bwamunyiiza ateekwa okumwetondera.

Omusiraamu aba mulungi nyo era nga wamugaso bwatayolesa (okulalaasa) ebintu bino:

1– Obwaavu (Omusiraamu bwaaba omwaavu alina okukikuuma nga kyaama kye);

2– Okuwaayo (Omusiraamu bw'awayo sadaqa alina okukikuuma nga kyaama gyaali);

3– Obulumi (Omusiraamu tasaana kubuulira buli muntu obulumi bwalina oba obulwadde);

4– Ebizibu (Omusiraamu ateekwa okukikuuma ebizibu bye nga kyaama kye yekka).

Allah ayagala nyo abantu ba mitendera ena (4):

1– Omuntu akozesa olulimi lwe okujjukira Allah n'okumutendereza (akola dhikr).

2– Omuntu eyakwaata Qur'an mu mutwe (hâfid-i- Qur'ân).

3– Omuntu agula emmere n'aliisa abanaku n'abetaavu oba abomunju ye.

4– Omuntu asiiba omwezi gwa Ramadân.

Buli Musiraamu yenna ateekwa okwekwaata ku bigambo bino n'okubiddingana buli kiseera webisaana okwogerebwa:

1. **"Bismillâh-ir-Rahmân ir-Rahîm."** Ekigambo kino kitegeeza «nsose okw'ogera ku linya lya Allah owekisa ekingi kuno kunsi ne kunkomelero». Omusiraamu yenna bwaaba alina ekintu kyageenda okukola, oba omulimu gwonna, kirungi n'asoma "Basmala" nga agamba bwaati: **"Bismillâh-ir-Rahmân ir- Rahîm."**

2. **"Al-hamd-u-lillah,"** kitegeeza, "neebaza Allah." Omusiraamu ateekwa okukozesa ekigambo kino bwaaba amaze okukola omulimu gwonna. Oba nga afunye amawulire agamusanyusa, ateekwa okweebaza Allah.

3. **"Inshâ-Allah,"** kitegeeza "Allah bw'aba ayagadde". Kino ekigambo ky'ogerwa omuntu yenna asuubira okukola ekintu oba omulimu. Tukimanyi bulungi nti omuntu yenna talina buyinza bwankomeredde ku milimu gye gyaakola, kale olina okugamba

Inshâ-Allah, kubanga Allah ky'ayagla kye kibeera, kyatayagala tekisobola kubeerawo.

4. **"Innâ lillah wa innâ ilaihi râji'ûn,"** kitegeeza "Ewa Allah gyetwaava era gyetugenda okuddizibwa". Kino Omusiraamu akyogera bw'aba afunye obuzibu oba awulidde amawulire aganakuwaza, nga okufirwa omuntu, emaali, oba okufuna akabeenje.

5. **"Astaghfirullah,"** kitegeeza "Allah nkusaba Onsonyiwe" Omusiraamu bw'akola ensobi yonna ateekwa okwenenya n'okwetoonda ewa Allah (nga asoma istighfâr n'akola ne tawba). Okokula "istighfâr" kusaba kusonyiibwa kwa Allâhu ta'âlâ Ate okukola "tawba" kitegeeza okwenenya ezambi ly'oba okoze era notaddamu kulikola mulundi mulala, kubanga bw'okola tawba olina okusaba Allâhu ta'âlâ okukusonyiwa neweyama obuataddamu kukola zambi eryo. Tawba ebeera ku mazambi amanene nga okukola shirk, okubba, okwenda, okutta, okuva mu Busiraamu, n'amazambi amalala amanene, ate istighfâr ebeera ku mazambi amatonotono aga buli lunaku nga okutunula ku haram, ensobi mu swalat nebilala.

6. Omusiraamu ateekwa okwogera ebigambo ebilungi (Kalima-i-tayyiba). Ekimu ku bigambo byateekwa okw'ogera kye kigambo; **"Lâ ilâha il-l-Allâhu wahdahu lâ sharîka lah, lahul-mulku wa lahul-hamdu wa huwa 'alâ kulli shey'in qadîr."** Amakulu gaakyo gegano " Tewali asaana kusinzibwa yenna okujjako Allah Omugulumivu Owawaggulu yekka, Oyo Allah Tagattibwaako kintu kilala kyonna, Allah Ye nannyini Buyinza, era Ye nannyini Matendo gonna amajjuvu era Allah Y'alina obuyinza ku buli kintu kyonna munsi ne muggulu."

7. Omusiraamu era ateekwa okwoogera ekigambo eky'ekitiibwa (Kalima-i-sharîfa) bwaati, **"Ash-hadu an lâ ilâha il-l-Allah wa ash-hadu anna Muhammadan 'abduhu wa Rasûluh."** Amakulu: "Nkakasa nti tewali katonda yenna okujjako Allah Owawaggulu, era nkakasa nti Muhammad mudduwe era mubaka we"

Omusiraamu era ateekwa okutendereza Allah emisana ne'kiro nga agamba bwati:

1– **"Astaghfirullah."**

2– **"Subhân-Allâhi;; Wa-l-hamd-u-lillâhi;; Wa lâ-ilâha il-l-Allâhu;; Wallâhu akbar;; Wa-lâ-hawla wa-lâ quwwata illâ billâh-il'aliy-yil 'adhîm."**

EMPISA N'EBITENDO EBILUUNGI

Omuntu ow'empisa ennungi ayagalibwa abantu bawangaala nabo, ate ow'empisa embi ebiseera ebisinga abantu bawangaala nabo bamweetamwa. Empisa ez'agalisa omuntu nyingi. OBusiraamu butukubiriza okuba n'ebitendo awamu n'empisa ennungi. Ebimu ku **bitendo** oBusiraamu bwebyateekako nyo essira nga **buli Musiraamu yenna asana okubeera nabyo** byebino;

1. **Imân**; Omusiraamu ateekwa okukkiriza Allah yekka nga tamugattako kintu kilala kyonna. Ateekwa okugobelera empagi z'obukkiriza omukaaga.

2. **Ikhlâs**; Omusiraamu ateekwa okutongoza Allah buli mu mulimu gwonna gw'akola, alina okugukola olw'okusanyusa Allah yekka.

3. **Ihsân**; Omusiraamu omulungi alongoosa eri Allah we, era nalongoosa eri ebitonde ebilala. Gamba, alongoosa eri abantu banne, ebisolo, ebimera nebilala.

4. **Nasîhat**; okwebulilira, Omusiraamu omulungi alina okwebuuza ku bantu abalala ekintu kyonna kyatamanyi, kakibe kya ddini oba kya nsi. Era alina n'okubulilira abantu abalala balaba munsobi.

5. **Îsârar**; okulemela ku nsoonga ennungi. Omusiraamu omulungi abeera n'ekiteendo eky'okukola omumilu omulungi lubeelera nga taguleka.

6. **Hikmat**; amegezi; Omusiraamu omulungi ateekwa okukozesa amagezi buli mu nsoonga yonna. Ateekwa okufumitiriza nga tannasalawo nsoonga yonna.

7. **Shukr**; Okwebaza, Omusiraamu omulungi abeera n'ekitendo eky'okwebaza. Ekintu kyonna ky'afuna yebaza Allah. Era yebaza omuntu akoze ekirungi.

8. **Sabr**; obugumikkiriza, Omusiraamu omulungi abeera n'ekitnedo eky'obuguminkiriza. Tapapira nsoonga yonna, bw'afuna ekirungi oba ekibi agumikkiriza.

9. **Khawf**; okutya Omusiraamu ateekwa okutya ebinonerezo bya Allah, era Omusiraamu omulungi atya ekintu kyonna ekitiisa abalala, nga ensolo enkambwe, emisota, obubeenje, n'ebilala.

10. **Rejâ**; okusubira, Omusiraamu buli kiseera alina okusuubira ebirungi oba ebibi okuva ewa Allah. Bw'agezesebwa taweesa suubi, wabula asigala n'esuubi buli kiseera.

11. **Hubb-i-fillah**; okwaagala ku lwa Allah, Omusiraamu yenna ateekwa okwaagala Musiraamu munne ku lwa Allah oba ku lwa

luganda lwa Busiraamu. Oba okwagaala ekintu ekilala kyonna, olina okukyagaala ku lwa kusanyusa Allah.

12. **Bughd-i-fillah**; okuchaawa oba okunyiiga ku lwa Allah; Omusiraamu asaana okunyigira Musiraamu munne oba omuntu omulala oyo akoze ebikyaamu kubanga biba binyiza ne Allah. Era Omusiraamu waddembe okwawukana n'omuntu yenna akola ebintu ebikontana n'oBusiraamu kulw'obulungi bwo Busiraamu.

13. **Mujâhada**; okulafubana, Omusiraamu ateekwa okuba n'ekitendo eky'okulafubana. Alina okukola enyo emilimu gy'oBusiraamu era nga bwanoonya ne rizk oba maali duniya. Teyeekubira ku ludda lumu, wabula alina okukolelera enkomelero awamu ne dduniya.

14. **Dhikr-i-mawt**; okujjukira okufa. Buli kiseera Omusiraamu alina okwebuulilira n'okujjukira okufa nti gyeekuli era kwamazima akaseera konna wakufa. Kino kimuyamba okukola emilimu emirungi n'okujjukira nti ku nsi aliko akeseera katono.

15. **Talab-ul-'ilm**; okunyoonya okumanya. Buli Musiraamu yenna kirungi anoonye okumanya eddini ye n'ebikwaata ku nsi gyawangaliramu. Okumanya tekuliiko kkomo wadde emyaka. Omuntu omukulu tekimugaana kwebuuza ku mwana muto ekyo kyaba tamanyi.

16. **Injâz-i-wa'd**; okutuukiriza endagano. Omusiraamu bwalaganyisa alina okutuukiriza kyaba alaganyisizza, kubanga bwayawukana ku ndagano, aba afuse munafuusi.

17. **Husn-i-khulq**; okulongosa empisa oba okuba n'empisa ennungi. Buli musiraamu yenna ateekwa okuba n'empisa ennungi okwawukanako n'abantu abenzikiriza endala. Omusiraamu yenna alina okuba ekyakulabilako eri abalal.

18. **Zuhd**; okweewala obwagazi bw'ensi n'okukolelera enyo enkomelero. Omusiraamu tasaana kwaagala nyo masanyu ga ku nsi wabula kozesa obulamu bwo bw'ensi bulungi ofune enkomelero ennungi.

19. **Qanâat**; okumatira Allah kyakuwadde. Omusiraamu ateekwa okusiima enyo kyonna Allah kyamuwadde, mu buneene oba mu butono bwakyo.

20. **Sa'y-i-fi-l-khayrât**; okweyunira okukola ebirungi, Omusiraamu ateekwa okulafubana enyo akole buli mulimu omulungi ogusanyusa Allah.

21. **Hayâ**; ensonyi, Omusiraamu omulungi alina okuba n'ensonyi mu bintu by'akola. Eky'okulabilako, Omusiraamu tasaana kufuka ku kkubo, oba okulya nga atambula.

22. **Athabât-i-fî amrillah**; okunyweelera ku bilagiro n'amateeka ga Allah. Omusiraamu alina okwenyweeza ku mateeka ga Allah gonna.

23. **Tawakkul**; okwesigamira ku Allah buli mu kintu kyonna.

24. **Sidq**; Amazima, Omusiraamu ateekwa okuba owamazima buli mu kintu kyakola.

25. **Muhâsaba**; okweebala, Omusiraamu alina okubala emilimu gye gyaakola wano kunsi nga Allah tanna mubala ku lunako lw'enkomelero.

26. **Tawba**; Okweenenya, Omusiraamu bwakola ezambi lyonna ateekwa okwenenya ewa Allah n'obutaddamu kukola zambi eryo.

27. **Khushû**; Obugoonvu mu kwesinza Allah, nga mu ku saala oba mu kusiiba, ne mu ibadaat endala zonna.

28. **Yaqîn**; obutebenkevu, omutima gw'Omusiraamu gulina okutebenkelera ku Allah buli kiseera.

29. **Shawqu ilâ liqâillah**; okwaagala enyo okusisinkana Allah, Omusiraamu akola emilimu emirungi ayagala nyo okusisinkana ne Allah.

30. **Ri'âyat-i-huqûq-i-'ibâd**. Okulabilira ebintu by'abantu abalala obulungi, nga bamulekwa awamu n'okuwa buli muntu oba omwan'adamu yenna eddembe lye n'obutabalyazamanya bintu bye batekeddwa okufuna.

31. **Tasfiya**; okulwanyisa empiisa embi (akhlâq-i-dhamîma) mu bantu. Omusiraamu bw'alaba empisa embi nga obubbi, obwenzi,,, ateekwa okubilwaanyisa.

32. **Ghibta**; okwegomba omuntu akusiinga. Omusiraamu akkirizibwa okwegomba omukkiriza yenna amusiinga okwesinza Allah n'okukola ibaad.

33. **Muruwwat**; okuba owobuvunanyizibwa eri ebitonde ebila, n'okukola kyonna ekyetaagisa okubiyamba, nga okuwa omuntu omuyala emmere oba amazzi.

Ri'âyat-i-huqûq-i-'ibâd; kitegeeza okuwa bantu banno eddembe lyaabwe n'okutuukiriza obuvunanyizibwaabwo jebali. Omusiraamu alina obuvunanyizibwa obw'okuyisa obulungi buli muntu, Omusiraamu n'atali Musiraamu. Okugeza, obumu ku buvunanyizibwa bwaffe abasiraamu, okuyisa obulungi abazadde ababiri, nga basiraamu oba nga si basiraamu. Tuteekwa okwoogera nabo n'obwewombeefu, okubasanyukira, okukozesa ebigambo ebirungi gyebali, okubawa obuyambi bwonna bwebetaaga n'okukola kyonna kyetusobola okusanyusa emitima

gyaabwe. Abantu abalala betulina okuyisa obulungi enyo, ab'emililaano. Abantu abawangaalira okumpi newetubeera, tusaana okubayisa obulungi. Abasomesa baffe, nabo batuvunanyizibwaako okubayisa obulungi n'okubawa ekitibwa ekisaana. Abafumbo ababiri (omwaami n'omukyaala), buli omu alina obuvunanyizibwa ku munne. Mikwaano gyaffe nagyo gituvunanyizibwaako okugiyisa obulungi. Omuteeko ogusembayo, gw'abakulembeze baffe mu ddini oba mu gavumenti y'ensi, nabo tulina okubayisa obulungi n'okugondera ebilagiro byaabwe ebitakontana na Busiraamu. Omusiraamu takkirizibwa kulimba muntu yenna. Omusiraamu takkirizibwa kulyazamaanya muntu mulala. Bw'atambula mu motoka takisi oba baasi ateekwa okusasula ebisale by'entambula. Bwaaba n'omukozi ateekwa okumusasula omusaala ggwe nga entuyo tezinnakala. Omusiraamu ateekwa okuwa omusolo gwa gavumeenti. Omusiraamu takkirizibwa kulya mu nsi ye lukwe oba okwetaba mu bikolwa ebitabangula emirembe mu nsi, nga ebikolwa eby'ekiyeekera. Tokkirizibwa kuyamba balabe ba Busiraamu wadde abalabe b'ensi. Omuntu omulala bwakukola ekikyaamu, tewesasuza na kibi, wabula mwesonyiwe era okole bilungi.

Sikyaangu kusaanga muntu omulungi,
Bw'ofuna mukwano gwo omulungi mwesibeeko!

Omuntu alina okutunula wano na wali okufuna omukwano omwesiimbu;
Omusambi w'omupiira amanyi kuteeba ggoolo, so si kuvuga nyonyi!

Bwoteeka ekidomolo ekikalu kuluzzi;
Kiba kikalu okutuusa lwo kitekamu amazzi.

Okunyumya kuggula emitima gyaffe;
Omuntu si wamuwendo kulw'obugagga bwe.

Ekisooka, kkiriza Allah (beera ne îmân), oluvannyuma wewale ebyaziyizibwa (haram);
Emmere eyamba mubili, teyamba myooyo gyaffe, wabula okukkiriza Allah ky'ekikulu!

EMPISA ZA BASAHÂBA (Bakhalîfa abana)

Ba khalîfa abana (4) 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în' bamuwendo nyo okusiinga basahâba abalala bonna. Obukulembeze bwaaba Khalîfa abana, bwaaliwo okumala ebbaanga lya myaka asatu (30). Okusinziira ku bigambo by'omubaka wa Allah, Muhammad Swallahu Alaihi Wa Ssalama, basahâba 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în' bonna bonna Allah agenda ku bayingiza mu nyumba ye eyemirembe (Janah). Omuntu yenna takkirizibwa kwogera kibi kyonna ku ba sahâba 'radiy-

Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în'.

Hadrat Abû Bakr as-Siddîq 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' ye Khalîfa eyasooka oluvannyuma lw'okufa kw'omubaka wa Allah, Muhammad Swallahu Alaihi Wa Ssalama. Obukulembeze bwe bwaali bwa mazima era basahâba bonna bamukkiriza. Abasiraamu ffena tuteekwa okukkiriliza mu bukulembeze bwa ba Khalîfa abana bonna. Abû Bakr as-Siddîq 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' yali mukoddomi wa Rasûlullah's 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' (Aisha 'radiy-Allâhu 'anhâ' muwala wa Abû Bakr as-Siddîq 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' yafumbirwa ow'ekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam'). Abû Bakr as-Siddîq 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' yali mumanyi era nga mugagga. Eby'obugagga bye ebisinga obungi ya biwaayo mu kkubo lya Allah. Yakozesa nnyo emaali ye okutaasa oBusiraamu n'okububunyisa. Abû Bakr as-Siddîq 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' yalina empisa ennungi era yali waakisa. Abû Bakr as-Siddîq 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' yali mwesigwa, mwesimbu, wamazima. Abû Bakr radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' yayitibwa "as-Siddîq" kubaanga yali wa mazima era yakkirizanga kyonna ow'ekitiibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' kyeyamugamba.

Hadrat 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu 'anh' ye Khalîfa ow'okubiri eyaddilira Abû Bakr as-Siddîq 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh'. Ba Sahâba bonna bakkiriza obukulembeze bwe. Hadrat 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu 'anh' yali mumanyi wa ddini y'oBusiraamu. Hadrat 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu 'anh' yayitibwa elinya "Fârûq" kubanga yali **ayawula wakati wa mazima n'obulimba awamu nokwawula wakati w'ekirungi n'ekibi**. Hadrat 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu 'anh' yali wamaanyi mu kulwaanyisa abalabe b'oBusiraamu era yali musaale nnyo mukuwangula entalo z'oBusiraamu ezisiinga. Hadrat 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu 'anh' ye taata wa Hafsa radiy-Allâhu ta'âlâ 'anha' omu ku bakyaala ba nabbi. Kino kitegeza ntino 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' naye yali mukoddomi wa Rasûlullah's 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam'. Hadrat 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu 'anh' yali mwesigwa, mwesimbu, wamazima era yalwanilira nnyo oBusiraamu.

Uthmân mutabanyi wa Affan 'radiy-Allâhu 'anh' ye Khalîfa ow'okusatu eyaddilira Hadrat 'Umar bin Khattab 'radiy-Allâhu 'anh. Ba Sahâba bonna bakkiriza obukulembeze bwe. Uthmân mutabanyi wa Affan 'radiy-Allâhu 'anh' ayitibwa "'Uthmân-i-Zinnûrayn " kubanga yawasa bawala ba Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' babiri ayitibwa (Ruqayya ne Umm

Kulthum). Abawala bano teyabawasa mulundi gumu, wabula omu gweyasooka okuwasa bweyafa, nalyoka awasa omuwala omulala kubanga oBusiraamu tebukkiriza musajja kugatta bakyaala babiri aboluganda omulundi ogumu. "Zinnûrayn" kitegeeza omuntu owebitangaala ebibiri (nga ttaala ebbiri oba enjuba ebbiri ezimulisa). Ow'ekitiibwa Rasûlullah 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam' yayagala nyo 'Uthmân 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anh' kubanga yalina empisa, yali muntu mulungi, nga mwesigwa, yali wakitiibwa era nga wamazima. 'Uthmân-i-Zinnûreyn radiy-Allâhu 'anh' yali mumanyi w'eddini, nga amanyi amateeka g'oBusiraamu era yali mukulembeze mulungi eri abasiraamu beyali akulembera. Mu biseera bye, yalwanilira nyo oBusiraamu mpaka bweyabutuusa ku ddaala eddala. Yakozesa emaali n'amanyi ge okuyimirizaawo oBusiraamu.

Khalîfa ow'okuna eyaddilira Hadrat 'Uthmân-i-Zinnûreyn radiy-Allâhu 'anh' ayitibwa 'Alî bin Abi Talib radiy-Allâhu 'anh'. Khalîfa 'Alî bin Abi Talib radiy-Allâhu 'anh' yawasa muwala wa Rasûlullah ayaitibwa Fâtima 'radiy-Allâhu 'anhâ'. Khalîfa 'Alî bin Abi Talib radiy-Allâhu 'anh' yali mumanyi wa Busiraamu, mwesigwa, yalina empisa ennungi era yayagala nyo abasiraamu bonna. Khalîfa 'Alî bin Abi Talib radiy-Allâhu 'anh' nga ba Khalîfa abalala, yakola nyo okusasaanya oBusiraamu ku mulembe gwe. Abasiraamu ffena tutekwa okwagala ba sahaba n'okubawa ekitibwa nga tetusukkulumizza omu yenna ku balala.

Ahl as-sunnat (oba abasiraamu abaSunnî), beebo abagobelera enkola y'omubaka nabbi Muhammad Swallah llah Alaihi wasalam, awamu n'enkola ya basahâba abamuddira mu bigere. Abasiraamu abaSunnî tebaawula mu basahâba, wabula bonna babaagala kyenkanyi era bakkiriliza mu bukulembeze bwaabwe (obwa khilafa). Okwawunako n'ebibinja ebilala, abasiraamu abasunnî, bakkiriza nti nabbi Muhammad ye nabbi w'enkomelero, teli nabbi yenna agenda kujja luvanyuma lwe. Abasiraamu abasunnî bagobelera enjigiriza ya Qur'an etuufu ne hadith z'omubaka nabbi Muhammad Swallah llah Alaihi wasalam. Ahl as-sunnat be basiraamu abasiinga yo obungi mu nsi yonna ne mu Uganda okutwaaliza awamu. Ate abasiraamu abeyita **abashî'î-a bbo bakkiriza** basahâba abamu nebagaana abalala, era basukkulumya n'abamu kubannaabwe. Ekibinja kya **abashî'-a**, kyawukanira ddala ku basiraamu **abasunnî** mu nzikiriza ne munesiinza ey'oBusiraamu, nga swalat, hijja, okwaziina, n'ebilala. Abogoberezi b'ekibinja kya abashî'î-a, batono nyo ddala mu nsi yonna ne mu Uganda. **Râfidwa**, beebo abagaana okukkiriza

basahâba b'omubaka nabbi Muhammad Swallah llah Alaihi wasalam. Ate waliwo abasiraamu abamu abaabula, bbo nga bakkiriza mu basahâba naye nga tebabagobelera, bano nabo baaba babuze. Ow'ekitiibwa nabbi Muhammad Swallah llah Alaih wa salam yagamba bwaati, amakulu ga hadith, "Abantu bekibiina kye (abasiraamu) bagenda kwetemamu ebibinja nsanvu mu bibiri (72), ebibinja ebyo byonna byakuyingira mu muliro (Jahannama), okujjako ekibinja kimu, ekyo ekigobelera enjigirizaaye entuufu, kye kijja okuyingira janna". Kale abasiraamu tweewale okuyingira mu bibinja ebilala ebyawukana n'enjigiriza y'omubaka nabbi Muhammad Swallah llah Alaihi wasalam, era tugobelere enkola ya nabbi entufu ne ya basahâba abo abamuddira mu bigere.

OKULYA N'OKUNYWA MU BUSIRAAMU

OBusiraamu ddini yamuweendo nyo, etunuulira embeera z'omuntu zonna. Buli kintu kyonna Omusiraamu ky'akola ne niyat ennungi nga ayagala kusanyusa Allah , afunamu empeera. Eky'okulabilako, omuntu yenna yenna alya era nanywa. Wabula Omusiraamu bwaalya oba naanywa nga agobelera enjigiriza y'oBusiraamu afuna empeera. Ezimu ku njigiriza z'oBusiraamu ezikwaata ku kulya n'okunywa, mulimu Omusiraamu okulya oba okunywa ekintu kya halah ekivudde mu ntuuyo ze. Omusiraamu okulya oba okunywa ekintu ekitayokya nyo. Okusoma bismillah nga atandiika okulya oba okunywa. Okukozesa omukono ogwa ddyo mu kulya oba mukunywa. Okulya emmere ekulilaanye. Okunaaba engalo nga ogenda okulya, nebilala.

Omusiraamu bw'anaaba mu ngalo olwokugobelera enkola ya nabbi Muhammad, Rasûlullah 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam', afuna empeera.

Buno bwe bumu ku bulungi omuntu Omusiraamu bw'afuna bw'anaaba mu ngalo nga agenda okulya:

1– Afuna obwaagazi obw'okulya emmere. Omuntu bw'amala okunaba mu ngalo aba mwetegefu okulya emmere, aba asiinga oyo alya nga tanabye mu ngalo, emmere agigwaako kiyifuyifu nga tagyetegekedde.

2– Afuna empeera (thawâb) mu maaso ga Allah, kubanga aba akoze omulimu omulungi.

3– Allah amutaasa ekibambulira eky'obwaavu.

4– Malaika zimusabira Allah amusonyiwe (zimukolera istighfâr).

5– Buli mmere gyamira Allah amuwaamu empeera (thawâb) nga alinga alisizza omuntu omunaku atesobola.

6– Bw'atandika okulya n'asoma Basmalah, Allah amuwa empeera.

7– Edduwa z'asaba oluvannyuma lw'okulya Allâhu ta'âlâ azanukula.

Ebilagiro bya Allâhu ta'âlâ bilimu emiteeko ebiri. Ogumu guyitibwa; **Emr-i-takwînî** ate omulala guyitibwa **Emr-i-taklîfî or Emr-i-tashrî'î**.

Emr-i-takwînî: by'ebilagiro bya Allâhu ta'âlâ ebya **"beera ne kiba"**. Allâhu ta'âlâ bw'ayagala ekintu kyonna okubeerawo alagira bulagizi nekiba. Kino kimu ku bilagiro bya Allâhu ta'âlâ ekivaako okubeerawo kw'ebitonde ebyenjawulo. Ekitondo kyonna Allâhu ta'âlâ kyayagala okubeerawo, alagira bulagizi nekibeera. Allâhu ta'âlâ alina obuyinza obutonda ekintu kyonna mu ggulu ne mu nsi. Tewali kitonde kyonna kiyinza kulemesa kiragiro kya Allâhu ta'âlâ oba kyaaba Asazeewo. Allâhu ta'âlâ ateekawo ensoonga ezivaako ebitonde ebimu okubaawo. Eky'okulabilako, Allâhu ta'âlâ yatonda Adam, nga talina taata wadde maama we; natoonda Isa Alaihi Ssalaam okuva mu Mariam nga talina taata; ate naffe abantu otuliwo kati Allâhu ta'âlâ atutoonda okuva mu mbuto za ba maama baffe ne ba taata. Allâhu ta'âlâ alina obuyinza obwenkomeredde ku buli kitonde kyonna mu ggulu ne ku nsi. Era Allâhu ta'âlâ yatonda ebitonde ebimu olw'okutebenkeza obulamu bw'omuntu wano ku nsi. Ebitonde nga ebisolo omuli ente, mbuzi, ngamiya, endiga. Ebinyonyi nga enkoko, embaata, ssekoko n'ebika by'emmere ebyenjawulo byonna byonna Allâhu ta'âlâ yabitoonda omuntu abyeyambise wano ku nsi, ayinza okubilya oba okufunamu ssente. Buli kitonde kyonna Allâhu ta'âlâ kyeyatonda alina ekigendelerwa "Hikmat" lwaaki yakitonda nakiteeka mu ggulu oba ku nsi.

Emr-i-teklîfî; By'ebilagiro bya Allâhu ta'âlâ eri abaddu be, mulimu Byalagira abaddu be okukola n'ebyo Byeyaziyiza (Byabagaana). Omuntu ateekwa okumanya Allâhu ta'âlâ byamulagira okukola nebyo byeyamugaana. Omuntu ateekwa okukola ebyo byokka byeyalagirwa era alina okuleka byonna Allâhu ta'âlâ byeyamugaana okukola. Omuntu bwaakola ekibi Allâhu ta'âlâ kyeyamugaana okukola, afuna omusango era Allâhu ta'âlâ ajja kumubonereza ku lunaku lw'enkomelero. Allâhu ta'âlâ ye nannyini bitoonde byonna wano ku nsi ne mu ggulu. Allâhu ta'âlâ ateekwa okusinzibwa yekka nga tagattibwaako kintu kilala kyonna. Omuntu yenna agatta Allâhu ta'âlâ ne kintu ekilala nga;

okusinza amasanamu, emizimu, emisambwa, okwelaguza, oba okukkiriza nti yesu Katonda oba nti yesu mwaana wa Katonda, omuntu akikola ekyo afuna omusango. Allâhu ta'âlâ ajja kumubonereza ku lunaku lw'enkomelero era tajja kubasonyiwa okujjako nga yenenyezza nataddamu kumugattako kintu kilala kyonna. Allâhu ta'âlâ ayagala nyo omuntu agobelera ebilagiro bye era amugondera. Allâhu ta'âlâ Alina ekisa kiyitirivu eli omuntu amusinza era amugondera. Ate Allâhu ta'âlâ abeera n'obusungu eri omuntu yenna amujemera.

Okusinziira ku bukulu bw'ebilagiro bya Allâhu Ta'âlâ eri abantu bonna ebiyitibwa "emr-i-teklîfî" byatekulwaamu bwebiti;

1– Allâhu Ta'âlâ yalagira abantu bonna bamukkirize era babeere bajemulukufu (babeere basiraamu nga bakkiriza Allâhu Ta'âlâ yekka, tebamugattaki kintu kilala kyonna.

2– Allâhu Ta'âlâ yalagira abakkiriza obutakola byeyagaana (obutakola haram).

3– Allâhu Ta'âlâ yalagira abakkiriza okuyimirizaawo ebyo byeyabalagira okukola (farz).

4– Abakkiriza balagirwa obutakola bintu ebyeetamwa (makrûh) wabula bakole ebirungi ebyagalibwa (sunnat).

Okujemulukukira Allâhu Ta'âlâ n'obeeera Omusiraamu kalombolombo akakulu mukukkirizibwa kw'emilimu Allâhu Ta'âlâ gye yalagira abaddu be okukola. Okugeza, Allâhu Ta'âlâ yalagira abaddu be okusaala, okusiiba, okuwa zakat,,, ne bilala. Naye omuntu atali Musiraamu, bw'asaala oba n'asiiba, okwesiinza okwo Allâhu Ta'ala takkukiriza era tafunamu mpeera. Omuntu okujemulukukira Allâhu Ta'âlâ n'obeera Omusiraamu, kitegeeza; okukakasa mu mutima gwo noyatula n'olulimi lwo, nti tewali asinzibwa okujjako Allâhu Ta'âlâ yekka, era nabbi Muhammad swala llahu alaihi wasalam, mubaka wa Allâhu Ta'âlâ. Eyo y'empagi esooka mu Busiraamu. Omuntu yenna ayingira oBusiraamu ateekwa okujituukiriza oluvannyuma n'akola emilimu emilala egy'oBusiraamu nga; okusaala, okusiiba, okuwaayo zaka. OBusiraamu ye ddini yokka Allâhu Ta'âlâ gyeyalagira abantu bonna bagobelere. Ababaka (banabbi) abasooka bonna baali basiraamu. Kale Omuntu atali Musiraamu bw'afa, Allâhu Ta'âlâ ajjakumubonereza, kubanga aba yamujeemera. Ate omuntu okuba n'elinya ly'abasiraamu tekimala, wabula Omusiraamu ateekwa okugobelera ebilagiro bya Allâhu Ta'âlâ byonna. Omusiraamu bw'amenya etteeka lya Allâhu Ta'âlâ lyonna, nateenenya, Allâhu Ta'âlâ

ajjakumubonereza kulunaku lw'enkomelero. Omusiraamu oteekwa okukola emilimu emirungi Allâhu Ta'âlâ gyeyalagira awamu n'omubakawe. Egimu ku milimu emirungi Omusiraamu gyateekwa okukola gyegino; okusinza Allah yekka nga tomugattikako, okusaala, okusiiba, okuwa zakat, okukola hijja ne Umra, okuyisa obulungi abazadde ababiri, okuyisa obulungi omukyaala, omwaami, abaana na'bengaanda, okusoma Qur'an, okutendereza Allâhu Ta'âlâ (okukola Adhikaar), n'emilimu emilala emirungi.

Bye tuteekwa okumanya nga tulya oba tunywa:

1– Bwe tulya oba bwe tunywa tukimanye nti Allâhu ta'ala, yageenda okutukkusa.

2– Tuteekwa okulya emmere oba eky'okunywa ekikkirizibwa (ekya halâl).

3– Bw'omala okulya oba okunywa, kozesa amanyi g'ofunye okusinza Allâhu ta'âlâ.

4– Omusiraamu oteekwa okumatira ekyo Allah kyakugabiridde (eky'okulya oba eky'okunywa).

Omusiraamu bw'amala okulya ateekwa okweebaza Allah n'okweeyisa obulungi eri ebitonde ebilala. Amaanyi ga'funa nga amaze okulya alina okugakozesa mu kusiinza Allâhu ta'âlâ. Era ayinza okugakoseza mu kuyamba ebitonde ebilala, omuli okuyamba abantu, ebinyonyi awamu n'ebisolo. Kiba kirungi okukozesa amaanyi ago mu kutendereza Allâhu ta'âlâ.

Byetusaana okukola mukulya(Mustahab):

Kiba kirungi Omusiraamu okukola ebintu bino bwaaba agenda okulya. Ebimu abikola yetegekera kulya, ebimu abikola nga alya, ate ebilala abikola amaze okulya.

1. **Okutuula**, Omusiraamu nga tannalya kirungi okufuna watuula. Ayinza okutuula wansi ku mukeeka, oba okutuula waggulu ku ntebe, emmere netekeebwa ku mmeeza. Bwaaba atudde wansi kirungi okutuula obulungi, atuulira ku bigere so si kubigolola nabbitunuza mu mmere.

2. **Okunaaba mu ngalo**, nakyo kyamugaso nyo eri Omusiraamu yenna agenda okulya. Topapira mmere, wabula sooka onaabe mu ngalo oluvunyuma olye. Bw'onaaba mungalo, kiba kirungi n'oyisaako amazzi mu kamwa nga tonnalya.

3. **Basmala**, (kirungi okusoma bwaati, "Bismillah-ar-Rahmân-ar- Rahîm,"). Basmala ogisoma nga tonnatandika kulya. Wabula bw'oba welabidde okugisoma nojjukira nga okyaalya, osoma

bw'oti **"Bismillah Awwalihi wa Akhirih"** ogenda mu maaso n'okulya. Bw'omala okulya ate osoma dduwa endala egamba bw'eti **"Alhamdullillah ladhi atwa'amani haza wa razaqanihi min ghairi hawuli minni wala Quwati"**

4. **Okulya emmere ekulilaanye**; bwooba olya awamu n'abantu abalala kirungi olye emmere ekuli okumpi. Tojja mmere mu maaso ga muntu mulala gw'olya naye ku saniya oba ku lujjuliro.

5. **Obutavubiika**; bw'oba olya teeka emmere ntono tono mu kamwaako, so sikujjuza mumwa.

6. **Todibuuda**; beera n'emmere ntono tono jonomalawo; toleka mmere ku sowani.

Ebyetamwa mu kulya (Makrûh)

Kiba kikyaamu omuntu okukozesa omukono ogwa kkono ng'alya; Kikyaamu okussiza mu mmere gy'olya omukka oba okugifuwaamu omukka; kikyaamu omuntu obutasoma Basmala ng'alya; [bwaaba yerabidde ateekwa okugisoma bwajukkira nga aky'alya, agamba; Bismillah awalihi wa akhirih.]

Ebikolwa ebitakkirizibwa nga tulya (Ebikolwa ebya Harâm mu kulya):

1. **Okw'onoona emmere**; tekikkirizibwa muntu kwonoona mmere, si kirungi muntu kuleka mmere ku sowani oba okuyiwa emmere, kubanga mu bitundu jetubeera abetaavu b'emmere bangi nyo.

2. **Okuliira ku mukkuto**; omuntu bw'okutta kirungi olekere okulya. Tekikkirizibwa kulya buli kikuyita mu maaso. Olina okulya emmere eyekigero esaana.

3. **Okubba emmere**; omuntu takkirizibwa kulya mmere etali yiye. Bwoyagala emmere y'omuntu omulala kirungi n'osaba. Okubba okwa buli ngeri yonna, tekukkirizibwa mu Busiraamu (kuli haram).

4. **Okulya ebintu ebyaziyizibwa mu Busiraamu**; Omusiraamu takkirizibwa kulya kintu kyonna Allah kyeyaziza abaddu be. Okugeza Omusiraamu takkirizibwa kulya mbizzi, kunywa mwenge, ebisolo ebimu awamu n'ebinyonyi ebilala nabyo tebikkirizibwa. Ebikolwa byonna Allah byeyaziyiza bya bulabe nyo eri obulamu bw'omuntu.

5. **Okulya emmere y'omukolo nga tebakuyise**; Omusiraamu takkirizibwa kulya mmere ya mukolo nga tebamuyise. Omusiraamu oteekwa okugenda ku mukolo nga oyitiddwa oba omukolo ogwa awaka, naye si kugenda ku buli mukolo gw'olaba.

Obubi bw'emmere eyokya;

Omusiraamu ateekwa okweewala emmere eyokya kubanga yabulabe nyo eri obulamu bwe. Emmere eyokya ekosa ebintundu by'omubiri, nga amatu, emimwa, mu maaso (feesi), olulimi, eyonoona amanyo, ekosa obwoongo, omuntu taba nabwagazi bwa kulya mmere (apetayiti). Omuntu alya emmere eyokya taba nabutebenkevu mu bintu by'akola, era afuna wasiwasi mu mutima gwe.

Obulungi bw'okulya emmere entono

Nga bwatwakirabye, Omusiraamu asaana okulya emmere ntono emumala yokka, so si kudibuuda n'okulya buli kyonna kyafuna. Ebimu ku birungi by'okulya emmere entono, obubiri gw'omuntu guba mugumu. Takwatibwa ndwadde eziva ku by'okulya. Omusayi gutambula bulungi mu mubiri. Tafuna buzibu mu kujjukira, obwongo buba bukola bulungi. Kikuyambako okukozesa ssente ne mmere entono tono n'okweterekera ebiba bisigaddewo. Omuntu bw'alya emmere ento omutima gwe gutebenkera.

Omuntu bw'akkiriza oBusiraamu;
Ateekwa okusaala eswala ettano eza buli lunaku.

Ku lunaku lw'enkomelero swala ejjakubalibwa ku buli mwan'adamu
Tolagajjalira swalat, wesibire entanda nga okyaali mulamu!

OBUFUMBO/OKUWASA N'OKUFUMBIRWA MU BUSIRAAMU

Obufumbo limu ku mateeka g'oBusiraamu. Mu Busiraamu omusajja y'awasa omukazi. Obufumbo nga tebunabera wo, omusajja agenda okuwasa ateekwa okubeera n'obusobozi. Obusobozi omusajja Omusiraamu bwateekwa okuba nabwo nga agenda okuwasa bwe buno; amanyi ge kisajja, okulabilira mukyaala we, okumuliisa, okumusuza, okumwambaza, okumujjanjaba n'okumubudaabuda. Omusajja Omusiraamu nga mwaavu bw'aba agenda okuwasa tukkirizibwa okumusondera ssente n'ebirabo.

Omusajja Omusiraamu akkirizibwa okuwasa omukyaala omugagga amusinga ssente oba eby'obugagga. Naye nga bweliri etteeka mu kuwasa kw'oBusiraamu, omusajja nebw'aba mwaavu ateekwa okuwa mukyaala we amahare. Omukazi bweyegomba omusajja, waddeembe okumusaba amuwase. Wabula omukazi takkirizibwa kwefumbiza, ateekwa okugabwa n'omuntu

amuvunanyizibwaako era bba amuwasa ateekwa okumuwa amahare. Omukazi omugagga aba awasiddwa ateekwa okweyisa nga omukazi omulala atali mugagga. Abafumbo ababiri omwaami n'omukyaala bateekwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaabwe. Omwami ateekwa okuwa mukyaala we ebimuvunanyizibwaako byonna nga okumulabilira, okumuliisa obulungi, okumwagala (lavu) nebilala. N'omukyaala naye ateekwa okokolera bba ebibeesawo obufumbo.

Emigaso gy'obufumbo

Obufumbo ngabo ya bukkiriza. Omuntu bw'awasa, kimuyamba okukuma obukkiriza bwe natakola bintu bimenya mateeka ga Busiraamu nga okwenda, gomola, oba okusiyaga.

Empisa ennungi; obufumbo buviirako abafumbo ababiri okuba n'empisa ennungi nga okuyambagana, obuguminkiriza, obuyonjo n'ebilala.

Emikisa mu by'enfuna; obufumbo buvaako Allah okuteeka emikisa (Baraka) mu maali y'omuntu. Allah agaziya rizik (maali) y'omufumbo era n'ebeeramu emikisa.

Okutuukiriza enkola y'oBusiraamu; Omusiraamu bw'awasa afuna empeera kuba aba atuukirizza enkola y'oBusiraamu. Ow'ekitibwa nabbi Muhammad 'sall- Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yagamba; **"Muwase abawala abato embeerera era abazaala. Mazima ekibiina kyaange kijja kuba n'abantu bangi ku lunaku lw'enkomelero."**

Omusajja Omusiraamu yenna asuubira okuwasa alina kunoonya muwala Musiraamu eranga mulongoofu (sâliha). N'omuwala ayagala okufumbirwa alina okukkiriza omusajja omulongoofu omunyweevu mu ddini y'oBusiraamu. Omusiraamu yenna takkirizibwa kuwasa oba kuwasibwa na muntu waluganda lwe (mahram). Okugeza omusajja takkirizibwa kuwasa mwana we, mwanyina, ssengaawe, n'abengandaze abalala. Omukazi naye takkirizibwa kufumbirwa mutabanyi we, taata we, mwanyina, n'abasajja abalala abenganda gyaali. Omusajja Omusiraamu waddembe okuwasa omuwala omuto atafumbirwangako era atazaalangako oba ayinza okuwasa omukazi eyafumbirwaako era eyazaalako. OBusiraamu buwa eddembe abakazi nabo okuwasibwa n'abavubuka mbula kalevu abatawasaangako oba okufumbirwa omusajji omukulu eyawasaako era alina n'abaana. OBusiraamu bukkiriza omusajja okuwasa mpaka ku bakyala bana omulundi ogumu, naye omukyaala ye akkirizibwa kubeera n'amusajja omu mpaka bwafuna talaka nalyooka awasibwa n'omulala.

Omusajja bw'aba agenda okuwasa alina ebitendo byateekwa okutunuulira mu muwala gwagenda okuwasa. Ow'ekitibwa nabbi Muhammad 'sall- Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yagamba; **"Omuwala awasibwa kulw'ebitendo bina; kulw'obulungi bwe (jamaliha), kulw'eddini, kulw'obugagga, oba kulw'ekitibwa kye, wabula mwekwate kw'oyo oweddini ebisigadde bijjakuteleera."** Omusajja bw'aba awasa essira alina kuliteeka ku ddini okusingako ensoonga endala yonna. Towasa muwala kuba mugagga nyo, kubanga obugagga buggwaawo n'obulungi bw'olususu nabwo buggwaawo eddini yo esigalawo. Eddini bw'ebeera mu mutima gw'omuntu, abeera mulungi nyo okusinga omuntu omugagga oba omuntu alabika obulungi. Ate ebintu ebisatu bwebyegatta mu muntu omu, nabeera waddini, mulungi, era nga mugagga kyekisingira ddala obulungi. Omuwala agenda okufumbirwa naye waddembe okwesalirawo ekika ky'omusajja gwa genda naye. Omusajja ateekwa okuba nga Musiraamu ateeka ebilagiro by'oBusiraamu mu nkola, alabika bulungi era nga alinawo ekibesaawo amaka gaabwe.

Obufumbo bwebuzimbibwa ku musingi gw'eddini, Allah abuteekamu emikisa, era agaziya enfuna y'abafumbo abo ababiri. Ate obufumbo bwebuzimbibwa ku musingi gw'obwagazi bw'ensi Allah tabutekamu mikisa. Kirungi okukulembeza Allah (katonda) mu bufumbo bwaffe era ne mu byetukola byonna, kubanga Allah ye nanyini buyinza obw'enkomeredde ku buli kintu.

Kiba kirungi omwaami okubeera ko waggulu ku mukyaala we mu myaaka, ekitiibwa, enfuna n'emilimu gyaakola. Naye si kirungi muwala muto ow'emyaaka (18 mpaka 30) kufumbira musajja mukulu nyo mu myaaka, assuka emyaaka enkaaga (60). Enjawulo ennene mu myaaka gy'abafumbo eyinza okuvaako ebboogo n'ebikemo mu bufumbo. Omuwala Omusiraamu kirungi okusanyusa bba; ateekwa okuba n'empisa ennungi, okumubudaabuda; okwenyiriza n'okweyonja; okweewala ebintu ebyaziyizibwa (harâm), era ateekwa okumusikiriza mu mukwano.

OBusiraamu bukubiriza nyo, abantu nga tebanneewasa kirungi nyo okunoonyereza ku njuyi zombiliri. Okugeza, abazadde b'omuwala bateekwa okunoonyereza ebikwaata ku mulenzi agenda okuwasa muwala waabwe. Bateekwa okumanya ebimukwaatako, nga; eddiini ye, eneeyisa, emilimu gy'akola, wa jaava (famile ye), obuyigirize n'ebilala. Ab'oludda lw'omuvubuka nabo bateekwa okunoonyereza ebikwaata ku muwala agenda okuwasibwa. Balina okumany ekika ky'omuwala, empisa ze, eddiini, obuyigirize, emyaaka, n'embeera ze endala. Okunonyereza kuno, kuba kwa mugaso nyo, kubanga kubeerawo

nga tebannabagatta mu bufumbo (nikâh nga tennakolebwa). Okunoonyereza okwo kwongera okukakasa oba omuntu gw'ogenda okuwasa oba okufimbirwa mutuufu oba nedda, ne kutaasa n'ebizibu ebiyinza okugwaawo mu bufumbo bwaabe.

Okuwasa mu Busiraamu kubeera kutufu oluvannyuma lw'okugattibwa kw'abafumbo ababiri (okuwowa oba nikâh) omuwala n'omulenzi oba omusajja n'omukazi. Okugatta abafumbo (nikâh) kulina obulombolombo.

Akasooka, omuwala awasibwa alina okubeera n'omuntu amugaba (ayinza okuba taata we, oba mwanyina, kojja we,, oba omusajja omulala ow'oluganda lwe). Omukazi yenna takkirizibwa kufumbiza muwala (nga maama w'omuwala, ssenga, oba muganda we, muwala we oba omukazi omulala) bonna tebakkirizibwa kufumbiza muwala.

Akalombolombo **ak'okubiri**, okuwaayo amahare. Omusajja awasa ateekwa okuwa omuwala gw'awasa amahare; ziyinza okuba ssente oba ekintu ekikalu nga mmtotoka, puloti, enyumba, n'ebilala.

Eky'**okusatu**; omujulizi, mukugatta walina okubaawo omujulizi nga musajja. Omuwalimu oba sheikh ayinza okuwoowa abafumbo (okusiba nikâh) mu maka ga taata w'omuwala oba mu muzigiti. Tekikkirizibwa (kiri haraamu), omusajja n'omukazi okwegatta mu bikolwa by'obufumbo (okwebaka awamu mubuliri) nga tebabawooye (tebasibye nikâh). Omuntu yenna akikola afuna omusango mu maaso ga Allah, era aja kubonerezebwa.

Kya munkola ya Busiraamu (kiri Sunnat) okutwaala ebirabo mu maka g'omuwala gw'owasa. Okusinziira ku busobozi bw'omuntu awasa, ayinza okutwaala, omutwaalo, ente, embuzi, amatooke sukaali, omunyo, enyama, omuceera, engoye, butto, amafuta, sabuni, ebilabo by'omugole, enkoko, n'ebilabo ebilala by'asobola. Wabula si nkola ya Busiraamu okukaluubiriza omuntu awasa, taata w'omuwala si kirungi kumusaba by'abugagga biyitiridde nga wesasuza byewateeka mu muwala wo nga; okumusomesa, engoye zewamugulira, ebikopo byeyamenya, n'ebilala. Tulina okumanya, nti obufumbo kuba kuyunga luganda lwa Busiraamu, so si kubonereza.

Ku lunaku lw'okuwasa, kiba kirungi omugole omukyaala neyenyiriza bulungi. Okwemyuula, okukozesa hinna, okwambala engoye ez'omuwendo, n'okulabika obulungi eri omugola omusajja. Nga ojjeeko ebibatu ne mu maaso (fesi), omugole omukazi takkirizibwa kwoolesa mubiri gwe eri muntu mulala yenna okujjako nga ali munju n'abo abamukolako nga ssenga we,

omusibi wa kadaali, oba eri omugole omusajja nga bamaze okubawoowa. Alina okwambala engoye ezibikka omubiri gwe bulungi, era ateekwa okubikka omutwe gwonna obutayolesa nviiri.

Nkola ya Busiraamu (kiri sunnat) okuliisa abantu abankungaanye ku mukolo gw'okuwasa. Abengaanda n'abemikwaano ababa bazze ku mukolo gwaffe tuteekwa okubawa emmere. Kino kiweesa omukolo ekitiibwa era ne nanyini mmere Allah amuwa empeera ez'okuliisa. Bwooba tolina busobozi bwa mmere waakiri obawa eky'okunywa, nga chai, obutunda, oba amazzi.

Omugole omusajja bw'akomawo ewaka we ne mukyaala we nga bamaze okubawoowa, kiba kirungi kunaaba omubiri gwonna (ghusul) oba okufuna wudhu ne basaala swalat eza farz ne sunnat oluvannyuma nebeesabira dduwa. Eri emu ku mpisa z'oBusiraamu okuyozaayoza Musiraamu munno nga awasizza. Eno y'edduwa gyetusomera muganda waffe Omusiraamu nga awasizza. Egamba bweeti; **"Bârakallâhu laka wa bârakallâhu 'alaihâ wa jama'a baynikumâ bi-l-khayri,"** amakulu gaayo "Allâhu Ta'âlâ akuteere omukisa mu mukyaala wo, era Allâhu Ta'âlâ awe mukyaala wo omukisa, era Allâhu Ta'âlâ ateeke obulungi wakati wammwe (abagatte mu bulungi)". Kirungi okusanyukirako muganda waffe Omusiraamu atuuse ku sanyu ly'obufumbo.

Omusajja yenna bw'awasa abeera n'obuvunaanyizibwa eri mukyaala we. Nga ogyeeko obuvunanyizibwa bw'okumulabilira, ateekwa okumuyigiriza eddini y'oBusiraamu. Buvunanyizibwa bw'abafumbo bombiliri, okulabilira abaana bwaabwe ne babakuliza ku misingi gy'oBusiraamu. Omusajja ateekwa okuyigiriza ab'omumakaage Allah byeyakkiriza (halal), byeyalagira (farz) ne byeyagaana (haram). Ku lunaku lw'enkomelero, omusajja alibuzibwa ku b'omukaage omuli omukyaala n'abaana be. Buli musajja yenna ateekwa okukola ky'sobola okulagira empisa ennungi n'okuziyiza ebikolwa ebibi mu maka. Omukyaala awaka naye alina obuvunanyizibwa obw'okulabilira awaka n'obuvunanyizibwa bw'abaana. Ateekwa okubakuliza ku nkola y'oBusiraamu, nga ba mpisa, basaala, basiiba, era nga bagobelera enkola y'oBusiraamu entuufu.

Omusajja ateekwa okulabilira mukyaala we bulungi. Omusajja takkiriza mukyaala we kugeenda mu bifo ebitakkirizibwa mu Busiraamu, nga okugenda mu baala, mu disiko, oba ebifo ebilala ebiri haram. Omusajja takkiriza mukyaala we kufuluma mu nju nga teyebikkiridde. Era buvunanyizibwa bwa mukyaala naye

okugondera amateeka g'oBusiraamu buli kiseera kyonna. Omukyaala alina okumanya ntino, buli mulimu mulungi gwaakola Allh Amusasulamu empeera ate ekibi kyonna ajjakobonerezebwa.

Nabbi Muhammad 'sall- Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yagamba; **"Abantu abaali abaavu ku nsi be bajja okuyingira enyo mu jjana; ate abakyaala be bajja okuyingira enyo mu muliro (jahannama)"** Aisha 'radiy-Allâhu 'anhâ' yamubuza, nsoonga ki ezijja okuvaako abakyaala okuyingira enyo mu muliro (jahannama)? Rasûl-i-ekrem 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam, yaddamu bwaati: **"Abakyaala bwebafuna obuzibu bwonna tebagumikkiriza. Omuntu omulungi gyebali bw'abakolera ebirungi kkumi oluvannyuma n'akola ekibi kimu berabira ebirungi byeyakola ne beyisa bubi nyo. Buli kiseera banyumya bumogo bwa basajja bwokka, tebajjukira birungi. Era abakyaala baagala nyo okweewunda kw'ensi era tebakolerera nyo nkomelero. Abakyaala bageya nyo abantu abalala."** Abantu abalina emize egyo, mu bakyaala n'abaami bajjakuyingira mu muliro jahannama.

Omukyaala Omusiraamu alina obuvunanyizibwa bungi eri bba. Ebintu ebimu bya teekwa okukola ku lwa bba byeebino: omukyaala Omusiraamu tanyiiza bba. Takkirizibwa kukoseza bigambo bibi binyiiza mwaagalwa we. Omukyaala omsuiraamu takkirizibwa kuva waka nga tafunye lukusa lwa bba, era bwakikola guba musaango mu maaso ga Allah. Omukyaala Omusiraamu ateekwa okulabilira emaali oba eby'obugagga bya bba byonna. Takkirizibwa kugaba kintu kya mwami we nga tafunye lukusa kuva gyaali. Omukyaala Omusiraamu ateekwa okugobelera ebilagiro by'omwami we bwebiba tebikontana na mateeka ga Busiraamu. Omukyaala Omusiraamu ateekwa okulabilira amaka g'omusajja, abaana, abagenyi, n'ebintu ebilala ebibeera awaka. Omukyaala Omusiraamu takkirizibwa kuchaaza basajja abatali baganda be mu maka ga bba nga tafunye lukusa.

Rasûl-i-ekrem 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yagamba muwala we: **"Owange ggwe Fâtima! Singa Allâhu ta'âlâ yakkiriza omuntu yenna okuvunnamira muntu munne, nandilagidde abakyaala ne bavunnamira abaami baabwe."** Hadith eno, era eyongera okulaga obukulu bw'omwaami eri mukyaala we, era n'ekitiibwa omukyaala ky'asaana okuwa omwaami we. Omukyaala ateekwa okuwa bba ekitiibwa ekimala. Alina okuba omuwulize, mukwaata mpola, mwesimbu eri bba era nga muntu mulamu. Kubanga obufumbo liba sanyu na kusanyuka kw'abafumbo ababiri omwaami ne mukyaala we, so si kkomera oba kutulugunyizibwa kw'omu ku bbo.

Obufumbo bulina emigaso mingi eri abafumbo bombiliri, eri omukyaala n'omwami. Omukazi bw'afumbirwa omusajja Omusiraamu afuna empeera ewa Allahu Ta'ala. Abafumbo bwebesanyusa bafuna empeera ewa Allahu Ta'ala. Omukyaala bw'alabilira bba, okugeza okumuwa emmere oba eky'okunywa kyonna, n'okukuuma emmaali ye, afuna empeera. Omusajja bw'afuna omukyaala omulongoofu, aba afunye ekyengera ekisinga obukulu kuno ku nsi. Omwaami bw'alabilira mukyaala we oba abaana okugeza, okubagulira emmere oba engoye, oba obujjanjabi, naye afuna empeera. Wabula omukyaala afuna omusaango bw'ajeemera ebiragiro by'Allah ne eby'omwami we. Okugeza omukyaala bw'ava awaka nga tafunye lukusa lwa bba, okufuluma awaka nga teyebisse, okumma bba akabozi ke kikulu awatali nsoonga, okukumpanya maali ya bba, ebyo byonna afuna omusaango.

OBusiraamu tebukkiriza musajja kutulugunya oba okubonereza mukyaala we, bwewabeerawo obutategeeragana bwonna, kirungi ne muyita abengaanda balongoose wakati wammwe. Omusajja takkirizibwa kulwaana oba kukuba mukyaala we, takkirizibwa ku mukubisa kibooko, oba omukuba ekikonde, oluyi, wadde okumusamba tteke. Bwewabeerawo ensobi yonna gy'akoze, tumugambako (tumubulilira). Ensoonga ezikkirizisa okukuba omukyaala nga tukozesa akatambala ak'omungalo, ze zino; Omukyaala bw'agaana okusaala, oba okunaaba (ghusl), bw'agaana okweebaka ne bba (okumumma omukwano/akabozi), oba okutambula n'ava awaka nga tafunye lukusa. Etali emu kw'ezo ensoonga, tokkirizibwa kukuba mukyaala wo, kubanga okumukuba kiwebuula ekitibwa ky'obufumbo bwammwe.

Ebiseera ebisinga ezimu ku mpisa embi mu bakyala, abaami baabwe bebazireeta. Omukyaala bwatandiika okweyisa obubi omwami alina okwetunulamu, alabe oba naye eneyisa ye nnungi. Nabwekityo kuludda lw'abakyaala. Omwaami wo bwatandiika okweyisa obubi, naawe olina okwetunuulira, kubanga oyinza okuba ggw'ensoonga yeekyo. So senga omwaami aba mulungi n'omukyaala naye abeera mulungi. Kale tulwaanyise nyo emitima gyaffe, tubeere n'empisa ennungi eri ab'omumaka gaffe n'abantu abalala.

OBusiraamu bwakkiriza omusajja okuwasa abakyaala abassuka kw'omu, wabula akakwakkulizo kali nti oteekwa okuba omwenkanyankanya wakati wa bakyaala abassuka kw'omu. Si tteeka oba si musango omusajja obutawasa bakyaala bangi. Omusajja bwaatya okwenkanya wakati wa bakyala be oba nga talina busobozi bumala, kiba kirungi nyo nawasa omukyaala omu

yekka. Omusajja bw'awasa abeera yettiise obuvunaanyizibwa obw'okulabilira omukyaala gw'awasizza awamu n'abaana bebanazaala. Omusajja bw'atabilira baana be oba mukyaala we n'abaleka ttayo, afuna omusaango.

Qur'an eziyiza omusajja omwononefu okuwasa omukyaala omulongoofu, era n'omukyaala omwononefu tawasibwa na musajja mulongoofu. Bwetuba tuwasa tuteekwa okunoonya abantu abalongoofu mu basiraamu. Kubanga omusajja Omusiraamu omulongoofu bw'awasa omukyaala atali Musiraamu, ayinza okubuza abaana nabo nebataba basiraamu. Kulw'ensoonga eyo, Omusiraamu ateekwa kuwasibwa na Musiraamu munne. Taata takkirizibwa kugaba muwala we namufumbiza omusajja atali Musiraamu (omukaafiiri). Bawala baffe tubagabire abasajja wadde nga baavu naye nga basiraamu era nga balongoofu, Allah ajja kubagaggawaza. Omusajja omukaafiiri bw'awasa omuwala Omusiraamu, kifaanana nga embuzi eyegasse n'embizzi, embuzi bwezaala, ezaala akabizzi akayana. Oluvannyuma embuzi nebeera maama wa kabizzi akato; kiba kibi nyo ddala, era tweewale okuwa abakaafiiri bawala baffe ne banyinna ffe abasiraamu, kubanga ekibiina kya nabbi Muhammada sallah llah alaihi wa ssalaama, kijja kuggwaawo.

Omusajja Omusiraamu bwamala okuwoowebwa ne mukyaala we (nga nikâh ewedde), kiba kimukakatako (kiba farz) okulaabilira mukyaala we. Okulabilira omukyaala (Nafaqa) kulimu ebintu bingi. Okulabilira mulimu; okumusanyusa mu mbeera y'abafumbo; okumugulira emmere (okumuliisa), okumusuza; okumugulira engoye (okumwambaza); n'okumujjanjaba. Omusajja ayinza okupangisa enyumba oba omuzigo, n'abeeramu ne mukyaala we. Bwaaba n'obusobozi nga yazimba, aba amusuza mu nyumba ye eya bwananyini etali yakupangisa. Awaka abafumbo abo ababiri bavunaanyizibwa ku maka gaabwe we babeera. Wabula omukazi takkirizibwa kukyaaza bagenyi basajja ewaka nga bba takimanyi. Kiba kirungi Omusiraamu okuba n'emiliraano egy'abasiraamu era okuba okumpi n'omuzigiti. Omukyaala takkirizibwa kuva waka nga tafunye lukusa okuva y'omwami we. Omusajja ateekwa okukkiriza mukyaala we okulambula bazadde be ekiseera kyonna wayagalira. Abazedde b'omukyaala nabo bakkirizibwa okukyaalira muwala waabwe ekiseera kyonna awatali kakwakkulizo konna. Omukyaala bwabeera ewaka kirungi n'akola emilimu gy'awaka, natatuula butuuzi.

Omusajja takkirizbwa kuwasa bakyaala baluganda lwe **"mahram"** okugeza maama, jajja omukazi, muwala we, mwanyina,

maama wa mukyaala we, senga we, muwala wa mutabani, n'abalala. Omukaza naye takkirizibwa kufumbirwa baluganda lwe **"mahram"** okugeza; omukazi yenna takkirizibwa kufumbirwa taata we, tafumbirwa mutabanyi we, mwanyina, jajja we omusajja azaala maama oba taata we, bazzukulu be abalenzi (batabanyi ba muwala oba mutabanyi we), tafumbirwa batabanyi ba muganda we, kojja we awamu ne baganda ba taata we (taata omuto), tafumbirwa taata wa bba, mutabanyi wa bba we, n'abalala. Okuzira okuberawo kulw'okuwasa era kwekubeerawo ne kulw'onkuyonsa. Omuntu yenna takkirizibwa kuwasa muwala gwe yayonka naye ku bbere erimu, ne bwaaba nga maama wo si yamuzaala wabula nga yamuyonsa.

OBusiraamu bukubiriza nyo abakyaala okubeera awaka. Era kiba kirungi omukyaala ayagala okukola n'afuna kyeyekozesa mu makaage okusingako okugenda mu bifo byo lukale. Emilimu mingi omukyaala Omusiraamu gy'asobola okukolera ewaka. Okugeza, omukyaala ayinza okutunga ekyalaani, okutunga ebitambaala, okulunda enkoko, ente oba embuzi z'omukiyumba, okulima enva, okusiba bbaasa ne paketi, okufumba emigaati egy'enjawulo nga keeki, amandaazi, sumbuusa, okukole edduuka waka, emilimu egy'awaka emilala mingi nyo okusinziira ku kintundu gy'obeera. Omukyaala bw'akolera awaka kimuyamba okulabilira amakaage bulungi, okukuza abaana ku musingi gw'oBusiraamu era nga balina empiisa, okulabilira omwami we obulungi, n'okweewala ebizibu ebiyinza okuva ku bakozi b'awaka (yaaya). Bawala baffe abakyaali abato, kirungi okubayigiriza emilimu gy'awaka, nga okufumba, okwooza engoye, n'amasowaani, okusimuula enju, okwaniriza n'okunyumya n'abagenyi, okwaala obuliri, n'ebilala.

Abasiraamu tuteekwa okugobelera enjigiriza z'oBusiraamu. Omwami avunaanyizibwa okuyigiriza mukyaala we n'abaana be eddini y'oBusiraamu. Omusajja bwaaba tamanyi bulungi Busiraamu, akkirizibwa okusindika mukyaala we mu darasa ya ba sheikh abeesigwa. Era omusajja Omusiraamu kiba kirungi okufuna omuwalimu n'okugula ebitabo by'oBusiraamu nebabisoma awaka ne famile ye yonna, omwami, mukyaala we n'abaana, mu darasa y'omuwalimu awaka. Kikakata ku buli muzadde Omusiraamu okutwaala abaana be mu masomero agayigiriza eddiini n'emisomo emilala egy'amagezi g'ensi nga, okubala, oluzuungu, ebyobusubuzi, eby'obulamu, obusawo, n'ebilala.

OKUNAAZA, OKUZIINGA N'OKUZIIKA OMUFU (TAJHÎZ, TAKFÎN, wa TADFÎN JANÂZA)

Abasiraamu bonna bavunanyizibwaako (kiri farz) okunaaza, okuziinga, okusaalira n'okuziika Omusiraamu yenna aba afudde. Kikkirizibwa abamu ku basiraamu, okukola ku mufu byonna ebyetaagisa ku lwa abalala abatasobodde.

Bwetuba tunaaza omufu, tumwebasiza ku mugongo, tuyinza okumuteeka waggulu ku migogo oba ku mbaawo. Bwetuba tunaaza omufu tumubikkako olugoye obutalaba bitundu bya mubiri gwe. Omuntu aba ageenda okunaaza omufu kiba kirungi okwambala gilavu mu ngalo ze. Omufu anaazibwa yenna okuva ku mutwe mpaka wansi ku bigere. Olunazibwa lw'anaazibwa luba lwa kumufunisa wudhu. Tusooka kunaaza kitundu ekya waggulu (okuva ku mutwe mpaka mu kiwato) olwavuma ne tukka mpaka ku bigere. Mu kunaaza tusooka ludda lwa ddyo ne tudda ku kkono. Abanaaza balina okusukka kw'omu, kubanga omu aba ayiwilira amazzi, ate omulala bw'anaaza. Tukozesa amazzi amayonjo, ne ssabuuni.

Omusajja azingibwa mu ssaanda ssatu (3) ate omukazi ye tumuteeka mu ssaanda taano (5). Bwetumala okumuziinga mu ssaanda, tuzifiwira obuwoowo (parfumu).

Omufu bwetumala okumuteeka mu ssaanda tumusaalira. Omukulembeze w'abasiraamu (Khatîb oba imâm) ow'ekintundu omufu wabadde awangalira, yakulembera swalat janâza. Imâm nga tannasaaza swalat janâza ateekwa okumanya ebikwaata ku mufu gwe bagenda okusalira. Okugeza, ateekwa okumanya omufu abadde mukazi oba musajja, obuwangaazi bwe, abadde amutwaala, amudidde mu bigere (omusika we), amabaanja n'ebilala.

Omuntu bwaagwa ku kabeenje, omubiri gwe negwetemamu ebitundu, ebissukka ku kimu, ebitundu ebyo tubisolooza, oluvannyuma biteekebwa wamu mu ssaanda ne tubisaalira swalat janâza oluvannyuma netubiziika.

Abantu abasukka kw'omu, bwebafiira mu kabeenje nga bonna ba mu nju emu, buli omu akolwaako yekka. Buli omu tumunaaza, ne tumuziinga mu ssaanda, ne tumusaalira era ne tumuziika yekka mu ntaana ye. Tetukkirizibwa kubasaalira lumu swalat janâza wadde okubaziika mu ntaana emu.

Omufu yenna bwetumala okumasaalira swalat janâza tumuziika mu ntaana, enju ye ey'olubelera. Abakyaala abasiraamu

bakkirizibwa okusaalira omufu swalat janâza, naye tebakkirizibwa kugenda ku ntaana wetuziika.

Bwetumala okuziika, kitukakatako abasiraamu okusigala nga tusabira omuntu waffe gwetuziise. Okusaba omuntu oyinza okukikola wekka, oba muyinza okutuula awamu nemusaba nga muli bangi. Naye si tteeka, okuyita omuwalimu n'okufumba omuceere ku dduwa. Okwaabya olumbe tekukkirizibwa mu Busiraamu. Bwetumala okuziika, buli omu kirungi okudda ewaka we, naye asigala asabira omugeenzi azikiddwa.

Enkizo z'Omusiraamu omutuufu (Ahl Sunnî) agobelera enkola ya nabbi Muhammad Ssall-Allâhu 'alaihi wa sallam':

1. Buli lunaku ageenda ku muzigiti okusaala eswala ettano mu jamâ'at (mukibiinja).

2. Agobelera omukulembeze waabwe ow'oBusiraamu (imam)

3. Abeera muyonjo

4. Awa ekitiibwa era n'agulumiza ba ashâb-i-kirâm 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în'

5. Tayeekera nsi ye, wabula agobelera abakulembeze b'ensi n'amateeka agafuga ensi mw'awangalira.

6. Tazanyira mu nsoonga za ddini wadde ozzikeeyaniramu.

7. Tagobelera bintu oBusiraamu bwebyagaana. Nga okukola eddogo, okubba, okwenda, okujeemera abazedde ababiri, okulya enguzi, okulya emaali ya bamulekwa, n'ebilala.

8. Omusiraamu omulungi, akkiriza nti buli kimu ekibi n'ekirungi biva wa Allâhu ta'âlâ. Okugeza bw'afuna ekirungi nga obugagga alina okukkiriza ntino Allah y'amuwadde, era bw'afuna obuzibu nga obulwadde, ateekwa okkakasa ntino Allah y'amulwazziza.

9. Takaafuwaza basiraamu banne. Okugeza Omusiraamu omulungi bw'alaba Musiraamu munne nga akoze ensobi, amubuulira so si kumuyita mukaafiiri.

10. Omusiraamu omutuufu, akkiriza mu bukulembeze bwa ba Khalîfa abana (4)

Hadrat Abû Bakr, Hadrat 'Umar and Hadrat Uthmân , awamu ne Hadrat Alî 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în'

EMBEERA Y'OKUFA

Allâhu ta'âlâ yakola okufa n'obulamu. Wabula buli muntu afa mu ngerei ya njawulo okusinziira ku kugera kwa Allah. Abantu abamu Allah abagelera ne bafa bulwadde, abamu bubeenje,

abamu kuttibwa, oba okwetta, oba n'ensonga endala yonna evaako okufa. Omuntu nga akyaali mu lubuto lwa maama we, Allah amuwandiikako rizki ye bwenebeera, obuwangaazi bwe (ddi lwa naafa oba anawangaala bbanga ki ku nsi), n'emilimu gya nakola (anaaba mulongoofu oba mwononefu).

Omusiraamu yenna ateekwa okukkiriza ntino okufa jekuli era buli muntu yenna wakufa. Okufa tekuliiko myaka wadde ekitiibwa. Abaana abato bafa era n'abantu abakulu nabo bafa. Omuntu ow'ekitiibwa nga abakulembeze b'ensi bafa nga abantu babulijjo bwebafa.Omuntu nebwadduka okufa lazima (kyaddaaki) kumusanga. Buli muntu Allâhu ta'âlâ yamutekerawo olunaku lwaalifa (Ajali). Ekiseera ky'okufaakwe bwekituka Allâhu ta'âlâ amukowola, obuwangazi bwe ne buggwaawo.

Omwana adamu yenna ateekwa okwetegekera okufa, kubanga tewali amanyi ddi lwanafa.Wetegekere okufa nga okola emilimu emilungi egisanyusa Allâhu ta'âlâ, kubanga gy'ojja okubeera nagyo mpaka kulanaku lw'enkomeero. Eby'obugagga byo, abantu bo n'abekwano, tebayinza kkutasa bibonerezo bya Allâhu ta'âlâ. Nga tukyaali balamu tusabe nyo Allâhu ta'âlâ akkirize emilimu gyaffe era atusonyiwe nga tetunnafa.

Omuntu yenna tamanyi ddi lwaanafa, agenda kufiira wa, era agenda kuzikibwaa wa. Allâhu ta'âlâ yesigaliza ebyaama ebikwaata ku buli muntu, nga; obuwangaazi bwe n'engeri gyaanafa. Omuntu tayinza kufa okujjako nga ekiseera Allâhu ta'âlâ kyeyagera kituuse. Tulaba obubenje obubeerawo buli lunaku, ne tulaba entalo mu bifo eby'enjawulo, abantu abamu bafiiramu ate abamu bafuna ebisago nebatafa.

Omusiraamu yenna, takkirizibwa kukola kintu kimutta oba ekimalawo obulamu bwe. Okugeza, Omusiraamu takkirizibwa kweetuga, okunywa obutwa, okwesuula mu nyanja, okuva waggulu ku kizimbe n'ogwa wansi wette, okweekuba essasi, okwefumita ekiso, n'ebintu ebilala. Omusiraamu era takkirizibwa kweteeka mu kuzikilira.Okugeza, tokkirizibwa kugenda mu kifo kirimu balabe, oba ebisolo ebissi, oba awali emisota, n'ebilala. Omusiraamu bw'alwaala, ateekwa okwejjanjaba, bwaaba talina ssente, tulina okumuwa ssente n'agenda mu ddwaliro.

Buli muntu yenna wakufa. Allâhu ta'âlâ talindiriza kiseera kya kufa kwa muntu bwekiba kituuse. Allah atugamba mu Qur'an surat A'râf ayaat (33): **"....obudde bwaabwe obw'okufa bwebutuuka, tebwongerwaayo era tebusembezebwa wadde akatini."**

Allâhu ta'âlâ Amanyi obuwangaazi bwa buli kitonde kyonna

ku nsi ne mu ggulu. Okufa kw'omuntu bwekutuuka, Allâhu ta'âlâ alagira Malak-ul-mawt okumujjamu omwooyo n'afa. Allâhu ta'âlâ nanyini kututonda natuteeka ku nsi, ekiseera kyonna wayagalidde atujjawo. Allâhu ta'âlâ alina obuyinza bwonna obwenkomeredde, talina gweyebuzaako era akola kyonna kyayagala.

Omuntu yenna awangala ku nsi nga asinza Allâhu ta'âlâ era nga tamugattikako kintu kilala kyonna, bw'afa abeera mu kwesiima. Okufuna emirembe mu ntaana (kabur), tulina okwesigamira ku Allâhu ta'âlâ, tuteekwa okugobelera enjigiriza y'oBusiraamu, tukole ebyakkirizibwa era twewale ebyaziyizibwa byonna. Omuntu bw'afa emilimu gye gyonna jiggalwaawo. Kale okweewala ebibonerezo bya Allah, bwetukola ezzambi lyonna tulina okwenenya ewa Allâhu ta'âlâ okwenenya okwa namaddala (tawba-i-nasûh) nga tetunnafa.

Mu kiseera ky'okufa, omuntu atakkiriza Allâhu awulira obulumi bwa maanyi nga Malak-ul-mawt emujjamu omwooyo. Abaddu ba Allah abalungi abakkiriza, bbo tebawulira nyo bulumi kubanga, Allâhu subhânahu wa ta'âlâ alagira Malak-ul-mawt okubajjamu emyooyo mpola mpola.

Omuntu atali mu kkiriza (omukafiiri) alaajana nyo mu kiseera ky'okufa awamu n'ekyo, Allâhu ta'âlâ alagira Malak-ul-mawt okumujjamu omwooyo na maanyi era omuntu oyo alumizibwa nyo. Eyo eba ntandikwa ya bibonerezo bya muntu atakkiriza Allâhu eyali ku nsi nga ajeemera amateeka ga Allâhu ta'âlâ. Abantu abamu omuli abakaafiiri n'abannafuunsi, babeera ku nsi nga tebakkiriza mateeka ga Allâhu ta'âlâ, era banyooma amateeka g'oBusiraamu awamu n'obutamanya bulumi bwa kufa. Ekiseera ky'okufa bwekituuka Allâhu ta'âlâ, alagira malaika ze okubakwaata n'amaanyi n'okubabonereza. Okubonerezebwa kw'abakaafiiri, kutandiika mu kiseera ky'okufa, bwe babeera mu ntaana, era ne kulunaku lw'enkomelero bajja kubonerezebwa. Abakaafiiri abajemera amateeka ga Allâhu ta'âlâ, owekitiibwa Allâhu ta'âlâ Alibabuuza ku lunaku lw'enkomelero, lwaki muyingidde mu muliro jahannama; abaffe temwajjirwa babaka; baligamba, ababaka bajja naye twabalimbisa. Kale bwebatyo bwebajja okwewaako obujulizi era Allâhu ta'âlâ ababonereze mu muliro jahannama lubeelera.

Omuntu oteekwa okubeera n'ekisa eri ebitonde ebilala byonna era sanyukira ekyo Allâhu ta'âlâ kyeyakuwa. Bwooba n'obusobozi kirungi okuliisa bamiskîn n'okuyamba abetaavu. Omusiraamu bw'ofuna obuzibu bwonna oba ekirungi, manya ntino kivudde wa Allâhu ta'âlâ, olina okuguminkiriza mu mbeera yonna gy'olimu

ey'obulungi oba ey'obubi. Bw'olwala kimanye ntino Allâhu ta'âlâ yawonya. Abasawo bwekujjanjaba Allâhu ta'âlâ ayinza okuyisizaamu n'owona oba n'ofa, nga Ye Allâhu ta'âlâ bwaba ayagadde bwekibeera. Tewali muntu asobola kugula bulamu, kubanga Allâhu ta'âlâ Ya bugaba. Tulaba abantu abanaku abeteesobola, balwaala ne bakozesa eddagala tono, Allâhu ta'âlâ nabawonya. Era ne tulaba abagagga abalwaala nebabatwaala mu nsi z'ebweeru nga mu Buyindi, Amerika oba Bungereeza, abamu nebatwalibwa mu lwaaliro ag'amaanyi, naye nebatawona ku lw'obuyinza bwa Allâhu ta'âlâ. Kale tuteekwa okukakasa nti Allâhu ta'âlâ Y'awa obulamu era Y'atta. Eby'obugagga by'olina Allâhu ta'âlâ yabikusigira busigizi, ekiseera kyonna Wayagalidde bikuggwaako. Mu nsi tulabye abagagga bangi abaavuwadde ate ne tulaba abaavu abagaggawadde, bwonna buyinza bwa Allâhu ta'âlâ. Omuntu yenna alina okumanya nti eby'obugagga byonna by'olina Allâhu ta'âlâ ajja bbikubuzaako, waa gyewabigya era wabisasanya otya. Kale tubeere begendereza nyo ku nyingiza yaffe n'ensasaanya. Tweewale eby'enfuna ebya haram n'okukozesa maali yaffe mu makubo amakyaamu aga haram.

Abantu abamu beeyagala nyo nga Allâhu ta'âlâ abawadde ebyengera ebirungi nga obulamu, eby'obugagga, abaana, oba okuwasa. Wabula ate Allâhu ta'âlâ bwabagezesa n'ekibi kyonna nga okufiirwa, obwaavu, obulwadde, enjaala, obubeenje, n'ebilala, banyiigira Allâhu ta'âlâ nebeerabila nti okwo kugezesebwa kwa bukkiriza bwaabwe. Mu mbeera yonna ennungi n'embi tulina okukkiriza Allâhu ta'âlâ ky'aba atuwadde era tuteekwa okugumikkiriza enyo mu mbeera yonna. Allâhu ta'âlâ yasuubiza abantu abagumikkiriza empeera. Okugumikkiriza, waliwo okugumikkiriza ku birungi Allâhu ta'âlâ bya kuwadde, nosigala ng'omwesinza bulungi era n'obikozesa mu makubo amalungi Allâhu ta'âlâ geyakkiriza. N'okugumikkiriza ku bikemo Allâhu ta'âlâ byakutusizzaako, nga okulwaala, okufiirwa, obwaavu, n'ebilala n'omanya nti Allâhu ta'âlâ yabileese era yagenda okubimalawo.

Allâhu ta'âlâ talindiriza saawa y'akufa bweeba etuuse era teyogerwaayo. Wabula esaawa y'okufa bwetuuka abantu bbo baagala eyongezebweeyo. Essaawa y'okufa bwetuuka omuntu alaba ekkubo lyagendamu ejjana oba ely'omuliro jahannama. Emilimu emilungi gyewakola nga okyaali mulamu gyegikutaasa mu kiseera ky'okufa. Abaana baffe, bakyaala baffe, abantu baffe bonna awamu n'ebyobugagga byaffe tebiyinza kututaasa bibonerezo bya Allâhu ta'âlâ.

Essaawa y'okufa nzibu nyo. Malak-ul-mawt bwajja okujjamu omwoyo gw'omuntu atali mukkiriza (omukafiiri), omuntu oyo alajjana nyo. Aba yegomba obuwangazi bwe bwongezebweeyo, asobole okwenenya, okusinza Allâhu ta'âlâ, agabilire abanaku, asaale esswala era abeere mu bantu abalongoofu abasimiddwa ne Allâhu ta'âlâ. Wabula ajali ye bwetuuka, obuwangaazibwe tebwongezebwaayo wadde edakika emu.

Amateeka mangi mu Qur'an agooleka biki omuntu byateekeddwa okukola nga akyaali mulamu olwo afune okwesiima mu kiseera ky'okufa ne kulunaku lw'enkomelero. Okugeza, omuntu nga akyaali mulamu ateekwa okukkiriza Allâhu ta'âlâ, abeere Musiraamu era nga mukkiriza. Nga asinza Allâhu ta'âlâ mu butuufu bw'okumusinza era nga tamugattikako kintu kilala kyonna. Tulina okusinza Allâhu ta'âlâ yekka. Buli mulimu mulungi gwetukola tulina kugukola ku lwa Allâhu ta'âlâ yekka so si kusiimisa bantu ba ku nsi. Okusaala esswala ettaano, okuwaayo zakat ne sadaq, okuyamba abeetavu, okukola hijja ne umra, okuyisa obulungi abazadde ababiri, okuba n'empisa ennungi, n'emilimo emilala emilungi, bwetugikola Allâhu ta'âlâ ajja kutukendeekeza ku bulumi bw'okufa, era atuwonye ebibonerezo byo mukaburi ne by'enkomelero, in sha Allah.

Omwaana omuto bw'afa tabeera na nsobi yonna mu maaso ga Allâhu ta'âlâ. abazadde be ne bwebaba babadde bakkiriza oba bajeemu (bakaafiiri), tekikosa mwaana muto afudde. Wabula omuntu bw'aweza emyaaka gy'okuvunaanyibwa ne Allâhu ta'âlâ (emyaka gy'obuvubuka) mpaka lw'afa, abalibwaako buli kirungi na buli kibi kyonna ky'akola. Bw'aba mulongoofu nga mukkiriza era nga mukozi wa milimu mirungi egisanyusa Allâhu ta'âlâ, omuntu oyo bw'afa, Allâhu ta'âlâ amuyingiza ejjana, in sha Allah. Ate omuntu bwaakula nga ajeemera Allâhu ta'âlâ, n'afa nga teyenenyezza (takoze tawba), Allâhu ta'âlâ amubonereza okuva mu kufaakwe, mu ntaana, ne kulunaku lw'enkomelero. Tusaba ow'ekitibwa Allâhu ta'âlâ Ow'ekisa ekingi, Omusasizi, akkirize emilimu gyaffe emilungi gyonna, atusonyiwe ebibi byaffe, atutaase ebikemo by'obulamu, ebikemo by'okufa, ebibonerezo byo muntaana, n'ebibonerezo by'olunaku lw'enkomelero, Allahuma Ameena!

OKUFA KW'OMUKYAALA OMUSIRAAMU

Omuntu yenna omusajja oba omukazi, bw'afa, omutima gwe n'omubiri gwe byawukana n'obulamu bw'ensi. Omufu ava mu bulamu buno obw'ensi nayingira muntandikwa y'obulamu

bw'enkomelero. Bw'ofa oyawukana n'abantu bo bonna, abemikwaano awamu n'abenganda zo, muliddamu kusisinkana ku lunaku lwa nkomelero, in sha Allah. Ssaawa y'okufa abantu bo tebakugasa okujjako okukusabira edduwa zokka.

Omukyaala Omusiraamu abadde asinza Allâhu ta'âlâ mu butuufu bw'okumisinza, bw'afa obulwadde, oba okufa ng'azaala, oba okufa nga akaddiye, oba okufa okulala kwonna, mu bulamu bwe nga abadde asinza Allâhu ta'âlâ bulungi, era nga abadde agondera bba, nga abadde abikka omubiri gwe, Allâhu ta'âlâ amusonyiwa ensoobi ze. Mukiseera ky'okufa ba malaika ba Allâhu ta'âlâ bamusanyusa ne bamuwa amawulire amulungi agagamba nti asonyiiddwa era wa kuyingira mu kwesiima kwa Allâhu ta'âlâ. Mu kiseera ky'okufa tagezesebwa nyo na bulumi bwa kufa, wabula omwoyo gwe gujjibwaamu mpola mpola, ku lw'okusasira kwa Allâhu ta'âlâ gyaali era ne ku lw'emilimu gye emirungi gyeyakola nga akyaali mulamu.

Omufu oyo bwetuba tumujjamu engoye okumunaaza, kirungi okumujjamu mpola mpola n'obwegendereza. Kubanga omubiri gw'omufu gwonna gu beera mukosefu ku lw'amaanyi ga Malaika ge zikozesa mu kumugyamu omwooyo. Bwetuba tunaaza tukozesa sabbuni awamu n'amazzi amabugumyeeko, naye tetukozesa (ga lweeje) agookya ennyo, nga naawe omulamu tosobola kuganaaba. Omubiri gw'omufu gwonna gubeera nga oguliko amabwa, kale kirungi okugukwaata empola nga tumunaaza, ne mukumuzinga mpaaka bwetumuziika mu ntaana (kaburi). Mu mbeera yonna gy'okwatamu omufu, olina okumukwaata n'obwegendereza okusingako bw'okwata omuntu omulamu nga mukulu, wabula oteekwa okumukwaata mpola nga bw'okwata omwana omuto eyakazalibwa.

Oluvannyuma lw'okumunaaza, omubiri gwe guzingibwa mu ssaanda taano (5). Essaanda ziteekwa okuba nga mpya, nyonjo (zirimu wudhu), era nga njeru. Bwetumala okumuteeka ku ssaanda, tumukuba obuwoowo (parfumu), oluvannyuma ne tumuteeka mu kayumba (Janaza) ketumusituliramu okumutwaala wagenda okusaalirwa.

Bwetumala okumuzinga mu ngoye, tulina okumusaalira nga tetunnaziika. Abasiraamu ffena abawangaalira omuntu afudde wabeera tuteekwa okumusaalira, wabula abamu ku basiraamu bwebamusaalira, abasigadde tebaba na musango. Esswala gyetusaalira omufu (swalat Janaza), efanagana; ku mufu omusajja oba omufu omukazi. Swalat janaza, tebeeramu kuvvunnama, walala okukotama. Swalat janaza ebeera ne Takibiira nnya (4)

zokka, nessalaamu. Asaaza (Imaam), bw'agamba bwati allahu akbar mu takibiira esooka, tusiba emikono gyaffe ku kifuba, ne tusoma sûrat alfâtiha (alhamudu lilahi rabil Alamiina...), ate ku takibiira ey'okubiri, tusaalira ku mutume nabbi Muhammad (bweetuti; Allahuma swalli alâ Muhammad wa alâ âli Muhammad, kama swallaita alâ Ibrâhîmu wa alâ âli Ibrâhîm innaka Hamîdul majiid.....) , ate ku takibiira eyo kusatu, tusabira omufu. Enjawulo wano wejjira wakati w'omufu omusajja oba omukazi. Bwaaba omufu nga musajja tugamba (Allahuma igfir lahu, Warhamuhu.....). Ate omufu omukazi tugamba (Allahuma igfir Laha, Warhamuha.....). Enjawulo ebeera ku (hu) y'amusajja ate (ha) y'amukazi (okusinsiziira ku lulimi oluwarabu) bwooba tomanyi luwarabu nga obadde omusabira mu luganda, (ogamba bwooti; Ayi mukama kotonda nkusaba omusonyiwe, Ayi mukama kotonda nkusaba omusaasire). Bwooba omanyi erinya lw'omufu, oyinza okulyogera (n'ogamba bwooti; Ayi mukama kotonda nkusaba osonyiwe omwooyo gwa ZULAIKA, Ayi mukama kotonda nkusaba osasire omwooyo gwa ZULAIKA). Ate mutakibiira eyokuna, naffe tweesabira, oluvannyuma imam asaza salaam naffe ne tusaza. Awo swalat janaza eba ewedde. Nkola ya Busiraamu oluvannyuma lwa salaamu, imam asomera omufu dduwa bwetuddamu ;aamin; netulyoka tugenda okumuziika.

Abantu abasitula janaza okutwaala wetugeenda okuziika nabo basaana okusitula mpola mpola n'obwegendereza. Abasitula janaza balina okujiwanilira waggulu ku bibega bega byaabwe, so sikugisitulira ku lubuto oba mu mumugoongo. Elina okusitulwa abasajja bana abamaanyi muffe, abasobola okugiwanilira okutuusa gyetugenda okuziika. Janaza eteekwa okubikibwaako engoye oba emikeka, omufu tasana kulabibwaako wadde.

Bwetutuuka wetugenda okuziika, abasajja babiri bakka wansi mu ntaana, nebawanilira omufu. Ate ababiri oba abassukawo basitula omufu ne bamujja mu jenaza, ne baweerezayo mu ntaana. Abayimiridde wansi mu ntaana, bateeka omufu mu mwana ndaani, bwebamala okumussaayo bulungi, nebaggalawo mwana ndani, tuzza ettaka ku kinya ky'entaana netukiziba. Kiba kirungi abantu abawerekedde omufu mpaka ku ntaana okubeerako nekyebakola mu kumuziika, so sikuyimilira buyimirizi nakuligiza mu ntaana.

Saawa y'okufa saawa ya kwebuulira. Ng'owekitiibwa nabbi Muhammad Swala llahu alaihi wasalama, bweyagamba, nti, yatulekera ebintu bibiri ebyokwebuulira nabyo, ekyoogera ne kitayogera. Ekyogera nga ye Qur'an ate ekitayogera, kwe kufa.

Kubamu akafananyi, omuntu abadde asula mu nju nga erimu n'amasanyalaze, kati mumulese mu kinya, kijjuudde enzikiza. Abadde awangaala n'bantu abalala, kati mumulese yekka. Abadde n'abemikwano, kati asigadde bwanamunigina. Abadde omugagga nga alina emaali, yonna agirese ku nsi, mumututte na ssaanda zokka. Abadde yetambuza, oba oluusi abadde yevuga mu motoka, kati mumusitudde busituzi. Abadde yenaaza kenyini, n'ayambala engoye n'engatto ez'omuwendo, kati mwamunazzizza, nemumuteeka mu ssaanda,,, Allah Akbar Walillahil Hamdi! Obwo bwe bulamu bw'ensi. Tuteekwa okwegendereza emilimu gyaffe gyonna gyetukola. Tukimanye nti Allahu Ta'âlâ Ye yatutonda, lumu tugenda kufa era tuli bakuddizibwa mu maaso g'owekitiibwa Allahu Ta'âlâ kubanga gyetwaava era gyetulina okudda.

Mu bulamu bwaffe obwensi tukole nyo emilimu emirungi tufune okwesiima mu kiseera k'okufa ne kulunaku lw'enkomelero. Omufu bwabeera mu ntaana, addizibwa omwoyo gwe, era ba malaika babiri nga bayitibwa [Munkar ne Nakîr] bajja gyaali, nebamubuuza ebibuuzo. Omuntu bwaaba abadde ku nsi nga mukkiriza, akola emilimu emirungi nga Allah yamusiima, omuntu oyo ayanukula bulungi ebibuzo ebimubuuzibwa, era tabonerezebwa mu kabri. Abamanyi bagamba nti ebibuuzo ebibuuzibwa mu kaburi byebino; **"Mani Rabbuka? wa mâ dînuka? wa mani nabbiyyuka?"** amakulu (Ani katonda wo; obadde wa ddini ki; era ani omubaka wo yaani?). Omuntu abadde Omusiraamu era nga mukkiriza, abadde akola ebyo Allah byeyalagira era n'aleka ebyo byonna Allah byeyagaana, addamu bulungi ebibuuzo ebyo nga ali mu ntaana ye era ba malaika bamwaaniriza ne bamuyozaayoza nga ali mu ntaana.

OKUFA KW'OMULWADDE, N'OMUNTU OMUZIRA.

Allâhu ta'âlâ y'awa obulamu era yatta ebitonde bye byonna. Alina obuyinza obuteekawo ekitonde ky'ayagala era n'okukijjawo ekiseera kyonna wayagalidde. Omuntu yenna takkirizibwa kwetusaako bulabe obuyinza okumuviirako okufa. Okugeza, omuntu takkirizibwa kwefumita kiso, oba okwetuga, okunywa obutwa, n'ebilala ebivaako okufa. Nabwekityo, omuntu yenna takkirizibwa kutta muntu mulala yenna nga omwaana omuto (akyaali mu lubuto, n'azaliddwa) oba omuntu omukulu. Allâhu ta'âlâ yekka y'alaina obuyinza obutta ebitonde. Okusinzira ku

kusalawo kwa Allâhu ta'âlâ abantu tufa mu nfa ezenjawulo. Abamu bafa oluvannyuma lw'okulwaala, abamu tebalwaala, abamu battibwa ne bafa nga bazira. Allâhu ta'âlâ yesigaliza okumanya kiki omuntu ky'anafa. Tewali muntu yenna ayinza kumanya kiki ekinavaako okufa kwe. Okugeza tukimanyi bulungi siriimu (AIDS), bulwadde buvaako okufa kw'omuntu. Omuntu omu ayinza okuba omulwadde wa siriimu okumala ebbanga, n'alowoza ntino agenda kufa siriimu, naye Allâhu ta'âlâ nga teyamugelera kufa siriimu, ayinza okugwa ku kabenje k'emotoka naafa. Allâhu ta'âlâ yekka yamanyi ddi lw'onoofa era kiki ekinakuviirako okufa.

Omuntu Omusiraamu omukkiriza, Allâhu ta'âlâ bw'amuwangaaza okumala ebbanga kuno ku nsi, oluvannyuma Allâhu ta'âlâ namuleetera obulwadde bwonna n'afa, wabula nga abadde akola ebyo Allâhu ta'âlâ byayagala era neyewala ebyo byonna Allâhu ta'âlâ byeyagaana, omuntu oyo Allâhu ta'âlâ amusonyiwa amazambi ge era wakuyingira mu jjana, in sha Allah. Allâhu ta'âlâ amanyi Ebyekweese n'ebyeyolese. Omuntu bw'olwaala oteekwa okufuna obujjanjabi, Allâhu ta'âlâ yamanyi kiki ekirikutta. Tokkirizibwa kulagajjalira bulamu mu buwangazi bwo bwonna. Togamba ntino Allâhu ta'âlâ agenda kunzita kale sijja kukozesa ddagala, tomanyi kiki ky'olifa!

Omuntu afudde nga muzira, yoyo afiridde mu kkubo lya Allâhu ta'âlâ nga Musiraamu ate nga mukkiriza (alina îmân). Abazira mulimu abafiira mu ntalo z'oBusiraamu (Jihad), omuntu afiridde mu kabeenje (nga mu motoka, muliro, mataba,,), omuntu attibwa ku lw'abantu be, oba ku lwa maali ye, omuntu attiddwa ne bakondo/ ababbi, omuntu gwebasse nga talina musango gwonna, omukyaala afiridde mu ssanya (afudde nga azaala),, bano bonna bwebaba bakkiriza, mu Busiraamu tubatwaala nga bazira. Omuntu omukozi w'ebikyaamu ajeemera Allâhu ta'âlâ bw'afiira mu mbeera ezo waggulu taba muzira. Oba bw'anywa omwenge ogulimu obutwa oluvannyuma n'afa, tabalibwa mu bazira, kubanga si Musiraamu era si mukkiriza. Ate Omusiraamu naye bwa'fiira ku haram, naye taba muzira. Okugeza, Omusiraamu bw'afiira mu loji nga yesanyusa ne malaaya, oba bwebamukuba essasi nga abba, taba muzira.

Omuntu omukkiriza atalina musango gwonna, atavunanyibwa na muntu mulala yenna, atali mulyazamanyi, bw'awambibwa n'abalabe oba abatujju, oluvannyuma n'afiira mu buwambe oba mu kkomera, oyo naye abalibwa mu bazira. Ku lunaku lw'enkomelero, Allâhu ta'âlâ ajja kusaasira omukkiriza oyo eya

fiira mu buwambe ate abonereze abatujju abo ab'awamba ne batulugunya omuddu we awatali musango gwonna.

Essaawa y'okufa kw'omukkiriza omuzira bw'etuuka, Allâhu ta'âlâ alagira ba malaika ne bamujjamu omwoyo mpola mpola. Ba malaika bateeka omwoyo gwe mu ngoye ezinyirira nezigutwaala mu ggulu. Bwezigutuusa mu ggulu Allâhu ta'âlâ alagaira ba malaika okuteeka omwoyo ogwo mu jjana. Kubanga yali muddu wa Allâhu ta'âlâ nga asaala, yali yenenya, yali ayamba abanaku, yelekereza byonna Allâhu ta'âlâ byeyaziyiza ate n'akola ebyo Allâhu ta'âlâ byeyamulagira okukola.

OKUFA KW'OMUKAFIIRI (OMUNTU ATAKKIRIZA ALLAHU TA'ALA)

Omuntu omulongofu bw'abeera mu ntaana, Allah alagira ba malaika ne bagaziya, bamuteeramu ekitangaala, era ba mailaka bamulambula buli lunaku. Ate ye omuntu afudde nga mwonoonefu, nga abadde mukaafiiri, mujjeemu, takkiriza Allah, malaika zimujjamu omwoyo namaanyi era alaajana nyo. Bw'abeera mu ntaana, nalemelerwa okwaanukula ebibuzo by'omukaburi, malaika zimukubisa enyondo mu mutwe, nakkilira wansi ensi gyekoma. Omukaafiiri bw'abeera mu kaburi malaika zi munyiga embirizi neziyitingana, kubanga yali ku nsi nga tasaala. Kaburi y'omukafiiri ebeera n'ekizikiza, tebeera nakitangala kyonna, kubanga bweyali ku nsi yali tasoma Qur'an. Abakkiriza bbo babeera n'ekitangaala kubanga basoma Qur'an wano ku nsi. Entaana y'omukaafiiri eberaamu emisota egimubojja buli kiseera. Ebibonerezo omukaafiiri by'afuna nga ali mu kaburi biba bya lubeelera mpaka ku lunaku lw'okuzukira (olw'enkomelero) lwe tujja okuyimilira mu maaso ga Allâhu ta'âlâ, tubalibwe emilimu gyaffe. Omuntu omukkiriza naye eddembe ly'afuna nga ali mu kaburi ligendelera mpaka ku lunaku lw'enkomelero.

Abaffe ani amanyi ddi enkomelero lw'elituuka? Allâhu Ta'âlâ yekka yamanyi olunaku lwa nkomelero ddi lwenatuuka. Tewali amanyi bbaanga ki lya genda kumala kuno ku nsi n'eryo ly'anamala mu ntaana. Ebbaanga lyetuwangaala liba tono nyo. Okugeza bantu batono nyo abawangaala okusukka emyaaka ekikumi (100). Naye ba jajja ffe bameka ab'afa enkumi n'enkumi ze myaaka eziyiseewo. Bakyaali mu ntaana mpaka ku lunaku lw'okuzukira. Tuteekwa okukolera entaana zaffe, kubanga ebbanga ly'omuntaana n'eryenkomelero paanvu nyo okusinga ebanga lyetuwangaala ku nsi. Allâhu Ta'âlâ, yatuteeka ku nsi,

tumusiinze. Ebirungi byaatuwa nga; obulamu, obugagga, okumanya, tubikozese mu kumwesiinza. Era tweesibire entaanda, era nga entanda esiinga obulungi, kutya Allâhu Ta'âlâ, kukola milimu milungi, n'okuleka byonna Owekitiibwa Allâhu Ta'âlâ bye yaziyiza.

Abakaafiiiri (abatakkiriza Busiraamu) oba abo abatamanyi bukakafu bwa Busiraamu, mu buwangaazi bwaabwe, bavvoola oBusiraamu ne nabbi waffe Muhammad ''alaihis-salâm'. Abakaafiiri abo balaba oBusiraamu nga eddiini etali yamugaso gwonna eri abantu. Abakaafiiri tebakkiriza nti oBusiraamu ye ddiini entuufu Allâhu ta'âlâ gyeyateekerawo abaddu bonna. Omukafiiri owekika ekyo, bwatuuka okufa, malaika zimujjira, nezimujjamu omwoyo gwe n'amaanyi. Omukaafiiri alaajana mu saawa y'okufa naye nga talina muyambi yenna. Saawa y'okufa emilimu gyo emirungi gyewakola gyegikutaasa gyokka. Wabula omukafiiri tabeera na mulimu mulungi gwonna, n'olweekyo abeera mu kubonaabona okw'ekitalo. Mu kiseera eky'okufa, malaika zigamba omukaafiiri nti, obadde ku nsi ng'onyooma era n'ovuma abasiraamu n'oBusiraamu, obadde tokkiriza mubaka wa Allah (Muhammad Swalla llahu Alaihi Wassalama), obadde togobelera mateeka ga Allâhu ta'âlâ era obadde okola ebyo Allâhu ta'âlâ byeyagaana; kale kano ke kadde ko, ogenda kubonaabona mpaka ku lunaku lw'okuzuukira ate oyingizibwe mu muliro jahannama. Omukaafiiri bw'aziikibwa mu ntaana (mu kaburi), atandika okulaba ebibonerezo by'aomuntaana. Omukafiiri alaajanira mu ntaana naye nga talina amutaasa. Yegomba okuddizibwa ku nsi abeere nga yenenya, era akole n'emilimu emirungi, naye buteerere. Malaika zimugamba, gwe mulabe w'oBusiraamu, obadde ku nsi nga tokkiriza nabbi Muhammad Swalla llah Alaihi Wassalaama, obadde tosaala. Kati saawa eno oyagala buyambi? Saawa eno tokyayambibwa, obudde bw'okkola emilimu bwaggwaako, eno saawa yo yakubonerezebwa! Tusaba Allâhu ta'âlâ atuwe obukkiriza obwannamaddala. Era akkirize emilimu gyaffe, atusonyiwe ebibi byaffe, atuwe okwesiima kuno ku nsi, mu kiseera ky'okufa, mu kaburi ne ku nkomelero. Tusaba Allâhu ta'âlâ atusobozese okugobelera nabbi we Muhammad ''alaihis-salâm' n'enzikiriza entuufu eya Ahl as-sunnat! Allahuma Amîn.

Omuntu nebw'awangaala okumala ebbanga eryenkana litya, tewali kubusa busa (kyaddaaki) ajja kufa. Ow'ekitiibwa nabbi Muhammad Swalla llahu Alaihi Wassalama yagamba: **"Omwoyo gw'omuntu bweguva mu mubiri mu kiseera ky'okufa, eddoboozi**

ligamba: Owange ggwe mwana adamu, oleseewo ensi oba ensi y'ekuleseewo? Okungaanyizza ensi oba ensi y'ekukungaanyizza? Osse ensi oba ensi y'ekusse? Abantu bwebatandika okunaaza omubiri gw'omufu ogwo omukaafiiri, eddobozi libuuza ebibuuzo bisatu:

1– Omubiri gwo ogw'amanyi guli wa? Kiki ekigunafuyizza?

2– Doboozi lyo eddungi liriwa? Kiki ekikusirisizza?

3– Mikwano gyo giriwa kati? Lwaki bageenze ne bakuleka wekka?

Omubiri gw'omufu bweguteekebwa mu ssaanda, eddoboozi eddala ligamba: Togenda nga tewesibidde ntaanda! Luno olugendo si lwa kukomawo; togenda kudda ku nsi lubeelera. Gy'ogenda waliyo malaika ezibonereza. Omubiri gw'omufu oyo, bwegutekebwa mu sanduku, eddoboozi eddala ligamba: Bw'oba obadde ku nsi nga osanyusa Allahu ta'ala, tukuwa amawulire amalungi, ojja kuba musanyufu gy'ogenda! Wabula bw'oba obadde wanyiiza Allahu ta'ala, tukulabula gy'ogenda si walungi. Janâza bwetekebwa okumpi n'entaana, ddobozi eddala ligamba: Muntu ggwe! Kiki kyewetegekera mu bulamu bwo obw'ensi ekinakugasa mu ntaana (kaburi)? Kitangala ki kyewereteddde mu kizikiza ky'ogendamu? Kiki kyewereteddeyo mu by'obugagga byo n'ekitiibwa kyo? Kiki ky'onokozesa okunyiriza entaana yo ejjudde ebiyinja? Omubiri gw'omufu bweguteekebwa mu ntaana munda, entaana nayo emugamba: Obadde onyimilirako n'oyogera kati osirikidde mu lubuto lwange. Abawerekeze bwebamala okuziika nebagenda, ddobozi liva ewa Allah nga ligamba: Muddu wange, kati osigadde wekka (bwannamunigina), abantu bonna bageenze nebakuleka mu ntaana ejudde enzikiza. Abegeenze mu baddemu baganda bo, abaana bo, n'emikwano gyo. Mu bonna tewali ayinza kkugasa kati. Muddu wange obadde mujeemu; tewagobelera mateeka gaange era tewalowozaako ku beera mu mbeera eno gy'olimu saawa eno kati. Omufu bwaba abadde mukkiriza (nga afudde ne îmân), Allahu ta'ala amugamba: Muddu wange obadde mukkiriza! Tojja kulekebwa wekka (bwanamunigina) mu ntaana. Togenda kobonerezebwa mu ntaana ogenda kusonyiibwa. Malaika zigenda kukubesabeesa mu ntaana era tojja kuwubaala. Ku lw'okusasira kwa Allahu ta'ala eri omuddu we oyo, amusonyiwa amazambi ge gonna, entaana ye ejjula embyengera era n'abeera mu mirembe n'okwesiima okw'ekitalo. Allahu ta'ala wakisa eri abaddu be bonna. Omuntu akola amazambi Allahu ta'ala amubikkilira mpaka lw'afa. Kale tuteekwa okukola emilimu emirungi nga tukyaali balamu tuwone

ebibonerezo bya Allahu ta'ala byonna.

Abantu bonna bajjakubuuzibwa ebibuuzo nga bali mu ntaana, abalongoofu n'abonoonefu. Allahu ta'ala ajjakubonereza oyo yenna eyafa nga teyenenyezza era nga tasonyiiddwa. Abantu abatambuza olugambo n'abo abatakuuma musulo nga bafuka, bajjakubonerezebwa mu ntaana (kaburi). [Ebibonerezo by'omuntaana, si bya mwooyo gwokka, wabula bijja kubonereza omwooyo n'omubiri gw'omufu ali muntaana. (sikyaangu buli omu kutegera mazima gano) okujjako oyo Allahu ta'ala gw'asobozessa]

Omuntu atali mukkiriza (omukaafiiri), bw'afa abonerezebwa mu ntaana (kaburi), mpaka ku lunaku lw'okuzuukira (olunaku lwenkomelero), [oluvannyuma lw'okuzukira, ajjakuyingizibwa mu muliro geyena (Jahannama) ayokyebwe lubeelera nga tavaamu.] **Tusaba Allahu ta'ala atukingirize Jahannama! Allahuma Amin.**

Omutontomi omu eyazaalibwa mu gwanga lya Buturuki (Turkey) ayitibwa **Abd-ur-Rahmân Sâmi Pâsha**, eyafa omwaaka gwa [1878 A.D.], mu kitontome kye agamba bw'ati;

Owange ggwe omugenyi! Omutima gwo toguwa mulala yenna okujjako Allâhu ta'âlâ yekka!
Tewali kintu kyonna kijjakusigalawo ku nsi. Teri asobola kukola buli kintu kyonna, okujjako Allâhu ta'âlâ yekka!
Tewali ajjakubeerawo lubeelera, okujjako Allâhu ta'âlâ yekka!
Buli muntu yenna abeera n'ebimusanyusa era n'ebimunyiiza.
Ensi eno tesaana kuvuganyizibwa!
Lumu nange naliko omuwereza w'omukulembeze we ggwanga (Prezidenti)
Naye kati buli kimu kyakyuuka, ekyo ekitiibwa kyaakoma. Omutima gwange gwalwaala. Amaanyi gange gagendera bwereere.
Obulamu bwange bujja kuggwaawo. Omutima gwange kujja kubonaabona.
Obulamu bwange bwaali nga ettaala ezikidde. Enzikiza yanetoloola.
Enjuba y'enkomelero yavaayo. Allah nagiwa ekitangaala (nûr). Mukiseera ekyo, nenenya ewa Allahu ta'ala. Ensobi zange zali mpitirivu.
Bwenenenya Allahu ta'ala yakwatibwa ekisa N'asonyiwa.
Yâ Rabbî! A yi Mukama Katonda wange! Nkoze amazambi mangi.
Nesigamira kuggwe Allahu ta'ala! Yâ Rabbî nsonyiwa ebibi byange!

Katonda wange ggwe Musonyiyi (Ghafûr), nsonyiwa ensobi zaange.
Teri asobola kkola buli kimu okujjako Allahu ta'ala!
Tewali ajja kubeerawo lubeelera okujjako Allahu ta'ala!
Obulamu bw'ensi birooto ebijudde okubonaabona;
Abantu ffena tw'azaalibwa era tuteekwa okufa;
Ku nsi tuwangaalako ekiseera kitono ddala,
Emirembe gy'oberamu wano ku nsi jiggwaawo mu kaseera katini.
Buli kiseera tubeera mu butamanya,
Buli kiseera okufa kubeera kumpi nyo naffe,
Omuntu awangala ku nsi nga akola nyo abeere bulungi,
Ensi tugivaako nga tuli baavu lunkumpe, tetulina kyetuziikibwa nakyo nga tufudde.
Allahu ta'ala yesigaliza ebyaama,
Teri muntu yenna amanyi Allahu ta'ala byeyamugelera,
Allahu ta'ala Yatonda omuntu nga munafu era bga asobya,
Buli muntu oteekwa okwenenya ewa Allahu ta'ala nga okufaakwo tekunnatuuka.

EMILIMU GY'OMUFU N'OKULAMBUULA ENTAANA (KABRI)

Ow'ekitiibwa nabbi Muhammad Allah asse emirembe n'okusaasira kuyye (Alaihi Ssalam,) yagamba bwaati mu emu ku hadith, amakulu gaayo gegano; "Omuntu yenna bw'afa emilimu gye gikutuka (gikoma), okujjako emilimu esatu (ebintu ebisatu). Ekisooka, omwaana omulongofu (waladu ssalih) akusabira edduwa. Eky'okubiri sadaqa ekulukuta (sadaqat Jariya). Eky'okusatu, elimu (okumanya) okuyamba abantu." Mu hadith eyo tofunama eby'okuyiga bingi. Ekisooka, omuntu yenna ateekwa okweekolera emilimu emirungi nga akyaali mulamu. Tasaana kwesigulira ku milimu gy'abantu balala, kubanga buli muntu (oba buli mwooyo) Allah agubala gwokka era gw'esiima oba gubonerezebwa gwokka. Ebintu ebimu byetusaana okuteekako essira nga tukyaali balamu, be baana baffe n'okusomesa abantu abalala.

Ky'osiga ky'okungula. "bw'osiga kasooli era gw'okungula; ate bw'osiga ebinyeebwa era by'okungula. Toyinza kukungula binyebwa nga wasiga kasoli.." abaana baffe nabo bwebatyo. Ky'omuteekamu era ky'omujjamu. Okugeza, omwaana

bw'omukuliza ku musingi gw'oBusiraamu, nayiga eddiini ye bulungi, era nga assinza Allah mu butuufu bw'okumusinza, muzadde w'omwaana oyo bw'afa, omwaana atwaala obuvunaanyizibwa obw'okusabire muzadde we. Ate omuzadde bwatalabirira mwaana we bulungi, namuyigiriza eddiini y'oBusiraamu, omuzadde bw'afa, omwaana we tamusabira dduwa. Tugezeeko nyo okusiga mu baana baffe empisa ennungi n'okubayigiriza oBusiraamu, in sha Allah, bajja kutusabira nga tufudde. Omulimu ogw'okubiri omuntu bw'afa gw'asigala afunamu empeera, ye sadaq ekulukuta (sadaqat jariya). Sadaq ekulukuta kitegeza omulimu oba sadaq empeera zaayo ezitakoma. Ezimu ku sadaqat aljariya zezino; okuzimba omuzigiti oba okuyamba kwonna mu kuzimba omuzikiti, okugeza wagula amatofaali oba sementi nebazimbisa omuzikiti, ne bw'ofa osigala ofuna empeera. Omuntu azimbye omuzigiti asigala afuna empeera akaseera abantu kebamala nga bagusaliramu, oba mpaka bwegumenyebwa. Ebintu ebilala ebya sadat jariya, mulimu; okusima naikonta, oluzzi oba enzizi, abantu bwebakozesa amazzi agavaamu ofuna empeera wonna w'obeera, ku nsi oba mu ntaana. Sadaqat jariya endala; okusimba omuti ogw'ekibala (nga; omucungwa; fenensi; muyembe; papaali;...) omuntu, oba ensolo oba ekinyonyi bwekirya ekibala ekivaako ofuna empeera nebw'oba oli mu ntaana. Ekintu ekisembayo, omuntu ky'asigala afunamu empeera nga afudde, ye ilimu oba okumanya okulina omugaso eri abantu. Okugeza bw'obeera n'abayizi be wasomesa, nabo nebasomesa abalala,, mpaka mpaka,,, osigala ofuna empeera. Abamanyi abamu, elimu bagitekulamu emiteeko; abamu bagamba elimu enkulu esooka; Qur'an, okumanya Allah (Tawhid; Aqeeda); n'okumanya amateeka g'oBusiraamu; (Hadith; Fikih; Sunnat). Ate abamu bagamba, elimu endala nazo zamugaso nyo; okugeza obusawo, obusomesa, okubalilira, okukanika, okuyiga ennimi, ne ebilala. Wabula ekikulu mu bintu byonna byetukola "niyat" okumalira kwaffe. Omulimu nebweguba omulungi naye nga niyat yo mbi omulimu tegukkirizibwa. Okugeza omuntu ayinza okuzimba omuzigiti, oba essomero, oba okusima oluzzi, olw'okwagala bamuwaane nga bw'alina ssente. Abantu bamuwaane nti alina ssente naye tafuna mpeera wa Allah. N'okusomesa, elimu yonna gyetuyigiriza abalala, tuteekwa okubayigiriza lwa kusimisa Allah.

Okulambula entaana oba kaburi z'abantu abakkiriza kiri mu nkola ya Busiraamu. Muhammad bin Ebî Bakr 'rahmatullâhi ta'âlâ 'alaih', [yafa omwaka gwa (573H)1178 A.D.], yawandiika

mu kitabo kye ekiyitibwa **Shir'at-ul-islâm**, ntino kiri sunat Omusiraamu okulambula entaana z'abasiraamu abalala. Omusiraamu bw'alambula kaburi za basiraamu banne afuna empeera. Abasajja bakubirizibwa nyo okulambula kabur okusingako abakyaala. Bwetulambula kabur tuteekwa okugobelera amateeka g'oBusiraamu, kubanga abantu abamu bwebatuuka ku kabur bakola ebintu ebitakkirizibwa mu Busiraamu; nga okusaba omufu, okutuula ku ntaana, okujjako ettaka. Omusiraamu okkirizibwa okulambula entaana olunaku lwonna lw'oyagala mu wiki, era obudde bw'emisana ekiseera kyonna. Si kirungi kulambula budde bw'akiro nga enzikiza ekutte. Si kirungi kumala bbanga gwaanvu nga tolambudde ntaana.

Okulambula entaana, kwa mugaso eri omuntu omulamu alambula era kwa mugaso eri omufu gwebalambudde. Ffe abalamu tufuna eky'okwebuulirira. Tujjukkira baganda baffe obulamu bwebaalimu mu nsi ne bwebalimu kati mu ntaana. Omufu ali mu ntaana naye aganyulwa mu kumulambula kubanga tumusabira edduwa; bwetutuuka awali entaana tusoma bwetuti **"Assalam alaikum Ahla Qabri (Diyar) minal mu-uminina wal mu-uminaat, Nas al Allah lana wa lakum Al afiya, Innâ inshâ-Allâhu 'an qarîbin bikum lâhiqûn"** Amakulu: Emirembe gibeere gye muli mu ntaana, tusaba Allah atusasire nammwe abasasire, Allah bwaba ayagadde mu kiseera ekitali kyewala naffe tujja eyo gyemuli". Ow'ekitibwa Rasûlullah 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' naye yalambulanga entaana za abenganda ze awamu ne za basahâba 'radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum'.

Abakyaala nabo bakkirizibwa okulambula entaana, ne bwebaba nga bali mu nsoonga z'ekikyaala tewali kibagaana kulambula. Wabula kiba kirungi omuntu Omusiraamu ageenda okulambula entaana okubeera ne wudhu. Omusiraamu bw'ageenda eMadina, kirungi okulambula entaaana y'owekitiibwa Rasûlullah, ne za basahaba be. Omuntu bwaaba yafiirwa bazadde be oba omu ku bbo, kirungi nyo okulambula entaana z'abwe era n'obasabira ku dduwa awamu n'abenganda abali mu limbo.

Si kirungi Musiraamu kutambula lugendo luwaanvu nga anonya kaburi ey'okulambuula. Wabula bw'aba akyadde mu kintu awali kaburi, waddembe okugenda nagilambuula. Era nabwekityo, omuntu tayinza kuva munsi ye, nagenda eMadina nga ekimututte kulaba ntaana y'omubaka wa Allah; Muhammad 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam' oba eza basahaba alaih-ir-rahma'. Ow'ekitiibwa nabbi Muhammad 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam' yatugaana okufula entaana ye nga ekijjukizo oba okugyesiinza,

bwetuba tugeenze eMadina gyeyaziikibwa, tuli baddembe okugilambuula. Bwetutuuka awali entaana ye; tumusabira bweetuti: " Assalamu Alaika Ya Rasullah..." (Amakulu : 'emirembe gibeere gy'oli omubaka wa Allah'".

Omusiraamu yenna takkirizibwa kugenda ku ntaana kukubirawo biwoobe. Era tokkirizibwa kusaba dduwa yonna nga oyitira mu muntu eyafa. Okugeza omuntu omulungoofu, abazadde bo, ow'ekitiibwa nabbi, oba omufu omulala yenna. Bw'osaba edduwa nga oyitira mu mufu oba omuntu yenna, oba ogasse Allah ta'ala n'ekitonde kye (oba okoze shirk). Omufu gw'osaba ali mu ntaana, talina ky'asobola era aba mwetaavu nyo okusiinga nawe ali ku nsi. Bw'ogenda awali entaana yonna oteekwa okugenda ne niyat ey'okulambula omufu ali muntaana n'okumusabira. Allah akusasula empeera ku kulambulakwo kw'oba okoze. Bwetulambuula kaburi tweewale okukolerayo ebintu ebinyiiza Allahu ta'ala. Tetukkirizibwa kutuula wadde okutambulira ku ntaana ze tulamabuula. Tetukkirizibwa kunyweggera ntaana wadde okujijjako ettaka n'etulikozesa ebintu ebitakkirizibwa.

Omuntu bw'afa emilimu gye gyonna gikutuka (gikoma). Okujjako, edduwa ezimusabirwa n'abantu abalongoofu nga omwaana we; sadaqat jariya; ne yilimu egasa abantu. Emilimu egimu emirungi Omusiraamu akkirizibwa okugikola n'asaba Allah empeera aziwe (aziwandiike) omuntu eyafa. Okugeza, abasiraamu tukkirizibwa okusoma Qur'an (sura nnaamba oba ezimu ku ayat), empeera z'osomedde n'osaba Allah Ta'ala aziwe omuntu eyafa. Omufu gw'owereza empeera ateekwa okuba nga yafa Musiraamu, omufu ayinza okuba nga yali waluganda gy'oli oba omusiraam yenna.

Omusiraamu bw'afa tumusaalira esswala eyitibwa swalat Janazat "swala y'omufu". Mu mulyango guno gwenyini twanyonyola engeri gyetugisaala era n'obukulu bwaayo. Tulina okumanya Omusiraamu yenna bw'afa swala ze ziba zikomye, ng'era bwekiri ku milimu emilala gyonna. Omufu aba takyabanjibwa swalla ettano eza buli lunaku. Bw'aba yali asaala, abeera n'empeera zeyasaalira, ate bw'aba yali tasaala, ebeera n'omusango. Omuntu omulamu takkirizibwa ku saala swalat ezalaalikibwa ettano eza buli lunaku, n'agamba ntino empeera z'ensalidde nziwadde omufu gindi. Nebweziba swalat eza sunnat okugeza, taraweh, eswala eza eidi, swalat ez'ekiro, tahajjudi,, n'endala, tokkirizibwa kuzisalira muntu eyafa.

Ibadaat (Okwesinza) okulala okukkirizibwa okukolera omufu, mulimu zakat (sadaqa), okusiiba ne Hijja. Okwesisinza kuno

kubeera bweekuti. Abamanyi b'ousiraamu abamu bagamba, omufu bw'aleka emaali nga tagigyeemu zakat, kikkirizibwa okugigyaamu zakat n'etugiwaayo eri abagisolooza. Omufu afuna empeera eza zakat eba ejiddwa mu maali ye. Ate sadaqat omufu bw'aba yaleka ekiramo eky'okuwaayo sadaqa okuva mu maali ye, abasika bateekwa okutuukiriza. Omufu afuna empeera mu sadaqa eba ewereddwaayo okuva mu maali ye. Era kikkirizibwa omusiramau omulamu okusadaaka (okuwayo sadaqa), ng'omaliridde empeera Allah aziwe omuntu wo eyafa. Okugeza Omusiraamu ayinza okuwaayo ku lw'omufu nga asobola okugula emisaalo gy'omumuzigiti, okuliisa abanaku, okusima oluzzi, okuyamba abayizi, okuyamba abakadde, n'emilimu emilala.

Okusiiba, Omusiraamu bw'afa nga asibyeeko ennaku ezimu mu Ramadhân, okugeza yasiiba ennaku 20 kwa 30. Kikkirizibwa omusiika we okumusiibira ennaku ekkumi ezasigalira. Wabula si tteeka. Era bwebaba tebazisiibye omufu tafuna musango, kubanga emilimu gye giba gyaggalwaawo. Nabwekityo Omusiraamu akkirizibwa okusiiba olunaku olwa sunnat (nga okusiiba ku lwa bbalaza n'olwokuna; okusiiba 13,14 ne 15 buli mu mwezi gw'oBusiraamu;) empeera z'osiibidde n'osaba Allah aziwe omufu.

Hijja ne Umra; Omusiraamu bw'afa nga takoze hijja oba umra, omuntu we eyamaliriza okukola hijja oba umra akkirizibwa okukolera omuntu eyafa. Omufu bw'aba yaleka emaali bayinza okujjamu ssente nebamukolera hijja ne umra; bw'aba teyalina busobozi, abantu be bbo nga balina obusobozi, bakkirizibwa okukozesa ssente zaabwe nebakolera omufu hijja oba umra. Omusiraamu yenna nebw'aba nga si waluganda lwa mufu, banannyini mufu bakkirizibwa okumuwa ssente n'akolera omufu waabwe hijja oba umra. Nga bwetugambye, Omusiraamu takkirizibwa kukolera mulala hijja oba umra nga ye kenyini tennakola.

Emilimu gino emirungi gyetwogeddeko waggulu nga (okusoma Qur'ân al-kerîm, okusiiba, okuwaayo zakat/sadaqa, okukola hijja oba umra), omukkiriza bw'agikola nga amaliridde (mu niyya ennungi) Allâhu Ta'âlâ awa omufu empeera mu bujjuvu, n'omuntu oyo omulamu aba agikoze naye afuna empeera ezenkanankana n'ezo ez'oyo gw'awadde omulimu omulungi ogukoleddwa. Bombiliri, omulamu n'omufu tebakendezebwaako ku mpeera z'omulimu ogukoleddwa. Abasiraamu tetukodowalira abantu baffe abaafa; tukole emilimu emirungi gyetwogeddeko ne niyya ennungi tugiweewo eri abafu baffe, naffe Allâhu Ta'âlâ aja ttusasula empeera ku lunaku lw'enkomelero, in sha allah.

OMUKO OGW'OKUSATU, BALUWA EY'OMWENDA

Baluwa ey'omwenda esangibwa mu muko ogw'okusatu, eyawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa 'Maktûbât', nga omuwandiisi ye Imâm Rabbânî Mujaddid-i-elf-i-thânî Ahmad Fârûqî 'rahima-hullâhu ta'âlâ' yagiwandikira Mîr Muhammad Nu'mân. Ebaluwa eyo ennyonyola âyat-i-karîm ey'omusanvu (7) esangibwa mu sûrat Al-Hashir egamba bweeti; "Buli kimu kyonna Omubaka wa Allah (Muhammad 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam') kyeyabagamba okukola mukikole, ate buli kintu kyonna kyeyabagaana okukola mukireke temukikola era mutye Allah ta'ala..." enzivunula endala eya âyat-i-karîm eno egamba **"Buli kimu Omubaka wa Allah (Muhammad 'sall-Allâhu 'alaihi wa sallam') kyeyajjanakyo mukitwaale ate buli kyeyabagaana mu kyewale era mutye Allah ta'ala..."** Ebbaluwa eyo yali mu lulimi luwarabu; gano ge makulu gaayo mu luganda;

Bism-illâh-ir-Rahmân-ir-Rahîm! [Okukola ebyo byonna Allah ta'ala bye yalagira okukola n'okuleka ebyo Allah bye yagaana, kuyitibwa okugondera oBusiraamu.] Mu ayat eyo yenyini Allâhu ta'âlâ' agamba: "… mutye Allah..", oluvannyuma lw'okulagira okweewala ebyo bye yagaana, kitegeeza okuleka ebyo Allah bye yagaana, oba ofuna okumutya. Omuntu tosobola kutya Allah, nga talese bikolwa byeyagaana. Okugeza, omuntu akola ebikolwa Allah byeyagaana nga; okubba, okwenda, shirk, okunywa omwenge, okutta, okulya enguzi, okulya embizzi, n'ebikolwa ebilala Allah bye yagaana, omuntu akola ebikolwa ebyo aba tatya Allah. Omuntu bw'akola Allah bye yamulagira okukola ne yesonyiwa Allah byeyamugaana okukola aba atidde Allah. Omuntu atatya Allah (omujemu; atali Musiraamu;) y'oyo akola Allah byeyagaana ate n'atakola ebyo Allah byeyalagira okukola. Okutya Allah "Taqwâ" kitegeeza okuleka ebikolwa n'ebintu Allah ta'ala byeyaziyiza (ebintu/ebikolwa ebya harâm). Taqwâ gwe musingi gw'oBusiraamu. Taqwâ ebeera mu mutima gw'Omusiraamu era elabikira mu bikolwa by'oBusiraamu by'akola. Omusiraamu alina Taqwâ yeewala ebikolwa ebirimu okubuusabuusa, ebiri mu mbeera y'okukkirizibwa n'obutakkirizibwa (nga biri wakati wa halal ne haram). Rasûlullah 'sall- Allâhu 'alaihi wa sallam' yagamba: "Ebintu ebyakkirizibwa (halal) byeyolefu n'ebyagaanibwa (haram) nabyo byeyolefu; wakati wabyo waliwo ebyefanaanyiriza, mwewale ebyefanaanyiriza halal ne haram." Ebikolwa oba ebintu

ebyakkirizibwa mu Busiraamu byangu byakutegeera, kubanga byeyolekera mu muntu yenna. Okugeza, okulya emmere ennungi, okunywa ebyokunywa ebikkirizibwa, okufuna obujjanjabi, okutambula, okusoma, okweebaka, okwambala, okunyumya, n'ebilala. Ebyo byonna byakkirizibwa era byeyolefu eri buli muntu yenna. Ebintu ebitakkirizibwa (ebya haram) nabyo byeyolefu. Abantu abasinga obungi ababikola bekweeka, tebaagala kubikola mu lwatu. Okugeza, okubba, (ababbi abasinga bajja kiro nga abantu tebabalaba), okwenda (okukola zina), nakwo abantu abakukola bekweeka tebaagala bantu balala bamanye nti beenzi. Okulya embizzi n'okunywa omwenge, nabyo tebikkirizibwa, (biri haram), era abantu ab'abikola bekweeka. Ebikolwa n'ebintu ebya haram Allah byeyagaana, byabulabe eri omuntu aba akikoze era bya bulabe eri abantu bawangaala nabo. Okugeza, okunywa omwenga, Ku lunaku lw'enkomelero, Allahu ta'ala ajja kubonereza omuntu eyanywa omwenge wano ku nsi. Wano ku nsi omwenge gukosa obulamu bw'omuntu agunywedde, gukosa obwongo bwe, era aba wabulabe nyo eri abantu abamwetolodde. Amazambi amalala, nga okubba, okutta, okwenda, enguzi, nago ga bulabe eri omuntu wano ku nsi ne ku lunaku lw'enkomelero. Allahu ta'ala yakkiriza ebintu ebimu era n'aziyiza ebimu, kubanga oBusiraamu ddiini nnungi nyo, ddini ya mirembe. Allahu ta'ala ayagala abaddu be ku nsi bawangaale mu mirembe. Ebikolwa ebikyaamu byonna bireeta obulabe n'obutabanguko mu bantu. Okugeza, okubba, omuntu gwebabbyeeko ekintu kye aba munyiivu nyo. Bw'asaanga omuntu eyamubba ayinza okumutusaako obulabe. Okubba kuba kulyazamaanya nanyini kintu gwebabbyeeko, n'olweekyo Allah yagaana obubbi. Allahu ta'ala, Mumanyi nyo kw'ebyo ebikwaata ku bitonde byonna. Kale kyeyakkiriza oteekwa okukikola ate kyeyagaana kireke! Tobuuza era tonoonyereza lwaaki yakigaana oba lwaaki yakikkiriza. Okweewala ebikolwa n'ebintu ebyaziyizibwa (ebya harâm), kwa mugaso nyo gyetuli era kwa mugaso eri abantu abalala betuwangaala nabo awamu, nga bwetunyonyodde waggulu. Okukola ebyo Allah bye yalagira, kwa mugaso eri omuntu yenna. Okugeza Allahu ta'ala yakulagira okusaala, okusiiba, okutoola Zakat, okumusinza yekka (obutakola shirk), okuyamba abetaavu, okulabilira abazadde ababiri, okuyamba ba mulekwa, n'ebilala. Ebintu bino byonna Allahu ta'ala bye yalagira, bw'obikola ofuna empeera era n'owonyezebwa ebibonerezo by'olunaku lw'enkomelero. Ebintu Allah bye yalagira bwetubikola, obulungi obulala obuvaamu budda eri

abantu betuwangaala nabo. Okugeza, Omusiraamu bwatoola zakat, afuna empeera mu maaso ga Allah. Era zakat gy'aba atodde, abantu abagiweebwa nga; abanaku, abaavu, nabo bagiganyulwaamu. Nabweekityo okuyisa obulungi abazadde ababiri, ofuna empeera era nabo baba basanyufu gy'oli era bakusabira nyo. Tekkiribizibwa Omusiraamu okukola Allahu ta'ala byeyamulagira okukola ate akeseera keekamu nga akola ebyaziyizibwa. Okugeza; Omusiraamu takkirizibwa kukola shirik, okutta, ate nga asaala, oba atoola zakat. Kirungi okuleka amazambi, neyenenya oluvannyuma n'akola ebyo Allahu ta'ala byeyamualgira okukola. Omumanyi omu ayitibwa **"Bahâaddîn Bukhârî"** agamba, omwan'adamu, ayagala okufuna okwesiimwa ewa Allâhu ta'âlâ, ateekwa okufuga obwagazi bw'omutima gwe (nafs). Ebiseera ebisiinga, emitima gye'givaako abantu okukola ebikolwa ebikyaamu olw'okwaagala okugisanyusa. Emitima gyaffe era gituyamba mu kukola ebintu ebirungi. Okugeza; mu mwezi gwa Ramadhân, Omusiraamu asiiba olunaku lwonna nga talidde. Abeera n'obusobozi obulya, naye afuga omutima gwe natalya kintu kyonna. Ate oyo atafuga mutima gwe yekweeka n'alya, kubanga aba tatya Allahu ta'ala, wabula atya bantu banne. Omutima guvaako ebiyungo ebirala okukola ekintu ekirungi ekya halal oba ensobi (haram). Amaaso galaba ekintu ekirungi negegoomba. Gatunula butunuzi negagenda. Omutima gwo gweegufuga ebiyungo byomubiri byonna. Omutima guwaliriza amaaso okutunula ku haram. Omutima guwaliriza ebigere okugenda mu haram. Omutima guwaliriza olulimi okwoogera ebikyaamu. Kale mukuume nyo obwagazi bw'emitima gyammwe! Bw'omala okukuuma obwagazi bw'omutima gwo, manya nti Allahu ta'ala akulaba. Buli wonna wobeera Allahu ta'ala akulaba. Omulimo gwonna gw'okola gukole n'obwegendereza, kubanga gugwo, si gwa muntu mulala. Omulimu gw'okola gunyirize, ojja kusanyikira ebibala ebiguvaamu. Bw'osaala beera mukkakamu, swalat gy'osaala yiyo, si ya muntu mulala. Obuwangaazi bwo kuno ku nsi bufunda, kola emilimu egisanyusa omutoonzi wo Allahu ta'ala. Weyise bulungi eri ebitonde ebilala Allahu ta'ala byeyateeka kunsi. Okugeza, weyise bulungi eri bantu banno. Yamba abetaavu n'abanaku mu bbo; yamba ebisolo n'ebinyonyi, naawe Allahu ta'ala ajakkuyamba mu kiseera ekizibu nga tosobola kweyamba. Tolyazamaanya kintu kya muntu mulala, wadde okulya maali ye nga togisabye. Kkola nyo olye mu ntuyo zo, kozesa ekitono ekyo Allahu ta'ala kyeyakuwa, ojja kwesiima!

OMUKO OGW'OKUSATU, EBALUWA EY'EKINAANA MU NYA

Amateendo amajjuvu ga Allâhu ta'âlâ, era ebyengera n'emirembe bibeere eri o'wekitiibwa nabbi Muhammad Ssala llahu Alaihi Wa Ssalama! Omuntu ayagala okwesiima ku ku nsi ne ku lunaku kw'enkomelero, ateekwa okulongoosa enzikiriza ye, agobelere enjigiriza entuufu eya nabbi Muhammad Ssala llahu Alaihi Wa Ssalama awamu n'enkola ya ba Ashâb-i-kirâm. Omukkiriza omutuufu takkirizibwa kuteeka ndowooza ze mu mateeka ga Busiraamu. Alina okweewala endowooza zabantu abakyaamu abakyuusakyuusa amateeka g'oBusiraamu ku misingi egitali mituufu. Tusaba Allâhu ta'âlâ asasule nabbi Muhammad Ssala llahu Alaihi Wa Ssalama awamu ne ba Ashâb-i-kirâm, olw'omulimu omulungi gwe baakola mu kubunyisa eddiini eno ey'oBusiraamu! Omuntu Omusiraamu omukkiriza ateekwa okweyigiriza emisomo gy'oBusiraamu, nga fiqh, hadith ne siira. Emisomo gino gimuyamba okuyiga engeri yokwesinzaamu Allahu ta'ala. Okugeza, aba asobola okuyiga swalat nga bw'esaalibwa, empagi zaayo, ebyonoona esswala, ebitta wudhu, ebisiibulula omusiibi, ne'bilala. Omukkiriza bw'amala okweyigiriza enkola y'oBusiraamu, ateekwa okugigobelera. Omukkirizia kirungi nyo okujjukira Allâhu ta'âlâ (okukola dhikr) buli kiseera (ng'ogamba bwooti: **Subhana Allah, Alhamdullillah, La ilaha Ila llah, Allahu Akbar)**. Omukkiriza oteekwa okumanya Amanya ga Allahu ta'ala N'Ebitendo bye [Asma-u llâhu ta'âlâ wa Sifât-i-dhâtiyya.] Tuteekwa okugakozesa nga tusaba Allahu ta'ala. Okugeza bw'oba osaba edduwa yonna, kirungi n'osoma amanya ga Allah n'olyoka osaba. Oyinza okugamba: ya Rahmân, Ya Rhahîm, Ya Hayyun, Ya Qayyum, Ayi mukama katonda wange nkusaba onsonyiwe ensobi zzaange. Ya Allah Omuyinza ku buli kintu, nkusaba ompe obuwangaazi obulungi,,,,,. Oyinza okusaba dduwa ez'enjawulo nga okozesa amanya ga Allâhu ta'âlâ n'ebitndo bye. Kirungi nyo Omusiraamu okweyigiriza amanya ga Allâhu ta'âlâ n'okugakwaata mu mutwe, n'okumany amakulu gaago. Bw'oba osaba edduwa, okkirizibwa okusaba mu lulimu lw'omanyi, nga oluganda, olunyankole, olusoga, oluswayiri, oluteeso oba olulimi olulala lwonna. Kubanga Allahu ta'ala gwetusaba amanyi buli lulimi lwa buli kitonde. Omusiraamu bw'omala okusaala emu ku swalat ettaano eza buli lunaku, kirungi n'otoola adhikâr (ng'ogamba; **Astagfiru llah** (emirundi esatu,) **Allahuma Anta Ssalaamu, Wa Minika Ssalaamu, Tabârakta Ya dhal Jalâl wal**

Ikrâm. Oluvannyuma ogamba; **Subhanallah** (emirundi asatu mw'esatu;) **Alhamudllillah**, (emirundi asatu mw'esatu,) **Allahu Akbar**, (emirundi asatu mw'esatau,) **La ilaha Ila llahu wahdahu La shariika Lahu**, omulundi gumu). Bw'oyingira mu muzigiti ng'obudde bukyaali, kirungi okusaala raka bbiri eza sunna, oluvannyuma n'osoma Qur'an nga bw'olinda okusaala swala eya farz. Omukkiriza osobola okukola Dhikr (okujjukira Allah ta'ala) ne bw'oba nga tolina wudhu. Oliwaddembe okukola Dhikr buli kiseera. Okkirizibwa okukola Dhikr ekiseera kyonna, okugeza nga otudde ku mukeeka, oba ku ntebe, nga webase ku buliri, oba ng'oli mulugendo otambula, ng'oli mu kiyungu ofumba mmere oba ng'oyera, ng'olya mmere oba ng'onyumya. Wabula tokkirizibwa kukola Dhikr ng'olimukweyamba oba ng'oli mu kifo ekikyamirwaamu kyonna (ekinaabiro ne kabuyonjo). Okujjako dduwa gyetusoma nga tuyingira era nga tufuluma mu kabuyonjo.

Ng'okyali mulamu, jjukira Allah (kkola Dhikr), Buli kiseera!
Okujjukira Allah (okkola Dhikr), kutebenkeza omutima gw'omukkiriza.

Omukkiriza bw'ajjukira Allah ta'ala afuna essanyu, okwesiima, n'okutebenkera mu mutima gwe. Allahu ta'ala, ayanukula edduwa z'omukkiriza oyo amujjukira buli kiseera era n'amumalira obwetaavu. Allâhu ta'âlâ yekka, yalina obuyinza obuwa omuntu ekintu kyonna. Omuntu newaakola enyo, nga Allâhu ta'âlâ teyamugelera kufuna kintu kirungi takifuna. Era n'ekibi kyonna Allâhu ta'âlâ kyataamugelera tekiyinza ku mutuukako.

Omukkiriza bwajjukira Allâhu ta'âlâ, omutima gwe guvaamu obunafu. Negubeera mutima mukozi gwa milimu milungi, ogutya Allâhu ta'âlâ. Omukkiriza ajjukira Allahu ta'ala, agondera amateeka g'oBusiraamu (Ahkâmi- islâmiyya), n'akola ebyo Allâhu ta'âlâ byeyalagira neyeewala n'ebyo Allâhu ta'âlâ byeyagaana. Okujjukira Allâhu ta'âlâ, kwe kuvaako omukkiriza okukola emilimu emirungi n'okutangira omutima gwe eri obwagazi bw'omutima oba obwagazi bw'ensi.

Omukkiriza yenna akola nyo ku nsi okufuna obuwanguzi bwa Allahu ta'ala,
Ne bwebuliba ddi Allahu ta'ala alimuwa obuwanguzi!

BALUWA EY'EKIKUMI MU KUMI NE NYA

Ebaluwa eno omutwe gwaayo gwaali; "Makâtib-i-sharîfa" Yawandikibwa n'omu ku bamanyi ayitibwa, Abdullah Dahlawî 'rahima-hullâhu ta'âlâ'; egamba bweeti;

Allâhu ta'âlâ mugulumivu yayawukana ku bitonde byonna. Toyinza kumugerengeranya ku kintu kyonna. Allâhu ta'âlâ

y'afuga ebitonde byonna ebiri mu ggulu ne munsi. Ebitonde byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi biriwo lwa kwagala kwe. Allâhu ta'âlâ ayogera mazima, era yaalaga abaddu be ekkubo ettuufu. Tusaba Allâhu ta'âlâ asse ebyengera n'emirembe ku nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam, ne kubantu be ab'omunju ye awamu n'abagoberezi be bonna abaamuddira mu bigere (Ashâbihi) radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în ! Abasiraamu abakkriza abagobelera enkola y'owekitiibwa nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam entuufu eyitibwa **(Ahl as-sunnat wa-l-jamâ'at)**, tuteekwa okumanya ntino waliyo ebibinja ebyaabula naye nga nabyo byelimbika mu Busiraamu. Mu bibinja bino mulimu abeeyita; **Abashi'a**; abalala beeyita **Bahamadiya**; abalala bayitibwa **Râfidwa**, n'obubinja obulalalala. Ebibinja bino birina enzikiriza eyawukana n'enzikiriza eya Ahl as-sunnat wa-l-jamâ'at. Okugeza, ffe mu Ahl as-sunnat wa-l-jamâ'at, tukkiririza mu bukulembeze bwa ba Khalifa abana abaddilira nabbi nga afudde. Tukkiriza ntino Abubakr Swidiq yasooka, nekuddako, Umar bin Khatab, nekuddako Uthman bin Affan, ow'okuna nabeera Ali bin Abi Talib, radhiyallah anihum ajma'ina. Ekibinja ekiyitibwa ekya **Abashi'a**, bbo basukkulumya Alî bin Abi Talib 'radiy-Allâhu 'anhu, ku bakhalîfa abalala abasatu abasigadde, (Abubak, Umar, ne Uthman) 'radiy-Allâhu 'anhum. Omusiraamu omutuufu takkirizibwa kwaawula yawula mu ba khalîfa abo abana. Era **Abashi'a**, bbo basukkulumya mutabanyi wa Khalifa Ali ne mukyaala we Fatuma radiy-Allâhu 'anhum, ayitibwa Hussein ku baana be abalala. Khalîfa Alî bin Abi Talib 'radiy-Allâhu 'anhu, yalina abaana bangi, era beebano; *Hassan bin Ali bin Abi Talib; Hussein bin Ali bin Abi Talib ; Muhsin bin Ali bin Abi Talib; Abbas bin Ali bin Abi Talib;Hilal bin Ali bin Abi Talib ; Abdullah bin Ali bin Abi Talib ; Jafar bin Ali bin Abi Talib ; Othman bin Ali bin Abi Talib; Obaidullah bin Ali bin Abi Talib; Abu Bakr bin Ali bin Abi Talib ; ne Omar bin Ali bin Abi Talib.* Okusinziira ku nzikiriza ya Ahl as-sunnat wa-l-jamâ'at, tetukkirizibwa kwaawula oba kusukkulumya omu ku baana ba Khalifa Ali, kubalala. Bonna bonna tubawa ekitiibwa kyenkanyi. Tetukkirizibwa kuvuma wadde okunyomoola nnabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam, n'abantu be ab'omunju nga bakyaala be n'abaana be. Era tetukkirizibwa kuvuma nakunyomoola ba swahaba ba nabbi, ba Khalifa n'abantu baabwe bonna, radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în awamu n'abasiraamu bonna okutwaaliza awamu!

Ebimu ku bitabo ebyoogera ku bukulu bwa nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam, abantu be ab'omunju wamu ne

ba swahaba radiy-Allâhu ta'âlâ 'anhum ajma'în, nga byawandiikibwa abamanyi aba **Ahl as-sunnat wa-l-jamâ'at** 'rahima-humullâhu ta'âlâ', byeebino; **Izâlat-ul-khafâ 'an khilâfat-il-khulafâ, ekilala kiyitibwa, Qurrat-ul-'aynain fî tafdhîl-i-shaikhayn**, byombiliri byawandiikibwa omumanyi ayitibwa Muhaddîth Dahlawî 'rahima-hullâhu ta'âlâ', eyafa mu mwaaka gwa 1114 H [1702 A.D.] . ekitabo ekilala kiyitibwa **As-sawâiq-ul-muhriqa**, kyawandiikibwa omumanyi w'oBusiraamu ayitibwa Ibni Hajar-i-Makkî 'rahima-hullâhu ta'âlâ'. Ebitabo bino byavunulwa mu nnimi ez'enjawulo n'ekitongole ekiyitibwa Hakîkat Kitâbevi, ekisangibwa mu kibuga, Istanbul, e Turkey. Omusiraamu bw'asoma ebitabo bino, yeyongera okumanya obukyaamu obuva ku bantu abeyita abasiraamu, naye nga si kyebali. Abantu abo balimbisa oBusiraamu, nebateekawo ebikolwa ebitali bya Busiraamu. Era bbo bagamba ntino bagoberezi ba ba-imamu ekkumi n'ababiri, naye nga si bituufu byebakola mu Busiraamu.

Omusiraamu omutuufu ateekwa okugobelera obuwufu bw'abalonguufu (Salaf-assâlihîn) abaddira nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam, mu bigere. Omusiraamu omugezi ateekwa okwaawula wakati w'amazima n'obulimba. Ebikolwa eby'obusriaamu ebimu abalabe b'oBusiraamu be babiteekawo (bid'at). Tebyaaliwo ku mulembe gw'owekitiibwa nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam. Ebintu ebibiri tebisobola kwegatta mu lundi gumu mu muntu omu; "obukkiriza n'amasanyu g'ensi". N'olwekyo omukkiriza oteekwa okwelekereza amasanyu g'ensi ofune okwesiima ku lunaku lw'enkomelero. Okugeza, abidigize ku nsi kuno, banywa omwenge, balya embizzi, abasajja begata na buli mukyaala gwa asanze, n'abakazi nabo ne begatta n'abasajja bebaagala, babbi, balya enguzi, ; balyazamaanya; bino byonna biva ku kwaagala nsi. Omukkiriza ateekwa okubireka n'agondera Allâhu ta'âlâ, ajj'akumusasula ku nkomelero. Omukkiriza alina okwesiga Allâhu ta'âlâ (Tawakkul ala Allah) mu buli nsoonga yonna. Obuzibu oba obulungi bwonna bw'ofuna Allâhu ta'âlâ abumalawo, kubanga Allâhu ta'âlâ muyinza era makasi wa buli kimu. Abasiraamu abakkiriza abatusooka, bagobelera enkola ya Salaf-i-sâlihîn 'rahima-humullâhu ta'âlâ' awamu ne Sunnat za Rasûlullah's 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam'. Buli kmu kyebakolanga, kyali kirungi, bewala buli kimu ekyaziyizibwa oba ekyetamwa (harâm oba makrûh). Okujjukira oba okutendereza Allah mu kyaama (kasirise) (**Dhikr-i-khafî**), kirungi nyo okusingako okutendereza mu lwaatu (**dhikr-i-jehrî**). Bw'omala okusaala soma tasbihati mu kyaama, kasirise, mpola mpola, so si mulwaatu nga buli omu

awulira. Ne bwooba otambula mu mutoka oba ku boda, jjukira Allahu ta'ala, naye mu kisirise, nga n'omuntu akuli okumpi tayinza kumanya kiki ky'okola.

Obulamu bwo bukozese okwetegekera enkomelero yo,
Bw'ova wano ku nsi tolina kilala kyojja kukola!

Toyawukana ku njigiriza ya nabbi Muhammad,
Bw'onokola ebyo byeyakulagira ojjakwesiima!

Abakkiriza babonaabona nyo ku nsi,
Bajjakusasulwa ku lunaku lw'enkomelero.

Omuntu ne bw'awangaala emyaaka lukumu,
Ateekwa okuddizibwa ewa Allâhu Ta'âlâ!

OKUNYONYOLA OKUSEMBAYO OKW'EKITABO KINO MU BUFUNZE

Ebitonde bingi mu nsi byetulaba ebilamu (ebissa) nga abantu, ebinyonyi, ebisolo, era netulaba ebitonde ebitassa nga amayinja, ensozi, ettaka, amazzi, enjuba, omwezi, ne bilala, byonna biriwo ku lw'obuyinza bwa Allâhu Ta'âlâ. Tewali amanyi buwangaazi bwa kitonde kilala okujjako nanyini kubitonda oyo Allâhu Ta'âlâ. Yateeka omuntu ku nsi abeere nga amusinza. Ebitonde ebilala Allâhu Ta'âlâ byeyateeka ku nsi byamugaso eri omuntu. Okugeza, enjuba n'omwezi omuntu ebifunako ekitangaala. Ebisolo nga; embuzi, ente, engamiya, n'endiga, omuntu alya enyama yaabyo, nanywa amata awamu n'okubitunda najjamu ssente zayinza okumalisa ebyetaago ebilala nga okugula eddagala, engoye, okusasula ssente z'essomero (sukulu fizi). Allâhu Ta'âlâ yatonda omuntu n'amuwa amagezi n'obusobozi obukola ebyuuma n'amakolero nabyo bibeere bya mugaso gyaali. Nga mubyo muyinza okuvaamu, akagali, pikipiki, emmotoka, radiyo, televizoni, essimu, engoye, engatto, eddagala, empapula, sukali, kompyuta, n'ebilala. Bino byonna Allâhu Ta'âlâ yasobozesa omuntu okubyetusaako, abeere nga asobola okumala ebyetaago bye eby'ensi. Omuntu Allâhu Ta'âlâ kyakwetaagako kuno ku nsi kumwesinza kwokka. Okole ebyo byeyakulagira era oleke ebyo byonna byeyagaana.

Okubeerawo kw'ebitonde byonna, nga buli kitonde kitambulira mu kubo lyakyo bulungi awatali kukonagana na kilala, kiraga obuyinza bwa Allâhu Ta'âlâ. Era Allâhu Ta'âlâ yekka yalina obuyinza obukyusakyusa obutonde bw'ekintu

kyonna. Okugeza, omuntu abeera mu lubuto lwa nyinna, n'azaalibwa. Oluvannyuma akula mu mitendera, nga okumutuuza ku mubiri, okutuula wansi, okuyimilira, okutambula, okudduka, okuvubuka, mpaka lw'akaddiwa n'afa, abamu bafa bakyaali bato. Bino byonna bibeerawo ku lwa buyinza bwa Allâhu Ta'âlâ , omuntu oba ekitonde kyonna tekirina buyinza bukyuusa mu kugera kwa Allâhu Ta'âlâ.

Omuntu bwatunulira ebitonde ebimwetolodde kyangu nyo okutegeera obuyinza bwa Allâhu Ta'âlâ nanyini kubitonda. Wabula abantu abatali basiraamu berabira amaanyi n'obuyinza bwa Allâhu Ta'âlâ. Abamu mu bbo balowonza ntino ebitonde ebimu byetonda byokka, ekitali kituufu. Omuntu oteekwa okukozesa amagezi go oketegeere nti buli kitonde kyonna kiriwo ku lwa buyinza bwa Allâhu Ta'âlâ, era yekka y'asobola okukyusakyusa ebitonde. Okugeza, Allâhu Ta'âlâ yekka yatonnyesa enkuba, yatambuza omwezi ne munyenye, Allâhu Ta'âlâ ajja enjuba gyeeva mpaka gyeegwa. Allâhu Ta'âlâ y'awa obulamu era yabujjawo. Ku lw'okulungamya abantu, Allâhu Ta'âlâ buli mu mulembe gwonna yatumamu ababaka abayitibwa ba **"nabbi"** 'alaihim-us-salawât-u-wa-t-teslîmât, okuviira ddala ku mulembe gwa 'Adam ''alaihis-salâm' mpaka ku mulembe gwa nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam'. Ababaka bonna Allâhu Ta'âlâ beyatuma, obubaka bwaabwe bwaali bwakumanya ntino Allâhu Ta'âlâ ali omu yekka asaana okusinzibwa. Wankubadde buli mulembe Allâhu Ta'âlâ yatumamu omubaka okuva mu bbo benyini, abantu abamu bakkirinza obubaka bwebajja nabwo ate abamu bbo(abakafiiri) bagaana okukkiriza ababaka baabwe. Abantu bonna abagaana okukkiriza ababaka ba Allâhu Ta'âlâ, era ne batagobelera mateeka ga Allâhu Ta'âlâ, bajjakubonerezebwa ku lunaku lw'enkomelero. Allâhu Ta'âlâ yatuma ababaka be bayigirize abantu amateeka ge **Dîn** ey'oBusiraamu **(Ahkâm-i-dîniyya)**, mu mateeka mulimu ebiragiro bya Allâhu Ta'âlâ n'ebyo byeyaziyiza abaddu be. Omuntu yenna takkirizibwa kwawukana kw'ebyo Allâhu Ta'âlâ bye yassa ku babaka be. Tutekwa okubakkiriliza mu babaka ba Allâhu Ta'âlâ bonna be yatuma awamu n'ebitabo ebyaava mu ggulu (kutbu ssamawiya).

Abantu ffenna ab'omulembe gu ogusemebayo ogwa nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam', tutekwa okumugobelera, n'okugobelera amateeka ga Allâhu Ta'âlâ agali mu Qur'an Kerim. Kubanga emirembe egya bannabbi abalala gyo gyayita. Okugeza, Adamu, Yusuf, Luutu, Swaleh, Musa, Issa,

Iliyas-a, Nuhu, Sulaiman, n'abalala, gyonna gyayita, era obumu ku bubaka bwaabwe busangiwa mu Qur'an kerim. Ababaka Allâhu Ta'âlâ byeyatuma bonna yabatuma ne **Dîn** emu ya Busiraamu yokka era ye ddini yokka Allâhu Ta'âlâ gyakkiriza. Abantu abakkiriliza mu madiini amalala, nga obusamize, obulokole, obukurisitaayo, obuyudaaya, n'amalala, okwesinza kwaabwe, n'emilimu gyaabwe Allâhu Ta'âlâ tagikkiriza, era bwebafa nga tebayingidde Busiraamu ne benenya, kulunaku lw'enkomelero bakuyingizibwa mu muliro Jahannama (Geyeena).

Allâhu Ta'âlâ yatuuma ow'ekitiibwa nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' nga ye nabbi ow'enkomelero (ye nabbi assemabyo), tewali mubaka wa Allâhu Ta'âlâ mulala yenna agenda kujja oluvannyuma lwe. Allâhu Ta'âlâ yassa ku nabbi we ow'ekitibwa Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam, ekitabo ekiyitibwa Qur'an kerim. Omuntu yenna eyeyita nabbi; nga betuwulira ennaku zino mu balokole, abo bonna bannabbi ba bulimba. Kumulembe guno tutekwa okujja amateeka ge ddini okuva mu Qur'an, kubanga yeyasangulawo ebitabo ebilala ebyaava muggulu. Ekitabo ekyitibwa Baibuli, ekiriwo ensanji zino, kyajjula ebigambo bya abantu. Tulaba, waliwo endagaano enkadde n'empya, baibuli abantu bagikyuusa nebagiteeka mu nnimi zaabwe. Embeera eno, eyawukanira ddala ne Qur'an entukuvu, kubanga Qur'an byo bigambo bya Allâhu Ta'âlâ, bye yassa ku mubaka we nabbi Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' eranga Qur'an yo yassibwa mu lulimi luwalabu, era lw'ejjokubeeramu luberera. Qur'an evalunulibwa mu nnimi ez'enjawulo nga ejjibwa mu lulimi oluwalabu. Allâhu Ta'âlâ yeyama okukuuma Qur'an nga tekyusiddwa mpaka ku lunaku lw'enkomelero.

Omuntu Omusiraamu ateekwa okwebaza Allâhu Ta'âlâ olw'ekyengera eky'oBusiraamu. Omusiraamu yenna akkiriza era nakakasa nti Allâhu Ta'âlâ ali omu yekka, Tazaala, Teyazalibwa, era talina kimwefananyiriza kyonna. Abasiraamu era bakkiriza nti nabbi Muhammad 'alaihissalâm' mubaka wa Allâhu Ta'âlâ, ne banabbi abalala nga Issa, Musa, Ibrahim, Yusuf, nabo babaka ba Allâhu Ta'âlâ abagobelera eddini **y'oBusiraamu**. Wabula abantu abatali basilaamu (abakafiiri), bbo enzikiriza yaabwe eyawukana ne y'oBusiraamu era ya bubuze nyo. Kubanga, bagamba nti Issa, katonda, ekiseera ky'ekimu nebagamba nti mwaana wa katonda. N'olabira ddala nga bali mu katemba mwenyini. Ate bw'otunulira abakkiriliza mu by'obuwangwa (emizimu), benyini beteekerawo bakotonda baabwe ate ne babesiinza, buno nabwo bubuze bwa

maanyi. Abantu ffena tuteekwa okunywelera ku ddini y'oBusiraamu, ddini eyamazima, Allâhu Ta'âlâ gyeyasalirawo abantu bonna, era okufa tekutujjiranga okujjako nga tuli basilaamu (tujemulukukidde Allâhu Ta'âlâ) netukola ebyo by'ayagala netuleka n'ebyo byeyagaana. Omusiraamu kikukakatako okweyigiriza eddini yo ey'oBusiraamu, obeeranga wesinza Allâhu Ta'âlâ mu butuufu bw'okumwesinza. Musiraamu ssebo oba nyabo bw'oba tewafuna mukisa gusomera mu masomero ga Busiraamu, weyigirize eddini kati. Oyinza okugenda mu darasa z'abawalimu ne bamasheihk mu mizigiti, oyinza okuwuliriza emiso gy'oBusiraamu ku radiyo n'okugigibelera ku televizoni nga Salam TV. Omusiraamu omuzadde twaala omwaana wo mu masomero g'oBusiraamu ayige eddini ye bulungi n'amagezi amalala nga okubala, oluzungu,eby'obulamu, n'ebilala. Kati munsi yaffe Uganda, abasiraamu tulina omukisa ogw'amasomero g'oBusiraamu. Tulina agasokerwaako (aga pulayimale); agaddilira (aga sekondare); awamu n'amatendekero agawaggulu (univasite), nga gonna gazimbibwa ku misingi gya Busiraamu eranga gayigiriza bulungi eddini y'oBusiraamu n'amagezi g'ensi amalala. Abazadde abasiraamu omukisa guno tugukozese nyo, kubanga bakadde baffe abatusooka omukisa guno tebaagulina. Era ne munsi endala ezisosola mu madiini, abasiraamu bakalubizibwa nyo okuyigiriza abaana baabwe eddini y'oBusiraamu. Tusabe nyo Allâhu Ta'âlâ atunywereze ku Busiraamu! Abasiraamu tuteekwa okwetegereza enyo, obukodyo abalabe b'oBusiraamu bwebakozesa okuzabuza abasiraamu n'abantu abalala. Obumu ku bukodyo bwebakozesa, mulimu okuvunula ayat za Qur'an mu bukyaamu (kifuula nnenge), okulimbisa Qur'an n'omubaka Muhammad 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' n'ebilala. Tuteekwa okwegendereza ebitabo byetusoma, awamu n'obubaka oba pulogulamu za radiyo ne za televizoni. Ow'ekitiibwa nabbi Muhammadi 'sall-Allâhu ta'âlâ 'alaihi wa sallam' yatukubiriza **"okweyigiriza oBusiraamu okuva ku bantu abalongoofu"**. Tuyinza okutuula mu misomo gyaabwe, okusoma ebitabo byebawandiika, oba okubawuliriza ku radiyo ne televizoni.

Nga bwetwanyonyola mu kitabo kino, Omusiraamu yenna ateekwa okubikka obwereere bwe. Twagaamba obwereere bw'omusajja buva ku kkundi mpaka ku maviivi. Wabula kirungi nyo omusajja okwambala empale empaanvu awamu ne ssati oba t-saati waggulu. Ate omukyaala omubiri gwe gwonna bwereere okujjako ebibatu bye ne mu maaso (mu fesi). Omukyaala

Omusiraamu ateekwa okwebikka nga afuluma awaka we, era takkirizibwa kwolesa mubiri gwe eri muntu yenna atamuzira. Omukyaala omufumbo kirungi omubiri gwo n'ogulaga bbaawo yekka, oba abasawo abakyaala mu ddwaliro. Ate omuwala omuto tokkirizibwa kulaga muntu yenna mubiri gwo, okujjako ng'olwadde abasawo nebakwekebejja. Kyawandikibwa mu kitabo ekiyitibwa **Kimyâ-i-se'âdet** nti " Omuwala n'omukazi abasiraamu tebakkirizibwa (kiri harâm), kutambula nga tebabisse bitundu bya mibiri gyaabwe (nga omutwe, enviiri, emikono, ebigere, n'omubiri gwonna). Era tebakkirizibwa kwambala ngoye zibakwaata (eza fitiingi), tebakkirizibwa kwambala ngoye eziriko eby'okwewunda ebingi era tebakkirizibwa kwekuba buwoowo (parfumu) nga baava mu mayumba gaabwe. Abazadde baabwe, oba ba bba baabwe, oba banyina bwe, bwebabakkiriza okufuluma awaka mumbeere ezo ezawukana n'oBusiraamu, nabo bafuna omusaango mu maaso ga Allâhu Ta'âlâ era nabo bajja kubonerezebwa ku lunaku lw'enkomelero." Wabula bwebeenenya (nebakola Tawba), nebataddamu kukikola Allâhu Ta'âlâ ajja kubasonyiwa, kubanga Allâhu Ta'âlâ ayagala nyo abantu abenenya (abakola Tawba). Omukyaala Omusiraamu bweyebikkilira omutwe nga ayambadde hijâb oba engoye empaavu ezibikka omubiri gwe bulungi, afuna empeera ewa Allâhu Ta'âlâ, abeera n'ekitibwa buli wonna wayita, omubiri gwe gufuna embugumu erimala, aba akuumye obulungi bwe, era tamanyirirwa basajja abatali bbawe.

Owaana Omusiraamu bw'avubuka (bâligh) ng'era alina amagezi (âqil) asobola okwawula wakati w'ekirungi n'ekibi, aba avunanyizibwaako amateeka g'oBusiraamu gonna **(Ahkâm-i-islâmiyya)**. Bwa'kola ekirungi (halâl) oba ekibi kyonna (harâm), kiwandikibwa ku lukalala lw'emilimu gye, gyajj'okusasulwa ku nkomelero mu maaso ga Allâhu Ta'âlâ. Abantu okutuuka mu myaaka gy'ekivubuka bawukana okusinziira ku butonde bwaabwe, oluusi n'amawaanga mwebava. Okugeza, abanayuganda abawala abamu bavubuka (okutandiika ensoonga z'ekikyaala), nga ba myaaka kumi n'ebiri (12), ate abavubuka abamu bavubuka (okutandiika okuvaamu amazzi g'ekisajja agazaala) nga ba myaaka kumi n'etano (15). Ate mu mawaanga g'abeeru (okugeza abawalabu n'abazuungu), abawala abamu bavubuka okuva ku myaaka mwenda (9), ate abalenzi bbo nga ba myaaka kumi n'ebiri (12). Omuntu awangadde nga si Musiraamu, n'asilamuka nga mukulu, ekiseera ky'asiramukiddemu, ateekwa okweyigiriza oBusiraamu okuva ku bamanyi b'oBusiraamu nga

abawalimu, ba sheikh, n'abasomesa b'oBusiraamu. Ateekwa okumanya buli kwesinza (ibada) kwonna kw'akola. Okugeza, bw'amala okutoola shahada, ateekwa okuyiga ngeri gyebafuna wudhu n'okusaala. Ayiga engeri abasiraamu gyebasiiba n'ebyonoona okusiiba, n'emapgi endala ateekwa okuzimanya. Omunu bwaaba asilamuse, buba buvunanyizibwa bwe okuyiga oBusiraamu era buba buvunanyizibwa bw'abasiraamu abamulilanye bawangaala nabo okumuyigiriza oBusiraamu. Nga bwetwanyonyodde oluberyeberye, ennaku zino omuntu ayagaala okuyiga oBusiraamu, ayinza okutuula mu darasa za basheikh, oba ezabawalimu, era ayinza okuwuliriza emisomo gy'oBusiraamu ku radiyo z'abasilamu oba okugobelera emisomo gy'obusilamu ku televizoni, awamu n'okusoma ebitabo by'oBusiraamu ebyawandikibwa abamanyi b'oBusiraamu abatuufu. Ebitongole by'abasiraamu mu nsi bingi ebifulumya ebitabo ebikwaata ku ddini y'oBusiraamu. Okugeza ekitongole ekiyibwa Hakîkat Kitâbevi ekisangibwa mu kibuga Istanbul, mu nsi eyitibwa Turkey, kikoze omulimu munene nyo ogw'okuvunnula mu nnimi ez'enjawulu ebitabo ebiyigiriza oBusiraamu.

Ku lw'okweyigiriza eddini y'oBusiraamu n'okusobozesa abantu b'enjawulo okusoma ebikwaata ku Busiraamu mu nsi yonna, ekitongole ekiyibwa Hakîkat Kitâbevi kifulumya ebitabo bingi eby'omuwendo ebyawandikibwa n'abamanyi aba Ahl assunnat wal Jama'at. Twagala abantu bonna bayige oBusiraamu era bafune n'okwesiima wano ku nsi ne ku nkomelero, in sha –Allah.

Edduwa gyetusaaba Allâhu Ta'âlâ okutukingiriza ebibi; "Allâhumma najînâ min jamî'ul ahwâl-i-wa-l-âfât wa qudî lenâ jamî'al hâjât wa tahhirunâ wa bellighunâ min jamî' is-seyyiât wa refe'unâ a'l-ad-derejât wa bellighunâ aqsa-l-ghâyât min jamî'il khayrât-i-fi-l-hayât-i-wa ba'd-al-memât." Tuyigirizibwa okuva mu zimu ku ahadîth-i-sherîf, nti kirungi nyo Omusiraamu bu kiseera okusaba Allahu Ta'ala akusonyiwe (ng'osoma Istighfâr). Omusiraamu bwajjukira Allahu Ta'ala bu kiseera, nga akola adhikaar (ez'okumakya n'akawungezi), Allahu Ta'ala amukingiriza obubi oba ebizibu ebiyinza okumutuukako.

Obulamu bw'omuntu bu beraawo era ne buggwaawo ng'empwo.
Obulamu bw'omuntu buggwaawo kibwatukira nga teyegekedde.

Omwooyo; ye mulabe w'emibiri gyaffe.
Lunaku lumu omwooyo gulikujjibwaamu.

EBBALUWA EY'EKIKUMI ABIRI MU SSATU

Omuwandiisi we bbaluwa eno ayitibwa Imâm Rabbânî's 'quddisa sirruh', yagiwandikira Tâhir-i-Bedahshî. Egamba bweeti; Okwesiinza okwa sunnat tekukkirizibwa kumenyaawo kwesiinza okwalalikibwa (okwa farz);

Muganda wange! Kimanye ntino Allâhu Ta'âlâ, Alina okwesiinza (ibadaat) zeyakulalikako (eza farza). Muzo mwemuli okumukkiriza n'okumusinza Yekka, n'okugobelera omubaka we Muhammad Sallah llahu alahi wassala, okusaala eswala ettano, okusiiba, okutoola zakat, n'okukola hijja. Emilimu emilala mingi Allahu Ta'ala gyeyalalika ku baddu be. Tokkirizibwa kuleka mulimu ogwakulalikibwaako ate n'okola ogwo ogutali gwa farza gyooli.

Nabwekityo, tumanye ntino tokkirizibwa kukola kintu Allâhu Ta'âlâ kyeyaziyiza (ekya harâm) n'oleka ekyo kyeyakkiriza (ekya halal). Okugeza Allâhu Ta'âlâ yakkiriza obusubuzi ate yagaana enguzi (Riba). Allâhu Ta'âlâ yakkiriza okuwasa/obufubo, naye yagaana obweenzi (zina). Kale tukole ebyo byokka Allâhu Ta'âlâ byeyakkiriza ebya halâl era twewale buli kyonna kyeyagaana ekya haram, tujjakufuna okwesiima mubulamu buno obw'ensi ne kulunaku lw'enkomelero, in sha-Allah.

EBBALUWA EY'EKIKUMI ABIRI MU NNYA

Tâhir-i-Bedahshî, ye muwandiisi w'ebbaluwa eno. Okukakatibwa (wujûb) kwa hajj kubeera ku muntu alina obusobozi, obw'okusasulira ekkubo. Ebbaluwa eno enyonyola bweeti:

Amateendo amajjuvu ga Allâhu Ta'âlâ, era ebyengera n'emirembe bibeere ku owekitiibwa nabbi Muhammad Ssala llahu Alaihi Wa Ssalama! Muganda wange ne mwanyinaze Omusiraamu, kimanye ntino okukola hijja emu ku mpagi z'oBusiraamu ettano era ekolebwa mu mwezi ogw'ekumi n'ebiri oguyitibwa Dhu'lhijja. Wabula empagi eno eya hijja okwawukanako n'empagi endala, Omusiraamu alina obusobozi yekka yateekeddwa okukola hijja omulundi gumu mu buwangaazi bwe. Omusiraamu bw'akola hijja emirundi egissuka ogumu, afuna empeera. Omusiraamu bw'aba n'obusobozi obukola hijja naye neye natagikola, afuna omusango mu maaso ga Allah. Omusiraamu atalina busobozi bukola hijja, talina musaango. Wabula ateekwa okukola emilimu emilala emirungi

egy'oBusiraamu, nga okusaala, okusiiba, okusoma Qur'an, okujjukira/ okutendereza Allahu Ta'ala (okukola Adhikaar), okuwaayo sadaqa, okuyisa obulungi abazadde ababiri, okuyamba bamulekwa n'abanaku, okusaala ekiro, okusiiba ennaku eza sunna, n'emilimu emilala emirungi mu maaso ga Allahu Ta'ala. Hijja tekakata ku mwaana omuto, omuntu omwaavu atalina busobozi, omulalu, omunafu oba omukadde ateesobola. Nga tumaliriza, Omusiraamu takkirizibwa kuleka kusiinza okwalaalikibwa (farz) kwonna nga; okusaala eswala ettano oba okusiiba omwezi gwa Ramadhân, ate n'akola okusiinza okw'okweyagalira (okwa sunnat /nâfila), nga; okusaala tarawuya, okusiiba ku lwebbalaza n'olwokuna. Kirungi nyo okukola farz n'ogattako ne sunnat. Okugeza, kiba kirungi Omusiraamu n'asiiba omwezi Ramadhân, asaala eswala ettano eza buli lunaku, nga asaala tarawuya, Ramadhân bweggwaako nasiiba sitati. Omusiraamu okufuna empeera ewa Allahu Ta'ala kirungi nyo akole emilimu emirungi gyetwogeddeko mu kitabo kino gyonna n'emilala gyetutayogeddeeko n'okwewala ebyo byonna Allahu Ta'ala byeyagaana.

EDDÎNI Y'OBUYUDÂYA N'ABAYUDAAYA:

Bwosoma ebitabo ebitukuvu, ebyafaayo n'ebyawandiikibwa ebirala ebisobodde okubeerawo outuusa ku mulembe gwaffe guno biraga nti eddini eragila abantu okusinza Allah omu nga ye ddini y'oBusiraamu yaliwo kuva dda okuviira ddala ku **Adam** alaihi salam. Nga omuntu amaze okuteekebwa mu nsi, yadde nga ababaka abasing obunji ('alaihimussalawâtu wattaslîmât) baatumibwa jebali okuva ku **Hadrat Âdam** okutuuka ku **Hadrat Ibrâhîm**, tebaatumwa na bitabo binene. Allâhu ta'âlâ yabawa nga butabo butono obuyitibwa **"Suhuf"** (mpapula). Nga era Suhuf zino zaali kikumi (100), kumi ku zzo zaweebwa Ibrâhîm alaih salâm. Okusinziira ku basoma ebyafaayo, Ibrâhîm alaih salâm yazaalibwa emyaka 2122 nga nabbi Îsa tannazaalibwa mu kibuga ekisangibwa wakati w'omugga Euphrate ne Tigris. Nga bwekyaayogerwa, Ibrâhîm alaih salâm yafa nga awezezza emyaaka 175 mu kibuga ekiyitibwa **"Halîlurahmân"** (Hebron) okumpi n'ekibuga Yerusaalem. Okusinziira ku kitabo **La Bible a Dit Vrai** (The Holy Bible Tells the Truth, Baibuli Entukuvu Eyogera Amazima) ekyafulumizibwa omuwandiisi gwebayita **Marston**, ebyasigalira bya Ibrâhîm alaih salâm bingi gyebuvuddeko katono byasangibwa mu bifo ebyo. Nabwekityo, obujulizi okukakasa nti yaliwo mu biseera ebyogeddwaako

waggulu busobola okutegeerekeka mangu. Tata we omuto yali ayitibwa **"Azar"**. Tata we yali ayitibwa **"Taruh"** yafa nga Ibrâhîm 'alaih salâm' akyaali muto. Azar yali mubazzi nga yali abajja ebibumbe biyite amasanamu. Era nga Ibrâhîm 'alaih salâm' akyaali mwana muto yali akimanyi nti ebibumbe tebisaana kusinzibwa.

Yamenya menya amasanamu agaali gakoleddwa ne kitaawe omuto, natandiika okuwakana n'omukulembeze we ggwanga ku nsonga ezikwaata ku ddiini, nga era ono yali **Nimrod** (Namrudi) kabaka wa Babilooni. Namrudi yali mufuzi omulyazamanyi era atalina kisa. Namrudi nga muto, akasota akato kamuyingira mu nyindo, nekamufuula okulabika obubi mu face. Yali mubi awedde emirimu nga kino kyawaliriza ne kitaawe okwaagala okumutta naye maama we naasaba bamuleke aleme kuttibwa. Era awo kitaawe yamugabira omusumba abeere naye ku lusozi. Kitaawe nga amaze okufa, Namrudi yasikira entebe ye, era yeeyita Katonda naayagala abantu okumusinza. Ibrâhîm 'alaih salâm' yakowoola kabaka ono okukkiriza eddini y'obusirâm. Era yagezaako n'okulemesa abantu be okusinza ebibumbe ne Namrudi. Naye bagaana okuva ku mize egyo. Abantu bonna abaali babeera mu kibuga Chaldean bakungaana nga mu kifo kimu omulundi gumu mu mwaka okujaguza. Bwebamala nga ebikujjuko, nga bagenda mu nyumba eyalimu amasanamu nebavunnama nga bagasiinza. Oluvanyyuma nga bamaze emikolo, nga bakomawo mu maka gaabwe. Lumu nga abantu bali mu kujaguza, Ibrâhîm 'alaih salam' yakwaata embazzi naageenda mu nju gyebaterekamu amasannamu n'amenya obusannamu obutono bwonna. Bweyamala yateeka embazzi ku nsingo y'ogusannamu ogunene naafuluma. Abatuuze be Chaldean bageenda okuyingira bavunnamire ba Katonda baabwe, baasanga nga gonna bagamenye okujjako ogunene. Baayagala okukwaata omuntu amenye ba Katonda baabwe basobole okumubonereza. Baayita Ibrâhîm 'alaih salâm' nebamubuuza oba yaakoze ekikolwa kino. Ibrâhîm 'alaih salâm' yayanukula, "nze ndowooza ekisannamu ekyo ekinene ekiweese embazzi kye ekikoze omulimu ogwo kuba kifunye obujja nga tekyaagala bali nabo basinzibwe. Yabagamba nti lwaki naye temubuuza ogwo ogunene?" Bamuddamu nti, "lwaki oyagala ffe tubuuze ekiwumbe nga naawe okimanyi nti tekisobola kwoogera?" awo naye yabaanukula, "lwaki musinza ebiwumbe nga nammwe mumanyi nti tebisobola kwoogera yadde okwerwaanako baleme kubimenya? Muswadde nyo n'ebiwumbe byammwe". Kale yayagala bave ku biwumbe balekere awo

okubisinza naye tekyaasoboka. Abatuuze baloopa ensonga eno ewa Namrudi. Namrudi yayagala okusisinkana Ibrâhîm 'alaih salâm'. Ibrâhîm 'alaih salâma' bweyatuuka mu maaso ga Namrudi teyavunnama. Namrudi bweyamubuuza lwaaki tavunnamye, yamuddamu, "sivunnamira kintu kyonna okujjako Allâhu ta'âlâ, oyo eyantonda." Namrudi yalemwa okuwakanya obujulizi obwaletebwa Ibrâhîm 'alaih salâm'. Ibrâhîm 'alaih salâm' bweyamugamba nti Allah ali omu, owamaanyi era waali lubeerera era nti yye Namrudi si kintu kyonna okujjako omuntu, Namrudi yanyiiga nyo. Yasaba basajja be ab'okulusegere bamuwe ku magezi ku nsonga eno, nebamugamba akanyugibwe mu muliro ayokebwe nga mulamu era naye nakkiriza. Amazima gano gawandiikibwa mu Qur'ân al-karîm **Surat Baqara âya 259: "Abaffe tolaba oyo eyawaana ne Ibrâhîm ku bifa ku Mulezi we olwokuba Allah yamuwa obwakabaka? Ibrâhîm bweyamugamba nti Allah y'agaba obulamu era y'afiisa; oli nagamba nti nange ngaba obulamu era nzita. Ibrâhîm namugamba nti Allah aleeta enjuba okuva ebuvanjjuba kati ggwe gireete ng'eva ebugwanjuba. Oli omujeemu yamumunyala. Era Allah talungamya bantu bajeemu."** Sûrat as-Sâffât, âya 98: **"Bali abasinza amasannamu baagamba nti; muzimbe omuzimbo mumukanyuge mu muliro."** Naye bwebamusuula mu muliro, ate gwafuuka mirembe eri Ibrâhîm nabo nebasoberwa kuba Ibrâhîm yavaamu mulamu. Allah Agamba mu Sûrat Ambiya âya 69-70 **"Abajeemu baagamba nti mumwookye musobole okuwonya ba Katonda bammwe. Netugamba owange muliro beera munyogovu era nga oli mirembe eri Ibrâhîm. Bamwaagaliza ekibi naye bamaliriza nga bafafaganiddwa."** Erinya Namrudi teryayogerwaako mu Qur'ân al-karîm, wabula lyayogerwaako mu Tawrât ("Endagaano enkadde" eya Baibuli). Leero waliwo ekidiba ekiyitibwa "Ayn-I Zâlika" oba "Halîlurrahmân." Ekidiba kino kirina obugazi bwa mita atano ku asatu mu kibuga Urfa. Ekidiba kino kiri mu kifo awagambibwa okuba nti webasuula Ibrâhîm mu muliro.

Ibrâhîm 'alaih salâm' yawasa abakyaala babiri. Newankubadde mukyaala we eyasooka ayitibwa **Sarah** yali awezezza emyaka nsanvu naye teyalina mwaana. Oluvannyuma Ibrâhîm 'alaih salâm' yawasa omuzaana ayitibwa **Hajar** (Hagar) eyamuweebwa nga ekirabo nekabaka (Pharaoh) wa Egypt. Yamuzaalamu omwaana ayitibwa Ismâ'îl. Sarah naye yasaba Allâhu ta'âlâ naye amuwe omwaana. Allahu ta'âlâ yamuwa omwaana, nebamuwa erinya lya Ishâq. Ismâ'îl 'alaih salâm' ne Ishâq 'alaih sal'am be bajajja b'abawarabu n'abayudâya. Kino kitegeeza Abawarabu

n'abayudâya baaluganda bagatta taata naye baawula bamaama. Ibrâhîm 'alaih salâm' y'omu ku bajajja ba Muhammad 'alaih salâm'.

Ibrâhîm âlaih salâm' yaweebwa obubaka nga alina emyaka kyenda. Yabuulira eddini ya Tawhîd. Amakulu agali mu âya nkaaga mu musanvu sûrat Âl-Imrân: **"Nabbi Ibrâhîm teyali mu Yudâya yadde Omukristu. Wabula yali "Hanîf" eitegeeza omuntu agoberera amazima nga era musirâmu."**

Omubaka eyatandiika emisingi gy'abayudâya ye Mûsa 'alaih salâm'. Mûsa 'alaih salâm' yazaalibwa emyaka 1705 nga Yesu (Îsâ) alaih salâm tannazaalibwa mu kibuga Memphis, Egypt. Nga bwekiri nti ennaku z'okuzaalibwa kwe zirimu enjawukana, tekimanyikidwa yazaalibwa ku mulembe gwa Pharaoh ki eyali afuga Misir (Egypt). Pharaoh yaloota nga omwana omulenzi azaalidwa, yalaba mu kirooto nga omwaana oyo amutta, era okuva awo nalagira abaana ab'obulenzi abazaalibwa okuttibwa. Kyova olaba maama wa Hadrat Mûsa yateeka omwana we ku mugga Nile naamuteeka mu bokis nga bwasaba Allahu t'âlâ okumukuuma. Bokisi eyalimu omwaana yalondebwa mukyaala wa Pharaoh. Pharaoh naye yalaba omwana. Naye Pharaoh ne mukyaala we bwebaalaba bokis ku mwaala, mukyaala we yateesa nti: "mu boksi omwo bwemubaamu ekintu ekiramu nsaba kibeere kyange, bwekiba kya bugagga kibeere kikyo". Olwokuba Pharaoh yakkiriza ekiteeso, teyatuusa bulabe ku mwaana.

Erinya Mûsâ litegeeza "eyawonyezebwa amazzi." Abakristaayo bamuyita "Moses." Mama wa Musa yasobola okuweebwa omulimo mu lubiri lwa Pharaoh nga omulabirizi w'omwaana. Mu mbeera eno yasobola okuyonsa n'okweekuliza omwana we. Bweyaweza emyaka ana (40), yafuna amawulire agakwaata ku be nganda ze. Yafuluma olubiri agende abakyaalire ko. Yasisinkana muganda we Harûn 'alaih salâm' nga yali amusinga emyaka esatu. Mûsa 'alaih salâm' yewaggula ku Pharaoh oluvanyyuma lw'okulaba nga atulugunya abayisrayiri. Mûsa alaih salâm yasalawo okubayamba n'okubakuuma. Lumu, omumisir yali atulugunya omuyisrayiri. Mûsa bweyali nga agezaako okutaasa omuyisirayiri, omumisir yafa bufi. Naye amazima gali nti Mûsa yayagala kutaasa muntu aleme kutulugunyizzibwa. Mu mbeera eno, yalina okusenguka okuva mu Misir. Yageenda mu kibuga ekiyitibwa Madyana. Eyo yasangayo Shu'aib 'alaih salâm' namukolera okumala emyaka kkumi. Yawasa muwala wa Shu'aib 'alaih salâm' gwebayita Safûrâr (Tsippore). Nga wamaze okuyitawo emyaka kkumi, Mûsa 'alaih salâm' yakomawo e Misir.

Bweyali nga akomawo eMisir, yagenda waggulu ku lusozi **Tur**. Nga ali eyo yawulira eddoboozi lya Allâhu ta'âlâ. Mu kaseera ako, yaweebwa obubaka. Nga bugamba nti Allâhu ta'âlâ ali omu, era nti Pharaoh si Katonda. Awo nagenda eMisir eri Pharaoh. Yamuyita okukkira Katonda Omu. Yamusaba okuwa Banî Isrâel (abaana ba Israil) eddembe, naye Pharaoh yagaana. Pharaoh yanyiiga bunyiizi. Yagamba nti: Mûsa mufuusa. Ayagala kwezza bukulembeze bwa nsi yaabwe nga akozesa obukujjukujju bwe. Bweyamala nabuuza abantu abamubeera ku lusegere ekyokukolera Mûsa. Nebamuwa amagezi nti, kungaanya abafuusa obagambe balage Mûsa eddogo. Abafuusa bakungaanyizibwa mu kifo kimu, abatuuze b'emisir nebakungaana okulaba ekigenda okuddirira. Abafuusa basuula emiguwa wansi. Emiguwa gyonna negifuuka emisota negitandiika okutambula nga gyolekera Mûsa 'alaih salâm' gyeyali. Naye Mûsa 'alaih salâm' bweyakanyuga omuggo gweyalina wansi, gwafuuka omusota omunene negumira obusota bwaabali bwonna. Mu kiseera kino, abafuusa bonna bavunnama nebakkiriza Mûsa 'alaih salâm' nga bagamba omusajja ono ayogera mazima. Ekyafaayo kino kyayogerwaako mu Qur'ân Sûrat A'râf âya 112-124. Awo Pharaoh yatabukira ddala. Yagamba nti oyo ye musomesa wammwe eyabatendeka eddogo ngenda kubasalako emikono gyammwe n'amagulu. Ngenda kubateeka ku mitende. Naye bamuddamu nga bagamba, tukkiriza Katonda wa Mûsa 'alaih salâm'. Twaagala kubeera wansi wabukuumi bwa Katonda we. Twaagala n'okutusonyiwa. Pharaoh yagaana okuleka abaana ba Israyir okugenda. Olwokuba singa abaleka yalibadde afiriddwa abapakasi abaali babakolera. Kati awo amazzi agaali gakozesebwa naabo abatakkiriza gaatandiika okukyuusa langi negafuuka omusaayi. Ebikere byatandiika okuva mu ggulu nga bibayiikira nga nkuba. Balwaala endwadde z'olususu n'ekizikiza nekikwaata okumala ennaku ssatu. Pharaoh bweyamala okulaba obubonero buno yafuna okutya n'apondooka nakkiriza abaana ba Israyiri okwaamuka ekitundu. Mûsa alaih salâm bweyali agenda na abaana ba Israyiri eYerusalim, Pharaoh yafunamu okunakuwala n'okwejjusa. Yakwaata ejje natandiika okubagoba nga ayagala waakiri abate. Abaana ba Israyiri bwebatuuka ku nyanja Red sea, enyanja yeegabamu amakubo nebasobola okuyita. Wabula Pharaoh nejje lye bakyaali mu luwonko bagoba Abayudaya, enyanja yaddawo bonna nebabbira nebazikirira. Mu kusenguka kuno okunene, Mûsa alaih salâm yageenda ku lusozi Tur, naayagala okulaba Allahu ta'âla. Nayo yayogera naye oluvannyuma nga ali ku lusozi Sinai. Mûsa alaih

salâm yabeera ku lusozi Sinai okumala ennaku ana (40) era yasiiba. Allâhu ta'âla yamusindikira ekitabo ekitukuvu **Tawrât** nga ayita mu malaika **Jibrîl** alaih salâm, nga yawandiikibwa ku mbawo. Okusooka yaweebwa amateeka ekkumi okubeera nga gateekebwa mu nkola n'abantu be, nga amateeka ago gawandiikibwa ku mbawo. Amateeka ekkumi **(Awâmir-I ashara)** gali mu bitabo bya abayudaaya. Amateeka gano gatandiika n'olunyiriri olusemba mu sûra y'okutaanu mu kitabo Deuteronomy (Ekyamateeka), negamaliriza n'essûra eya amakumi âbiri mu kitabo kya Exodus (Okuva). Amateeka gaali bwe gati:

1 – Nze Mukama kataonda, eyabajjayo ku ttaka lya Misir, nga abajja mu nyumba y'obuddu.

2 – Tolina kusinza Katonda yenna. Tojja kukola misango minene.

3 – Toyogeza linya lya Mukama mu muzanyyo.

4 – Kuuma olunaku lwa Sabbiiti okulutukuza. Mujjakukola ennaku mukaaga. Wabula olunaku olw'omusanvu lunaku lwa Sabbiiti ya Mukama. Era olunaku lwo si lwa kukola.

5 – Wa kitaawo ne nyoko ekitiibwa.

6 – Tottanga.

7 – Toyendanga.

8 – Tobbanga.

9 – Towanga bujulizi bwa bulimba ku mulilwaanawo.

10 – Tewgombanga mukyaala wa mulilwaanawo, yadde okutwaala enju ya mulilwaanawo, ennimiro ye, oba omukozi we, oba ente, oba embalaasi, oba ekintu ekirala kyonna ekya mulilwaanawo.

Mûsa alaih salâm bweyakomawo okuva ku lusozi Sinayi, yasanga abantu beyaleka wansi w'obukulembeze bwa mugandawe Hârûn alaih salâm, nga bavudde ku kkubo ettuufu nebatandiika okusinza ekiwumbe ekyaali mu kifanani kya akayana ke ente akaali kokoleddwa mu zaabu. Mûsa alaih salâm yali musajja mukambwe. Bwe yali nga wa mwaka gumu yanyiiza Pharaoh (Fir'awna) bweyasika ekirevu kye kyeyali yawunda ne lulu. Fir'awna yayagala okutta omwaana (Mûsa), naye mukyaala we Âsiya yamugaana nga agamba nti mwaana muto muto akikoze lwa mutamanya so si kumujooga. Fir'awna yagamba agenda kusooka kumugezesa. Okulaba ategeera oba tategeera. Yaleeta akasaniya nga kaliko entende n'elyanda ly'omuliro nebamugamba alondeko kimu alye. Nga bwaalonda entende kitegeeza aba ategeera era aba alina kuttibwa. Yali agalula omukono okukwaata entende Jibriil

alaih salam namukyuusa omukono nakwaata elyanda ly'omuliro nateeka mu kamwa, nelimwookya olulimi era y'ensonga eyamuviirako okuba nga ayogera ananaagira, era kyeyava yasaba Allâh amutume ne muganda we Hârûna amuyambeko kuba ye yali ayogera bulunji. Naye bweyali ku lusozi Sinayi, okusomesa okulunji okwa muganda we Hârûn tekwagaana bantu kuva ku mulamwa nakutandiika kusinza kiwumbe. Mûsa alaih salâm yaddayo ku lusozi Tur n'asaba Allâhu ta'âla okusonyiwa abantu be. Kuba abantu be bamusuubiza obutaddamu kusinza kiwumbe. Yabakulembera nga aboolekeza eddungu okusanga Arz-i mev'ûd (ensi ensuubize), Allâhu ta'âla gyeyabasuubiza. Babeera mu ddungu **Tih** okumala emyaaka ana. Nga bali mu ddungu Allâh yabagabirira ne **manna** n'enyama y'enkwaale. Hadrat Mûsa alaih salam yabatuusa okumpi n'akasozi akayitibwa Nebo akaliilanye ekibuga kya Ariha. Kigambibwa nti yafa nti aweza emyaka 120 egyobukulu. Muganda we Hârûn yali yafa emyaka esatu ejiyise. Mûsa alaih salâm yakwaasa nabbi Yûshâ obuvunaanyizibwa obw'okutwaala abaana ba Israyiri mu nsi entukuvu.

Munna byafaayo omugundiivu ate nga era muna fiqh **Ahmad Jawdat Pasha** mu kitabo kye ekiyitibwa **Qisas-i Anbiyâ** agamba: omwaana wa Hadrat Ishâq (Isac), nga yali mutabanyi wa Hadrat Ibrâhîm (Abraham), yali ayitibwa Ya'qûb (Jacob). Nga era baali bamyita **"Israyir"**. Abantu abava mu lulyo lwe bayitibwa **"Banû Israêl"**, nga amakulu gaakyo **"abaana ba Israêl."** Yûsuf (Joseph) alaih salam yali omu ku baana ba Ya'qûb ekkumi n'ababiri nga era naye yali nabbi. Oluvanyyuma lwa Hadrat Yûsuf, abaan ba Israêl baagoberera mateeka (dini) ga Ya'qûb ne Yûsuf alaihima s-salâm, era bawangaalira Misir. Abantu abayitibwa aba **"Kibtwi"** be baali ba kasangwaawo mu nsi Misir. Baali basinza munyeenye na bibumbe, mu njogera endala baali basinza masanamu. Baali batwaala abaana ba Israêl okubeera abaddu. Abaana ba Israêl baali baagala nyo okuddayo mu nsi eyitibwa **Canan** (Kan'ân) nga eno gyebaava okugenda eMisir ku mulembe gwa Yûsuf alaih salâm nga bali wamu ne kitaabwe Ya'qûb alaih salâm. Wabula ba Pharaoh nga tebabakkiriza kuba baali babatwaala nga baddu baabwe. Nga babakozesa emirimu egyamaanyi nga okuzimba ebibuga ebipya n'ebizimbe. Kyaali kirooto kyaabwe okuva mu buddu bwebaalimu wansi waabakulembeze ba Misir.

Ekitabo ekiyitibwa **Mir'at-i-Kâinât** kigamba: "Moses (Mûsa alaih salâm) yagenda ku lusozi Tur emirundi esatu. Omulundi ogusooka, yaweebwa obutume. Obulundi ogw'okubiri yassibwaako ekitabo **Tawrât** (Torah) n'amateeka ekkumi

(Awâmir-i ashara). Tawrât yalimu ebitundu makumi ana. Buli kitundu kyaalimu essûra lukumi. Mwaalimu enyiriri lukumi mu buli sûra. Tawrât eriwo kati teriimu nyiriri nyingi. Ku nsonga eno Kur'ân al-karîm egyoogerako nti, Tawrât ne Baibuli byakyuusibwa n'abantu. Tawrât eyassibwa ne malaika Jibrîl ku Mûsa alaih salâm, Mûsa,Hârûn, Yûsha, Uzair ne Yesu (Îsa) baajisoma nebajikwaata. Ekitabo ekiyitibwa **Kamûs-ul A'lâm** kigamba: kabaka wa Assyria, Buhtunnasâr bweyawaamba ekibuga Yerusalemu naamenya omusigiti gwa Aqsa, yayokya ebitabo bya Tawrât byonna. Teyakoma kwekyo wabula ate yawamba abayudaaya abaali abamanyi emitwaalo musanvu, nga mu bbo mwaalimu Daniel ne Uzair alaih salam, nabatwaala mu kibuga Babylon. Obukakafu obulaga nti Uzair alaih salam abayudaaya baali bamuyita Ezrâ bwawandiikibwa mu kitabo ekiyitibwa **"Munjîd."** Newankubadde ekitabo kya Ezera nebitabo ebirala ebyateekebwa mu ndagaano enkadde mu baibuli eliwo kati si bya Uzair alaih salam. Omusajja ayitibwa Ezera yali munaddiini omuyudaaya. Abayudaaya bagaana okugoberera Tawrât nebafuuka abonoonefu. Bagaana okukkiriza ababaka abaatumwa gyebali okubalabula. Wabula batta ababaka abasiinga abaatumwa gyebali. Shah wa Iran ayitibwa Bahman Kayhusrav yawangula abantu be ggwanga lya Assyria, naata abayudaaya abaali bawambiddwa nga ne Daniel yali mwaabo. Omuwendo gw'abantu abasaalira mu Masjid Aqsa gweyongera. Alexander the Great bwe yawamba ekibuga Yerusalemu, yafuula omusajja omuyudaaya ayitibwa Herodas okubeera gavana wa Yerusalemu. Gavana omulyazamanyi ono yatta nabbi Yahyâ alaih salâm. Yatulugunya abantu ekisusse. Oluvannyuma ekibuga Yerusalemu kyawambibwa abalooma. Mu mwaka gw'obukulistayo 135, abayudaaya begugunga, Adrian yasanyaawo ekibuga Yerusalemu natta n'abayudaaya. Abayudaaya abaasobola okuwona ekitta bantu kino baddukira mu bitundu ebyenjawulo, naye era bayisibwa bubi n'okutulugunyizibwa n'abakristaayo. OBusiraamu bwebwajja, bafuna ku ddembe. Ekibuga Yerusalemu kyaddizibwaawo n'omukulembeze wa Rooma n'akiwa elinyya "Llia" (Llya). Ekibuga Yerusalemu kyaddamu okuzimbibwa ne **Abdulmalik** kabaka wa Amawi ow'okutaano. Wabula te ekibuga kyaddamu nekisanyizibwaawo n'amaje g'abakuristaayo. Salahaddîn yaddamu okuzzaawo ekibuga Yerusalemu. Abakulembeze ba Ottoman baddaabiriza ekibuga n'okukiwunda."

Ekitabo ky'abayudaaya ekitukuvu ekirala yali Talmûd. Mûsa

alaih salam yasomesa Hârûna alaih salam, Yûsha ne al-Ya'zâr ebigambo bya Allah byeyawulira nga agenze ku lusozi Tur. Ebigambo ebyo byatuusibwa ku babaka abajja oluvanyyuma, ku nkomerero byasomesebwa Yahûda omutuukirivu. Mu kyaasa eky'okubiri ku mulembe gw'obukristu, ebigambo ebyo Yahûda omutuukirivu yabiwandiika mu kitabo okumala emyaka makumi ana. Ekitabo kino kyaweebwa elinyya **Mishna**. Mu kyaasa eky'okusatu neky'omukaaga enzivuunula bbiri ku **Mishna** zawandiikibwa, mu kibuga Yerusalemu ne mukibuga Babylon. Enzivuunula zino zaweebwa elinyya Gamârâ. Buli **Gamârâ** ku zino ebbiri yateebwa mu kitabo ne Mishna neweebwa elinyya **"Talmûd."** Talmûd erimu Gamârâ eyawandiikibwa mu kibuga Yerusalemu wamu ne Mishna eyitibwa **Talmûd ya Yerusalemu**. Talmûd endala erimu Gamârâ eyawandiikibwa mu kibuga Babylon wamu ne Mishna eyitibwa **Talmûd ya Babylon**. Abakristaayo tebaagala bitabo bino ebisatu. Abakristaayo bakkiriza nti omusajja eyawandiika enjigiriza ya Mishna yali Sham'ûn, eyasitula omusaalaba ogwakozesebwa okukomerera Yesu. Agamu ku mateeka amakakali agali mu Talmûd gawandiikiddwa ku nkomerero y'ekitabo ekiri mu lulimi oluturuki ekiyitibwa **"Cevab Veremedi,"** nga kyazzibwa mu lulimi olungereeza nekiweebwa elinyya **"Could Not Answe."** Obukakafu obulaga nti elinyya eliwandiikiddwa waggulu "Al-Ya'zâr" nti yali mutabanyi wa Shuayb alaih salam buwandikiddwa mu kitabo **Mir'ât-i Kâinât**. Ekitabo ky'abakristaayo ekiyitibwa "Baibuli Entukuvu" kirina ebitundu bibiri: "Endagaano Enkadde" ne "Endagaano Empya." Endagaano Enkadde yokka yemanyiddwa n'okukakasibwa n'abayudaaya nga ekitabo ekitukuvu. Era tebaagala kitundu kino mu baibuli kuyitibwa Ndagaano nkadde, baagala kiyitibwe "Tawrât." Bagamba Tawrât erimu ebitundu bisatu. Ekitundu ekisooka kiyitibwa "Tawrât." Tawrât erimu ebitundu bitaano.

1 – Genesis (Olubereberye).

2 – Exodus (Okuva).

3 – Leviticus (Ebyabaleevi).

4 – Numbers (Okubala).

5 – Deuteronomy (Ekyamateeka).

Ebitabo ebitaano bino awamu biyitibwa Pentateuch. Âya ey'okubiri mu sûrat Isrâ, Allah Agamba: **"Mazima Twaawa Moses ekitabo."** Wabula oluvanyyuma lw'ebbanga, ebintu bingi ebiwandiikiddwa mu Tawrât nga tebyaalimu okusooka.

N'olwekye tewali Tawrât ya Mûsa alaih salam ne Tawrât eriwa leero zaawukana.

Obujulizi obulaga okujja kwa nabbi ayitibwa Muhammad aleyi ssalam kwa wandiikibwa mu Tawrât eri eyasooka. Hadrat Mûsa bweyaddayo ku lusozi Tur omulundi ogw'okubiri nga asaba Katonda okusonyiwa abantu be abaali babuze nebatandiika okusinza ekiwumbe, ebigambo Allâhu ta'âla byeyamugamba bisangibwa mu âyat 156-158 mu sûrat al-A'râf: **"…Mukama wange singa wayagala walibazikirizza olubereberye nange. Abaffe on'otuzikiriza olw'ebyo abasiru byebakola? Kino si kirala wabula kugezesa kwo. Ozikiriza oyo gw'oba oyasalidde, n'olungamya oyo gwoba osiimye. Gwe muyambi waffe, kale tusonyiwe era otusaasire; anti gwe asinga abasonyiyi bonna. Era tuwandiikeko ebirunji ku nsi kuno ne ku nkomerero, mazima twolekedde gy'oli otuddiremu. Allah n'agamba nti: ekibonerezo kyange nkituusa kw'oyo gwemba nsalidde; naye okusaasira kwange kubuna ku buli kimu; kale ddala nzija kukuwandiika kw'abo abeekuuma era nebatoola zaka n'abo abakkiriza obubonero bwaffe. Abo abagoberera omubaka, nabbi atali muyigirize, oyo gwe basanga nga yawandiikibwa mu Tawrât ne mu njiri abalagira okulongoosa nebaziyiza okwonoona…"** Teri kubuusa buusa nti abayudaaya bakkiriza nabbi eyasembayo era baalinda okujja kwe. Okwongera kweebyo, kigambibwa kyawandiikibwa mu bimu ku bitabo nti mu bissera by'entalo, abayudaaya basaaba ng nti, "Mukama waffe, ku lw'omubaka wo gwewasuubiza asembayo, tuyambe tuwangule." Era nebawangula entalo.

Hadrat Dâwûd ne Hadrat Sulaymân, beebamu ku babaka abaatumwa eri Abayudaya oluvanyyuma lwa Hadrat Mûsa alaih salam. Ebimu ku bintu ebikulu mu nzikiriza y'ekiyudaaya:

Obukkiriza: Katonda ali omu. Teyatondebwa, okubeerawo kwe kukwe yekka. Alaba era amanyi buli kimu. Teyazaalibwa era talina mwaana. Okusaasira n'okubonereza biri mu maanyi ge.

Empisa: Emisingi gy'empisa zaabwe gitambulira ku mateeka kkumi, **Awâmir-I ashara**. Abantu balina okwekwaata ku mateeka ekkumi ago. Omwooyo n'omubiri gw'abantu byanjawulo. Omwooyo tegufa mpaka ku lunaku lwenkomerero.

Emisingi gy'eddiini: abatali bayudaaya batwaalibwa nga abasinza amasanamu. Nti kisaana okwesamba abantu bano. Kisaana okusaddaaka nga tewali musaayi oba nga weeguli. [Abayudaaya baali basaddaaka buli kisolo, nga otwaliddemu n'enjiibwa, naye ebiseera ebisinga baali basaddaaka ndiga, mbuzi n'ente. Mu kiseera ekyo emigaati nga bagikola mu ngaano.]

babonereza okusinziira ku mateeka g'okweesasuza. Omuntu bwaakola omusango alamulwa mu ngeri yeemu okusinziira ku kyakoze. Abaana ab'obulenzi bakomolwa. Ebisolo okuliibwa birina kumala kusalibwa. Enyama y'ekisolo ekitiddwa mu ngeri endala teriibwa. [Okutuusa leero, mu Amerika ne mu bulaaya yonna, mu maduuka g'abayudaaya agatunda enyama mulimu stamp eriko ekigambo "kosher" ekitegeeza nti enyama etundwa mu maduuka ago esaliddwa okusinziira ku mateeka rabbi geyateekawo. Rabbi ye muna ddiini mu nzikiriza y'ekiyudaaya. Abayudaaya balya nyama esaliddwa mu mbeera eno yokka. Abasiraamu balya nyama esaliddwa oluvanyumwa lwokwogera elinyya lya Allâhu ta'âlâ. Abasiraamu tebalya mbizzi.] Omukyaala omuyudaaya bwamala okufumbirwa alina okubikka omutwe gwe. Leero abakyaala abayudaaya mu bulaaya bassa etteeka lino mu nkola nga bambala wigi. Era tekikkirizibwa ku muyudaaya kulya nyama ya mbizzi.

Abayudaaya balina emikolo egyenjawulo ku nnaku ezenjawulo. Olw'omukaaga lunaku lwaabwe lukulu. Tebakola ku lunaku olwo yadde okukuma omuliro. Olwomukaaga balutwaala okuba olunaku olw'embaga. Baluyita "Sabbath" (Sabbiiti). Okwongera ku luno balinayo ennaku enkulu endala nga Paasika, Shawwat, Rosh-ha-Shanah, Kepur, Sukkot, Purem, Hanuqa n'endala. Paasika balukuza okujjukira okwaamuka ensi Misir. Shawwat kigambibwa okuba omukolo gw'ebimuli, nga balukuza okujjukira okussibwa kwa Tawrât ne Awâmir-i Ashara (Amateeka ekkumi). Kipur lunaku lwa kusiiba, balukuza okujjukira okusonyiibwa ne Katonda oluvannyuma lw'okwenenya. Succoth lunaku lwa kulya nga bajjukira obulamu bweddungu.

Okwaawukana ku mupaatiri, rabbi talina buyinza kuwuliriza kweneya. Batambuza mikolo jokka. Mu maaso ga Allâhu ta'âla abayudaaya bonna bali kyenkanyi, tewali njawulo wakati waabwe.

Oluvannyuma lwa Hadrat Mûsa, omuwendo gw'ennaku zaabwe enkulu n'engeri rabbi gyazitambuzaamu yakyuusibwa, amateeka amapya gayongerwaamu ne ba nabbi abenjawulo. Oluvannyuma lwa Hadrat Dâwûd, okusoma ekitabo kya **Zabuli** nga bagoberezaako ebivuga kyayongerwa mu kusiza kwaabwe.

Dâwûda alaih salam yazaalibwa emyaaka nga lukumi (1000) nga Yesu (Îsa) tannazaalibwa. (Newankubadde obufuzi bwa Dâwûda alaih salam bugambibwa okubaawo wakati wa 1015 – 975 B.C (nga Yesu tannazaalibwa), nabamu ku banabyafaayo abazungu, naye tewali bukakafu bumala.) Hadrat Dâwûda

yasooka kuba mulunzi. Olwokuba nti yalina eddoboozi erisikiriza, yatwaalibwa ew'omukulembeze gwebaali bayita Tâlût. Oluvannyuma yamufuula omudongo we. Okusooka bafuuka ab'omukwaano. Naye Hadrat Dâwûda yafuna ettutumu n'okumanyikwa buli kiseera. Nga alina emyaaka asatu (30) yatta omusajja omunene omuzira enyyo ayitibwa **Goliyath** nga akozesa ejjinja; olw'ekikolwa kino abantu beyoongera okumwaagala. Wabula omukulembeza Tâlût yafunamu okwekengera Dâwûda alaih salam kyeyava asalawo okutandiika okumweewala. Wabula Tâlût nga amaze okufa, abantu basaba Dâwûda alaih salam alondebwe nga omusika. Era yalondebwa okusikira Tâlût. Yeyasooka okulagira ekibuga Yerusalemu okubeera ekibuga ekikulu. Obukulembeze bwa Dâwûda alaih salam bwaamala emyaaka ana (40). Obujulizi obukakasa nti yaweebwa ekitabo ekitukuvu Zabuli obusanga mu Sûrat Nisâ âya 163 ne âya 55 eya Sûrat Isrâ. Kituufu nyo Dâwûda alaih salam yasaba Allâhu ta'âla okusonyiibwa. Mu Zabuli yaleero, mu baibuli entukuvu, mulimu enyiriri enjweeteke ezayongerwaamu. Olw'ensonga y'okwongeramu kuno, ekitabo kino kyaava ku mbeera yaakyo gyekyaaliko okusooka. Allâhu ta'âla yawa Dâwûda alaih salam ebirunji bingi. Amakulu ga âya ey'kkumi mu Sûrat Saba: **"Mazima twaawa Dâwûda amanyi. Mwe ensozi! Muyimbe naye nga musinza Allah. Nammwe ebinyonyi bwemutyo! Netufuula ebyuuma okugonda ku lulwe."** Namakulu ga âya 17 – 19 Sûrat Sad: **"Owange Muhammad! Jukira omuddu waffe Dâwûd. Yali mugonvu eri Allah. Ffe abafuula ensozi okumyimbira ku makya n'olweggulo, n'ebinyonyi nabyo; byaali bigonvu gyaali."** N'amakulu ga âya 25 eya Sûrat Sad: **"Dâwûd alina ekitiibwa kya waggulu mu maaso gaffe."** Ekyafaayo ekisinga obubi ekyawaandikibwa mu Tawrât ne Baibuli eyaleero egamba: "Ekyafaayo wakati wa omuddu ne mukyaala wa Mukama we Uriya gwebayita Bathseba si ntuufu. Hadrat Ali radiy-Allâhu anh, halîfa owokuna yalangirira nti ajja kukuba omuntu yenna ayogera ebijweeteke kibooko 160. Okunyonyola kwa âya 26 eya Sûrat Sâd okuwandikiddwa mu kitabo **Mawakîb** kuli bwekuti: "Urya yatuma obubaka eri omuwala gwebayita **Teshama** obumtegeeza nti ayagala kumuwasa. Newankubadde mouwala yakkiriza, ab'oluganda lwe bagaana. Bayogera ebigambo ku Urya eri omuwala nga baagala agaane. Mukiseera ekyo, Dâwûd alaih salâm naye yayagala okuwasa omuwala Teshama. Oluvannyuma Urya nga afiridde mu lutalo, Dâwûd alaih salam yawasa omuwala. Wabula Allâhu ta'âlâ teyakyaaga kuba amazima gali nti omuwala

Teshama yali aganziddwa. Dâwûd alaih salam bweyakitegeera nti yakola ensobi, yeenenya eri Allah Naamusonyiwa. Tewali bujulizi bulambulukufu ku nsonga eno. Naye kimanyikiddwa nti Hadrat Dâwûd yali atya Allah ebiseera byonna; yaweebwa amagezi n'obusobozi okwaawula ekibi ku kirunji. Mu âya 24 eya Sûrat Sâd, kigambibwa nti yavunnamira Allâhu ta'âla nga amusaba amuwe obuvumu okusobola okulamula omusango gw'endiga; yasaba nga nyo Allah okumusaasira era yali musaaze nyo. Abamanyi b'oBusiraamu bonna baakakasa nti olugero lwa Urya kyayongerwa mu Tawrât ne Baibuli nga ekiseera kiyise. Naye ate ebyafaayo bino ebijingirire ebiyitibwa "Isrâeliyyât" bikosa abasiraamu abatalina buyigirize, abamanyi b'oBusiraamu baakakasa nti ezo zaali ngero.

Sulaymân alaih salâm mutabani wa Dâwûd alaih salâm yasikira kitaawe nafuuka nabbi era omukulembeze wa abayisirayiri. Yali ayogera n'amajinni, ebisolo nebinyonyi. Omulembe gwa Sulaymân alaih salâm gwe mulembe ogusinga obulungi eri abaana ba Israyir. Okutuuka ku mulembe gwa Sulaymân abayisirayiri baali tebamanyi kigambo lubiri kitegeezaaki. Enyumba ya Tâlût ayogeddwaako waggulu yali terina njawulo na nyumba ya muntu wa bulijjo. Ye muntu eyassoka okuzimba ekibuga Yerusalemu nazimbamu olubiri. Yalina ebizimbe bingi, embiri, amalimiro, ebidiba, ebifo omusalirwa ebisolo n'ebifo ebyokusizaamu. Erinya lya temple gyeyazimba mu Yerusalemu okusizizaamu eyitibwa Masjid Aqsa. Yayita abazimbi abafenesiya (Phenician) okuzimba omuzikiti guno. Ebitonde ebiyitibwa amajinni nabyo byetaba mu kuzimba omuzikiti. Ebizimbisibwa ebyakozesebwa mu kuzimba omuzikiti guno byaali bya muwendo nyo. Okuzimba kwatwaala emyaaka musanvu. Omukisa omubi omuzikiti omulunji guno gwayokebwa n'omukulembeze wa Assyrian owookubiri gwebayita Buhtunnasar nga amaze okuwamba Yerusalemu. Newankubadde Kayhusrav yaddamu okuguddaabiriza, abalooma baddamu nebagwookya. Biwandikiddwa mu kitabo **Kâmûs-ul'a'lâm**: "oluvannyuma lw'omuyaga ogwo, okuzzaawo, okuzimba n'okuddaabiriza mu kibuga Yerusalemu kwaakolebwa ba Israyiri. Oluvannyuma, abakulembeze bamatwaale aba Byzantine baddaabiriza omuzikiti Aqsa, nebakyuusa elinnya lyekibuga Yerusalemu nebakiyita **"llia."** Nambi wafe Muhamad sall-Allâhu alaihi wa sallam yasaalirako mu masjid Aqsa. Ekibuga Yerusalemu abasiraamu baakiwamba mu mwaaka gwe16 Hijir (kalenda y'oBusiraamu etandiika oluvannyuma lwokusenguka kwa nabbi okuva emakka okudda emadina) ku mulembe gwa

Hadrat Umar. Omuzikiti oguliwo kati gwaazimbibwa ku mulembe gwa Abdulmalik rahima-hullah.

Ku mulembe gwa Sulaymân alaih salâm, Yerusalemu kye ekibuga ekyaali kisinga obulunji n'obugagga mu nsi yonna. Ebyafaayo ebyogerwa nabaantu ebifa ku mbiri, amayumba agazimbibwa Sulaymân alaih salâm tebikoma. Kisoboka okugambibwa nti nokutuusa saawa ya leero teri mukulembeze yenna yali abadde na bukulembeze bwa maanyi kwenkana bwa Sulaymân alaihi salâm. Sulaymân alaih salâm yawasa abakyaala bangi n'abazaana. Olwokuba yali musuubuzi obugagga bwe bwaali bweyongera buli olukya. Yawunda olubiri lwe nga akozesa ebintu ebipya ebyomuweendo, yali aliisa embalaasi ezitamanyikiddwa muwendo gwaazo, ebinyonyi nebisolo ebirala. Buli lunaku mu lubiri lwe yali asala ente makumi asatu (30), endiga kikumi (100) n'engabi ezitabalika.

Sulaymân alaih salâm yakuuma nga eddembe n'obutebenkevu obudde bwonna era yagezaako okuteekawo omukwaano n'enkolagana ennungi nebalilwaana be. Yawasa muwala wa Pharaoh eyali mulilwaana we; okwongera kweekyo yayita Balkîs nabakyaala wa Sheba okukkiriza eddini entuufu (oBusiraamu). Omukwaano gwe eri naabakyaala ono gwenyongera era naamuwasa, okusinziira ku bannabyafaayo abasiraamu. Obujulizi okukakasa nti Sulaymân alaih salâm yayita Balkîs okusiramuka buwandikiddwa mu âya 30-33 Sûrat Naml mu Qur'ân al-karîm.

Sulaymân alaih salâm yali mufuzi wa mazima n'obwenkanya nga ababaka (alaihim sswalawâtu wassalâmu) bwebaali. Obwenkaya bwa Sulaymân butwaalibwa nga ekyokulabirako mu nsi yonna, n'obwa Umar radiyallahu anhu. Sulaymân alaih salâm yaleka abantu benzikiriza endala okusinza. Yadde abayudaaya bekkalakaasa nga tebaagala naye yalagira okuzimbwa kwa amasinzizo g'amadiini amalala. Nabwekityo yaweebwa ekitiibwa mu nsi yonna nafuuka ekyokulabirako. Yateeka amateeka ga kitaawe Dâwûd alaih salam mu nkola.

Sulaymân alaih salâm yawandiikibwaako mu Qur'ân al-karîm. Amakulu ga âya 13 eya Sûrat Saba geegano: **"Ne Sulaymân twamugondeza empewo, nga emutambuza kumakya n'olweggulo olugendo oluweza omwezi. Era ne tumukulukusiza ensulo ez'ekikomo. Era ne mu majinni mulimu agamukolera ku lw'obuyinza bwa Mukama. Era nga mu ggo eriva ku kiragiro kyaffe, tulikombya ku bibonerezo by'omuliro."** Ne amakulu ga âya 30-39 eza Sûrat Sâd geegano: **"Twaawa Dâwûd omwaana Sulaymân. Mazima yali muddu mulungi. Yali yeenenya ewa**

gyetuli. Olweggulo lumu yayanjulirwa embalaasi enzirusi. Sulaymân n'agamba nti: mazima okwaagala kwange ebintu ebirungi kunviiriddeko okweerabira omulezi wange. Kati saawa zino enjuba emaze okugwa. Yali mwennyamivu nnyo. N'agamba nti muzinkomezeewo olwo n'atandiika okuzisala amagulu gaazo n'ensingo. [n'agabira abanaku enyama] oluvannyma nadda gyetuli. N'agamba: "Ayi Mukama wange! Nsonyiwa. Era ompe amanyi agategenda kuweebwa muntu yenna oluvannyuma lwange. Mazima gwe agaba ebingi ebitaliiko kkomo. Kale netumugondeza empewo, nga etambulira ku biragiro bye okugenda wonna w'ayagadde; era n'amasitaane twagamugondeza, nga muli mugo amazimbi n'amabbizi agabbira mu Nyanja n'amalala agasibiddwa ku njegere. Ebyo by'ebirabo byaffe. Gabako byoyagala eri abalala oba obisigaze byonna nga teri kubuuzibwa. Era mazima gyetuli alina ekifo ekya waggulu, n'obuddiro obulungi. Okusinziira ku bitabo bya abayudaaya n'abakristaayo, ebitundu bisatu kweebyo ebiri mu Baibuli yaabwe gyebalina kati byajjibwa mu kitabo kya Solomon alaih salâm. Nga byeebino: "Engero" (The Proverbs), "Omubuulizi" (Ecclesiastes), "Oluyimba lwa Sulemaani" (The Song of Solomon). Yali ayogera ennimi z'ebisolo n'ebinyonyi. Ebinyonyi n'ebisolo ebirala byaali bikola ekyo kyebiragiddwa okukola mu bwangu. Ebizimbe bingi byaggwa nga mu kiseera kitono ku lwobuyambi bw'amajinni agaali wansi w'ebiragiro bye.

Ku mulembe gwa Sulaymân alaih salâm, abantu baali baweebwa eddembe okusingako bwekyaali ku mulembe gwa Dâwûd alaih salâm. Okusinziira ku mateeka amapya, taata yalina eddembe linji nnyo ku mwaana. Omwaana nga nebwaaba mukulu atya yalina okuteeka mu nkola ebiragiro bya kitaawe. Obusika bw'omwaana omukulu bwaali bukubisaamu emirundi ebiri. Esonga ezikwaata ku kuwasa, abantu abebitiibwa mu maka baali baweebwa obuyinza okusalawo. Ayagala okuwasa oba okufumbirwa yalina okukkiriza oyo gwebamulondedde. Omukyaala eyawebwaanga talaka nga bamuwaayo ku busente obuyitibwa **"mahr."** Namwandu nga alina omwaana oba talina yalina nga okufumbirwa omu ku balamu be. Omwaana eyasooka nga okuzaalibwa mu bufunbo buno yali nga wa mufu; nabwekityo omwaana oyo ye yabeera nga omusika w'omufu. Omusajja yaweebwa nga eddembe okuwasa abakyaala abasukka ku omu.

Sulaymân alaih salâm nga amaze okufa, abaana ba Israyiri bayawukanamu ebika kumi na bibiri (12), abaamala nebalwanagana bokka na bokka. Okwegabamu kuno kwali

kutandiise nga Sulaymân alaih salâm tannafa. Wabula ku lw'obuyambi bwa Allâhu ta'âla, Sulaymân alaih salâm yasobola okubakuuma nga bali wamu kitole. Mutabani wa Sulaymân ayitibwa Rehoboam yeeyamusikira. Wabula ebika bibiri byokka ku bika ekkumi nebibiri byebyakkiriza okumugoberera. Eggwanga lya Israyiri lyeyawulamu ebitundu bibiri. Ekimu ku baakiwa elinnya **"Israyir"** ebika kkumi nebatuula omwo. Ebika ebibiri ebisigadde byatondawo eggwanga eriyitibwa **"Yahûda."** Eggwanga lino lyeefuga Yerusalemu. Naye ku nkomerero bayonooneka empisa. Allâhu ta'âla Yabanyiigira N'ababonereza. Baaliko wansi w'obukulembeze bwa ba Assyrian okumala ekiseera. Buhtunnasar (Nebukadnezar), omukulembeze w'eggwanga lya Assyrian, yamenya n'ayokya ekibu Yerusalemu n'akiteeka ku ttaka mu mwaaka gwa 587 B.C. (nga Yesu tannazaalibwa). Yabafulumya mu kibuga Yerusalemu ku mpaka nebagenda eBabyloni. Naye oluvannyuma lwa shah wa Iran gwebayita Kayhusrav (Cyrus) okuwangula eggwanga lya Assyrian, yakkiriza abaana ba Yisirayira okuddayo mu kibuga Yerusalemu. Bagezaako okuddaabiriza ekibuga oluvannyuma lw'okwookebwa. Okusooka babeera wansi w'obukulembeze bwa Iran ate oluvannyma nebabeera wansi wa Masedoniya. Abarooma bayingira ekibuga Yerusalemu mu mwaka gwa 64 B.C. Basanyaawo n'ebokya ekibuga era.

Nga abaana ba Israyiri bali wansi w'obukulembeze bwa abarooma, Îsa alaih salâm yazaalibwa. Mu biseera ebizibu ebyo, Tawrât eyaddala yasaanyizibwaawo. Ebitabo ebipya byawaandiikibwa nebiweebwa erinnya Tawrât. Engero n'enyiriri nyingi okuva ebweeru zayongerwaamu. Y'ensonga lwaki Allâhu ta'âla yatuma Îsa alaih salâm nga nabbi okukyuusa abaana ba Israyiri okudda ku mulamwa omutuufu. Abayudaaya tebaayagala kukkiriza Îsa alaih salâm nti nabbi. Baali balinda nabbi yennyini ali nga oli eyayogerwaako mu Tawrât. Baalowooza nti nabbi (omutume) ajjakuba wamaanyi nga akola kyonna kyebaagala, nti era ajjakubanunula okuva mu mikono gy'abarooma. Naye bwebaalaba Îsa alaih salâm nga wa mutima mugonvu, tebamwaagala. Baalowooza nti nabbi wa bulimba. Baatema ku maama we Hadrat Maryam ebigambo. Leero abantu abatwaalibwa okuba abayudaaya bawera obukadde kumi na butaano (15). Teri n'omu kubbo agoberera Tawrât ntuufu. Okusinziira ku katabo **"Britannica of the Year,"** kyebuuzibwa oba bonna bakkiririza mu ddiini emu kuba balimu ebiwayi binji nnyo.

EDDIINI Y'OBUKULISTAAYO

Îsâ (Jesus) alaih salâm yatumibwa kujja kutereeza nzikiriza ya abaana ba Israyiri. Kino kiba kitegeeza nti obukulistaayo obutuufu y'eddini eyatereezebwa eri abaana ba Israyiri. Îsa alaih salam agamba mu âya kumi na musanvu sûla ey'okutaano mu kitabo kya Matayo, "Temulowoozanga nti najja kudibya mateeka oba ebya bannabbi: sajja kudibya, wabula okutuukiriza." Tekisaana kuddamu kunnyonyola kintu kimu ekyo kuba Qur'ân al-karîm bweetyo bweyannyonyola. Naye wabula tusaba abasomi baffe abalunji okuban nga batunuulira ekitundu ekyo nga obujulizi. Bayibuli yennyini erimu ebyawandiikibwa ebituufu nga Hadrat Îsa alaih salam bweyasomesa yakhuusibwa emirundi mingi era enyiriri empya okuva ebweeru ezaayongerwaamu ziwerera ddala. Olwensonga nti engero nyingi ezatabikwa mu mateeka n'ebigambo bya Allâhu ta'âla, Bayibuli tekyaasobola kuyitibwa kitabo kituvu. Omumanyi w'oBusiraamu Alhaj Abdullah Ibn Dastân Mustafa rahimahullâh eyafa omwaka 1303 [1885], mu kitabo kye ekiyitibwa **Izâhulmerâm fî Kashfîz-zulâm**, annyonyola ekitabo kyaweebwa Hadrat Îsa neekyo ekyaayogerwaako mu Qur'ân al-karîm. Ekitabo kigamba bwekiti: "Abayudaaya bwe baayagala okutta Hadrat Îsa alaih salam, baamukwaata ne bookya Bayibuli gyeyalina oba baajiyuzaamu butundu tundu. Okutuusa ekiseera ekyo, Bayibuli yali tennabuna nsi yonna, n'amateeka n'eddini byaali tebinnaba kusasaanyizibwa. Nga kino kiva ku nsonga nti Îsa alaih salam yali yakabuulira enjiri kumala myaka ebiri n'ekitundu oba esatu. Era ne kulwensonga eno tewali busobozi kufuna Bayibuli ndala. Abagoberezi be baali batono ate nga nabasiinga ku bbo tebaali bayivu; kale kyaali kizibu ku bbo okubeera nga bawandiika obujulizi obulala. Okutuusa ekiseera ekyo Bayibuli yali tewandiikiddwa naye yali yakwaatibwa ne Îsa alaih salam yekka. Obujulizi obulala: mu kakiiko **Spiritual Council of Nicaea (Iznik)** akatuula emyaaka 325 oluvannyuma lwa Yesu, Bayibuli nyingi zaayokebwa olwensonga nti zaali zigambibwa okubeera enjingirire, oba okubeeramu ebintu ebitali bituufu. Nabwekityo kisoboka okuba nga ne Bayibuli entuufuu omwo mwe yagendera.

Olwaleero abakulisitaayo bakkiriza nti ebigambo bingi ebyateekebwa mu Bayibuli nga tebyaalimu okusooka nekiviirako ebigambo bya Allâhu ta'âla n'ebigambo bya Abaddu be okwetabika awamu. Teri kubusabusa, Bayibuli yali mu lulimi lu yudaaya. Oluvannyuma yakyuusibwa neddizibwa mu lulimi olulattini n'oluyonaani. Mukukyuusa Bayibuli okuva mu lulimi

oluyudaaya okudda mu luyonaani, ensobi nyingi ezaakolebwa. Okwongera kweebyo, olwokuba amazima gali nti abayonaani baali basinza masanamu nga bawakanya enkola ya "Katonda Omu", baagezaako okuyingiza falsafa wa Plato mu Bayibuli. Ku nkomerero enkola ya **Trinity** (obusatu) yayingizibwa mu Bayibuli. Okusinziira ku falsafa ya Plato, sikirungi kusinza bisanamu bingi nga ofuula ekimu ku bisanamu okubeera Katonda. Falsafa ya Plato egamba nti Katonda akolebwa abantu basatu. Asooka ye "Taata" nga ono ye mutonzi omukulu era ye taata w aba Katonda ababiri abasigadde. Ow'okubiri ye mutonzi alabika nga aliwo ku lwa Taata atalabika. Ekigambo kino kitegeeza **akabonero** na kutegeera. Obukakafu obulaga nti Îsa alaih salam abakulisitaayo bamuyita "kigambo" era nga bakkiriza nti "Katonda" bwawandiikibwa mu kitabo kya Yokaana. Owokusatu y'ensi (obutonde), ebirabika n'ebimanyikiddwa. Nabwekityo abarooma n'abayonaani bagezaako okufuula eddiini y'obukulisitaayo okuba eddiini ya falsafa. Îsa alaih salâm yagamba: "nze ndi muntu, nga mmwe." Nga ojjeeko kino, baamukkiriza nga omwaana wa Allah. Baagenda mu mamaaso n'okugamba nti bazuula ekintu ekiyitibwa "mwoyo mutuukirivu." Baagamba nti Katonda alimu abantu basatu. Taata, Mwaana ne Mwoyo mutuukirivu, bwobagatta ofuna Katonda wa abakulisitaayo. Naye nga ate ekigambo taata ekyaakozesebwa mu luyudaaya amakulu gaakyo kitegeeza Allâhu ta'âla omugulumivu. Ne mwaana ekyaakozesebwa ku Îsa alaih salam kyaali kitegeeza "omuddu wa Allâhu ta'âla omwaagalwa," teri makulu malala. Mwooyo mutuukirivu gaali maanyi ga butume Allâhu ta'âla geyawa Îsa alaih salâm. Amazima googerwa mu Qur'ân al-karîm âya kumi na bbiri Sûrat Tahrîm: **"Ne Maryam muwala wa Imrân, eyakuuma obwereere bwe. Netubufuuwamu omwoyo gwaffe n'akakasa amazima g'ebigambo bya Mukama Katonda we n'obubaka n'abeera mu bagondera Katonda."**

Mu bukulisitaayo obwasooka tebwaalimu kintu kiyitibwa "obusatu." Omumanyi ayogeddwaako waggulu Dastân Mustafa rahimahullah agamba: "endowooza y'obusatu yaleeletwa omubulizi ayitibwa Sibelius nga wayiseewo emyaaka bibiri nga Îsa alaih salam avuddewo. Okutuusa ekiseera ekyo, abantu baali bakkiriza nti Allah ali Omu era Îsa alaih salam mubaka We. Endowooza eyaleetebwa Sibelius yagaanibwa n'abakulistaayo bangi mu kiseera ekyo. Okulwaanagana kwabalukawo wakati wa amakanisa n'omusaayi neguyiika mungi. Mu kitabo ky'ebyafaayo ekyawandiikibwa ku mubiseera ebyo nekikyuusibwa okuva mu lulimi olufalansa okudda mu luwarabu, kikakasa amazima gano. Mu mwaaka 200 A.D, endowooza ya 'Taata' ne 'Omwaana'

yeeyaliwo yokka. Endowooza ya mwoyo mutuukilivu yaleetebwa nga wayiseewo emyaaka 181 n'akakiiko akatuula mu mwaka 381 ku mulembe gwa Theodosius, omufuzi wa Byzantium. Ba Paapa bangi baawakanya okusalawo kuno. Papa Honorius teyakkiriza ndowooza ya "obusatu." Newankubadde Honorius yajjibwa ku bwa papa, nga wayiseewo emyaka oluvannyuma nga afudde wabalukawo obubinja obwenjawulo obwaawakanya endowooza ya "obusatu." N'okuteeka ekifanani kya Yesu mu kanisa, ekifanani nga awanikiddwa ku kalaba n'ensonga endala zaaletawo obutakkaanya bunji n'okuyuwa omusaayi, wabula kyakkirizibwa nga wayiseewo emyaaka 700.

Bakyuusa emisingi gy'obukulistaayo: papa atwaalibwa okuba nga talemwa; kabona atwaalibwa okuba nga yaweebwa obuyinza okuwuliriza okwenenya kw'abantu; omuntu azaalibwa mwonoonyi. Newankubadde kyawandiikibwa mu Bayibuli, naye bawakanya nabbi asembayo, Muhammad alaih salam. Okutuusa leero bakyagenda mu maaso okukyuusa ekitabo ekiyitibwa Bayibuli. Ebikolwa bino byonna bireeta obusunu bwa Allâhu ta'âla. Amakulu ga âya 171 Sûrat Nisâ gagamba: **"Abange bannannyini kitabo! Temugulumiza nyo mu ddiini yammwe. Era temwogeranga ku Katonda okujjako amazima. Mazima îsa mutabani wa Maryam mubaka wa Katonda. Era kitonde okuva mu kigambo Kye "Ba" kye Yawa Maryam n'omwoyo ogwava gy'Ali. Kale mukkirize Allah n'ababaka Be, era temugamba ng anti "Basatu" okukikomya ky'ekisinga obulunji gyemuli. Allah Ali Omu yekka. Musukkulumu okubeera nga alina omwana. Yatonda buli ekiri mu Ggulu ne munsi."**

Okukozesa ekigambo "mwoyo" okutegeeza "Îsâ" alaih salam mu âya eyo, kyanyonyolwa mu ngeri eyenjawulo. Kitegeeza nti Jibrîl alaih salam yafuuwa omwoyo mu Maryam oluvannyuma yabeera olubuto. Okussa kuno okwaakolebwa Jibrîl alaih salam kuyitibwa "mwoyo." Oba, omwoyo wano kitegeeza obubaka okuva ewa Allâhu ta'âla. Hadrat Maryam yaweebwa amuwulire amalunji nga ayita mu kigambo kino, era nate Jibrîl alaih salam yalagirwa okufuuwa mu Maryam, ne Îsa alaih salam nalagirwa "Okuba" naaba. Ekigambo "Beera" kigambibwa nti enkwaatagana eliwo wakati wa Katonda ne mwoyo eri nga enkwaatagana eri wakati w'enjogera y'omuntu n'okussa kwe.

Abakyuusa Bayibuli balabulwa mu Qur'âna al-karîm Sûrat Baqara âya 79: **"Okubonabona kuli eri abo abawandiika ebitabo nga bakozesa emikono gyaabwe oluvannyuma nebagamba: bino biva wa Allah; okusobola okufuna ebyo byebetaaga. Bajja**

kubonerezebwa ku nkomerero kulweebyo byebawandiika nemikono gyaabwe ne kulweebyo bye baafuna."

Amakulu ga âya 1-4 eza Sûrat Ikhlâs: **"Gamba nti Allah Ali Omu. Talina bwetaavu bwonna. Buli kintu kyesigamira ku yye. Teyazaala era Teyazaalibwa. Teri muntu amufaanana."**

Akagero kano twakajja mu kitabo **Diyâ-ul-kulûb** ekyawandiikibwa mu lulimi olutuluki ne Ishaq Effendi rahimahullâhu ta'âla abeera mu kibuga Harput, Turkey:

Ba kabona babiri bagenda mu kibuga Kanton omulundi ogusookera ddala basobole okulokola abakyaina. Baasaba gavana wa Kanton olukusa okubuulira enjiri y'obukulisitaayo. Gavana teyabafaako. Naye bweyalaba bakabona bano nga bamunyiye okujja buli lunaku okusaba ekintu kimu ekyo, ku nkomerero yagamba bwati, "Ngenda kumala kubuuza Faghfûr (emperor) wa China okukkirizibwa okukola ekyo. Ngenda kumutegeeza." Nabwekityo yatuusa ensonga eri emperor wa China. Okuddamu kwali nti: "bagambe bajje gyendi. Njagala kumanya kiki kyebaagala." Gavana naye teyakola nsobi nasindika bakabona ewa emperor mu kibuga ekikulu ekya China, Peking. Amawulire gano galeetawo okutya mu bakabona ababuda. [Baasaba emperor agobe bakabona abakulisitaayo nga bagamba nti abasajja bano bagezaako okuteeka mu bantu baffe eddiini empya eyaletebwa mu linnya ly'obukulisitaayo. Abasajja bano tebakkirizi Buddha omutuukirivu. Bagenda kubuza abantu baffe."] Emperor yagamba, "Tulina okusooka okubawuliriza. Oluvannyuma tujja kusalawo ekyokkola." Yayita olukungaana lw'abakulembeze b'ensi. Yayita bakabona nabagamba bannyonyole ensi emisingi gy'eddiini gyebaagala okusomesa. Wano bakabona nebatandiika okwoogera ebigambo bino:

"Katonda omutonzi w'eggulu n'ensi, ali Omu. Nga ate ebiseera ebimu babeera basatu. Omwaana wa Katonda yekka ne mwoyo mutuukirivu nabob bakatonda buli omu mu kikula kye. Katonda ono yatonda Adam ne Hawa nabateeka mu Jjana. Yabawa ebyengera byonna. Yabagaana okubaako n'ebibala byebalya okuva ku gumu ku miti. Naye sitani yakema Hawa. Naye hawa naalimba Adam, nebajeemera ekiragiro kya Katonda nebalya ebibala okuva ku muti ogwo. Nabwekityo Katonda yanyiiga nabajja mu jjana nabasindika ku nsi. Wano ku nsi nebafuna abaana naü'abazzukulu. Bonna baali bonoonyi kuba baali balondoolwa ekibi jajja waabwe kye yakola. Embeera eno yaliwo okumala emyaka kakaaga (6000). Mu nkomerero Katonda nakwaatibwa abantu ekisa, naye teyafuna ngeri yonna okujjako

okutuma omwana We okujja afiririre ekibi abantu bafune okuwona. Omubaka gwetukkiririzaamu ye Yesu omwana wa Katonda. Waliwo ekibuga ekiyitibwa Yerusalemu mu ggwanga lya Palastina (Bufilisuti) mu buwarabu. Mu kibuga Yerusalemu mulimu ekifo kiyitibwa Galilee (Galileewo), omuli ekyaalo ekiyitibwa Nâsira (Nazalesi). Emyaka lukumi egyiyise, omuwala ayitibwa Maryam (Mary) yawangalira mu kyaalo kino. Omuwala ono yali aganziddwa ne kizibwe wa taata we omuto, naye yali akyaali mbeerera. Olunaku lumu, nga ali yekka, mwoyo mutuukirivu yamulabikira n'amuteekamu omwana wa Katonda. Mu ngeri enoomuwala eyali embeerera yafuna olubuto. Awo ye ne muganzi we bwe baali boolekera eYerusalemu, mu kibuga Bayt-i-lahm (Bethelemu) yazaala omwana. Bateeka omwana mu kibaya. Abamonko mu buva njuba abaali bamanyi nti ajjakuzaalibwa bwebaalaba nti emunyenye empya erabise mu Ggulu gafula, badduka za mbwa nebajja jaali nebirabo, ku nkomerero baamusanga mu kibaya. Baavunnama mu maaso ge. Omwana wa Katonda ayitibwa Yesu, yasomesa ebitonde bya Katonda okutuusa ku myaka asatu mu esatu egyobukulu. Yagamba, ''Ndi mwana wa Katonda. Mu nzikirize. Najja kubataasa.'' Yayolesa ebyamagero ebiwerako, nga okuzuukiza abafu, okuwonya abazibe ba amaaso, okuwonya abalema nebaddamu okutambula, okuwonya ebigenge, okuliisa abantu emitwaalo kkumi ebyenyanja bibiri (2), okukyuusa amazzi negafuuka omwenge nebirala. Wabula bantu batono abakkiriza. Ku nkomerero, abayudaaya baamulyaamu olukwe nebamuwaayo mu mikono gya abarooma, ekyamuviirako okuteekebwa ku kalaba. Wabula oluvannyuma lw'ennaku ssatu nga amaze okufiira ku musalaba yazuukira nalabikira abayigirizwaabe. Awo oluvannyuma n'agenda mu Ggulu kati atudde awali kitaawe ku mukono ogwa ddyo. Ne kitaawe yamukwaasa ensonga zonna ez'ensi. Eno yensibuko y'eddiini gyetusomesa. Abo abakkiriza bino bajja kugenda mu jjana mu bulamu obujja mu maaso, ate abawakanya bajja kugenda mu geyeena."

Oluvannyuma nga amaze okuwuliriza ebigambo bino, empero wa China yagamba bwati bakabona, "Ngenda kubabuuza ebibuuzo. Munyanukule ebibuuzo bino." Kati awo natandiika okubuuza, "Ekibuuzo kyange ekisooka kigamba bwekiti: mugamba Katonda ali omu ate nemugamba nti bali basatu. Kino kyabusiru nyo nga kugamba nti biri gattako biri ofuna ttano. Munnyonyole amakulu g'ekintu ekyo." Bakabona tebaayanukula okujjako bagamba bugambi, ekyo kyaama kya Katonda yekka yakitegeera. Kiri waggulu wa kutegeera kwa muntu." Emperor

yagamba, ekibuuzo kyange eky'okubiri: Katonda munene yatonda eggulu, ensi n'ebintu byonna, naye ate, omusango ogwakolebwa n'omuntu omu, avunaana abaana be bonna abatalina kyebamanyi ku musango ogwo; kino kisoboka? Era lwaki teyafunayo ngeri ndala yonna okujjako okusaddaaka omwaana We nga omusingo eri bbo? Kisoboka mu kitiibwa Kye? Mugenda kukyaanukula otya kino?" Bakabona nate era balemwa okwaanukula. "baagamba era nti ekyo kyaama kya Katonda." Amagezi g'omuntu tegasobola kubitegeera. Wano Emperor yagamba, "mbawadde olukusa okusomesa eddiini yammwe wonna we mwaagala mu China." Nga bamaze okufuluma, Emperor yagamba abantu nti "sirowooza muntu yenna wano mu China kubeera musiru kukkiriza bya byabusiru nga ebyo. N'olwekyo siraba bukyaamu bwonna kukkiriza basajja bano kusomesa ddogo lyaabwe. Nkakasa nti, oluvannyuma lw'okubawuliriza, abantu baffe bajja kumanya nti mu nsi mulimu abajega." Emperor kyeyagamba kituufu. Newankubadde wayiseewo emyaka 2000 okuva ebiseera ebyo, era newankubadde abakulisitaayo bataddemu amanyi mangi okusomesa obukurisitaayo, balemeddwa okukyuusa eggwanga lya China okuyingira obukulisitaayo.

Okusinziira ku bitabo ebisomeddwa mu nnimi ezenjawulo, Hadrat Maryam (Mary) yali abeera yekka mu kazigo ka Bayt-ul Muqaddas (Masjid-I Aqsâ). Teri muntu yenna yali ayingira kazigo okujjako Zakariyya alaih salâm. Malaika Jibrîl alaih salam yawa Hadrat Maryam obubaka nti ajja kuzaala omwaana agenda okubeera nabbi, newankubadde yali mbeerera. Olumu ku ngero mu kitabo **Mir'ât-I kâinât** lugamba: "Maryam bweyali anaaba nga ali mu maka ga senga we ne Zakariyya alaih salam, malaika Jibrîl alaih salam yajja mu kifaananyi ky'omuntu namufuuwamu. Ku lwensonga eno, yabeera olubuto. Yagenda ku bayt-ul-lahm wamu ne mutabanyi wa taata we omuto gwebayita Joseph (Yusuf) Najjâr. Îsa alaih salam yazaalibwa nga bali mu kifo kino. Oluvannyuma bagenda eMisir. Babeerayo okumala emyaka kumi neebiri. Oluvannyuma bagenda eNazalesi nebawangaalira eyo. Îsa alaih salam bweyaweza emyaka asatu yafuuka omubaka. Ku lwensonga eno, abantu abakkiriza Îsa (Yesu) alaih salam baali bayitibwa Nasrânî n'abantu bonna aba Nasrânî baali bayitibwa **"Nasâra."** Okusinziira ku Bayibuli, Îsa alaih salam bweyazaalibwa, munyenye empya eyakayakana yalabika mu Ggulu. Naye okusinziira kubana falsafa bagamba nti emboozi eno yonna lugero. Teri muntu yali ayitiddwaako Îsa (Yesu). Okusinziira ku Ernest Renan, nga ono polofesa ku tendekero lya Paris Yunivasite, Mary yafumbirwa Yusuf (Joseph). Îsa (Yesu)

alaih salam yazaalibwa mu mbeera ya bulijjo. Okulangirira kwa Renan kuno kweyakola kwamuviirako okugobwa mu kanisa ne papa. Naye ate endowooza ze zakkirizibwa mangu nnyo n'abantu abagamba nti tebalina ddiini.

Qur'ân al-karîm ekirambika bulungi nti Îsa (Yesu) alaih salam mwaana wa Maryam embeerera. Nga bwetugambye waggulu, Allâhu ta'âla yamusukkulumya ne Rûh-ul-qudus (mwoyo mutukuvu). Obujulizi buno busangibwa mu âya 87 ne 253 Sûrat Baqara. Amakulu ga âya zino: **"Twaawa Îsa (Yesu) mutabanyi wa Maryam obubonero obweyolefu netumufuula omugumu ne mwoyo mutukuvu."** Âya ezekitiibwa zino zitutegeeza obutuufu bw'ebyamagero ebyamuweebwa. Ate era byannyonyolwa bulunji mu âya 48 mu Sûrat Âl-imrân, ne mu âya 110 Sûrat Mâida, ne mu âya 27 Sûrat Hadîd nti enjiri (Bayibuli) yassibwa ku yye. Obujulizi obulaga nti yazaalibwa Maryam (Mary) embeerera buli mu âya 45 Sûrat Âl-imrân: **Malaika yagamba: "Owange Maryam! Mazima Katonda akusanyusa nga akutegeeza Ekigambo okuva gy'Ali, erinnya lye ye Al-Masiiha Issa, mutabani wa Maryam. Ajja kuba wa kitiibwa mu nsi era ne ku nkmerero ajja kuba mw'abo abasembezebwa okumpi ne Katonda.** Hadrat Maryam yabuuza: **"Owange Katonda wange! Nnasobola ntya okufuna omwana nga sirina musajja yali ankutteko?** Malaika yamugamba: **"Yadde kiri kityo naye Allah Akola nga bwaayagadde. Bwaayagala ekintu agamba 'Ba' ne kiba."**

Îsa (Jesus) alaih salam yayogera n'abantu nga akyaali muto. Nga akyali muto yalina amagezi agatali ga bulijjo. Yayanukula ebibuuzo ebiwera. Embeera eno gyeyalaga nga muto, kyalaga bulungi nti ajjakuba muntu atali wa bulijjo. Yatandiika okubuulira nga ali mu Yerusalemu. Mu kiseera ky'obwa nabbi bwe ekyaali eky'emyaka esatu, yakola ebyamagero bingi. Nga bwekyayogerwa mu Qur'ân al-karîm, yazuukiza abafu. Yawonya ebigenge. Yawonya amazibe b'amaaso. Îsa (Yesu) alaih salam yali nabbi atalina nyumba ebiseera byonna yali mu kutambula. Obudde bwekiro yalinga mu kusinza. Yali wa kisa, wa mutima mugonvu. Bweyamalanga okukola ebyamagero nga atambula yeyongerayo teyalindanga bantu kumweebaza.

Amateeka mu njiri (Bayibuli) gaali matono. Îsa alaih salam teyagamba nti aleese ddiini mpya. Yalinga agamba "sigaezaako kutandiikawo ddiini mpya. Natumibwa kutereeza mateeka ga ddiini ezaaletebwa ababaka abaayita agabadde gatandiise okwonooneka." Yayagala buli muntu akkirize nti Allah ali omu. Era tekikkirizibwa kulowooza nti obukulisitaayo diini mpya.

Obukulisitaayo n'amadiini amalala agasomesa Katonda omu nti gaaletebwa Hadrat Ibrâhîm alaih salam ne Mûsa alaih salam gegamu. Îsa alaih salam teyawandiika mateeka mapya. Teri muntu yenna alina Bayibuli ntuufu eyo eyassibwa ne Allâhu ta'âla. Bayibuli entukuvu eri mu mikono gy'abakulisitaayo leero erimu ebitundu ebyajjibwa mu Tawrât **(Endagaano Enkadde)** n'ebitabo ebirala byayongerwaamu ne Matayo (Mathew), Makko (Mark), Lukka (Luke), Yokaana (John) n'empapula endala n'amabaluwa g'abayigirizwa eziyitibwa **Endagaano Empya** oluvannyumwa. Bawandiika ebitabo ebyenjawulo. [laba: **Qur'ân al-karîm ne Bayibuli.**] Bayibuli endala ezawandiikibwa abayigirizwa zakungaanyizibwa nezookyebwa. Ekikolwa kino kyaaliwo mu kakiiko keddiini akatuula mu Istanbul mu mwaka 381 A.D. ku mulembe gwa Theodosius ne Constantine.

Obujulizi obukakasa okujja kwa Hadrat Muhammad sall-Allâhu alaihi wa sallam mu bujjuvu biri Bayibuli ya Barnaba, naye ate yali mwebyo ebyaayokebwa. Okutuusa leero kimanyikiddwa nti abawandiisi beebitabo ebina teri yalaba ku Îsa alaih salam okujjako John (Yokaana). Okusinziira ku kitabo kya Ishaq Effendi rahimahullâhu ta'âla owa Harput, Turkey, Bayibuli esooka, eyokubiri, eyokusatu neyokuna zawandiikibwa emyaka 65, 60, 55-60 ne 98 oluvannyuma lwa Yesu. Kyawandiikibwa mu kitabo kya Yokaana kyokka nti: "Allah yayagala nnyo abantu n'Abasindikira omwana We kennyini." Wabula tewali kubusabusa nti ekigambo "omwana We kennyini" kitegeeza "omuddu gweyayagala ennyo." John (Yokaana) yali mwana wa senga wa Hadrat Îsa alaih salam. Wabula teri woyinza kusanga nga kiwandikiddwa mu bitabo biri ebisatu. Wabula mu bitabo ebyo byonna, Îsa alaih salam ayogera ku Allâhu ta'âla nga "Taata," ekyaali kitegeeza "omuntu agulumizibwa" mu bitabo ebyo. Emboozi eri wansi eyajjibwa mu lunyiriri olw'okutano mu suula ey'abiri mu musanvu mu kitabo kya Matayo ekakasa nti ebitabo ebiri mu Bayibuli ebimu byawandiikibwa emyaka nsanvu nga Yesu alaih salam amaze okuzaalibwa: "Yesu nga amaze okufa, eggigi lya yeekalu ne liyulikamu wabiri okuva waggulu okutuuka wansi; ensi n'ekankana; enjazi ne zaatika: entaana ne zibikkuka; emirambo mingi egy'abtukuvu abaali beebase ne gizuukizibwa; ne bava mu ntaana bwe baamala okuzuukira ne bayingira mu kibuga ekitukuvu, bangi ne babalaba." Ekyafaayo kino eky'entiisa kyajjibwa mu bitabo bya abayudaaya abaali bannyonyola ennaku gyebaalina nga ekibuga Yerusalemu kisaanyizibwaawo n'okwokebwa ne emperor wa Abalooma Titus (Tito) emyaka nsanvu nga Yesu alaih salam amaze okuzaalibwa. Norton

Andrews (1786-1853) enzaalwa ya Amerika nga era muvvuunuzi wa Bayibuli agamba ekyafaayo kino kya bulimba. Obujulizi obuli wansi ge mazima agasobola okwesigamwaako. Obwo bwali bumu ku bulimba mu byafaayo ebikwaata ku muzikiti Aqsa, nga byatekebwaamu abayudaaya abaali abanakuwavu nga ekibuga Yerusalemu kyisanyeewo. Oluvannyuma akaseera nga kayiseewo, omuntu omu yawandiika akagero ku nkulungo y'ekitabo kya Matayo nga alowooza nti katukaana n'ekiseera Yesu alaih salam weyateekerwa ku musalaba. Ate omuwandiisi omulala yawandiika mu kitabo kya Matayo bwe yali atereeza ekitabo ekyo. Kati awo ebiwandiiki byakyuusibwa n'omuvvunuzi. Matayo yawandiika embeera eno mu kitabo kye nga kiri nga ekyaaliwo ku mulembe gwe naakiraba n'amaaso ge. Naye amazima gali nti waliwo obutakwaatagana oba ekitabo kya Matayo kyawandiikibwa Matayo kennyini. Bannabyafaayo abazungu abamu bagamba nti mu kitabo kya Matayo mulimu empandiika za mirundi ebiri, nga balowooza nti ekitabo kino kiyinzika okuba nga kyawandiikibwa abantu babiri abenjawulo. N'ebannaddiini abakulisitaayo bakkiriza nti Bayibuli eriwo kati mu mikono gy'abakulisitaayo si bogambo bya Katonda. Nga bwetwogedde waggulu, erimu ebigambu bya Katonda n'ebigambo bya abantu. Amagezi agaweebwa omusiraamu ku bikwaata ku Bayibuli gali nti: Enyiriri zonna eziri mu Bayibuli nga zikkiriziganya ne Qur'ân al-karîm olina okuzikkiriza; enyiriri ezikontana ne Qur'ân al-karîm zireke.

Îsa (Yesu) alaih salam yasindikibwa kutereeza ddiini y'abaana ba Israyiri. Wabula abayudaaya tebamwaagala. Baagamba yali nabbi wabulimba. Bamwemulugunyaako eri abalooma, nga bagamba: "Ayagala kubeera kabaka wa Israyiri. Ayagala kukunga bantu bekalakaase nga balaga obutali bumativu ku bukulembeze bw'abalooma. Yeeyita mwaana wa Katonda. Ayogera ku Katonda nga "Kitaawe." Okusinziira ku nzikiriza za abakulisitaayo, gavana wa abalooma mu kibuga Yerusalemu omuyudaaya gwe bayita Pilaato, yakwaata Yesu alaih salam nâmutwaala ewa kabaka Kerode. Kerode yali musanyufu kuba yali yayagala dda okumusisinkana alabe ku by'amagero byaakola. Yesu alaih salam yagaana okwaanukula ebibuuzo ebyamubuuzibwa ne kabaka Kerode. Awo Kerode yalagira bamuzzeeyo eri Pilaato. Abalaguzi n'adayudaaya bagaamba Pilaato nti akomererwe. Abakulisitaayo bakkiriza nti Yesu alaih salam yakomererwa ku musalaba naafa; oluvannyuma yazuukira n'agenda mu Ggulu butereevu. Naye abasiraamu bakkiriza nti Yesu alaih salam teyakomererwa ku musalaba wabula yagenda bugenzi mu Ggulu. Omuntu eyakomererwa mu linnya lye yali ayitibwa Yuda omu ku

bagoberezi be. Nga ayagala okuweebwa ssente yabuulira abaali bamunoonya gyeyali. Bino Qur'ân al-karîm ebyoogerako bweti mu Sûrat Nisâ âya 156-158: **"Ne ku lw'obujeemu bwaabwe; n'ekigambo kyaabwe ku Maryamu kwali kutemerera okunene; era n'ekigambo kyaabwe nti: mazima ffe twatta Îsa masiiha mutabani wa Maryamu, omubaka wa Katonda, nga ate tebamuttanga era tabamukomereranga ku musaalaba, naye yafaananyizibwa gye bali. Tebakirinaako kumanya okujjako okugoberera endowooza kwokka; mu mazima tebamuttanga wabula Katonda yamusitula N'amutwaala gy'Ali. Ne Katonda ye nannyini buyiinza."**

Nga Yesu amaze okugenda mu Ggulu, Obukulisitaayo bwatandiika okusasaana mu nsi mpola mpola. Okuviira ddala ku ndandiikwa, Abalooma n'abayonaani abaali basinza ebibumbe bagaana eddini eno. Abakulisitaayo bakwaatibwa nebattibwa. Basuulibwanga mu maaso g'ensolo nezibalya. Naye eddini yagennda mu maaso. Kya nsonyi nyo okulaba nti Bayibuli entuufu yabuzibwaawo. Endowooza eyekigwaagwa eya Paul (Sawulo) eyali omunnaafunsi egamba: "Okuttibwa kwa Yesu ku musalaba nsonga ya Katonda, bwenkanya na kuwonya. Katonda yakkiriza omwaana yennyini attibwe okusobola okusonyiwa ebibi by'abantu," yafuuka musingi oguyimiriddeko obukulisitaayo bwa leero. Newankubadde Yesu alaih salam teyagambako nti omuntu azaalibwa nga mwonoonyi, obukulisitaayo bwa leero bunnyonolwa bweebuti:

1 – Omuntu azaalibwa nga mwonoonyi. Adam, omuntu eyasooka teyagondera mateeka ga Katonda; nabwekityo yagobwa mu jjana.

2 – Abaana ba Adam okutuusa kati, balina ekibi ky'ekimu.

3 – Îsa (Yesu) alaih salam mwaana wa Katonda eyatumwa ku nsi okutaasa abantu okuva mu kibi ekyo.

4 – Katonda yakkiriza omwaana We akomererwe kuba yayagala okusonyiwa ebibi by'abantu.

5 – Ensi eno kifo kya kubonaaboneramu. Amasanyu n'okweyagala tebikkirizibwa mu nsi. Omuntu yatondebwa kubonaabona na kusinza.

6 – Omuntu tasobola kubeera kusinza Katonda butereevu. Tebasobola kumusaba kintu kyonna butereevu. Bakabona bokka bebalina okusaba Katonda. Era bakabona bokka bebasobola okusonyiwa ebibi by'abantu.

7 – Omukulembeze w'abakulisitaayo ye Paapa. Papa mutuukirivu, buli kyaakola buba bwenkanya.

8 – Omwoyo n'omubiri byangyawulo. Bakabona bokka bebasobola okutukuza omwooyo. Naye emibiri gyaabwe gisigala si mitukuvu; era giggya kusigala nga myonoonefu.

Olw'enzikiriza enfu eno, obukulisitaayo obutuufu obwaleetebwa Hadrat Îsa okutereeza eddiini y'abaana ba Israyiri yayonooneka nefuuka eddiini ey'obulimba. Abantu abamu bagezaako okuzzaawo obukulisitaayo ku mbeera yaabwo entuufu. Kabona ayitibwa **Luther** yatandiikawo ekibinja ky'abakulisitaayo mu linnya lya **Obupolotesitant** nga ayaagala okutereeza obukulisitaayo naye ate kyaayongera kwonoona bukulisitaayo. Awo oBusiraamu webwajjira okutereeza ensobi ezatekebwaawo Obukulisitaayo nga Îsa alaih salam amaze okuvaawo nokuzza eddiini eno ku misingi emituufu. Amazima gali nti ebitabo byonna ebyassibwa Katonda biraga okujja kwa nabbi ow'enkomerero, nga wa bantu bonna. Obubaka buno busangibwa mu Tawrât ne mu Bayibuli. Yokaana essuula kumi na mukaaga olunyiriri 12-13 zigamba bweziti: "Nkyalina bingi okubabuulira, naye temuyinza kubigumiikkiriza kati. Naye bw'alijja oyo Omwoyo ow'amzima, anaabalunggamyanga mu mazima gonna: tayogeranga ku bubwe yekka; naye byonna by'anaawuliranga by'anaayogeranga: ye anaababuuliranga ebigenda okujja." Qur'ân al-karîm egamba bweti mu Sûrat Saff: **"jukira Îsa omwana wa Maryam, bweyagamba: 'abange mmwe abaana ba Israyiri! Nze ndi mubaka wa Katonda gyemuli, okukakasa amateeka n'okubabuulira amawulire amalungi aga nabbi agenda okujja oluvannyuma lwange, nga erinya lye ayitibwa Ahmad. Naye bweyamala okujja baagamba nti lino ddogo lyennyini."**

OBUSIRAAMU

Nabbi eyalondebwa ne Allâhu ta'âla okusasaanya ddini empya yali Hadrat Muhammad alaih salam nga yazaalibwa mu mwaka 571 A.D. Qur'ân al-karîm ne Bayibuli mulimu enyiriri ezinyonyla embeera za nabbi Muhammad okuva nga muto, engeri gyayafunamu obubaka n'engeri gyeyatandiikamu okusomesa oBusiraamu.

OBusiraamu y'eddiini entuufu eyasindikibwa ne Allâhu ta'âla nesomesebwa ne Hadrat Muhammad alaih salam abantu be nga awezezza emyaka âna mu esatu. Yasomesa obukulisitaayo n'obuyudaaya obutuufu obwaali bumaze okwonoonebwa n'abantu. Eddiini eno eyitibwa Busiraamu. OBusiraamu bwatandiikira ddala kuva ku nabbi Adam alaih salam. Bwosoma obulungi obulamu bwa banabbi n'amadiini gebaasomesa abantu

agawandiikibwa mu bitabo bya abakulisitaayo, ojjakusanga nga nabo baali basomesa diini ya **Tawhîd**.

Ekitabo ekitukuvu eky'enzikiriza y'oBusiraamu kiyitibwa **Qur'ân al-karîm**. Qur'ân al-karîm bigamb bya Katonda. Newankubadde ebitabo biri ebirala kyatuuka ekiseera nebikyuusibwa n'abantu, Qur'âna al-karîm yo yasigala ku butuufu bwaayo nga bweyakka. Ebikwaata ku nzikiriza mu Busiraamu byeebimu nga ebiri mu madiini g'ababaka abalala. Mukisa mubi nti engero n'ebiwandiiko ebirala byayongerwa mu bitabo by'amadiini amalala.

Leero, eddiini y'oBusiraamu eyogerwaako mu nsi yonna. Mu kyasa ekya awakati, abamanyi abakulisitaayo olwokubula okumanya baalumba nnyo oBusiraamu nga babuyita eddiini eyatandikibwaawo sitani. Naye oluvannyuma lw'ekyaasa ky'ekkumi n'omunaana banna byafaayo abazungu baasoma eddiini y'oBusiraamu nebatandiika nokukyuusa Qur'ân al-karîm nga bagizza mu nnimi zaabwe. Abantu abaasoma Qur'ân nebagitegeera nga **Goethe, Carlyle, Lamartine, Tagore** n'abalala mu bantu abanyikiddwa ennyo mu nsi tebaatya kuvaayo kwogera mazima nti begoomba eddiini y'oBusiraamu. Ebisingawo ebikwaata ku bigambo byaabwe ku Busiraamu osobola okubisanga mu bitabo byaffe. Naye sawa zino tugenda kutunuulira ebimu ku biwandiiko ebikwaata ku Busiraamu ne nabbi Muhammad sall-Allâhu alaih wa sallam ebyawandiikibwa abafuzi abajja mu Turkey (Butuluuki) oluvannyuma lw'omwaka 1266 (1850).

Omuwandiisi w'ekitebe ky'abungereeza mu Istanbul 1311-1316 ayitibwa Sir Charles mu kitabo kye **Turkey in Europe** ekyafulumizibwa mu mwaka gwa 1900 mu mulyango oguyitibwa **"Eddiini Y'oBusiraamu"** agamba: "Ensi eno tekyaali kifo kya Yesu. Singa Obukulisitaayo bwaali bwekutte ku bukulembeze obumu oba ku kitongole kya gavument kyonna, bwali bade bubula. Tulaba nti amazima gano kyennyume kya Busiraamu. Muhammad alaih salam teyali munaddiini kyokka, wabula yali mukulembeze owekitalo. Yali aweebwa ekitiibwa abagenyi mu ngeri efanaganako neekyo ekiweebwa Paapa ne Czar. Yali mufuzi afaayo, newankubadde yalina obuwanguzi n'ebyamagero ebitali bya bulijjo,yali agamba nti ye muntu buntu. Teri nsobi okuba mu bulamu obwa bulijjo."

Ate mu kitundu ekirala mu kitabo ekyo kyennyini, wagamba: "Singa tutunuulira embeera y'obulamu bwa abantu abaaliwo mu biseera bya Yesu alaih salam, ebikolwa ebikyaamu n'ensobi

zebaakola, kijja kutwewuunyisa okulaba nti ebikolwa nga ebyo tebyaziyizibwa mu Bayibuli. Bayibuli eyogera bwoogezi nti abantu tebakola bibi ebyo. Tebuulira bantu kigenda kutuuka ku bantu abo abakola ebikolwa ebyo. Qur'ân al-karîm obutafaanagana na Bayibuli, ennyonyola bulungi ekibi ky'ekiriwa. Okugeza okusinza amasanamu, okuziika abaana ab'obuwala abato nga balamu, neeyogera n'ebibonerezo buli aba akoze ekikolwa ekyo kyagenda okufuna ku nkomerero. Era OBusiraamu bwakola omulimo munene okuwakanya ebyobuwangwa by'abawarabu mu biseera ebyo."

Sir Eliot ayongerako bino: "Erimu ku tteeka ly'oBusiraamu erisinga obulunji, tebusosola mugwiira ku munnaasi. Tewali kayungirizi wakati wa Katonda n'Abaddu Be mu nzikiriza y'oBusiraamu. Bakayungirizi, nga bwolaba bakabona, tebaliiyo mu Busiraamu." "Omuntu aweebwa nyo ekitiibwa mu Busiraamu. Ekyokulabirako ekirungi ye mujaasi omutuluuki. Balina empisa. Beeyisa mu mbeera ya bulijjo. Kizibu okusanga eggwanga erilina ababafaanana. Wabula empisa zaabwe, zitandiika na kugondeera muduumizi waabwe n'obuvumu nga kino kiri bwekityo kuba basiraamu. Busiraamu bwe bwabateekamu empisa ennungi zino. Okwongereza kuno, Busiraamu bwe bwatandiika enkola "eyokukungaanya ebintu" mu bantu nga bakozesa enkola ya zakat. Bugezaako okujjaawo omwagaanya wakati w'omugagga n'omwaavu, embeera ereeta abantu okubeera awamu mu mirembe. Eddiini essufu lino kyangu nyo buli muntu okubeera nga alitegeera. Omuntu yenna asoma mu bujjuvu ebyafaayo bya Muhammad alaih salam ajjakufuna essanyu n'okumwaagala."

Kati katutunuulire ekitabo ekirala. Omusajja omukulembeze omufalansa Henry A. Ubicini nga ensibuko ye ya Yitale, yazaalibwa mu kibuga Touraine, France, oluvannyuma lw'okuwangaalira mu butuluuki okumala emyaaka, mu kitabo kye **La Turquie Actuelle** (Butuluuki ya leero), kyafulumizibwa mu Paris mu 1851 bwati bwannyonyola oBusiraamu:

"Eddiini y'oBusiraamu eragira omuntu okuweebwa ekitiibwa n'okuba omwegendereza. Abasajja abanaku abagobwa mu bulaaya nga babataddeko omusango okubula eddiini, baayanirizibwa ne emperor era nebawangaala obulamu obulungi n'eddembe mu nsi y'oBusiraamu Butuluuki. Abagoberezi b'enzikiriza zonna batwaalibwa ky'ekimu n'obwenkanya. Abazungu abagamba nti abatuluuki n'abasiraamu babi batemu, okutegeera embeera y'obuntu n'okulabilira bakiyiga kuva ku bbo. Omuwandiisi ono eyaliwo mu kyaasa ky'ekkumi n'omukaaga

yagamba: ‘kyewuunyisa, naye ntambudde mu nsi z’abasiraamu. Sirabayo bikolwa bya bukambwe yadde okutta mu bibuga bya abasiraamu, abo betuyita abatemu. Bagulumiza nnyo eddembe lyabannaabwe. Bayamba nyo abali mu buzibu. Kimanyikiddwa nti omukadde, omuvubuka, omukulisitaayo, omuyudaaya oba omusiraamu n’oyo atalina ddiini balamulwa ky’ekimu nabwenkanya. Nzikiriziganya naye.”

Ubicini agamba mu kitabo ky’ekimu bwati:

“Mu kibuga Istanbul emisango mitono egikolebwa mu katundu akayitibwa Fatih abasiraamu mwebawangaalira. Naye buli lunaku bikumi na bikumi ebyemisngo gy’obubbi, obunyazi, n’obutemu ebibeerawo buli lunaku mu katundu akayitibwa Pera (Beyoğlu) akawangaaliramu abakulisitaayo. Wano abantu banyaga ne batta bannaabwe, era wafuuse kifo kya misango nga ebibuga bya bulaaya ebinene bwebiri. Nga enkumi nenkumi za abasiraamu bawangaalira mu ddembe n’obwenkanya mu katundu ka Fatih, abakulisitaayo nga 30,000 mu kabuga Pera balaga bumenyi bwa mateeka. Abayitale bayimba n’oluyimba ku Pera: **‘Pera, dei sulirati il nido’**, (Pera nsibuko ya byewuunyo). Akayimba kano bakayimba buli kiseera.

Kati katulabe alipota eyakolebwa omusajja atakkiririza mu Katonda ayogera ki ku nabbi **Muhammad** sall-Allâhu alaih wa sallam. Mu kitabo kye Muhammad, ekyaakafulumira mu nnimi nga 25 engwiira, yakyuusa amakulu ga âya ezimu okusinziira ku ndowooza ye, wabula omukaafiri ono ayitibwa Maxima Rodinson nga mukominisiti omuyudaaya, takkiririza mu ddiini yonna era agamba ababaka bonna baali bagwi ba nsimbu abalaba emizimu. Naye bwekituuka ku nabbi Muhammad sall-Allâhu alaih wa sallam yagamba bwati: “Amazima gali nti, tumanyi bitono ebikwaata ku muntu ono, endoowa ze n’ebikolwaabye byakankanya ensi yonna. Kisoboka okulaba nti Muhammad sall-Allâhu alaih wa sallam nga amasamasa nekitangaala ekitasoboka kulabwa ku muntu yenna. Ekitangaala kino kyekyafuula abantu abakungaanira waali okubeera abagezi. Kino tulina okukikkiriza. Nze kennyini ngezezzaako okunnyonyola mu bitabo byange ekitangaala kino nga bwensobola okulaba.”

Nga bwekirabwa, abawandiisi abazungu nabo nabo bakkiriza obutuukirivu bw’eddini y’oBusiraamu, batendereza omubaka sall-Allâhu alaih wa sallam era batunuulira Qur’ân al-karîm nga ekitabo ekituukirivu. Naye balowooza nti ekitabo kino teyakifuna kuva wa Katonda. Bakakasa nti kyawandiikibwa na nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam; bagamba nti gaali manyi ga ndowooza ze

si bubaka. Naye Muhammad sall-Allâhu alaih wa sallam eyali owamazima atuukiridde yakkiriza nti bigambo yabifuna kuva wa Katonda. Banna byafaayo abamu bagamba nti Muhammad alaih salam yali amanyi okusoma n'okuwandiika era nti yasoma eddiini ku basajja b'eddiini abayudaaya oba abakulisitaayo. Rodinson, omukominisiti ayogeddwaako waggulu, agezaako okukasa nti ekigambo **"ummı"** (atamanyi kusoma na kuwandiika) ekisaangibwa mu Qur'ân al-karîm nga kyoogera ku nabbi owenkomerero era nekikozesebwa n'abasiraamu, tekitegeeza "muntu atamanyi kusoma na kuwandiika." Agezaako okugamba nti kitegeeza makulu malala. Agamba nti kabona ayitibwa **Bahîra** yeyasomesa nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam. Bahîra yali kabona mukulisitaayo. Mu bitabo ebimu, elinnya lye ettuufu yali ayitibwa Georgius oba Sargius.

Lumu nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam nga alina emyaka kumi n'ebiri, yalaba Abû Tâlib nga ateekateeka safali okugenda okusuubula. Naye Abû Tâlib bweyamugamba nti tayagala kutambula naye lugendo luwanvu, yamuddamu nti: "ogenda kundekera ani mu kibuga kino? Sirina taata, sirina muntu yenna asobola kundabirira." Abû Tâlib bwaawulira ebigambo bino, yasalawo okugenda naye. Oluvannyuma lw'olugendo oluwanvu, basalawo okuwummulako okumpi n'ekigo ky'abakulisitaayo mu kibuga Basra. Mu kigo kino mwaalimu kabona ayitibwa Bahîra. Kabona ono yali yasoma ebitabo by'abayudaaya byonna. Omusajja ono yalaba abasuubuzi abakuraishi abaali bajja, naye nga waliwo ekire waggulu ekijja kibagoberera. Ekire kino kyali kikola nga manvuuli kubikka nabbi enjuba ereme kumwookya. Abasuubuzi nga batuuse batudde, yalaba amatabi g'omuti nabbi mweyali atudde nga geewese. Yafuna okukyamuukirira. Mangu ddala yasalawo okuteeka teeka ekijjulo. Bweyamala yabayita bayingire balye. Bonna bakkiriza okuyingira nebaleka nabbi ebweeru nga akuuma emmaali yaabwe. Bahîra yatunuulira abasuubuzi bonna nga naye waliwo abulako, kyava abuuza nti, "abange abebitiibwa abaquraish, waliyo mu mmwe omuntu atayingidde kulya"? Nebaddamu nti "yye waali." Ekire kyaali kikyaaliwo, newankubadde nga abaquraish bonna baali bayingidde mu nda. Bwe yalaba kino, yamanya nti waliwo asigadde ebweeru okukuuma emmaali. Bahîra yalemerako nga ayagala omuntu ali ebweeru ayingire alye. Nabbi mukuyingira, Bahîra yamutunuulira namwetegereza bulungi. Oluvannyuma yabuuza Abû Tâlib, "omwaana ono ava mu lulyo lwa mmwe?" Abû Tâlib yaddamu nti, "oyo mwana wange." Bahîra yagamba, "okusinziira ku bitabo ebimu, kyawandiikibwa nti taata

womwaana ono alina kuba nga yafa; ono si mwaana wo." Ku mulundi guno Abû TÂlib yaddamu nti "ono mwaana wa muganda wange." "Bahîra yabuuza kiki ekyatuuka ku kitaawe" Abû Tâlib yaddamu, "taata we yafa nga tannazaalibwa." Bahîra yamugamba nti oli mutuufu. Yamubuuza kiki ekyatuuka ku mama we? Abû Tâlib yaddamu nti, "naye yafa." Bahîra nga amaze okukasa okuddibwaamu kuno yazza amaaso ku nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam namugamba alayire mu linnya lya amasannamu. Naye nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam yagamba Bahîra: "Toddamu kungamba kulayira mu linnya ly'amasannamu. Mu nsi muno temuli kyentwaala nga mulabe mubi kusinga gantu ago. Nagakyaawa sigaagala." Kati awo Bahîra namusaba alayire mu linnya lya Katonda oluvannyuma naamubuuza "Weebaka?" nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam yamuddamu nti, "omwooyo gwange tegweebaka, newankubadde amaaso gange geebaka." Bahîra yageenda mumaaso okubuuza ebibuuzo nga bwaddibwaamu. Ansa zebaamuwa zonna zikwaatagana nebyawandiikibwa mu bitabo bye yali asoma. Oluvannyuma yatunula mu maaso ga nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam, nabuuza Abû Tâlib, "ekintu ekimyuufu kino mu liiso ly'omwaana kibeeramu buli kiseera?" naddamu nti "yye" tetukirangako nga kivuddemu. Ekyaddako Bahîra yayagala okulaba sitamp y'obwannabbi asobole okukakasa n'okutebenkeza omutima gwe oluvannyuma lw'okulaba obujulizi. Naye nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam yagaana okweyambula. Naye taata we omuto Abû Tâlib yamusaba akkirize namugamba "owange gwe etunda ly'amaaso gange, bambi kiriza okwaagala kwe kusobole okutuukirira." Olwebigambo bino, nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam yakkiriza okulaga Bahîra omugongo naalaba sitamp y'obwanabbi. Yaginyeegera nga bwakaaba. Oluvannyuma yagamba, "nkakakasa nti oli mubaka wa Katonda." Mu ddoboozi elyawaggulu yagamba: "Ono ye kabaka we Ggulu… ono ye nabbi wekitiibwa Allâhu ta'âla gwatumye nga kusaasira eri abantu bonna." Abasuubuzi bewuunya nga tebabitegeera; obunene n'obugulumivu kabona bwawadde omwaana omuto. Bahîra bweyamala yagamba Abû Tâlib: "Ono ye nabbi owenkomerero. Eddiini ye ejjakubuna ensi yonna edibye amadiini amalala gonna amakadde. Tomutwaala Damascus. Kuba abaana ba Israyiri balabe be. Nfunyeemu okutya nti bayinza okumuteekako obulabe. Ebisuubizo bingi ebyaakolebwa ebimukwaatako. Abû Tâlib yabuuza, "bitegeeza ki byoyogera?" Bahîra namuddamu nti: ababaka bonna balagirwa okutegeeza abantu bemirembe gyaabwe okujja kwa nabbi owenkomerero nga yoono.

Abû Tâlib nga amaze okuwulira ebigambo bino okuva ku Bahîra, yakyuusa endowooza ye nasalawo obutagenda Damascus. Ebyamaguzi bye yalina yasalawo okubitundira awo nakyuusa naddayo eMakka. Okusisinkana kwa nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam kuno ne Bahîra gwe mulundi ogwasooka ate era ogwasembayo. Nabwekityo tekisoboka ku mwaana ow'emyaaka kumi n'ebiri kutegeera makulu ga bigambo ebyo byonna ebikwaata ku ddiini mu kaseera akatono bwekatyo.

Newankubadde abana byafaayo abakulisitaayo abamu bagamba nti nabbi sall-Allâhu alaih wa sallam yasomesebwa kabona ayitibwa Mastûrâ naye era tebalina bujulizi bukakasa nsonga eno.

Singa abazungu bakkiriza obwanabbi bwe, tewali kubuusabuusa bajjakuba basiramuka era bafune essanyu elyolubeerera. Tusuubira nti olunaku lumu bajjakumanya eddiini entuufu era bafune obulamu obweyagaza nga bayingidde ejjana.

By'ebyo byetusobodde okutusaako mu kitabo kino. Wa-s-salâm. Tukwagaliza mirembe!

HÜSEYN HILMI IŞIK
‘Rahmat-Allahi alaih’

Hüseyn Hılmı Işık, ‘Rahmat-Allahi alaih’ yaafulumya ebitabo bya Hakikat Kitabevi, yazaalibwa mu kabuga Eyyub Sultan mu mwaka 1329 (1911 A.D.). ku bitabo ekikumi ana mu bina byeyawandiika, nkaaga ku bbyo biri mu lulimi Luwarabu, biri mu bitaano biri mu lulimi Lufurusi (Lwiraani), kumi na bina biri mu lulimi Lutuluuki, ebitabo ebisigadde biri mu Lufalansa, Lugirimaani, Lungereza, Lurasha n’ennimi endala. Hüseyn Hılmı Işık Rahmat-Allahi alaih yali mumanyi w’oBusiraamu asobola okulagirira abantu ekituufu. Yafa wakati wa October 25, 2001 (8 Sha’bân 1422) ne October 26, 2001 (9 Sha’bân 1422). Yaziikibwa mu kabuga Eyyub Sultan weyazaalibwa.

EBYAFAAYO BYA HUSEİN HİLMİ MUTABANYİ WA SA`İD EFFEND (OMUGOBEREZI WA SAYYİD`ABDULHAKİM-İ ARWÂSİ)

Yazaalibwa mu munyumba namba 1 eya Şîfâ Yokuşu,ku luguudo Vezirtekke ekikuubo Servi, Eyyub sultân, mu İstanbul, ku makya amalunji nga 8 ogw’okusatu(march),1911(1329 Hijri). Taatawe Sa`îd Effendi ne jjajawe İbrahim Effendi baali bava kukyaalo ekiyitibwa Topova okulilaana Lofja (Lovec) mu Bulgaria, ne maamawe Mukyaala Aişe ne kitaawe Huseyn Ağa baali bava mu Lofja. Mu lutalo lwa 93 nga balwaanyisa aba Russia (1293 Hijri,mîlâdî 1878), Said Effendi yasenguka najja mu İstanbul nafuna obutuuze mu kitundu kya Vezirtekke, eyo gyeyawasiza omukyaala. Olwo kubonaabona okwaletebwa olutalo nokusenguka, teyasobola kufuna kusoma kussomero, yalondebwa okukulila ebyempima mu munisipali, gye yakola okussuka emyaka âna (40).Yaddingananga okubeela mu misomo egyaa bamanyi abamaanyi mu mizigiti eminene mu İstanbul, nafuna amagezi agesiimisa mu diini. Okusinziira kubumanyilivu bwe mu mulimu gwe, yafuuka mukugu mukutereeza arithmetical opareson nya (4) okuva mukulowooza ebyo ebisobola okuletela ebyewunyo.

Huseyn Hilmi Effendi yagenda ku ssomero lya Sultan Mihr-i Shâh, elyaali wakati w’omuzigiti gwa Eyyub ne Bostan Wharf, nga alina emyaaka etaano gyokka.Wano yamalirawo kur’an yyona mu myaaka ebiri gyoka. Ku myaaka musanvu, yatandiika okusoma

pulaimale ku Reşâdiyye nümûne maktabi, okuliraana entaana ya Sultan Reşâd Hân. Muluwummula, taatawe yamusindikanga ku massomero g'eddiin agayitibwa **Hâkim Kutbüddin**, kalenderhâne ne Ebüssü`ûd ela amasomero gano gamuyamba okukuzibwa omulungi. Huseyn Hilmi Effendi yamaliliza emisomo gya pulaymale neddaala ely'awaggulu mu mwaka 1924, ebirabo bya gold gilt byeyaweebwa mu bulissomo lye yayita byajjuza album. Yayingizibwa mu ssomero lyamagye elya Halicioğlu elyaali livudde eKonya okudda mu İstanbul mu mwaka ogwo nga afunye daaa lisooka. Mu mwaka ogw'okubiri mu secondary era yeyasinga banne omwaka ogwo. Nga amaze okukuuma omutindo gwe nga omuyizi asinga buli mwaka, yatikkilwa okuva mu ssomero ly'amagye nga n'eddaala lya kaputeni owe kibiina ela yalondebwa okugenda ku ssomero ely'amagye elyeby'obulamu (medical school) mu 1929.

Mu ssomero lya Sekondare, omusomesa wa Geometry yagambanga Huseyn Hilmi okuwumba wumba omusomo buli ku nkomelelo y'okusoma. Bakwano be bagambanga nti bamutegeera nyo nga abaddiddemu okunyonyola byebasomye. Yali emu kunsomesa ezo ezawaggulu weyayimiliza natandiika okunyonyola theorem egamba bweeti, "okukola angle eyadyo mubutufu bwaayo, kyetaagisa nokumalila oludda olumu okubanga ku lwo angle kwe yesigama)"; omusomesa captain Fuâd Bey yagezaako okumuyamba, naye yamuddamu nti: "Owekitiibwa, sisobola kukitegeera. Kyotegeeza nkimanyi, naye enyinyonyola ebbiri buli emu enyonyola jinnewaayo." Kati Awo Fâud Bey nabuuza omuyizi ow'okubiri mu kibiina, eyali amuddirira mu kibiina endowooza ye, naye yagamba, bwaati: "Musomesa, Hilmi Efendi mukyaamu. Ne mu kitabo bwekityo bwekiri nga bwo yogedde." Hilmi Effendi yalemelako nti tabitegeera, Fuâd Bey yagamba, "tuula, ompulirize" Hilmi Effendi, fenna tuli bantu oyinza okuba nga okoze nyo leero n'okoowa. Oba olina ekizibu ekirela ekikusumbuwa naye tofaayo. Ojja kukitegeera ekiseera ekirala. ekiro nga buli muyizi yeebase, omukuumi yamuzuukusa namugamba nti omusomesa wa geometry amulinze mu kisenge ky'abasomesa. Yazuukuka nayambala engoyeze okugenda mu kisenge ky'abasomesa nga bimutabudde. Yasangayo Fuâd Bey namugamba: "Mwana wange, oluvannyuma lwokudda ewaka nalowozezza nti ebintu biwedde. Nengamba nzzeka; "Hilmi Effendi addingana nyo buli ssomo okusobola okutereeza buli buzibu obunene obuli mu ssomo ly'okubala. Wateekwa okubaawo ensonga eyamuviriddeko okugamba nti waliwo obukuubagano ku

nsonga eyo. Mu kukirowozaako enyo ndabye nga oli mutuufu. Omuwandisi w'ekitabo Omufalansa Hadamar, yakiwandiika bubi, Ahmed Nazmi Bey, omusomesa wange owa geometry mu dendekero ekkulu elya İzmir teyakiraba, ela mbadde nkisomesa mu bukyaamu ebbanga ddene. Olimutuufu mwana wange. Nkuyozaayoza. Ndimusanyufu okubeera n'omusomi alinga ggwe. Mbadde sisobola kulinda budde kukya nenkiraba nti oja kwebaka bulunji nga oli musanyufu." Yamunyweegera mukyeenyi nagenda.

Hilmi Effendi yasiiba buli mwezi gwa Ramadhani ela yayimirizaawo sswala zonna ebbanga lyonna nga asoma ku tendekero ly'amagye. Mu basomi bonna, yali yyeka asobola okusaala swalaze zonna. Abasomesa abamu, abaali bapangisibwa abalabe b'oBusiraamu, baali bakola nyo okubuzaabuza bayizi banne mu kibiina okubeera abobulabe eli oBusiraamu nga bayita mu bulimba nokukyuusa sayansi. Omusomesa wa Geology ayitibwa Âdemu Nezîhî, omusomesa wa Physics ayitibwa Sabrî, omusomesa wa Falsafa ayitibwa Cemil Senâ, n'omusomesa wa History ayitibwa Major Gâlib okuva mu Baghdâd, baayitiriza okusomesa ebintu ebibuza abasomi. Naye teyabakkiriza. Yasoma nnyo amasomo gaabwe nagawangulila waggulu mu bibuuzo nafuna n'obusiimo bwaabwe.

Weyali omukungu ku Ssomero ly'amagye, taatawe Sa`id Effendi naafa. Ba ofisa, abasomesa nabayizi bajja okuziika. Abantu b'omukitundu kyebayita Eyyubu mweyali awangaalira bewunyisibwa olw'abantu abayitirivu enyo abaaliwo mu kuziika.

Hilmi Effendi teyali mwangu weyasomera ku tendekero ekkulu elya Sayansi ku Zeyneb Vâlide Sultan ku Bâyezîd Square; Buli lweyagendanga mu Juma ku lw'okutaano ku muzigiti gwa Bâyezid, abasaaze baalinga olunyiriri lumu emabega wa Imam nga ate bonna bakadde. Yafuna okwelaliikirira nti jebujja mu maaso wayinza obutabaawo basiraamu bayinza kusaala. Awo yatandiika okunoonyereza ensonga eviirako abasiraamu butasaala. Tewaali ngeri gyasobola kikolamu. Yafuna okunakuwala nobwennyamivu kuba ne ku ssomero teyalina mukwaano gwe wa kulusegere gwayinza kunyumiza mbeera eno basobole okugifunira eddagala.

Lunaku lumu yafuluma essomero nga bukyaali nagenda ku muzigiti gwa Bâyezid okusaala swala ye misana (dhuhur). Oluvanyuma lwokusaala swala, yalaba omuntu abuulila ebbali ku ludda lwa kkono mu muzigiti. Yatuula wansi. Omubuulizi yali asomesa ku mpaji omukaaga ez'obukkiriza okuva mukatabo akatono keyalina mu ngalo. Hilmi Effendi yali amanyi byonna

ebyali bisomesebwa naye teyafuluma olwokutya nti eyali asomesa ayinza okuggwaamu amanyi nti byasomesa temusanyusizza. Amazima gali nti abawuliriza baali batono nyo nga ate bakadde. Omubuulizi yasala ku musomo gwe nagumaliriza nga alaga abantu akatabo nti ka mugaso eri omusiraamu era buli omu yetaaga okubeera nako. Yagamba mbutunda. Endabika ye yali eraga nti musajja munaku. Teri yasobola kugula katabo yadde kamu. Hilmi Effendi yakwatibwa ennaku eri omubulizi, nalowooza aguleko kamu akawe abavubuka, kwe kubuuza beyi ya akatabo, naye omubuulizi olwamugamba kagula Kurush 25, endowooza najivaako, kuba yali akatunda sente nyinji nga ate teyalina sente nekirala akatabo kaali tekasaana sente ezo. Sente zebiseera ebyo zaali zaali zamuwendo; Imam ne lieutenat baali bafuna wakati wa 17 ne 61 liras nga omusaala. Omuwendo gwa katabo ekinene enyo zaalibadde Kurushe taano (5), yakiraba nti kyaali tekijja mubuulizi kusaba sente nyingi bwezityo. Yalibadde abigaba kubwereele kulwa Allah. Naye kale bwaba nga mwajja ekyokulya, yalibadde asaba kurush ttaano ekinene enyo. Yaggwaamu amaanyi nga takikkiriza kyaalabye. Bweyamala yatambula okudda oludda olula mu muzigiti. Muunda nebweru ku lubalaza nga wajjudde abantu. Omusajja omukadde nga atudde wakati yali ayogera. Mukulwaana enyo yagenda natuula emabega emabega we. Omusajja omukadde yali asoma ekitabo nga bwanyonyola engeri abasiraamu gye balina okulambuulamu entaana za ba Awliyâ', ensonga Hilmi Effendi gyeyali tamanyi era nga ayagala nyo okugiyiga. Bweyali awuliliza, newankubadde, yali tasobola kulekera kulowooza kwooli omubulizi omulala eyali atunda obutabo nga bwagamba; "Omuntu ayagala Allah yalibadde agaba ebitabo by'eddiini kubwereere," nga bwaddingana mu mwoyo gwe. Mu kaseera katono, esswala ya Aswir yali egenda kutandiika mu muzigiti, omubulizi omukadde nabikkako ekitabo kyeyali asoma naakiwa Hilmi Effendi nga bwayogera,"kino ky'ekirabo kyange eri Effendi omuto kulwa Allah, natandika okusaala. Newankubadde namukadde ono yali talabye Hilmi Effendi, naye yamanya nti atudde mabega we. Hilmi Effendi yakwaata ekitabo naye neyeyunga ku sswala. Oluvanyuma lwa sswala yatunula ku linnya ly'ekitabo **"Râbita-i Sherîfa"** nga wansi ku ddiba waliwo elinnya ly'omuwandiisi **"Abdulhakîm"** yakitegeera luvannyuma ku muntu mulala nti omuntu amuwadde ekitabo abade Abdulhakîm Effendi era nga abuulila ku muzigiti gwa Eyyûb buli lunaku lw'akutaano. Yakomawo mukizimbe ekiyitibwa "Bekir Ağa Bölüğü okulilaana Bâyezid tower weyali abeera.

Kulw'okutaano, nga ennaku ezo lwaali nga lunaku lwa kuwummula, yagenda ku muzigiti omunene. Yanoonya omubuulizi naye teyasobola kumulaba. Oluvannyuma yakitegeera nti yali asaaza mu gumu ku muzikiti nga yali wa kukomawo oluvannyuma lw'esswalat. Teyatuula mu muzikiti munda yasalawo nafuluma ebweeru. Yalaba omubuulizi nga ayimiridde ebbali w'akadaala kwebatundira ebitabo.Yamusemberera nga amuva emabegawe okudda jaali nga amutunuulidde nkaliliza nomukwaano. Yawulira omutunzi webitabo nga agamba "Sebo" toyimilila tuula kuntebe eyali ebikiddwa omuzira. Weyali alikumpi okutuula, Hilmi Effendi yabuuka kumpi naye nagamba: lindamu akasela, yasimuula ku ntebe omuzira nga akozesa akatambala akomungalo. Yajjako girikotiye, najizinga najiteeka kuntebe olwo nagamba osobola okutuula kati. Abdulhakîm Effendi yamutunuulira, oluvannyuma yamugamba, gyako girikoti yo, natuula ku ntebe nkalu. Hilmi Effendi yawulila ennaku wabula yafuna essanyu nga amugambye nti jinteeke ku mugongo. Abantu abamu bwebaafuluma mu muzigiti, yayingira natuula ku kifo kye ekisitufu kuludda lwaddyo mu muzigiti natandika emisomo gye okunnyonyola okuva mukatabo ku meza (Rahla) mu maasoge. Hilmi Effendi yatuula kulunyiriri olusooka mu maasoge nga awuliliza n'obwegendereza. Yawuliriza n'okweneenya; ebikwaata ku ddiin nensi, kuba byona yali tabiwulirangako, era yafuna okunyumirwa. Yalinga omuntu omwavu agudde ku ky'obugagga, oba omuntu alina enyonta nga azudde amazzi aganyogoga. Yali tasobola kujja maaso ku Sayyid 'Abdulhakîm Effendi. Yali aggweeredde mukutunuulira kyenyikye ekyomukwaano ekitemagana n'okuwuliriza ebigambo byomuwendo ebyamagezi enyo eby'ogerwa. Yali obwongo abumalidde ku yye era nga yerabidde essomero, ebintu by'ebyensi nebilala byona. Yafuna essanyusa mu mutima; nga gulinga gwebanazizza nga bakozesa ekintu ekiwoomu. Gwaali mulundi ogusooka ogwa suhba nti ebigambo ebisooka ebitini byali bimala okumuyingira nga bilinga ebimubulila muye okwesima okuyitibwa Fanâ; ebifuibwa mu myaka eminji egyokubonabona. Kya mukisa mubi, Suhba yaggweera mu ssaawa emu. Ku yye Hilmi Effendi, essawa eno emu yayita nga alaba nti kaseera katono. Nga alinga azuukuka mu kirooto ekiwoomerera. Yateeka ekitabo kye kyawandiikamu mu nsawo nasituka mu layini okufuluma ebweeru. Bweyali nga asiba obuguwa bwengatoze, omuntu yakotama waali namuyita, "Effendi omuto, nkwagala nyo nyo. Enyumba yaffe eri ku malaalo, jangu otulambule. Tujja kwogera. "Sayyid 'Abdulhakîm

Effendi yeyayogera ebigambo ebyo ebirunji, ebigambo ebisikiriza ebiwa essubi. Ekiro kyennyini ekyo Hilmi Effendi yaloota ekile ekya bululu nga kyeruse kimesamesa nga kili nga omunaala gw'omuzigiti. Nga omuntu alina ekyeenyi ekitemagana nga akitanbulilamu. bweyatunula waggulu yalaba nga yali Sayyid 'Abdulhakîm Effendi era yazuukuka musanyu. Nga wayise ennaku ntono, yaloota omuntu alina ekyeenyi ekyakayakana nga omwezi eyali atudde kumutwe gwa kofini ku masiro ga Hadrat Khalid Ayyûb al-Ansârî nga abantu bayimiridde mu lunyiriri banyweegera omukono gwe. Hilmi Effendi yegatta mu lunyiriri nazukuku nga okusanga nga yali amunyweegera omukono gwe.

Mu nnaku ezo Hilmi Effendi yali awangaalira mu Fâtih era nga agenda mu maka ga Sayyid 'Abdulhakîm Effendi buli lwakutaano. Ebiseera ebimu yagendanga nga swala yokumakya tennabaawo navaayo oluvannyuma lwanswala y'ekiro nga ewedde naye nga tayagala kuvaayo. Yerabiranga buli kimu nga buli kimu alinga akiraba mulundi gusooka. Yali abeera kumpi nyo ne Sayyid Abdulhakîm Effendi yadde nga balya, basaala bawumuddemu nokulambula. Yatunuulilanga nyo empisa ze n'okumuwulirisa nobwegendereza. Yagezangako nyo obutonoona yadde eddakika emu. Yagendanga gyaali buli luwummula, nabuli weyabeeranga n'akaseera.Teyayitwaako wadde okubulila mu muzigiti. Mukusooka ebitabo by'oluturuuki, sarf ne nahw w'oluwarabu byali bisomesebwa. Okugeza, Simâ'î masdars, **Qasîda-î Amâlî, Dîvân** ya Mawlânâ Khâlid ne kitabo kya logiki Isaguji byakwatibwa ku mutwe. Olunyiriri oba akanyilili k'oluwarabu oba olwiran, lwawandiikibwanga nelunnyonyolebwa mu buli lukungaana, olusisinkana. Byona ebyawandiikibwanga byakwatibwanga ku mutwe.

Omulimu ogwasooka Sayyid Abdulhakîm Effendi gwe yawa Huseyn Hilmi Effendi gwaali gwa kukyuusa okujja mu luwarabu nga aza mu luturuuki biwandiko ebitono tono ebya al-İmâm al-Baghawî ebikwata ku qadâ' ne qadar. Yavunulanga mu budde bw'ekiro nga ali ewaka natwaala eli omusomesa olunaku oluddako. Omusomesa we yagamba,"kilunji nyo! Ovunudde mubutuufu bwaakyo. Nkyagadde.

Huseyn Hilmi Effendi yayita okugenda ku dddaala elyokubiri mu ssomero ly'obujanjabi nga omusomi asinga. Weyali nga atudde mu kabangirizi nomusomesa nga bagenze okulambuula ku Eyyub, akaseera katuuka nekakwatagana ne byeyali asoma mu Ostology ela yali alikumpi kukola ku Mulambo. Omusomesa we yamubuuza kyeyali asoma ku university. Mukwanukula, Sayyid 'Abdulhakîm

Effendi yagamba, Tojja kubeera phisician .Ofunye okyusibwa okudda mu ssomero lya pharmacy. Hilmi Effendi yagamba, "Ndina obubonero obusinga mukibiina. Tebajja kunzikiriza kugenda ku ssomero lya Pharmacy. Teekamu okusaba kwo. İn sha Allah, Allâhu tâ'âlâ ajja kukikuwa, "omusomesa we yamugamba. Oluvannyuma lwo kusaba enyo, Hilmi Effendi yayingira musomero lya pharmacy, nga amaze okusemberela enkomelero yolusoma olusooka mu yuniversity. Newankubadde carriculamu yali ya kitundu nga yali alina okutuula ebigezo ebimu, ebya course zomwaka ogusooka, ebibuuzo byona yabiyita kunkomelero y'olusoma olw'okubiri. Yatikkilwa okuva mu ssomero lya pharmacy namala omwaka mulamba ogwa Probation ku dwaliro lya Gülhane nekitibwa ekyawagulu. Yasooka kulondebwa nga amyuuka omusomesa lieutenant ku ssomero lya medical elya magye. Yali agobelera olupapula **Le Matin**, olwafulumira mu Paris, kubiragiro bya 'Abdulhakîm Effendi kyamwongela amagezi mu lulimi olufaransa bweyali nga musomi ku ssomero lya pharmacy. Yatandiika okusoma ku ssomero lya chemical Engineering, ate kubilagilo bya 'Abdulhakîm Effendi bweyalinga muyambi womusomesa. Yasoma calculus okuva ku Von Mises, okukanika okuva ku Professor Prage, Physics okuva ku Dember ne techinical Chemistry okuva ku Gross. Munkomelero emyeezi omukaaga egyokunoonyereza yajikolera wansi we nga yekalabalaba, ela nabeera mumalirivu mu nkola eya ester ''phenylcyannitro-methan-methyl. ''Buno obuwanguzi mukunoonyereza, obwali busookera ddala mukiwanja ekyo munsi yonna, bwayolesebwa mu **Journal of the İstanbul faculty of science** ne mu journal ya German **Zentral Blatt** (number 2519 in 1937) wansi mulinya lya Hüseyn Hilmi Işık. Beyafuna masters tugiyite digiri ey'okubiri mu bya sayansi mu chemical Engineering (numbred 1/1) mu 1936, Hüseyn Hilmi Işık yalabikira mu mpapula za bulijjo nga omuntu owenjawulo asoose mu chemicsl Engineer mu buturuuki. Kulw'obuwanguzi bwe buno yalondebwa kubwa chemist ofisa kuludda lwa gasi wobutwa mu Mamak, Ankara. Yaweereza emyaka kkumi nagumu (11), egisinga obunji ku jjo yakola ne Merzbacher, General director wa makolero ga Auer; Goldstein, doctor wa chemistry; ne Neumann, doctor wa amaaso. Yasoma n'olulimi olugirimaan okuva kubbo. Yafuuka kakensa mu gasi wobutwa. Yakola obuweereza. Okugeza, Bungereza yatunda obukookolo bwa gas emitwaalo kkumi eri Poland mulutalo olwensi yonna olwokubiri. Nga obukookolo buli mukkubo bugenda e Dardannelles, Bugiriman yalumba Poland, abangereza

bayagala okuguza obukookolo aba turuuki. Captain Hüseyn Hilmi Işık yekebejja obukookolo oluvannyuma lwokukizuula nti bwaali buyisa omukka ogwobutwa yaggusa ensonga ''tebukozesebwa'', bulunji bwa bwerere. Minister webyokwerinda ebyensi n'omubaka wa Bungereza mu Butuluuki yakuba omulanga ela nga takkiriziganya na alipota. Kisoboka kitya ebyamaguzi bya Bungereza okuba ebicupuli(ebifu) ?" kyayogelwa. Yakakasa ebigambo bye. Mukusembayo yalina okuwa ebiragiro bibeere nga bimenyebwa menyebwa mubitundu bikolenga ebitundu ebizibizi abangereeza basobole okufuna sente zaabwe.

Hüseyn Hilmi Effendi weyali nga akolera mu Ankara, yalambuula İstanbul buli kumukolo. Okulambuula wekwaali nga kukalubye, yakkakkananga nawandiika ebbaluwa İstanbul. 'Abdulhakîm Efendi, yamwaanukulanga nga awandiikisa omukonogwe ogwemikisa ezawandikibwanga okuva İstanbul okugenda kukyaalo kya Mamak, yagamba:

"Mukwano Hilmi! -neebaza Allâhu ta'âlâ kulw'obulamu bwonyumilwa nga owandiika. Kinsanyusa nyo okumanya nti olimukusomesa [bagandabo] Sedâd the 'awâmil. Nkiraba nti tewali nsonga owangalizibwa ebweru wekibuga. Mwembi mujja kufuna ebirunji binji. Mpeereza okulamusa nokusaba gyemuli, mama wamwe ne banyina mwe. Mpandikilanga buli kaseela. Mbuulira mbeera gyolimu mu bulambulukufu!. Mpandiikila mubujjuvu embeera oluvanyuma ddala nga okunonyereza kuwedde!".

Abaagalwa bange enyo Hilmi ne Sedâd! -Nfunye ebbaluwa yamwe eyomukwaano. Endeetera okuwaayo okwokweebaza nokutendereza [Allâhu ta'âlâ] ...Avvunudde 'awâmil bulunji nyo. Bwamala Najitegeera. Hilmi ajja kujiganyulwaamu. Sadâd ajja kujiganyulwaamu. A wâmil erina Sharh ne Mu'rab. Nja kujibaweereza nomuntu omu. Ddala, bajja kufuna essanyu mu kitiibwa kya nahw. Olumala okwongerako ku bwa chemical engineer, ojja kubeela egineer mu sarf ne nahw .Bayinginiya abalala bajja kukakkana ekitiibwa olw'omuwendo gwaabwe okweyongera. Lino ettabi lyobwa engineer nalyo, okwongela kukuba elyomuwendo kulyo, lijja kwongela okuba elyo muwendo olwokubanga bayinjiniya balyo banantasangika oba nga babuzewo. Awo ensonga lwaki gyemuli, ejja kubasobozesa okubanga mufuna obuwanguzi obwamanyi (dawlat-i 'azîma). Tuweleza okulamusa nokusaba''.

"Hilmi!-nawulila essanyu ne mirembe nga nsoma bbaluwa yo

esembayo. Njagala okkiririze mu byowandiika. Nfunamu nyo mu laxatives. Webiba byangu, tekateeka endala ozimpeereze!"

"Alaikum salâm! Si kikolwa kya sunnat okutoolera omuntu nga asoma Qur'ân. Kyoka ate gwebawadde salam kibeera wâjib okuddamu; omusomi asirikamu okusoma naddamu salâm, oluvannyuma agenda mumaaso okusoma, kubanga okusoma (Quran) kuli sunnat Ate okuddamu salâm kuli wâjib. Ekintu ekiri wâjib tekisaana kulekebwa oba okulindirizibwa. Eno weba yebadde ensonga, yalibadde mutuufu. Edduwa eno ebadde esomebwa bwetyo kuva dda. Kituufu nti tewali kintu kilimu, newankubadde ekikilizibwa oba ekyamagezi, ekikakafu nga kikwata ku Allâhu 'ta' âlâ. 'Haqq' kino takitegeeza. Omuvvuunuzi ayinza okuba yakitegeera bubi. Mukwano gwange! nga bwooli, buli omu afuna obuzibu bweebumu, nobunakuwavu bwe bumu. Singa tekyaali bwekityo, abantu tebalibadde nabwelalikilivu mumbeera yonna. Kino kibadde "Âdat-Allâh (nkola ya Allâh). Obugambo bw'oluwarabu bugamba mu bufunze, ''kullu man talqahu yaskhu dahrahu.Yâ layta sha'rî hâdhihi'd-dünyâ liman?" (Buli gwosanga abeera yemulugunya ku mbera gyalimu, ebiseera bye, oba singa nali nmanyi eno ensi yaani). Kale okyali bulunji! [ennaku yo eli kyamuwendo, era nga kabonero akalaga nti oli muntu mulunji.]''

"Hilmi! Ndimusanyufu nyo ne bbaluwa yo. Nebazizza Allâhu ta'âlâ olwo bulamu bwo obulunji. Olina okutegeera nti kya mukisa nyo okusoma nokutegeela wadde ekitundu mu kitabo **Maktûbât** kyawandiikibwa [Imam ar-Rabbânî Ahmad al-Fârûqî as-Sirhindî], ebiringa ebyo mu ddini y'oBusiraamu tebiwandikibwangako era bijja kukuyamba mu ddîni yo (religion) ne munsi (world)''. Empapula z'amawulire ezawandiikibwa n'omukono, kubaluwa zino ezaweerezebwa okuva İstanbul ku kyaalo kya Mamak zikuumibwa mu faylo eyitibwa [Baluwa z'ebijjukizo].

Mu Mamak, Hüseyn Hilmi Effendi yasoma emirundi minji era yalwaana nyo okutegeera ebya vuunulwa mu luturuuk ebya al-Imâm ar-Rabbânî ne Maktûbât za mutabanyi we Muhammad Ma'thûm, buli kimu kukyo nga kirina emiko esatu era bateekawo summary index za miko mukaaga mu nyuguta nga bwezigenda. Bweyajja mu İstanbul, yasoma sammary 3846 zzona eza Sayyid Abdulhakîm Effendi eyajiwulirisa okumala essawa nyinji era nâkyaagala nyo. Abdulhakîm Effendi yagamba, Kino kibeere ekitabo. Yakiwa enyanjula **'İnvaluable Writings'**, "Hüseyn Hilmi Effendi yewuunya, naye yagenda mu maaso nayongerako nti, "tewakifuna?" Emiwendo gyaabyo gisobola okugerageranyizibwa?" Entries ezali ziva ku miko

egyasooka zateekebwa ku nkomelero ya **Maktûbât eyazzibwa mu luturuuki** nga egoberera nyukuta za alfabe.

Mu 1359 (1940), Hilmi Işık yabuuza omusomesa we “Abdulhakîm Effendi “Sebo, nsuubira okuwasa. Okyogerako otya?”

Omusomesa we yamubuuza "Ogenda kuwasa ani?"

"Oyo gwonsiimira."

"Okakasa?"

"Ye ssebo.

"Awo nno muwala waa Ziyâ Bey akusaana.

"Hilmi Effendi bweyayagala ensonga ye eyogerweeko nga tanaddayo Ankara, 'Abdulhakim Effendi yayitisa Ziyâ Bey olunaku oluddako, oluvanyuma lwokwogera okuwanvu, ekisubizo kye kyakkirizibwa. Oluvanyuma lwa sabiti emu, Hilmi Effendi yakomawo İstanbul nate, Abdulhakîm Effendi yamwambaza empeta yobufumbo ku lugalo lwe nomukono ogwe mukisa, nga bakozesa okuggata kw’oBusiraamu okusinziira ku njigiriza ya Hanafi ne Shâfîî oluvanyuma lwo kwewandiisa ku munisipali. Embaga yakolebwa oluvanyuma lwe myeezi ebiri. Ku mukolo, 'Abdulhakîm Effendi yatuula kumpi ne Hilmi Effendi, era oluvannyuma lwa swala y’ekiro, yasaala swala ya sunnat. Abafumbo bwebamukyaalira nga wayiseewo sabaiti emu, Abdulhakîm Effendi yabatunuulira, nagamba, "Mwembi muli bawalaa bange ne muwala wange omuko."

Hilmi Effendi nga ali awaka mu Hamamönü, mu Ankara, mubisera ebya autumn eya 1362(1943 A.D) Mutabanyi wa Fârûk Bey ayitibwa Barrister Nevzâd Işık yajja jaali namugamba, "Sebo, Abdulhakîm Effendi akulinze ewaka waffe, "Oli mukusaaga? Ali İstanbul! Lwaki ogamba nti anninze? "Hilmi Effendi Yabuuza. Nevzâd Bey yalayira nebageenda bonna mu maka ga Fârûk Bey ku Haci Bayram. Eyo gyeyamanyira nti police yali efulumizza Abdulhakîm Effendi okuva mu makaage ku Eyyûb, Istanbul, natwaalibwa Izmir oluvanyuma Ankara. Oluvanyuma lw’okujulila ennyo, yakkirizibwa okubeera mu maka ga kizibwe we Fârûk Bey nga ali wansi wobulabirizi bwa police. Yali nga anafuye ela nga mukowu okuva ku okutambula okuva mukifo okudda mukilala. Yagamba Hilmi Effendi, ''jangu gyendi buli lunak!" Hilmi Effendi yamuyambanga buli lwaggulo mukonon ku mukono okumutwaala mu kisenge kye, namuteekako blanket era nga avaawo nga amaze okumusomera sûras al-falaq ne an-Nâs. Abagenyi abakyaalanga emisana batuulanga ku ntebe okwetoloola ekisenga mweyali

oluvannyuma ne bagenda. Yakkirizanga Hilmi Effendi natuula ebbali ku kitands ne banyumya mpola mpola. Bweyaziikibwa mu Bağlum, ekyaalo ekililanye Ankara, Hilmi Effendi yagenda ku malaalo nakola emikolo ejimu egyediini kubilagiro bya Ahmed Mekkî Effendi, mutabanyi wa 'Abdulhakîm Effendi. Mekkî Effendi naye yagamba, ''Taata yayagalanyo Hilmi Effendi. Amanyi eddoboozi lye. Hilmi ajja kusoma duwa! "Empeleza yomuweendo eno nayo, yaweebwa Hilmi Effendi. Oluvanyuma lw'emyaka mitono Hilmi Effendi yateeka ku malaalo ejjinja lya cementi kweyali yawandiika amanya ge mu İstanbul. Ela nateeka ekiyinja ku malaalo ga Hadrat Sayyid Fahîm mu kibuga Van era yaddaabiriza amasiro ga; Abdulfettâh, Muhammad Amîn Tokâdî ne Çerkes Hassan Bey mu Istanbul. Yakulembera swalat janâza ya mukyaala w'omugenzi Abdulhamîd Hân II Behîce Me'ân Sultan, nga bweyalaama mu 1389 (1969A.D), Ela yazimba akayumba ku malaalo ge mu limbo ya Yahya Effendi. Mu budde bwa autumn obwa 1391 (1971 A.D), Yakyaala mu Delhi, Diobend, Sirhindi, ne Karachi, era n'okulaba nga amalaalo ga Hadrat Sanâ'Allâh ne mukyaala wa Mazhar-i Jân-i Jânân mu kibuga kya Paniput bazimbibwa, yawaayu ne dollars 500 okugaddaabiriza nokugakuuma.

Hilmi Effendi yolondebwa okubeera omusomesa wa chemistry ku ssomero ly'amage mu kibuga Bursa mu 1947, gyeyamala nafuuka alikulila. Oluvanyuma yafuuka omusomesa wa chemistry ku ssomero ly'amagye e Kuleli (Istanbul) ne Erzincan. Oluvanyuma lwokusomesa nkumi na nkumi zaba ofisa, yawwumula oluvanyuma lw'okuwamba okwaaliwo mu 1960. Oluvanyuma nasomesa okubala ne chemistry ku Vefa, Imâm-Khatîb, Cağaloğlu, Bakirköy, ne ku masomero amalala aga haaya mu Istanbul. Yatendeka abavubuka abesigwa banji. Yava mu kusomesa naagula akalwaaliro ka **Merkez Pharmacy** mu kabuga ka Istanbul akayitibwa Yeşilköy, mu 1962 naweereza abantu mu byobulamu nga omutandisi era akulila akalwaaliro okumala ebanga ddene. Bweyali nga asomesa chemistry ku ssomero lya haaya ely'amagye e Kuleli mu Istanbul, yasoma Ma'qûl, Manqûl, Usûl ne Furû' nga bwebikwatagana ne Fiqh, Tafsîr ne Hadîth okuva mu bitabo bya omugenzi Ahmad Mekkî Effendi eyali Mufti wa Üskudar (Scutari) oluvanyuma ne kadıköy mu Istanbul. Hüseyn Hilmi Effendi yali yaweebwa Ijâzat-ı Mutlaq (baluwa y'obuyinza obwenkomeredde) okusomesa eddiini mu 1373(1953)

Yafulumya ekitabo **Se'âdet-i Ebediyye (Essanyu elitakoma)** mu mwaka 1956. Yatandikawo etterekero ly'ebitabo eliyitibwa

Işık Kitabevi mu Istanbul mu 1967, nateekawo n'ekitongole ekiyitibwa (Waqf Ikhlâs mu 1396 (1976 A.D). Yasasaanya ensi yonna ebitabo bye mu Luturuuki, Lugiriman, Lufaransa, Lungereeza nebyo eby'oluwarabu era yafuna amabaluwa manji nyo agalaga okwebaza, okusiima n'okuyozaayoza. Ebimu ku bitabo bye byakyuusibwa mu lulimi olujapaani, Asian n'ennimi za Afirika. Ebiseera bingi yagambanga nti teyalina busobozi oba obukugu era nti emirimu gye jonna jaava ku buyambi bw'omunda nekisa kya Hadrat Sayyid 'Abdulhakîm Effendi na ku goberera bamanyi b'aBusiraamu.

Hüseyn Hilmi Effendi yaddingana nga agamba yasanga embeela mu Suhba ne bigambo bya Sayyid 'Abdulhakîm Effendi awatali mu kintu kilala kyona nembera esinga okusanyusa jeyanyumilwa yali weyajjukila enaku ennunji zeyamala ne 'Abdulhakîm Effendi. Yagamba nedoboozi lyekinyindwa (nasal) amagumba ge gabonabonye nyo okuva mu bunyikaavu obwo kweyawula ne okulajana weyajjukila enaku ezo. Yasomanga nyo enyiriri ezo

"Zi-hijr-i dostân, khun shud darûn-i sîna jân-i man,
Firâq-i ham-nashînân sokht, maghz-i istakhân-i man!"

(Olwokuba ndiwala nomwaagalwa, omutima gwanga gukaaba amaziga agomusaayi mukifuba kyange)

Okwawukana naabo benali ntuula nabo kyookya obusomyo bwange.

Huseyn Hilmin Effendi yasoma ebitabo by'abamanyi b'oBusiraamu era neyesembesa enjogera ya al-Imâm ar-Rabbân ne 'Abdulhakîm Arwâsi. Yagamba "Kalâm-i Kibâr-i kalâmast. "(Ebigambo byabakugu byeebyo ebikugu.) mirundi mingi nga yesembesa ebigambo bya 'Abdulhakîm Effendi nga agamba:

"Lwaki mwewunya nga mulabye obulabe obuva eri oyo eyatondebwa nga wa bulabe! oyinza otya okusuubira ekirunji okuva jaali? newunyizza okubalaba nga mwewuunya! Ye shar-i mahd. Emize gyalina tegirina kwewuunyisa. Bwomulaba nga akoze ekirunji kyonna, awo olina okweyunya! webuuza, akola atya ekintu ekilunji?"

Abamanyi b'obusiramu baali bantu batuukirivu. Tewali kyetuli kubbo. Singa twawangaalira wamu nabo, tetwandibaliddwa nga bantu. Singa twali tubuze, tewali yalitunoonyeza!"

Singa jalsa tezaggalwa, banji kuba Walî balibadde batendekerwa wano."

"Nali sisobola kufuna ngeri yonna wade omukisa okutuukiriza omulimu gwange ogwokutereeza abasiraamu."

Sings nayogela olulimi olugwiira, naliwerezza oBusiraamu okusinga!!"

Omulabe wobusilamu asinga ye Mungereza. Bagezaako okumalawo oBusiraamu nga bakozesa amaje gaabwe gonna, zaabu atabalika eyasoloozebwa okuva mu matwaale gaabwe gonna, mu bumpinpi, nobuyinza bwaabwe bwonna. Newankubadde balina amagye amanene agaamanyi, abangereeza basigala nga balemeddwa okumalawo oBusiraamu, ate omulabe woBusiraamu asinga ottisa ye Şemseddin Günaltay.''

"Omuntu omutegeevu tasobola kulya mmere gyatadde mu poti ya mwaana. Awulira nga asobedwa bwajjukira ebitekebwaamu. Okukozesa ebintu ebiviirako omuntu okuva mu Busiraamu kifanaganako bwekityo. Omuntu alina okukkiliza okunywevu nga mwesigwa kuBusiraamu tabikozesa nebwebiba biwaanibwa bitya nabalala. Sibuli omu nti asobola okutegeera **Maktûbât** ya al-Imâm ar-Rabbâni, ekitefananiliza ne bitontome bya Hâfiz-i Shirâz oba **Khamsa**. Tetukisoma kutegeera wabula tusoma lwa kusanyusibwa nakyo.''

Okuyimirizaawo swala kitegeeza okukyuuka okudda eri Allâhu ta'âlâ. Amazima geeyolekera eri abo abayimirizaawo swala okusinziira ku Sharia (amateeka) agateebwa mu nsi. Baweebwa okumanya okuyitibwa Al-'ilm al-ladunnî. Bino bye byawandiikibwa ne Hüseyn Hilmi Işık nga 24 Rabi-ul-awwal,1410 ebifanana nga 24 Tashrini awwal,1989,Tuesday:

Emiteeko gy'abantu mu nsi giri munaana:

1. Abakkiliza abolongoofu (pious,good). Agamba nti Ye musiraamu alina enzikiriza ya ba **Ahl as-sunna**. Omuntu alina enzikiriza ya Ahl as-sunna ayitibwa **musunni**. Akolera ku emu kunsomesa enya za ba Ahl as-sunna. Ekireetera buli kimu kyaakola okukikola nga agoberera Sharî'at nga ali mu mbeera ya bwewombeefu. Akola ebikolwa bye ebyokwesinza nga okusinziira ku nsomesa ya amadhabu gagoberera. Yeewala ebyagaanibwa (harâm) (ebikolwa ebyagaanibwa n'oBusiraamu). Bwaakola ensobi mubutali bugenderevu mumbeera eyo abeera yeenenya (tawba) nga agobelera emitendera gyayo. Nga tannasindika baanabe ku masomero agatandikirwaako, abasiindika eli Imâm omulongoofu oba eli omusomesa owa qur'an eyekitiibwa. Alwaana nyo okulaba nga bayiga okusoma Qur'an eyekitiibwa, okukwaata mumutwe esura za Qur'an ezinasomwa nga muswala,

nokusoma Ilmihâl. Abasindika ku masomero agatandiika nga bamaze okuyiga ebintu bino. Aweereza abaana be ku matendekero agawaggulu, ku university kubeera nga basoma. Kyatteeka nti basoma amagezi g'eddini batandike okuyimirizawo esswala eza bulilunaku bulijjo nga tebanatandika masomero agasokelwaako. Taata atakuza baanabe nga bwekisaana, tasobola kuba musiraamu mulongoofu. YYe nabaana be bajja kuyingira omuliro. Ennesinza gyakoze, okugeza, hajji, tejja kumutaasa butagenda mu mulilo. Omusilamu omutuukilivu taliyingira mulilo.

2. Omukkiriza ava kukituufu. Agamba musiraamu, ela nga mazima musiraamu. Naye nga si **musunni**. Aliwo nga talina madhabu gaagobelera. Munjogela endala, enzikirizaye tekkiliziganya na nomesa y'abamanyi aba Ahl-sunna. Awonno teli kyaakola kigenda kukirizibwa. Tajja kuwona mulilo. Bwabeera nga takoze kwesinza naleka harâms (ebyagaanibwa) ajja kusigala mu mulilo okwongela ku bibi bino. Olwensonga enzikiriza ye eyawukana teleeta butali bukkiliza, tajja kusigala munda mu mumuliro ekyokulabirako kubbo abashiya ekibinja ekiyitibwa **Imâmiyya**.

3. **Omukkiriza omwonoonefu** agamba yye musiraamu, era nga kyaali. Mu sunni, enzikiriza ya Ahl as-sunna. Ate nga aleka ebiragiro by'eddiini ebimu oba byonna enesinza. Akola ebintu ebyagaanibwa (harâm) omukiliza omwononefu ajja kubonaabona n'omuliro singa takola tawba (okwenenya) oba okufuna okuwolelezebwa (okwa nabbi, omu kuba Awliyâ oba omusiraamu omulongoofu) oba okusonyiibwa ne Allâhu ta'âlâ. Ate nga nemumbeera eno tajja kusigala mu muliro lubeerera.

4. **Atali mukkiriza okuva mukuzaalibwa**: ye muntu alina abazadde nga si bakkiriza .Yakuzibwa nga si mukkiriza. Takkiriza mazima nti Muhammad alaihi-salâm ye nabbi. Aba Yudâya n'abakulisitaayo tebakkiriza bitabo ebyava muggulu. Ba Nakalyaakaani (communists) ne ba freemansons bakafiiri abatalina kitabo. Tebakkiriza kuzuukira oluvanyuma lw'okufa. Abantu abasinza amasanamu nebifaananyi bayitibwa **Mushrik**. Abatakkiriza bajja kugenda mu Jahannam era bajja kubeeramu lubeerera. Tewali kalunji kebaakola mu nsi kagenda kubagasa, yadde okubawonya omuliro. Atali mukkiriza bwasiramuka nga tannafa, ajja kusonyiibwa afuuke omusiraamu omutuukirivu (sâlih).

5. **Avudde mu Busiraamu** (renegade): Yye muntu ava mu Busiraamu nafuuka atali mukkiriza. Okusinza kwona kweyakola

n'emirimu emilunji gyeyakola nga akyaali musiraamu bijja kusangulwa, nolwekyo, ajjakuba talina kalunji oluvanyuma lwokufa. Bwaddamu nafuuka omusiraamu nate, ajja kusonyiibwa era kufuuka omusiraamu omutukuvu owenjawulo enyo.

6. **Omunnafuusi** (A munâfiq) agamba nti musiraamu, ate nga si musiraam. Ali mu ddiini ndala. Si mukkiriza. Yefuula okuba omusiraamu asobole okulimba abasiraamu. Omunnafuusi mubi nyo n'okusinga omukafiiri. Wa bulabe nyo eri abasiraamu okusinga. Mukusooka omuwendo gw'abannafuusi gwaali munene. Naye ennaku zino tebakyaaliyo.

7. **Zindîq** naye yeyita musiraamu. Naye nga ete talina kibiina kya ddiini kyonna kyakkiririzaamu. Takkiririza mu kuzuukira oluvanyuma lwokufa. Ye muntu ayagala obutakkiriza. Okubela nga abuzaabuza abasiraamu okuva ku Busiraamu nokusanyaawo eddiini nga ali mubbo munda, alaga obutali bukkiriza mu linya ly'oBusiraamu. Qâdiyânîs (abahamadiya) Bahâîs ne ba Bektâshîs bali mu kibinja kino.

8. **Mulhid** naye yeeyita omusiraamu era alowooza nti musiraamu. Ateeka amateeka g'oBusiraamu mu nkola era yewala harâm (ebwaganibwa). Naye nga yava dda kunzikiriza yaba Sunni (sunnites) olwengeri gyannyonyolamu Qur'an eyekitiibwa, kuba nezimu ku nzikiriza zaalina zimujja mu Busiraamu nafuuka omukafiiri. Mu bibinja bino mulimu; Nusayrî ne ba îsmâîlî, bonna bibinja bya ba Shia. Bagezaako okweteeka mu kifanani ky'abasiraamu balabike nga abakkiriza era nga aba Sunni, abalina enzikiriza entuufu. Nga bwekiri nti omuntu bwayita munne omukafiiri, omuntu oyo ayise afuuka mukafiiri, abantu bano ba bulabe nyo eri abasiraamu okusingako abakafiiri bwebali.

Omuntu yenna omugezi yalyagadde okuwangaala mu butebenkevu nemirembe mu nsi n'okweewala okubonaabona nokufuna emikisa egitakoma ku nkomelero oba oluvanyuma lwobulamu (hereafter). Ku nkomelero eno, nawandiika ekitabo kyange **Se'âdet-i Ebediyye** (okwesiima okutakoma). Nagezaako okulaga engeri ezireeta esanyu eri abantu bonna mu nsi yonna. Okusoka, newaayo nenkisoma nze kenyini. Nasoma ebikumi nebikumi by'ebitabo okumala emyaka mingi. Nakola okunoonyereza ku byafaayo ne Tasawwuf. Nalowooza nyo ku magezi gebyasayansi. Nakikkiriza bulunji nyo nti okufuna obutebenkevu mu nsi nokwesiima okutagwaawo mu nkomelero kyetagisa okuba omusiraamu **Sâlih** omukkiriza. Ate okubeera omusiraamu omukkiriza, mubutufu bwakyo, kyetagisa okusoma

ensomesa yeddiini yoBusiraamu okuva mu bitabo ebyawandiikibwa abamanyi ba **Ahl as-sunna**. Omuntu omujega tasobola nakubeera musiraamu, kati asobola atya okuba omulongofu. Nannyonyola mubujjuvu mu kitabo kyange **Se'âdet-i Ebediyye** engeri omusiraamu omulongoofu bwalina okubeera. Mu bufunze;

1- Atekeddwa okukkiliza nga ensomesa y'abamanyi ba Ahl as-sunna bweeri, mu njogera endala alina kuba **musunni**.

2- Okusoma ekimu ku bitabo kya Fiqh mu limu ku madhab ana, alina okusoma ensomesa ya amateeka mu butuufu bwaago, abeere nga asinza bulunji n'okweewala ebikolwa bya harâm. Omuntu atekwaata ku nsomesa ye elimu ku madhab ana oba oyo alonda mu buli madhabu ekyo kyalaba nga kyekimwanguyira, ayitibwa La madhab. Omuntu atalina madhab abeera yava ku nsomesa ya ba Ahl as-sunna. Ate omuntu atali mu Suni ateekeddwa kubeera mukafiiri oba omuzuuzi mu ddiini.

3- Alina okukola okwebezaawo. Alina okufuna okwebezaawo mu nkola ekkirizibwa (halâl) okukwasaganya emirimu je okusinziira ku npisa ezikwatagana namateeka ga Allâhu ta'âlâ. Tuli mu kiseera nga omwaavu azibuwalilwa nyo okukuuma obukkiriza bwe n'obwesigwa, awatali wadde okukuuma eddembe lye. Okukuuma ebyomuwendo bino nokuweereza oBusiraamu, alina okukozesa ebintu bya sayansi ebyomulembe. Okufuna mu ngeri ya halâl nkola esinga obulunji enyo. Engeri yonna eyokunoonya ebyenfuna etalemesa muntu kusaala swala ettano ezabulijo, ela nga teviirako muntu kukola harâm, eba nkola nunji era yamikisa.

Okusinza n'emirimo egy'ensi; okubeera eby'omugaso nga era byakwesiimisa birina kwesigamizibwa ku Allâhu yekka, okuyingiza kulwa Allâhu ta'âlâ nokuwayo kululwe, mu bufunze okubeera ne **Ikhlâs**. **Ikhlâs** kitegeeza okwaagala Allâhu ta'âlâ yekka era nokwaagala kululwe yekka. Omu bwaayagala omuntu, omuntu oyo amujjukira buli kiseera. Omutima gwe guba gumukolera zikiri (Dhikir) ezimujjukira n'okumwogerako.

Omuntu bwayagala Allâhu ta'âlâ, addingana okumujjukira enyo, kuba omutima gwe sawa yonna guba gukola zikiri (Adhikar) ne kulwensonga eno, Kyawandiikibwa mu Qur'an eyekitiibwa **"Jukira nyo Allâhu ta'âlâ"** hadith zino ezekitiibwa zawandiikibwa mu kitabo **Kunûz-ud-daqâq: "Abantu abalina amadaala agawaggulu beebo abajjukira Allahu ta'âlâ", "Akabonero akalaga okwaagala Allâh kukola kumujjukira." "Oyo yenna ayagala**

omuntu amujjukira." "Oyo ayagala enyo Allâhu ajakuwona ebizibu ebimwelalikiliza." "Allâhu ta'âla ayagala omuntu amujjukira (akola adhkâr)." Abamanyi b'oBusiraamu balaga eneri gyokolamu Dhikir nga ojjukira Allâhu ta'âlâ. Engeri esinga obwangu ya kunoonya muntu mumanyi nga mukkiriza atya Allah, akola Allah by'ayagala nga era yeewala ebyo byonna byeyagaana.

Murshid-i kâmil ye 'mumanyi woBusiraamu' eyafuna fayz okuva ewa Murshid-i kâmil eyamusookawo nafuna obuvumu oba obusobozi obugaba fayz. bwaafuna obusobozi buno, afuna ekiwandiiko ekimuyita okuva ewa Murshid-i Kâmil nga kikakasa nti alina ebisaanizo. Okusikira Murshid-i okufuna fayz okuva ku omu okudda kumulala kiringa amanyo g'olujegere gasobola okuviira ddala mu kiseera kya Mubaka (sall-Allâhu 'alaihi wasallam). Mu njogera endala Murshid-i kamıl afuna fayz 'hâl's ne byengera (barakats) nga biva ewa Rasûlullah okuyita mulujegere lwa ba Murshid-i abatambulila mu mutima gwe.

Murshid-i ne Murîd asuubila okufuna fayz okuva ku yye alina kubeera musiraamu mulongoofu. Omuntu atalina nzikiriza ya basunni, okugeza ayogerera obubi omuntu yenna ku ba As-hâb-i-kirâm oba oyo etagobereaa emu kunsomesa enya eza Ahl as-sunna oba omuntu ateewala kukola ebitakkirizibwa (harâm) okugeza atakugila mukyaala we oba bawalabe okufuluma ebweeru nga tebebikilidde bulunji nga asobola akubakugila okikola. Oba oyo atatwaala buvunaanyizibwa kusomesa baana be Busiraamu nokubayigiriza ngeri gyebasoma Qur'an eyekitiibwa tebasobola kubeera basiraamu balongoofu. Murshidi byona byaayogera oba byaakola biba bikwatagana n'enjigiriza ya Ahl as-Sunna n'ensomesa mu bitabo bya Ilmihâl. Emyaka lukumi (1000) oluvanyuma lw'omubaka okusenguka (okusengukira e Madina) ekiseera ekiyitibwa **Âkhirzamân** kyatandiika, n'obubonero obulaga enkomero bwatandiika okweyongera mu bunji. Mukisera kino ekivanyuma, Allâhu ta'âlâ ajja kwolesa ekitendo kye ekya Qahr ne Jelâl, naye okwonoona kujja kuyitirira. Ensomesa yeddiini egenda kuggwaawo, abamanyi ba Ahl as-ssuna bajja kukendeera.

Dhikir z'okwaatuza, okugeza nga okugamba "Allah, Allah," mulimu empeera nyinji (empeera eziweebwa omuntu oluvannyuma lw'obulamu bwensi). Newankubadde, dhikir z'omutima zetaaga omuntu nga musiraamu omukkiriza era nga akola dhikir okumala emyaaka. Murshid-i kâmil bwasomesa omuntu ngeri zikiri gyekolebwaamu noyongelayo tawajjuh gyaali, okugeza okusaba murshid-i we okuyamba omutima gwomuntu

ono okulaba oba okuzuula Murishid-i kâmil, alina okujjukira Murshid-i kâmil yenna (jeyali awulideko oba okusomako). Alina okuba nga agelangelanya okumulaba nokulabika nempisa mukyeenyi kye nokumusaba mu mutima gwe okumukolera tawajjuh. Kino kiyitibwa **Râbita**. Ebinnyonyola kino bisangibwa ku lupapula olw'omusanvu mu kitabo **Barakât**: "Khwâja Burhân-ud-dîn aweebwa ekitiibwa omuyindi omumanyi, yagezaako nyo okufuula omutima gwe nga gubeera ku kikolwa kya dhikir. Yagezaako nga bwasobola, yali tasobola kufuna kwesiima kuno. Yanoonya Murshid-i kâmil. Bweyali alambuula Hadrat Muhammad Bâkî-Billâh mu Delhi, Yamusaba. Omukukunavu Murshid-i yamuwa amagezi okuyimirizaawo Râbita gyaali yonna weyali ali, kyekyo, okufumintilizamu yye okutunuulira ekyeenyi kye nga asaba Fayz. Yewunyisibwa namagezi gamuwadde Khwâja yagenda eri mukwano gw'omukukunavu Murshid-i ogwokulusegere nagamba, ''gano amagezi gaalibadde gaweebwa abasiraamu abakasiramuka nga bajja jaali omulundi gwaabwe ogusooka. Nalyetaaze omulimu ogwawaggulu ogusingako guno. Baamugamba tajjakuba nakusalawo kulala okujako okugoberera kyebamugambye. Kubanga yali ajjude okumatizibwa nti omuntu ono ye Murshid-i kâmil, yakubyaamu akafananyi nga ye atunudde mu kyenyi kye natandiika okumusaba. Yabula. Omutima gwe gwatandiika okutendereza. Yawulira nga omutima gwe gutendereza ebbali okuva kunkuba yaagwo eyobutonde. Ekigambo kya Hadarâtul-quds, mu kulambulula ku karâmat nga kuyita mu Hadrat Imâm-i Rabbânî, afananiliza karâmat ye eya 54 nga webigenda," Hadrat Mawlânâ Abdulhakîm Siyalkutî, omukukunavu omuyindi omumanyi ekitabo kye kyamanyikwa okubuna ensi yonna, kigamba," Nategeera era nenjagala Hadrat Imâm-I Rabbânî okumala akaseera kawanvvu. Wabula nga sinnaba kumwekwaatako. Kiro kimu, mukirooto kyange, yakola tawajjuh okuja jendi. Omutima gwange gwatandiika okutendereza, okweyongerayo nokutendereza ebanga egwanvu, nafuna emigaso mingi nokwesima oba emikisa. Yansomeseza mukabanga mumbera eyitibwa oba empisa eyitibwa Uwaysî. Oluvanyuma, nafuna sohba ye." kino nkigeraageranya mu karâmat eyenkaaga mu munaana (68) egamba bweeti;" Omu kubenganda ba Hadrat Imâm-i Rabbânî yayagala okumwekwatako.Wabula nga tasobola kumubulila ebikwatagana kukyo. kilo kimu yasalawo okugamba amakya agadilila, nyi ekilo yaloose nga ayimiride okumpi nomugga (oluzzi). Ebbali waliyo Hadrat Imâm-i Rabbânî, nga amuyita, jangu wano, wanguwa,

jangu wano, yanguwa! okyeeleye.' weyakitegela kino omutima gwe gwatandika okutendereza.amakya agadako, yamulambuula namugamba ebyali bituuse kumutima gwe, yagamba: Lino lyekubo lyaffe lyenyini.Weyongere nakyo.

Allâhu ta'âlâ akilangirira mu Qur'an eyekitiibwa, mu aya eya asatu-mu-emu'(31) eya sûrat **Âl-i-'Imrân, Bagambe: "Bwoba oyagala Allâhu ta'âlâ wekwaate ku nze! Allah ayagala abo abekwaata ku nze era abasonyiwa ebibi byaabwe. Allah Musonyiyi era waakisa."** Akilangirira mu aya eyensanvu mu mwenda (79) eya Sûrat Nisâ **"Oyo yenna agondera nabbi ajja kuba agondedde Allah."** Nabbi waffe (sall-Allâhu alaihi wa sallama) Yagamba: **Mubeera ku kkubo lyange oluvannyuma lwange kukkubo lyaba baswahaba abana (Khalîfa).** Abamanyi b'oBusiraamu abagoberera ba swahaba abana bayitibwa **Ahl as-sunna**. Nga bwekirabwa, okufuna omukwaano gwa Allâhu ta'âlâ kyetaagisa okuba n'obukukkiriza nga bwebyawandiikibwa mu bitabo by'abamanyi b'oBusiraamu ebya Ahl as-sunna n'okukolera ku bigambo n'ebikolwa n'empisa nga bwebyogelwaako. Kino kitegeeza nti omuntu ayagala okufuna omukwano gwa Allâhu ta'âlâ alina kufuna kukkiriza (Îmân) nga bwekisaana nokukutuusa ku bulamu obusaana. Omuntu bwatakola bukwakkulizo obwo obubiri, tasobola kuba musiraamu mulongoofu. Tasobola kufuna butebenkevu namirembe mu nsi, wadde kunkomelero. Ebintu bino ebikulu ebibiri, byakuyiga oba kubisoma mu bitabo, oba bifunibwa na kuddingana nakugegeenya oba okugoberera Murshid-i kâmil. Ebigambo, endabika ne tawajjuh of Murshid-i Kâmil bijja kutukuza omutima gyo'yo. Ate omutima gwo'mu bweguba gutukudde, ajja kutandika okufuna essanyu okuva mu bukkiriza n'okuva mu kusinza, n'ebibi (harama) bijjakuba bikaawa, bibi nga ate byetamwa. Okusinziira mu biseera ebyo nga Allâhu ta'âlâ nga alina ekisa ekinji enyo ku bazaana be abazaalibwa omuwendo gwa ba Murshid-i Kâmil gweyongela era kyangu okubategeera. Mu kusemberera enyo enkomelero yensi, kwekweyongera.

Mubiseera nga ebyo ebyakazigizigi (ebyobubuze), abo abasoma Îmân nensomesa eya shariya (shari'at) okuva mu bitabo ebyawandiikibwa nabamanyi b'oBusiraamu aba Ahl as-sunna bajja kufuna obukuumi oba obutebenkevu ate abantu abanaagobelera ebisuubizo nebyo ebisanyusa okuva ku bitabo ebyamadini ebifu ebyawandiikibwa n'abasiru abatamanyi, bajja kuba ku kkubo egolokofu etuufu. Mu biseera nga ebyo, okutukuza omutima gwo nokugufuula okutendereza amangu ddala nga

bwekisoboka, olina okubeeranga olowooza okulaba omu kubatuukirivu ba Murshid-i Kâmil wonna wooli nebyo byona byookola, okujjako nga osaala. Ela olina okulowooza nti Fayz egoberera mu mutima gwe eviira ddala ku Rasûlullah (sall-Allâhu alaihi wa sallam) kuja kulusegere mu mutima gwo. Olina okukitegeera mu bwongo bwo nti Murshid-i kâmil buba busika okuva ku mirembe gyabamanyi abasooka, nolwekyo, Allâhu ta'âlâ lubeerera asubiza ekisaakye mu mutima gwe. Hadrat Muhammad Ma'thûm, Murshid-i omukukunavu, yagamba mu baluwa ye eyataano (50) "Okweyongera kwa râbita kujja kulaba nti kubuna wona, okukwatagana ne Mursd-i. Ebiddirraa, fayz ajjakuba afunibwa mu bwangu. Okubaawo kwa Murshid-i kulina emigaso emilala. Mûrıd atasobola kutereeza râbita mu nkola entufu esaana olina okuba mu sohba ya Murishid-i. Kyaava ku sohba nti As-hâb-i kîrâm baafuna amadaala ago agawaggulu. Weys al-qarânî yafuna Fayz okuva mudistance lwakukola râbita; wadde yali tasobola kufuna sohba, yali tasobola okutuuka ku madaala gaba swahaba abebitiibwa (as-hâb-i-kirâm. Yagamba mu baluwa eyensavu mu munaana, "okufuna fayz n'okufuna emikisa okuva ku Murshid-i kâmil, kyetaagisa okumwekwaatako nokumwaagala. Ba swahaba abebitiibwa baafuna fayz okuva ku mubaka wa Allah (sall Allâhu alaihi wa sallam) mu ngeri ya' in'iqâs kitangaala. Mu ngeri yeemu, omuntu abeera nempisa n'okwaagala mu maaso ga Murshid-i kâmil bafuna fayz okuva jaali. Oyo yenna, awatali kwaawula muto oba mukulu, mulamu oba mufu, ajjakufuna fayz. Fumintiriza nga Murshid-i kâmil nga atudde opositi naawe nga alabika omukwano nempisa ku ndabika ye mukyeenyi kiyitibwa Râbita. Râbita eno ya mugaso nyo, omuntu agabanyamu mu haramu n'omutima gwe gwa ddugala. Ebanga lyamala nga ali mu mbeera eno tasobola kufuna fayz n'emikisa okuva ewa Allâhu ta'âlâ. Enkola eyetagisa. Enkola wano y'omuntu omwaawufu alina obusobozi obufuna fayz eno nojigabira abo abajetaaga. Omuntu ono ye Murshid-i kâmil. Yayogera mu baluwa ye eyekikumi nkaaga mu taano (165)," Okukuuma ekyeenyi kya Murshid-i kâmil mu mutima gwo kiyitibwa Râbita. Râbita yenkwaata esinga amanyi wakati wa mûrid ne murshid-i. Râbita bwefuuka enyweevu, ajja kulaba Murshid-I we wonna watunula." yagamba mu baluwa eyekikumi kyenda mu musanvu (197)," Râbita bwaaba munyweevu, bwabeera nga tewali njawulo wakati w'emikisa ejifunibwa nga omuntu aliwala ne Murshid-i kâmil neejo ejifunibwa nga waali. Atenga ebintu bino ebibiri tebisobola kwenkana. Amanyi ga Râbita amanji, newankubade, yenjawulo entono ebeerawo.

Yagamba mu baluwa ey'ekinaana mu mwenda (89) ku muko ogw'okutaano," omumanyi owamaanyi agamba "Allâhu ta'âlâ teyaaliwadde kisuubizo kyatalaganyisa okuwa emikisa (okwesima).' Ebisookelwaako mu nkola yaffe eli sohba. N'emikisa gya sohba, Murîd alina ekitone afuna fayz okuva ku mutima gwa Murshid-i mu kukwatagana n'ekitone kye n'eddala lye ely'okwaagala kwaalina n'eMurshid-i. Ajjakuba asobola okuva kubikolwa ebibi, ebinateekebwa n'empisa za Murshid-i ennunji. Era kulwansonga eno nti kigambibwa nti okubeera fânî mu Shaikh. Ali'murishid-i kâmil, yentaadiikwa ya fanâ-fillah. Bwoba tosobola kufuna sohba, ojja kufuna fayz mu ngeri yokka yakwagala na kwekwaata ku tawajjuh eli Murshid. Okwaagala abantu abagalibwa ne Allâhu ta'âlâ mukisa gwamaanyi. Okuyita mu kwaagala kuno ajja kufuna fayz eva mu mitima gyaabwe. Tolina kusubwa mikisa ejokukola tawajjuh mu kubaawo kwa Murshid. Olina okusoma shari'at nga wekisaana. Tolina kwonoona bulamu bwo nga ozannya nakukola bubaga. Ebintu ebitakkaanyizibwaako mu shar'at biyitibwa Dunyâ .Olina okulowooza nti ebintu nga ebyo tebirina mugaso ela bijjakuba nga tebigasa mu ntaana yo oba kulunaku lwenkomelero. Obukuumi buli mu kwekwaata ku Sunna n'okweziyiza okukola bid'at. (Okwekwaata ku Sunna kitegeeza okusoma enzikiriza ya Ahl as-sunna okufuna enzikiriza kuyo, awo nno okukola amateeka nokweewala ebyaziyizibwa nokuyimiraizawo sunna. Sunna bweeba ekoleddwa nga togoberedde mitendera gyaayo, tejjakubeera Sunna wadde. Ejakubela bid'at. Ekyokulabilako ebirevu ebikuzibwa tebijakuba Sunna. Bijja kuba bid'at. Ebirevu ebikuzibwa bijakuba bya ba Yudâya. Tolina kukola mukwaano nabakozi ba bid'at oba mulhids, [nti abantu abatalina njigiriza oba ensomesa jebagoberera, n'abasajja abanaddiini abatali ba Sunni] Babbi banzikiliza. Bajja kwonoona eddini yo nenzikiriza. [Kyawandiikibwa mu hadith eyekitiibwa nti nanyini bid'at ajja kufuuka mbwa mu bantu bo mu mulilo].

Hadrat Imâm Rabbâni yagamba mubaluwa ye eyekikumi kinaana mu musanvu," Ekifananyi kya Murshid-i Kâmil bwekiragibwa eli Murîd wonnna waali, kano kabonero akalaga nti Râbita yamanyi nyo. Okwesiima okwamaanyi kujja kussibwa ku bokka abantu abolondemu.

Ebiwandiiko byeebyo ebyaayogerwa ne hadith ezebitibwa; "Buli kimu kirina ensibuko. Ensibuko ya taqwâ gwe mutima gwa ârifs"; "Ba Awliyâ balabibwa, okutendereza Allah kukolebwa"; " Okutunuulila omumanyi nga ali mukwesinza"; "Abo ababeera

awamu nabo tebajjakuba shaqî; Obubenje obunatuuka ku bantu bekibiina kyange bujakuva ku bwonoonefu bwa bantu mu ddiini (fâjir). Omuwendo munji ogwa hadith endala ezifanana. Hadith ezebitiibwa zino zawandiikibwa mu bitabo ebyenjawulo ebya hadith. Okugeza nga **Kunûz-ud-daqâiq**.

Mbu nno Hadrat Sayyid Abdulhakîm Arwâsî yali Murshid-i Kâmil kitufu nti kisoboka okulabibwa bulunji nyo nga enjuba okuva mu nyukuta eza ijazât ekyawandiikibwa ne Murshidi 'we. Okuva ku bbaluwa eyawandiikibwa ku page eya (161) mu kitabo kyange eky'olutuluuki, okuva ku mbeera y'amagezi ge okuva mu nneeyisa ye enunji, nokuva karâmata ze. Ekyeenyi ky'eyemikisa nyangu y'akujjukira omu bwaaba alabye kukifaananyi kye. Okumujjukira nokufuna fayzi okuva mu kyeenyi kye kuba kwesiima kwamaanyi okuva ewa Allâhu ta'âlâ kweyassa kubasiraamu. Abantu nga ffe abalina emitima ejidugadde n'ebibi ebinji enyo, kikubeera wala nyo okufuna emikisa gino. Ekigendererwa kyaffe kulaga kkubo erituusa omuntu ku ky'obugagga ekyegombebwa. Oba oli awo wayinza okubaawo abantu abafuna eky'obugagga ekyo, newankubadde tetubalina. Mu nnaku zino ezisembayo kijja kutuuka kubantu batono nyo okuwulila ebyamazima bino, okubikkiriza, nokugezaako okufuna emikisa. Okweebaza kwange kuli ku Mulezi waffe (Rabb) Allah olw'okutusaasira naatuwa ekirabo ky'amagezi nokwaagala Abagalwaa Be.

Ya'Rabbî! Amazambi gaffe nebwegaba manji gatya, okusonyiwa okutono nokusaasira tebirina kkomo. Beera nekisa kuffe ela otusonyiwe! Âmin.